# OBUWEEREZA BWA MWOYO MUTUKUVU

## *HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE*

Olusoma luno luli kitundu ku "**Harvestime International Institute,"** ng'enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g'omwoyo agatuukiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi, abawooza n'abalala okufuuka abakristaayo ab'omugaso, abaatambula amawanga n'enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery'etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw'ekubisaamu, okwetegeka n'okwekuɧɧaanya okutuuka ku kiruubirirwa eky'okubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

http://www.harvestime.org

# EBIRI MU KITABO

Engeri y'okukozesa ekitabo kino…… 4

Ebyandikoleddwa abasomera mu kibinja…… 5

Ennyanjula…… 6

Ebigendererwa by'olusoma…… 7

1. Okwanjula Omwoyo Mutukuvu…… 8
2. Okulaga Omwoyo Mutukuvu…… 22
3. Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu…… 30
4. Okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu…… 45
5. Okwanjula ebirabo ebya Mwoyo Mutukuvu…… 59
6. Ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu eby'enjawulo…… 74
7. Ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu eby'okwogera…… 99
8. Ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu eby'obuweereza…… 107
9. Ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu eby'obubonero…… 122
10. Okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo…… 135
11. Ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu…… 164
12. Ebikolwa eby'omubiri…… 184
13. Okukulaakulanya ekibala eky'omwoyo…… 205

Okujuliza: Ebyawandiikibwa ku birabo by'omwoyo okuva

mu nzivvunuula ya Baibuli eya "Amplified."…… 218

Ebiddibwamu ku bibuuzo by'okwegezaamu…… 22O

## ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

**(Ensengeka y'ekitabo)**

Buli ssomo lirimu bino:

**Ebigendererwa:** Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

**Olunnyiriri olukulu**: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

**Ebiri mu ssuula:** Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

**Okwegezaamu:** Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweeyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

**Okweyongerayo okusoma:** Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

**Ebigezo ebyakamalirizo:** Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

## EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

## EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

## OLUTUULA OLUSOOKA.

**Okuggulawo:** Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

**Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja**: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

**Okutendereza n'okusinza:** Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

**Gabira abayizi ebitabo:** Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

**Tegeka omulimu ogusooka:**Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

## OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.

**Okuggulawo:** Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

**Okwejjukanya:** Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

**Essomo:** Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereeza.

**Okwegezaamu:** Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

**Okweyongera okusoma:** Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

**Ebibuuzo ebyakamalirizo:** Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

# ENNYANJULA

Mu lunaku ku ŋŋendo ze ez'obuminsani, Omutume Paulo yabuuza ekibinja ky'abakkiriza ku Mwoyo Mutukuvu. Yabuuza oba baali baafuna Omwoyo Omutukuvu okuva lwe bakkiriza. Kye baamuddamu kyali nti, "Tetuwulirangako nti waliyo Omwoyo Omutukuvu" (Ebikolwa 19:2). Paulo kyeyava agabanako obubaka bw'obuweereza bwa Omwoyo Omutukuvu n'abakristaayo (Ebikolwa 19). Ne leero mu ngeri y'emu kyetaagisa abakkiriza okutegeera ku buweereza obwa Mwoyo Mutukuvu. Katonda yasuubiza:

> **Olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, ndifuka Omwoyo wange ku balina omubiri bonna... (Ebikolwa 2:17)**

Kituufu eky'okuba nti Katonda ayagala mu kiseera kino okufuka Omwoyo we ku ffe, kireetera essomo lino okuba ery'omugaso ennyo. Tuteekwa okutegeera obuweereza obwa Mwoyo Mutukuvu okusobola okubeera ekitundu ku kubikkulirwa okw'amaanyi ga Katonda. Essomo erya Mwoyo Mutukuvu ly'erisinga obukulu ku njigiriza eza Baibuli. Enjigiriza kitegeeza ebisomesebwa ebiba bikwata ku kintu ekyetongodde. Paulo yagamba:

> **Nyiikiranga okusomera abantu Ebyawandiikibwa mu lwatu n'okubuuliriranga, n'okuyigiriza okutuusa lwe ndijja. (1 Timoseewo 4:13)**

Katonda okutambula mu nsi tekiva ku maanyi ga muntu ag'omubiri. Wabula kibaawo lwa buweereza obwa Mwoyo Mutukuvu:

> **'Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa Mwoyo wange,' bw'ayogera Mukama ow'Eggye. (Zaakaliya 4:6)**

Lunnyonnyola amaanyi agaweebwa Omwoyo Omutukuvu n'obubonero obumukiikirira. Byombi biraga kinene nnyo ku buweereza bwe. Obukulu, ebirabo n'ebibala ebya Mwoyo Mutukuvu biragibwa mu bulambulukufu. Okulungamizibwa, okulabibwako kuweebwa ku ngeri y'okusisinkanamu okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, okuzuula ebirabo eby'omwoyo, n'okukulaakulanya ebibala eby'omwoyo Omutukuvu .

Erinnya omwoyo omulungi likozesebwa okutegeeza Omwoyo Mutukuvu mu Baibuli.

# EBIGENDERERWA BY'OLUSOMA

Bw'omaliriza olusoma luno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola embala ya Omwoyo Omutukuvu.
- Okuleetayo amannya ag'enjawulo agayitibwa Omwoyo Omutukuvu.
- Okuzuula obubonero obukiikirira Omwoyo Omutukuvu.
- Okunnyonnyola obuweereza obwa Mwoyo Mutukuvu.
- Okunnyonnyola engeri y'okufunamu okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu.
- Okuleeta okunnyonnyola ebirabo eby'omwoyo.
- Okuleeta n'okunnyonnyola ebirabo eby'omwoyo.
- Okuzuula ebirabo by'omwoyo.
- Okuzuula ekibala eky'omwoyo.
- Okuzuula ebikolwa eby'omubiri.
- Okukulaakulanya ekibala eky'omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwo.

# ESSUULA ESOOKA

## OKWANJULA OMWOYO OMUTUKUVU

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuzuula Omwoyo Omutukuvu ng'ekitundu ku busatu bwa Katonda.
- Okuleeta embala za Mwoyo Mutukuvu ezoobuntu.
- Okunnyonnyola embala ya Mwoyo Mutukuvu.

**ENNYIRIRI ENKULU:**

> **Awo amangwago Yesu nga yakamala okubatizibwa nga yaakava mu mazzi, eggulu ne libikkuka n'alaba Omwoyo wa Katonda ng'amukkako mu kifaananyi ky'ejjiba.**
>
> **Eddoboozi ne liva mu ggulu ne ligamba nti, "Ono ye Mwana wange omwagalwa gwe nsanyukira ennyo. (Matayo 3:16-17)**

### ENNYANJULA

Essuula eno eyanjula Omwoyo Omutukuvu, ennyonnyola ekifo kye mu busatu bwa Katonda, ennyonnyola embeera ze y'ennyini n'alabula ne ku mbala ye ey'okuwulira. Nga bwe kyalagiddwako emabegako, erinnya Omwoyo omulungi likozesebwa okutegeeza Omwoyo Omutukuvu. Nakasigirwa ey'obuntu eya "a" nayo ekozesebwa olw'okuba Omwoyo Omutukuvu ali kitundu ku busatu bwa Katonda.

Yesu yayogera ku Mwoyo Mutukuvu nga bwali "Ye" era yagamba:

- Ajja kubategeeza ebinfaako: Yokaana 15:26
- Nja kumubasindikira: Yokaana 16:7
- Ajja kungulumiza: Yokaana 16:14
- Tajja kweyogerako yekka: Yokaana 16:13

### EMBALA YA KATONDA EY'OBUSATU

Waliyo ba Katonda bangi abasinzibwa mu nsi, naye waliyo Katonda omutuufu omu. Baibuli entukuvu eyogera ku mboozi eya Katonda ono omutuufu. Baibuli kye kigambo kya Katonda ekiraga enteekateeka ye ey'enjawulo eri buli muntu.

Ekimu ku bintu Baibuli by'eraga kiri nti Katonda alina embala ey'obusatu. Ekitegeeza nti omutegeera mu ngeri ya mirundi esatu. Alimu abantu basatu, kyokka ng'ali Katonda omu. Omwoyo Omutukuvu ali

kitundu ku mbala ya Katonda ey'obusatu omuli, Katonda kitaffe, Omwana Yesu Kristo, n'omwoyo Omutukuvu. Embala eyo ey'obusatu bonna yegattira mu Katonda omu omukulu.

Buli kitundu ku busatu: Kitaffe, Omwana Yesu Kristo, n'omwoyo Omutukuvu, kirina omugaso ogw'enjawulo ku lw'omuntu. Olusoma luno lukwata ku Mwoyo omutukuvu n'obukulu bwe.

**KATONDA OMWOYO OMUTUKUVU**

Omwoyo Omutukuvu ayitibwa Katonda:

> **Naye Peetero n'agamba Ananiya nti, "Ananiya, lwaki Setaani ajjudde mu mutima gwo, n'okulimba n'olimba Mwoyo Mutukuvu …Tolimbye bantu wabula olimbye Katonda." (Ebikolwa 5:3-4)**

Olw'okuba ayitibwa Katonda, Omwoyo Omutukuvu yenkanankana ne Katonda Kitaffe n'omwana we Yesu Kristo. Ennyiriri enkulu ez'essuula eno ziggyayo bulungi obusatu bwa Katonda. Yesu bwe yali abatizibwa, Omwoyo Omutukuvu yamukkako, ne Katonda n'ayogera:

> **Awo amangwago Yesu nga yakamala okubatizibwa nga yaakava mu mazzi, eggulu ne libikkuka n'alaba Omwoyo wa Katonda ng'amukkako mu kifaananyi ky'ejjiba.**
>
> **Eddoboozi ne liva mu ggulu ne ligamba nti, "Ono ye Mwana wange omwagalwa gwe nsanyukira ennyo. (Matayo 3:16-17)**

Nga tannadayo mu ggulu oluvannyuma lw'obuweereza bwe ku nsi, Yesu yayogeranga ku Mwoyo Omutukuvu:

> **Kyokka mmwe ndibatumira Omubeezi okuva eri Kitange, Omwoyo ow'amazima ava eri Kitange era alibategeeza buli ekinfaako. (Yokaana 15:26)**

______________________

*Essomo erikwata ku Katonda kitaffe n'omwana we Yesu Kristo, liragibwa mu kitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Enkola z'omwoyo." Ekimenyeddwa mu bufunze ku Katonda ne Yesu kikuweereddwa mu kitundu ky'essuula eno eky'okweyongera okusoma.*

Omutume Paulo yayogera ku mbala ey'obusatu eya Mwoyo Mutukuvu:

> **Kubanga etteeka ery'Omwoyo aleeta obulamu mu Kristo Yesu, lyannunula okuva mu tteeka ly'ekibi n'okufa.**
>
> **Amateeka ga Musa kye gataayinza kukola, olw'okunafuyizibwa omubiri, Katonda yakikola mu Mwana we yennyini bwe yamutuma mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi, n'asalira ekibi omusango mu mubiri. (Abaruumi 8:2-3)**
>
> **Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okwagala kwa Katonda, n'okussekimu okwa Mwoyo Mutukuvu, bibeerenga nammwe mwenna. (2 Abakolinso 13:14)**
>
> **Ku bw'oyo Kristo ffenna tuyita mu Mwoyo omu okutuuka eri Kitaffe. (Abaefeeso 2:18)**


Omutume Peetero naye yayogera ku mbala y'obusatu bwa Katonda:

> **Mulina omukisa bwe muvumibwa olw'erinnya lya Kristo kubanga Omwoyo ow'ekitiibwa owa Katonda ali ku mmwe. (1 Peetero 4:14)**

Ekitabo kya Ebikolwa by'Abatume nakyo kikakasa obusatu bwa Katonda:

> **Awo bwe yagulumizibwa n'alaga ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, n'aweebwa Mwoyo Mutukuvu eyamusuubizibwa Kitaffe, n'alyoka atuwa kino nammwe kye mwerabiddeko era kye mwewuliriddeko. (Ebikolwa 2:33)**

Ekifaananyi kino wammanga kiraga obusatu bwa Katonda. Mulimu abantu basatu… Katonda Kitaffe, Omwana Yesu Kristo, n'omwoyo Omutukuvu, kyokka nga bali Katonda omu.



**EMBALA EY'OMWOYO OMUTUKUVU**

Ng'ekitundu ku busatu bwa Katonda, Omwoyo Omutukuvu alina embala ey'enjawulo. Bwe twogera ku mbala ye tutegeeza ebisaanyizo bye ebikulu ebimunnyonnyola. Baibuli esomesa nti Omwoyo Omutukuvu ali:

**ALI BULI WAMU:**

Ekitegeeza nti abeera mu buli kifo:

> **Nnaagenda wa Omwoyo wo gy'atali? Oba nnaagenda wa ggwe gy'otoli? (Zabuli 139:7)**

**AMANYI BYONNA:**

Ekitegeeza nti amanyi ebintu byonna:

> **Naye ffe Katonda yabitubikkulira mu Mwoyo, kubanga Omwoyo anoonyereza ebintu byonna, n'eby'omunda ennyo ebya Katonda.**
>
> **Kubanga muntu ki ategeera eby'omuntu omulala okuggyako omwoyo w'omuntu oyo ali mu ffe? Noolwekyo n'ebintu bya Katonda tewali abimanyi okuggyako Omwoyo wa Katonda. (1 Abakolinso 2:10-11)**

**W'AMAANYI:**

Ekitegeeza nti Omwoyo Omutukuvu ayinza byonna:


> **Katonda ayogedde ekintu kimu, kyokka nze nziggyemu ebintu bibiri nti: Katonda, oli w'amaanyi. (Zabuli 62:11)**
>
> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako… (Ebikolwa 1:8)**

**WA LUBEERERA:**

Ekitegeeza nti abaawo lubeerera. Teyalina ntandikwa era tajja kuba na nkomerero:

> **Omusaayi gwa Kristo ataliiko kamogo, eyeewaayo ye yennyini eri Katonda olw'Omwoyo ataggwaawo, tegulisinga nnyo okutukuza emyoyo gyaffe okuva mu bikolwa ebifu tulyoke tuweereze Katonda omulamu? (Abaebbulaniya 9:14)**

Obutaggwaawo bwa Mwoyo Mutukuvu bulagibwa mu kifaananyi kino: Ekifaananyi ekyetoolovu tekirina ntandikwa na nkomerero, kyokka nga gye kiri.



Embala y'obutaggwaawo eya Mwoyo Mutukuvu.

**OMWOYO OMUTUKUVU NG'OMUNTU**

Omwoyo Omutukuvu ali kitundu ku busatu bwa Katonda, naye Omwoyo Omutukuvu alina embeera ezoobuntu. Baibuli etubikkulira Omwoyo Omutukuvu nga:

**ALINA ENDOWOOZA:**

> **Oyo akebera emitima, amanyi Omwoyo ky'alowooza, kubanga yeegayiririra abatukuvu ng'okusiima kwa Katonda bwe kuli. (Abaruumi 8:27)**

AKEBERA ENDOWOOZA Y'OMUNTU:

> **Naye ffe Katonda yabitubikkulira mu Mwoyo, kubanga Omwoyo anoonyereza ebintu byonna, n'eby'omunda ennyo ebya Katonda. (1 Abakolinso 2:10)**

**ALINA KYAYAGALA:**

> **Naye Omwoyo akola ebyo byonna y'omu, y'agabira buli muntu ng'Omwoyo oyo bw'ayagala. (1 Abakolinso 12:11)**

Okwagala kwa Mwoyo Mutukuvu kwe kuluŋŋamya abakkiriza ng'abalemesa okukola ebintu ebimu:

> **Pawulo ne banne ne batambula ne bayita mu nsi y'e Fulugiya n'e Ggalatiya kubanga Mwoyo Mutukuvu yali abaziyizza okugenda mu Asiya okubuulirayo Ekigambo.**
>
> **Bwe baatuuka e Musiya ne bagezaako okugenda Bisuniya, naye Mwoyo wa Yesu n'atabakkiriza. (Ebikolwa 16:6-7)**

Okwagala kw'omwoyo Omutukuvu era kuluŋŋamya abakkiriza ng'abawa olukusa:

> **Pawulo bwe yafuna okwolesebwa okwo ne yeetegeka mangu okulaga e Makedoniya, kubanga yakitegeera nga Katonda atutumye okubabuulira Enjiri. (Ebikolwa 16:10)**

**AYOGERA:**

Yayogera ne Firipo:

**Awo Mwoyo Mutukuvu n'agamba Firipo nti, Semberera eggaali eryo oligendereko. (Ebikolwa 8:29)**

Yayogera ne Peetero:

> **Awo Peetero bwe yali ng'akyebuuza eby'okwolesebwa okwo, Mwoyo Mutukuvu n'amugamba nti, "Laba, abasajja basatu bakunoonya. (Ebikolwa 10:19)**

Yayogera n'abakadde mu kibuga ky'e Antiokiya:

> **Awo bwe baali nga basinza Mukama era nga bwe basiiba, Mwoyo Mutukuvu n'agamba nti, "Munjawulire Balunabba ne Sawulo olw'omulimu gwe mbayitidde. (Ebikolwa 13:2)**

Okubikkulirwa 2 ne 3 eraga obubaka obw'enjawulo obwayogerwa Omwoyo Omutukuvu eri ekkanisa omusanvu mu Asiya.

**ALINA OKWAGALA:**

> **Kaakano mbakuutira abooluganda, mu Mukama waffe Yesu Kristo ne mu kwagala kw'Omwoyo, okufubiranga awamu nange, nga munsabira eri Katonda. (Abaruumi 15:30)**

**YEEGAYIRIRA:**

Emu ku mbala za Mwoyo Mutukuvu ezoobuntu kwe kuba omwegayirizi. Kino kitegeeza nti asaba Katonda ku lw'abalala:

> **N'Omwoyo bw'atyo atubeera mu bunafu bwaffe. Tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira, naye Omwoyo yennyini atwegayiririra n'okusinda okutayogerekeka. (Abaruumi 8:26)**

**OKUWULIRA KWA MWOYO MUTUKUVU**

Omwoyo Omutukuvu alina embala ey'okuwulira ekitegeeza nti awulira era asobola okunyigirizibwa ebikolwa by'abantu. Olw'okuwulira kw'omwoyo Omutukuvu, Baibuli erabula nti tolina:

- **KULIMBA MWOYO MUTUKUVU:**

> **Naye Peetero n'agamba Ananiya nti, "Ananiya, lwaki Setaani ajjudde mu mutima gwo, n'okulimba n'olimba Mwoyo Mutukuvu ne weeterekerako ku muwendo gw'ennimiro? 4 Teyali yiyo? Era bwe yamala okutundibwa, teyali mu buyinza bwo? Lwaki ekikolwa ekyo kikujjidde mu mutima gwo? Tolimbye bantu wabula olimbye Katonda. (Ebikolwa 5:3-4)**

- **KULEMESA MWOYO**:

Omwoyo Omutukuvu alina obuweereza eri omukkiriza obwetongodde obujja okunnyonnyolwa mu ssuula eyookusatu ey'olusoma luno. Okugaana Omwoyo Omutukuvu kwe kugaana okuwaayo gy'ali bw'aba agezaako okuweereza eri obulamu bwo:

> **Mmwe abalina ensingo enkakanyavu, abatakomolebwanga mu mutima wadde amatu, muwakanya Mwoyo Mutukuvu bulijjo; era bajjajjammwe nga bwe baali, nammwe bwe mutyo bwe muli. (Ebikolwa 7:51)**

- **KUZIKIZA OMWOYO:**

Ozikiza Omwoyo Omutukuvu bw'ogaana okukola ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ayagala okole. Ekigambo "Okuzikiza" era kikozesebwa mu bifo ebirala mu Baibuli okutegeeza okuzikiza omuliro. Bw'ozikiza Omwoyo Omutukuvu alekeraawo okutambuza amaanyi ge mu ggwe. Kiringa okuyiwa amazzi ku muliro. Baibuli erabula:

**Temuzikizanga Mwoyo Mutukuvu. (1 Abasessaloniika 5:19)**

- **KUNAKUWAZA OMWOYO:**

Okuzikiza Omwoyo Omutukuvu bwe butakola ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ayagala okole. Okunakuwaza Omwoyo Omutukuvu kwe kukola ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'atayagala tukole. Eggwanga lya Isirayiri lyanakuwaza Omwoyo Omutukuvu:

**Baamujeemeranga nnyo bwe baali mu ddungu; ne banakuwaza nnyo omutima gwe. (Zabuli 78:40)**

Baibuli erabula:

**Era temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, eyabateekako akabonero akalaga nga mwanunulibwa. (Abaefeeso 4:30)**

**KUJOOGEREZA OMWOYO:**

Ojoogereza Omwoyo Omutukuvu ng'oddayo mu kibi ng'ate omaze okusonyiyibwa okuyita mu musaayi gwa Yesu Kristo:

**Noolwekyo omuntu alinnyirira Omwana wa Katonda, era n'omusaayi gw'endagaano ogunaazaako ebibi n'aguyisa ng'ogwa bulijjo, era n'anyoomoola Omwoyo ow'ekisa, talibonerezebwa n'obukambwe obusingawo? (Abaebbulaniya 10:29)**

**Kizibu okuzza mu kwenenya abo abaamala okufuna ekitangaala ne balega ku birungi eby'omu ggulu, ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu,**

**Ne bamanya obulungi bw'ekigambo kya Katonda, ne balega ku maanyi ag'emirembe egigenda okujja,**

**Naye ne bava ku Katonda. Baba bakomerera Omwana wa Katonda omulundi ogwokubiri, ne bamuswaza mu lwatu. (Abaebbulaniya 6:4-6)**

- **OKUMANYIIRA OMWOYO:**

**Noolwekyo mbategeereza ddala nti omuntu alisonyiyibwa buli kibi kyonna, na buli kuvvoola. Naye alivvoola Mwoyo Mutukuvu talisonyiyibwa.**

**Na buli muntu ayogera ekigambo ekibi ku Mwana w'Omuntu alisonyiyibwa, naye ayogera ekibi ku Mwoyo Omutukuvu talisonyiyibwa mu mulembe guno wadde ogugenda okujja. (Matayo 12:31-32)**

Ekibi ky'okumanyiira Omwoyo Omutukuvu ky'ekiyitibwa, "Ekibi ekitasonyiyibwa" kubanga okusinziira ku kitundu kino ky'ekibi ekimu kyokka ekitasonyiyibwa. Okumanyiira kitegeeza okwogera ebigambo ebivvoola era nga bigaana amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu nga Katonda nga kigambibwa nti bya Sitaani.

Omuntu bw’agaanira ddala amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu awo aba talirokolebwa kubanga Omwoyo Omutukuvu y’asembeza omuntu omw’onoonyi eri Yesu Kristo.

Omwoyo Omutukuvu aleetawo obubonero bungi obulabika obw’amaanyi ga Katonda. Yesu yagamba nti, omuntu bw’atakkiriza bubonero obw’ebyamagero nga bwe bukakafu obw’enjiri ey’amazima, olwo kiki ekirisikiriza omuntu ng’oyo okukkiriza?

**KUSUNGUWAZA MWOYO MUTUKUVU:**

Okusunguwala Omwoyo Omutukuvu kitegeeza okulumya, okunyiiza, okusosonkereza oba okumuleetera okunyiiga. Omwoyo Omutukuvu asunguwazibwa olw’obutagondera n’obutakkiriza bw’omuntu. Nnabbi Isaaya alaga ebyaliwo ku bantu ba Katonda, Isirayiri lwe baasunguwaza Mwoyo Mutukuvu:

**Balisaanawo n’ekitala; ne bafuuka emmere y’ebibe. (Isaaya 63:10)**

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu okuva mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………….
2. Omwoyo Omutukuvu ali kitundu ku busatu obwa Katonda omuli Katonda……………………………………. Katonda ……………………………………………………. Ne Katonda…………………………………………….
3. Leetayo embala z'obuntu eza Mwoyo Mutukuvu ezinnyonnyoddwa mu ssuula eno
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Kitegeeza ki bwe kigambibwa nti Omwoyo Omutukuvu alina "embala y'okuwulira?"
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
5. Kubanga Mwoyo Mutukuvu alina embala y'okuwulira, Baibuli erabula nti tolina:
   ……………………………………………….. Mwoyo Mutukuvu.
   ……………………………………………….. Mwoyo Mutukuvu
   ……………………………………………….. Mwoyo Mutukuvu
   ……………………………………………….. Mwoyo Mutukuvu
   ……………………………………………….. Mwoyo Mutukuvu
   ……………………………………………….. Mwoyo Mutukuvu
   ……………………………………………….. Mwoyo Mutukuvu
6. Soma ebigambo ebiri mu lukalala olusooka n'ebinnyonnyola ebiri mu lukalala olw'okubiri. Wandiika nnamba y'okunnyonnyola okukulembera ekigambo kye kinnyonnyola obulungi. Ekisoose kikoze nga kyakulabirako

Embala ya Mwoyo Mutukuvu ey'obusatu:

| **Olukalala olusooka:** | **Olukalala olw'okubiri:** |
|---|---|
| - ……5…. Yenkanankana. | 1. Kino kitegeeza nti ayinza byonna. |
| - ……….. Abeera buli wamu. | 2. Kino kitegeeza nti amanyi ebintu byonna. |
| - ………. Amanyi byonna. | 3. Kino kitegeeza abeera buli wamu. |
| - ………. Ayinza byonna. | 4. Kino kitegeeza abeerawo lubeerera. |
| - ……… Taggwaawo. | 5. Kino kitegeeza ali bumu ne Kitaffe n'omwana. |

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Ekikulu ky'olusoma luno ye Mwoyo Omutukuvu ali obumu n'obusatu bwa Katonda. Ekimenyeddwa kino wammanga kijja kukuyamba okusoma ku bantu ababiri mu busatu, abalala ye Katonda Kitaffe n'omwana Yesu Kristo.

**OBUSATU:**

Katonda bwe busatu obulimu Kitaffe, Omwana n'omwoyo Omutukuvu:

- Taata y'ajulira ku Mwana: Matayo 3:17
- Omwana yajulira ku Kitaawe: Yokaana 5:19-20
- Omwana yajulira ku Mwoyo: Yokaana 14:26

**KATONDA KITAFFE:**

Katonda ye mutonzi w'ebintu byonna: Nekemiya 9:6

**AMANNYA GA KATONDA:**

Ekigambo "Katonda" (oyo asinzibwa), ly'erinnya erikozesebwa abantu okunnyonnyola oyo omusukkulumu. Baibuli ereeta amannya agayitibwa Katonda amalala. Mu Baibuli amannya gasukka ku ky'okumanyika obumanyisi. Gaba gannyonnyola oyo nnyini go. Mu mannya ga Katonda mulimu:

Yakuwa: Kitegeeza Mukama: Baibuli erigatta n'amannya ga Katonda amalala.

Yakuwa Lafa: "Mukama awonya" Okuva 15:26

Yakuwa- Nisi: "Mukama bendera yaffe" Okuva 17:8-15

Yakuwa- Salumu: "Mukama gy'emirembe" Ekyabalamuzi: 6:24

Yakuwa- Laka: "Mukama ye Musumba wange" Zabuli 23:1

Yakuwa- Sikenu: "Mukama obutuukirivu bwaffe" Yeremiya 23:6

Yakuwa- Yire: "Mukama agabirira" Oluberyeberye 22:14

Yakuwa – Shama: "Mukama gy'ali" Ezeekyeri 48:35

Erokimu: Ekitegeeza Katonda, erikozesebwa awali amaanyi ga Katonda ag'obutonzi.

Kitaffe: Ebikolwa 17:28, Yokaana 1:12-13

Adonaayi: Eritegeeza Mukama: Okuva 23:17, Isaaya 10:16, 33.

Eli: Lino nalyo kikozesebwa nga ligattiddwako ebigambo ebirala ebya Katonda.

Eli Saddaayi: "Katonda amala mu bwetaavu bwa bantu be" Okuva 6:3

Eli-Eliyon: “Katonda asinga, asukkuluma ku bakatonda abalala bonna: Oluberyeberye 14:18-20

Mu lulimi olw’e Bbulaniya olw’e ndagaano enkadde mwe yawandiikibwa. Ekigambo “Yakuwa” kitegeeza “Katonda.” Ekigambo kino kigattibwako ebigambo ebirala ebibikkula embala ya Katonda. Katonda ayitibwa:

- Yakuwa- Jayira: “Mukama agabirira:” Oluberyeberye 22:14
- Yakuwa- Nissi: “Mukama ye bendera yange” Okuva 17:15
- Yakuwa Salumu: “Mukama gy’e mirembe gyange” Ebyabalamuzi 6:24
- Yakuwa Sabawosi: “Mukama ow’eggye” 1 Samwiri 1:3
- Yakuwa makadesikemu: “Mukama atukuza” Okuva 31:13
- Yakuwa Lohi: “Mukama ye Musumba wange” Zabuli 23:1
- Yakuwa Sikenu: “Mukama ye butuukirivu bwange: Yeremiya 23:6
- Yakuwa Shama: “Mukama waali” Ezeekyeri 48:35
- Yakuwa Elokimu Isirayiri: “Mukama Katonda wa Isirayiri” Ekyabalamuzi 5:3
- Kadesi Isirayiri: “Omutukuvu wa Isirayiri” Isaaya 1:4

**KATONDA ALI LUDDA WA?**

Nnamulondo ya Katonda eri mu kifo ekiyitibwa Eggulu, naye abeera mu nsi yonna. Katonda ali mu buli kifo kyonna: 2 Ebyomumirembe 16:9, Isaaya 66:1, Engero 15:3, Zabuli 139:7-8

**KATONDA YENKANA WA OBUNENE?**

Katonda munene okusinga ensi yonna. Teri kipimo eky’omuntu ekiyinza okupima obunene bwe: Isaaya 40:12, 15, 22.

**EMBEERA ZA KATONDA:**

Embeera kitegeeza embala. Embeera za Katonda ziragiddwa wammanga. Katonda ali:

**Mwoyo:** Yokaana 4:24

**Takoma**: (Takugirwa bantu): 1 Bassekabaka 8:27, Okuva 15:18, Ekyamateeka 33:27, Nekemiya 9:5, Zabuli 90:2, Yeremiya 10:10, Okubikkulirwa 4:8-10

**Omu:** Kino kitegeeza ali omu mu busatu bwe: Okuva 20:3, Ekyamateeka 4:35, 39, 6:4, 1 Samwiri 2:2, 2 Samwiri 7:22, 1 Kings 8:60, 2 Bassekabaka 19:15, Nekemiya 9:6, Isaaya 44:6-8, 1 Timoseewo 1:17

**Wamaanyi:** Oluberyeberye 1:1, 17:1, 18:14,Okuva 15:7, Ekyamateeka 3:24, 32:39, 1 Eby’omumirembe 16:25, Yobu 40:2, Isaaya 40:12-15, Yeremiya 32:17, Ezekyeri 10:5, Danyeri 3:17, 4:35, Amosi 4:13, 5:8, Zakaliya 12:1, Matayo 19:26, Okubikkulirwa 15:3, 19:6

**Abeera buli wamu:** Oluberyeberye 28:15-16, Ekyamateeka 4:39, Yoswa 2:11, Engero 15:3, Isaaya 66:1, Yeremiya 23:23-24, Amosi 9:2-4, 6 Ebikolwa 7:48-49, Abaefeeso 1:23

**Amanyi byonna**: Okubikkulirwa 18:18, 19, 2 Bassekabaka 8:10, 13, 1 Ebyomumirembe 28:9, Zabuli 94:9, 139:1-6, 147:4-5, Engero 15:3, Isaaya 29:15-16, 40:28, Yeremiya 1:4, 5, Ezekyeri 11:5, Danyeri 2:22, 28, Amosi 4:13, Lukka 16:15, Ebikolwa 15:8, 18, Abaruumi 8:27, 29, 1 Abakolinso 3:20, 2 Timoseewo 2:19, Abaebbulaniya 4:13, 1 Peetero 1:2, 1 Yokaana 3:20

**Mugezi:** Zabuli 104:24, Engero 3:19, Yeremiya 10:12, Danyeri 2:20-21, Abaruumi 11:33, 1 Abakolinso 1:24, 25, 30, 2:6-7, Abaefeeso 3:10, Abakolosaayi 2:2-3

**Mutukuvu**: Okuva 15:11, Ebyabaleevi 11:44-45, 20:26, Yoswa 24:19, 1 Samwiri 2:2, Zabuli 5:4, 111:9, 145:17, Isaaya 6:3, 43:14-15, Yeremiya 23:9, Luka 1:49, Yakobo 1:13, 1 Peetero 1:15-16, Okubikkulirwa 4:8, 15:3-4

**Mwesigwa:** Okuva 34:6, Okubala 23:19, Ekyamateeka 4:31, Yoswa 21:43-45, 23:14, 1 Samwiri 15:29, Yeremiya 4:28, Isaaya 25:1, Ezeekyeri 12:25, Danyeri 9:4, Mikka 7:20, Lukka 18:7-8, Abaruumi 3:4, 15:8, Abakolinso 1:9, 10:13, 2 Abakolinso 1:20, 1 Abasessaloniika 5:24, 2 Abasessaloniika 3:3, 2 Timoseewo 2:13, Abaebbulaniya 6:18, 10:23, 1 Peetero 4:19, Okubikkulirwa 15:3

**Asaasira:** Tito 3:5, Okukungubaga 3:22, Danyeri 9:9, Yeremiya 3:12, Zabuli 32:5, Isaaya 49:13, 54:7

**Kwagala:** Ekyamateeka 7:8, Abaefeeso 2:4, Zefaniya 3:17, Isaaya 49:15-16, Abaruumi 8:39, Koseya 11:4, Yeremiya 31:3

**Mulungi:** Zabuli 25:8, Nakkumu 1:7, Zabuli 145:9, Abaruumi 2:4, Matayo 5:45, Zabuli 31:19, Ebikolwa 14:17, Zabuli 68:10, 85:5

## KATONDA OMWANA, YESU KRISTO

### OBULAMU BWA KRISTO:

Emboozi ya Yesu Kristo, Omwana eragibwa mu kitabo kya Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana. Soma ebitabo bino byonna ofune ebikwata ku kuzaalibwa, obulamu, n’okufa n’okuzuukira n’enjigiriza za Yesu Kristo.

AMANNYA AGAWEEBWA YESU KRISTO:

Erinnya “Yesu” litegeeza “Omulokozi” oba “Omununuzi” Matayo 1:21.

Erinnya “Kristo” litegeeza eyafukibwako amafuta Yokaana 3:34

Amannya amalala agaweebwa Yesu Kristo mu Baibuli:

- Omusumba omulungi: Yokaana 10:11
- Ekitangaala ky’ensi: Yokaana 8:12
- Omugaati gw’obulamu: Yokaana 6:48
- Ekkubo Yokaana 14:6
- Amazima: Yokaana 14:6
- Obulamu: Yokaana 14:6

- Kabaka w'abakabaka ne Mukama w'abakama: Okubikkulirwa 19:16
- Omwana w'omuntu: Matayo 17:22
- Omwana wa Daudi: Matayo 1:1
- Adamu ow'oluvannyuma: 1 Abakolinso 15:45
- Emmambya esala eva mu ggulu: Luka 1:78
- Omwana wa Katonda: Matayo 16:16
- Omwana omu yekka: Yokaana 3:16
- Ejjinja ery'omunsonda: Abaefeeso 2:20
- Kabona asinga obukulu: Abaebbulaniya 4:14
- Omutabaganya: Abaebbulaniya 12:24
- Empologoma ya Yuda: Okubikkulirwa 5:5
- Alufa ne Omuga (Asooka era Asembayo): Okubikkulirwa 1:8
- Omulamuzi omutuukirivu: 2 Timoseewo 4:8
- Kabaka w'abayudaaya: Makko 15:26
- Kabaka wa Isirayiri: Abaebbulaniya 4:14
- Omutandisi era omumalirizi w'okukkiriza kwaffe: Abaebbulaniya 12:2
- Aweebwa omukisa era nnyini buyinza yenna: 1 Timoseewo 6:15
- Omulangira w'obulamu: Ebikolwa 2:36
- Omulokozi : Yokaana 4:42
- Kristo: Makko 1:1
- Ekigambo: Yokaana 1:1, 14
- Omwana gw'endiga ya Katonda: Yokaana 1:29

**EMBEERA ZA YESU KRISTO:**

Kubanga ali kitundu ku busatu bwa Katonda, Yesu Kristo alina embeera ze zimu n'eza Katonda. Baibuli ekakasa ezimu ku zo mu nnyiriri zino wammanga:

- Abeera buli wamu: Matayo 18:20, 20:20
- Amanyi byonna: Matayo 28:18
- Taggwaawo: Yokaana 1:1-2, 8:58
- Atakyukakyuka: Abaebbulaniya: 13:8

**OBWAKATONDA BWA YESU:**

Ekitabo kya Yokaana kikakasa endya ya Yesu, ekituufu kiri nti yali kitundu ku Katonda omukulu. Buli ssuula ejuliza ku kino. Soma ennyiriri ezinokoddwayo wammanga ofunze buli kimu mu bbanga erirekeddwawo:

1:49________________________________ 11:27__________________________________

2:11________________________________ 12:32__________________________________

3:16________________________________ 13:13__________________________________

4:26______________________________

5:25______________________________

6:33______________________________

7:29______________________________

8:58______________________________

9:37______________________________

10:30_____________________________

14:11____________________________________

15:1_____________________________________

16:28____________________________________

17:1_____________________________________

18:11____________________________________

19:7_____________________________________

20:28____________________________________

21:14____________________________________

# ESSUULA EYOOKUBIRI

## OKULAGA OMWOYO OMUTUKUVU

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuzuula obubonero obwa Mwoyo Mutukuvu.
- Okunnyonnyola buli kabonero kye kalaga.
- Okuleeta amannya ga Mwoyo Mutukuvu.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Temumanyi nti mmwe muli yeekaalu ya Katonda era nga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe? (1 Abakolinso 3:16)**

**ENNYANJULA**

Amannya n'obubonero ebiraga Omwoyo Omutukuvu biwa okumanyisa ku mbala ye n'enkola ze ku lw'omukkiriza. Amannya n'obubonero obwa Mwoyo Mutukuvu by'ebikulu ebyogerwako mu ssuula eno nga bwe tweyongerayo n'okwanjula obuweereza obwa Mwoyo Mutukuvu.

**AMANNYA GA MWOYO MUTUKUVU**

Erinnya kye kigambo ekituumibwa okunnyonnyola ekifo ky'omuntu oba by'okola. Okugeza, omuntu bw'aba ng'ayitibwa "omukulembeze w'eggwanga." Kinnyonnyola kifo kye mu gavumenti ng'omulimu gwe ng'omukulembeze w'eggwanga.

Amannya agayitibwa Mwoyo Mutukuvu mu Baibuli galaga bingi ku kifo ky'alimu n'emirimu gye. Omwoyo Omutukuvu ayitibwa:

**OMWOYO WA KATONDA:**

> **Temumanyi nti mmwe muli yeekaalu ya Katonda era nga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe? (1 Abakolinso 3:16)**

**OMWOYO WA KRISTO:**

> **Naye mmwe temufugibwa mubiri wabula mufugibwa Mwoyo, kubanga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe. Era omuntu yenna bw'ataba na Mwoyo wa Kristo, oyo si wa Kristo. (Abaruumi 8:9)**

**OMWOYO ATAGGWAAWO:**

Kino kitegeeza nti Omwoyo Omutukuvu wa lubeerera, talina ntandikwa na nkomerero:

**Omusaayi gwa Kristo ataliiko kamogo, eyeewaayo ye yennyini eri Katonda olw'Omwoyo ataggwaawo, tegulisinga nnyo okutukuza emyoyo gyaffe okuva mu bikolwa ebifu tulyoke tuweereze Katonda omulamu? (Abaebbulaniya 9:14)**

**OMWOYO OW'AMAANYI:**

Omwoyo Omutukuvu y'ensibuko y'amazima agaluɧɧamizibwa ekigambo kya Katonda, Baibuli. Abikkula amazima gano eri omuntu:

**Naye Omwoyo ow'amazima, bw'alijja alibaluŋŋamya mu mazima gonna, kubanga, taliyogera ku bubwe, wabula anaabategeezanga ebyo by'awulira. Anaababuuliranga ebigenda okubaawo. (Yokaana 16:13)**

**OMWOYO W'EKISA:**

**Noolwekyo omuntu alinnyirira Omwana wa Katonda, era n'omusaayi gw'endagaano ogunaazaako ebibi n'aguyisa ng'ogwa bulijjo, era n'anyoomoola Omwoyo ow'ekisa, talibonerezebwa n'obukambwe obusingawo? (Abaebbulaniya 10:29)**

**OMWOYO W'OBULAMU:**

**Kubanga etteeka ery'Omwoyo aleeta obulamu mu Kristo Yesu, lyannunula okuva mu tteeka ly'ekibi n'okufa. (Abaruumi 8:2)**

**OMWOYO W'EKITIIBWA:**

**Mulina omukisa bwe muvumibwa olw'erinnya lya Kristo kubanga Omwoyo ow'ekitiibwa owa Katonda ali ku mmwe. (1 Peetero 4:14)**

**OMWOYO W'AMAGEZI N'OKUBIKKULIRWA:**

Omwoyo Omutukuvu awa abakkiriza amagezi n'abikkula n'okumanya kwa Yesu Kristo:

**Ne mbasabira, Katonda wa Mukama waffe Yesu Kristo, Kitaffe ow'ekitiibwa, abawe Omwoyo ow'amagezi n'okubikkulirwa mweyongere okumutegeera. (Abaefeeso 1:17)**

**OMUBEEZI:**

Omwoyo Omutukuvu agumya abakkiriza mu biro eby'ebizibu, ennaku, n'ekiwuubaalo:

**Naye Omubeezi, Mwoyo Mutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange,... (Yokaana 14:26)**

**OMWOYO W'EKISUUBIZO:**

Omwoyo Omutukuvu ye Mwoyo w'ekisuubizo kubanga ye Mwoyo eyatumibwa okutuukiriza ekisuubizo kya Katonda:

**Awo bwe yali ng'alya nabo ekijjulo n'abalagira baleme kuva mu Yerusaalemi naye balindirire ekisuubizo kya Kitaawe. Yagamba nti, Ekyo kye mwawulira nga mbagamba nti.**

**Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mujja kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu mu nnaku si nnyingi. (Ebikolwa 1:4-5)**

**OMWOYO W'OBUTUKUVU:**

**Eyakakasibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi aga Mwoyo Mutukuvu olw'okuzuukira kw'abafu, ye Yesu Kristo Mukama waffe. (Abaruumi 1:4)**

**OMWOYO W'OKUKKIRIZA:**

**Bwe tuba n'omwoyo omu ow'okukkiriza, ng'ekyawandiikibwa bwe kigamba nti, "Nakkiriza noolwekyo kyennava njogera," naffe tukkiriza, noolwekyo kyetuva twogera. (2 Abakolinso 4:13)**

**OMWOYO ATUFUULA ABAANA:**

Kuba kuyita mu Mwoyo Omutukuvu mwe tufuulibwa abaana mu maka ga Katonda ng'omwana wa Katonda:

**Temwaweebwa mwoyo gwa buddu ate mutye, wabula mwaweebwa Omwoyo eyabafuula abaana, era ku bw'oyo tumukoowoola nti, "Aba, Kitaffe." (Abaruumi 8:15)**

## OBUBONERO BWA MWOYO MUTUKUVU

Baibuli ekozesa obubonero obw'enjawulo okulaga Omwoyo Omutukuvu. Akabonero kakiikirira ekintu, kaba kalina amakulu ag'enjawulo. Buno wammanga bwe bubonero obukozesebwa mu Baibuli okulaga Omwoyo Omutukuvu.

**EJJIBA:**

Omwoyo Omutukuvu yabikkulirwa okuyita mu ngeri y'ejjiba mu kiseera ky'okubatizibwa kwa Yesu. Akabonero kano aka Mwoyo Mutukuvu kalaga okukakasa, obutukuvu n'emirembe:

**Awo Yokaana Omubatiza n'abategeeza nga bwe yalaba Mwoyo Mutukuvu ng'akka okuva mu ggulu ng'ali ng'ejjiba n'abeera ku Yesu. (Yokaana 1:32)**

**Okukakasa:**

**Awo Yokaana Omubatiza n'abategeeza nga bwe yalaba Mwoyo Mutukuvu ng'akka okuva mu ggulu ng'ali ng'ejjiba n'abeera ku Yesu. (Yokaana 1:32)**

**Emirembe:**

**Ne njogera nti, Singa nnina ebiwaawaatiro ng'ejjiba, nandibuuse ne ŋŋenda mpummulako. (Zabuli 55:6)**

**Obutukuvu:**

> **Ejjiba lyange, owange ataliiko bbala, ow'enjawulo... (Oluyimba 6:9)**

**AMAFUTA:**

Amafuta gakozesebwa mu Baibuli ng'akabonero aka Mwoyo Mutukuvu. Amafuta galaga ekitangaala, okuwonyezebwa, n'amafuta g'obuweereza. Bino byonna biweebwa omukkiriza okuyita mu Mwoyo Omutukuvu:

> **Omwoyo wa Mukama ali ku nze. Anfuseeko amafuta okubuulira abaavu Enjiri. Antumye okubuulira abasibe okuteebwa, n'abazibe b'amaaso okuzibulwa amaaso balabe, n'abanyigirizibwa okufuna eddembe. (Lukka 4:18)**
>
> **Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye. (Ebikolwa 10:38)**
>
> **Wayagala obutuukirivu n'okyawa obujeemu. Katonda, era Katonda wo kyeyava akufukako amafuta ag'omuzeeyituuni agaleeta essanyu okusinga banno. (Abaebbulaniya 1:9)**

**AMAZZI:**

Amazzi gakiikirira obulamu obupya n'okutukuzibwa mu kibi Omwoyo Omutukuvu byaleetera omukkiriza. Yesu yayogera ku Mwoyo Omutukuvu okubeera ng'amazzi:

> **Awo ku lunaku olw'embaga olusembayo, olusingira ddala obukulu, Yesu n'ayimirira n'ayogera n'eddoboozi ery'omwanguka n'agamba nti, "Buli alina ennyonta, ajje gye ndi anywe!**
>
> **Ng'Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti buli akkiriza Nze emigga egy'amazzi amalamu girikulukuta nga gifuluma mu mutima gwe.**
>
> **Yesu yali ayogera ku Mwoyo Mutukuvu, abamukkiriza gwe baali bagenda okufuna, kubanga Mwoyo oyo yali tannagabibwa, kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa. (Yokaana 7:37-39)**
>
> **Kubanga ndifuka amazzi ku ttaka eririna ennyonta n'enzizi ku ttaka ekkalu. Ndifuka Omwoyo wange ku zadde lyo, era n'omukisa gwange ku bazzukulu bo. (Isaaya 44:3)**

**ENVUMBO:**

Envumbo kaba kabonero ak'enjawulo akalaga obwannannyini. Era kalaga ekimaze okugulibwa. Omwoyo Omutukuvu atadde ku bakkiriza envumbo y'okubeera nga bantu ba Katonda. Kiraga nti obulokozi bwabwe mulimu ogwaggwa:

> **Nammwe, Kristo yabaleeta eri amazima, kye kigambo eky'Enjiri ey'okulokolebwa kwammwe. Bwe mwamukkiriza, ne muteekebwako envumbo eya Mwoyo Mutukuvu eyasuubizibwa.**
> **Nammwe, Kristo yabaleeta eri amazima, kye kigambo eky'Enjiri ey'okulokolebwa kwammwe.**

**Bwe mwamukkiriza, ne muteekebwako envumbo eya Mwoyo Mutukuvu eyasuubizibwa. (Abaefeeso 1:13)**

**Era temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, eyabateekako akabonero akalaga nga mwanunulibwa. (Abaefeeso 4:30)**

**Era ye oyo eyatussaako akabonero, n'atuwa amazima g'omwoyo mu mitima gyaffe.(2 Abakolinso 1:22)**

**KIBUYAGA:**

Kibuyaga nako kabonero aka Omwoyo Omutukuvu. Kalaga amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu:

**Empewo ekuntira gy'eyagala, n'owulira okuwuuma kwayo, naye tomanya gy'eva newaakubadde gyegenda; bw'atyo bw'abeera omuntu yenna azaalibwa Omwoyo. (Yokaana 3:8)**

**Awo olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka bonna baali bakuŋŋaanidde mu kisenge kimu.**

**Amangwago okuwuuma, nga kuli ng'empewo ey'amaanyi ennyo ekunta, ne kuva mu ggulu, ne kujjula mu nnyumba yonna mwe baali batudde. (Ebikolwa 2:1-2)**

Tosobola kulaba kibuyaga mu nsi ey'omubiri naye osobola okulaba ebiva mu muyaga ogwo. Mu nsi ey'omubiri, kibuyaga alina omugaso gwe. Omugaso gwe biba byakulabirako eby'omubiri ebiraga omugaso gwa "kibuyaga" ow'Omwoyo Omutukuvu.

**Kibuyaga aleeta obulamu:**

Amansa ensigo buli lw'afumuuka era kino ne kireetawo okumeruka okupya. Omwoyo Omutukuvu aleetawo obulamu okuyita mu nsigo ey'ekigambo kya Katonda buli lwe kisaasaanyizibwa mu mitima n'endowooza z'abantu. Obulamu buno sibwe butaggwaawo olw'obulokozi kyokka, wabula obulamu obukuze okuyita mu kubala ekibala eky'omwoyo ekiva mu nsigo y'ekigambo.

**Kibuyaga ayawula eŋŋano ku bisusunku:**

Atukuza buli lwakunta n'afuumuula eri buli kakica. Omwoyo Omutukuvu akola ng'amaanyi agatutukuza mu bulamu bw'abakkiriza.

**Kibuyaga awujja Amanda agaagala okuzikira ne gakwata omuliro buto:**

Empewo y'Omwoyo Omutukuvu ewujja abantu ba Katonda mu kuzzibwa obujja n'abakoleeza buto eri omuliro gw'obuweereza eri ensi.

**MULIRO:**

Omuliro nako kabonero ka Mwoyo Mutukuvu. Omuliro gukiikirira:

**Okubeerawo kwa Mukama:**

**Malayika wa Mukama n'amulabikira ng'asinziira mu muliro ogwaka, mu makkati g'ekisaka. Musa n'atunuulira ekisaka, n'alaba nga kyaka naye nga tekisiriira. (Okuva 3:2)**

**Okukakasibwa kwa Mukama:**

**Omuliro ne gujja nga guva eri Mukama Katonda ne gumalirawo ddala ekiweebwayo ekyokebwa n'amasavu ebyali ku kyoto. Awo abantu bonna bwe baakiraba ne baleekaana ne bagalamira wansi ng'amaaso gaabwe gali ku ttaka. (Ebyabaleevi 9:24)**

**Okukuuma n'okuluŋŋamya:**

**Emisana Mukama yabakulemberanga ng'ali mu mpagi ey'ekire okubalaga ekkubo, n'ekiro ng'ali mu mpagi ey'omuliro okubamulisiza, balyoke batambulenga emisana n'ekiro. (Okuva 13:21)**

**Okutukuza:**

Isaaya 6:1-8 ayogera ku nnabbi Isaaya nga bw'atukuzibwa omuliro gwa Mwoyo Omutukuvu. Soma ekitundu kino mu Baibuli yo.

**Ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu:**

Omwoyo Omutukuvu nga ky'ajje asooke okuweebwa, omuliro gwakozesebwa nga akabonero k'okubeerawo kwe:

**Ku buli omu ne kutuulako ennimi ng'ez'omuliro. (Ebikolwa 2:3)**

Okusala omusango:

**Kubanga ddala, "Katonda waffe, gwe muliro ogwokya."(Abaebbulaniya 12:29)**

## OKULAGA OMWOYO OMUTUKUVU

Amannya n'obubonero obulaga Omwoyo Omutukuvu bulaga ko ebimu ku bukulu bwe n'obuweereza bwe. Obuweereza obulala obwa Mwoyo Mutukuvu bulagibwa mu ssuula eddako.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Akabonero kye ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Soma ku lukalala lw'obubonero bwa Mwoyo Mutukuvu obuli mu lukalala olusooka. Osome n'ebinnyonnyola ebiri mu lukalala olwokubiri. Wandiika ennamba eraga ekinnyonnyola mu bbanga eriri mu maaso g'akabonero ekikannyonnyola obulungi.

**Obubonero bwa Mwoyo Omutukuvu:**

| **Olukalala olusooka** | **Olukalala olw'okubiri** |
|---|---|
| ………. Kibuyaga. | 1. Kayimirirawo olw'obutukuvu n'emirembe |
| ……… Envumbo. | 2. Kalaga ekitangaala, okuwonyezebwa amafuta g'obuweereza. |
| ……… Amazzi. | 3. Kalaga bulamu n'okutukuzibwa. |
| ……… Ejjiba. | 4. Kalaga obwannannyini. |
| …….. Amafuta. | 5. Kalaga amaanyi. |

4. Omuliro kabonero ka Mwoyo Mutukuvu. Leeta ebintu mukaaga (6) bye gukiikirira.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Amannya ga Mwoyo Mutukuvu kkumi n'asatu ge gannyonnyoddwa mu ssuula eno. Ameka g'oyinza okuleetayo?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Mu ndagaano empya mulimu ebitundu ebikumi bibiri mu nkaaga mu kimu (261) ebyogera ku Mwoyo Omutukuvu. Ayogerwako:

- Emirundi amakumi ataano mu mukaaga (56) mu njiri ya Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana.
- Emirundi amakumi ataano mu musanvu (57) mu kitabo kya Ebikolwa.
- Emirundi kikumi mu amakumi ana mu munaana (148) mu bitundu by'endagaano empya ebisigadde.

Soma endagaano empya yonna. Nga bw'osoma, saza ku buli awoogera ku Mwoyo Omutukuvu. Soma ebintu ebyo weeyongere okumanya obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu.

# ESSUULA EYOOKUSATU

## OBUWEEREZA BWA MWOYO MUTUKUVU

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola obuweereza obw'Omwoyo Omutukuvu obukwata ku:
  - Okutondebwa
  - Ebyawandiikibwa
  - Isirayiri
  - Sitaani
  - Yesu
  - Omwonoonyi
  - Ekkanisa
  - Abakkiriza.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Naye Omubeezi, Mwoyo Mutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, bw'alijja alibayigiriza ebintu byonna era alibajjukiza byonna bye nabagamba. (Yokaana 14:26)**

**ENNYANJULA**

Obukulu bw'essuula eno kwe kunnyonnyol obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu okuva ku kutondebwa kw'ensi okutuuka ku buweereza bwe obuliwo mu bakkiriza.

**OKUTONDEBWA**

Mwoyo Mutukuvu yali akola mu kutondebwa kw'ensi:

> **Ensi yali njereere nga yeetabuddetabudde, ekizikiza nga kibisse kungulu ku buziba, n'Omwoyo wa Katonda ng'atambulira ku mazzi. (Oluberyeberye 1:2)**

> **Bw'oweereza Omwoyo wo, ne bifuna obulamu obuggya; olwo ensi n'ogizza buggya. (Zabuli 104:30)**

**EBYAWANDIIKIBWA**

Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu buzingiramu ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa ekiyitibwa ebyawandiikibwa ebitukuvu oba Baibuli entukuvu. Omwoyo Omutukuvu yaweereza ne:

**OKUBIKKULIRWA:**

Yayogera n'abantu abawandiisi ku kigambo kya Katonda:

**Kubanga bannabbi tebaayogeranga byabwe ku bwabwe, wabula baategeezanga ebyo Katonda bye yabalagiranga nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabibawanga. (2 Peetero 1:21)**

**OKULUɧɧAMYA:**

Yaluɧɧamya abawandiisi bano okuleeta obubaka obutuukiridde:

**Ebyawandiikibwa Ebitukuvu byonna, Katonda ye yabiruŋŋamya nga biwandiikibwa, era bigasa mu kuyigiriza, mu kunenya, mu kuluŋŋamya ne mu kubuuliranga omuntu abe omutuukirivu,**

**Omuntu wa Katonda alyoke abe ng'atuukiridde, ng'alina byonna ebyetaagibwa okukola buli mulimu omulungi. (2 Timoseewo 3:16-17)**

**OKUMULISA:**

Amulisa emitima gy'abantu okutegeera obubaka bw'enjiri:

**Naye Omubeezi, Mwoyo Mutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, bw'alijja alibayigiriza ebintu byonna era alibajjukiza byonna bye nabagamba. (Yokaana 14:26)**

**ISIRAYIRI**

Eggwanga lya Isirayiri lyalondebwa Katonda mw'anaayita okweyoleka n'okutuukiriza enteekateeka ye enkulu eri ensi. Masiya yayita mu Isirayiri okujja alokole abantu mu kibi. Isirayiri bye yayitamu byakolanga ekyokulabirako ky'obuwanguzi n'okulemererwa kw'abakkiriza. Okuva mu Yerusalemu, ekibuga ekikulu ekya Isirayiri, enjiri yabuna ensi yonna.

Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu eri Isirayiri bulabikira ddala okuva ku ntandikwa y'eggwanga. Omwoyo Omutukuvu:

**YAKKA KU BAKULEMBEZE BA ISIRAYIRI:**

Waliyo ebyokulabirako bingi nnyo ku kino okubizza byonna mu nnyiriri ne biteekebwa mu kitabo kino. Okujuliza kuteereddwa mu kitundu "Eky'okweyongera okusoma" eky'essuula eno. Okusoma ku kino kiwa okutegeera ku ngeri Omwoyo Omutukuvu bwe yatambulira mu bulamu bw'abantu mu biro by'endagaano enkadde.

**YAKKA MU BIFO ISIRAYIRI MWE YASINZIZANGA:**

**Awo ekire ne kibuutikira Eweema ya Mukama ey'Okukuŋŋaanirangamu, yonna n'ejjula ekitiibwa kya Mukama. (Okuva 40:34)**

**Awo bakabona bwe baava mu kifo ekitukuvu, ekire ne kibuna yeekaalu ya Mukama. (1 Bassekabaka 8:10)**

**OKUBALUɧɧAMYA OKUGENDA MU NSI ENSUUBIZE:**

**Wabawa Omwoyo omulungi okubayigiriza, so tewabammanga manu okulya, era wabawanga n'amazzi okumalawo ennyonta yaabwe. (Nekemiya 9:20)**

**ALIJJA ERI ISIRAYIRI MU BIRO BY'OKUBONYAABONYEZEBWA:**

Okubonyaabonyezebwa biro ebirijja ebiribaamu obuzibu obw'amaanyi ku nsi. Katonda ajja kuteeka akabonero ak'enjawulo okukuuma Isirayiri:

**Ne ndaba malayika omulala ng'ava ebuvanjuba ng'akutte akabonero k'envumbo aka Katonda omulamu, n'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka ng'agamba bamalayika abana abaali baweereddwa obuyinza okwonoona ensi n'ennyanja nti.**

**Temukola kintu kyonna, ekinaayonoona ensi, n'ennyanja oba emiti, okutuusa nga tumaze okuteeka akabonero k'envumbo ka Katonda akakulu ku byenyi by'abaweereza ba Katonda waffe.**

**Awo ne mpulira omuwendo gw'abo abaateekebwako akabonero k'envumbo nga baali emitwalo kkumi n'ena mu enkumi nnya (144,000) okuva mu bika ekkumi n'ebibiri ebya Isirayiri. (Okubikkulirwa 7:2-4)**

**AJJA KUKKA KU ISIRAYIRI MU KYASA:**

Ekyasa gy'emyaka olukumi egy'emirembe Yesu mw'anaafugira ku nsi:

**Era ndifuka ku nnyumba ya Dawudi era ku batuuze ba Yerusaalemi Omwoyo ow'ekisa n'okwegayirira. Balintunuulira nze gwe baafumita: era balimukungubagira ng'omuntu bw'akungubagira omwana we omu yekka, era balimulumirwa nnyo omwoyo ng'omuntu bw'alumirwa mutabani we omubereberye. (Zakaliya 12:10)**

## SITAANI

Omwoyo Omutukuvu alina n'obuweereza obukwata ku Sitaani. Omwoyo Omutukuvu g'e maanyi agaziyiza aga Sitaani:

**Noolwekyo balitya erinnya lya Mukama okuva ebugwanjuba, n'ekitiibwa kye okuva ebuvanjuba, kubanga alijja ng'omugga ogukulukuta n'amaanyi, omukka gwa Mukama gwe gutwala. (Isaaya 59:19)**

Omwoyo Omutukuvu bw'anaggibwa mu nsi, awo Omwoyo awakanya Kristo yajja okufuga okumala akaseera. Awakanya Kristo y'oyo omubi ajja okukulembera ensi:

**Kubanga ekyama ky'obujeemu kyatandika dda okukola, naye ye yennyini tagenda kujja okutuusa oyo amuziyiza lw'aliva mu kkubo.**

**Olwo omuntu ow'obujeemu alyoke alabisibwe, Mukama waffe Yesu gw'alimalawo n'omukka ogw'omu kamwa ke n'amuzikiriza n'okulabisibwa kw'okujja kwe.**

**Omuntu oyo alijjira mu maanyi ga Setaani gonna n'akola obubonero n'eby'amagero, eby'obulimba.**

**Era n'obulimba obwa buli ngeri obw'obutali butuukirivu eri abo abazikirizibwa, kubanga bagaana okukkiriza amazima okulokolebwa.**

**Katonda kyava abawaayo eri okubuzibwabuzibwa okw'amaanyi bakkirize eby'obulimba.**

**Era bonna balyoke basalirwe omusango olw'okukkiriza obulimba, ne bagaana amazima ne basanyukira okukola ebitali bya butuukirivu. (2 Abasessaloniika 2:7-12)**

## YESU

Obuweereza obw'omwoyo Omutukuvu bwayolekera mu bulamu bwa Yesu. Yesu yali:

### YAFUNIBWA LWA MWOYO OMUTUKUVU:

**Malayika n'amuddamu nti, "Mwoyo Mutukuvu alikukkako, n'amaanyi g'Oyo Ali Waggulu Ennyo galikubuutikira, n'omwana alizaalibwa aliba mutukuvu, Omwana wa Katonda. (Lukka 1:35)**

**Okuzaalibwa kwa Yesu Kristo kwali bwe kuti: Maliyamu nnyina bwe yali ng'akyayogerezebwa Yusufu, era nga tebanaba kufumbiriganwa n'alabika ng'ali lubuto ku bwa Mwoyo Omutukuvu.**

**Naye bwe yali ng'agalamidde ku kitanda kye ng'akyabirowoozaako, n'afuna ekirooto; n'alaba malayika wa Mukama ng'ayimiridde w'ali, n'amugamba nti, Yusufu, omwana wa Dawudi, totya kutwala Maliyamu okuba mukazi wo! Kubanga olubuto lw'alina yalufuna ku bwa Mwoyo Mutukuvu. (Matayo 1:18, 20)**

### YAFUKIBWAKO MWOYO OMUTUKUVU AMAFUTA:

**Awo amangwago Yesu nga yakamala okubatizibwa nga yaakava mu mazzi, eggulu ne libikkuka n'alaba Omwoyo wa Katonda ng'amukkako mu kifaananyi ky'ejjiba. (Matayo 3:16)**

**Omwoyo wa Mukama ali ku nze. Anfuseeko amafuta okubuulira abaavu Enjiri. Antumye okubuulira abasibe okuteebwa, n'abazibe b'amaaso okuzibulwa amaaso balabe, n'abanyigirizibwa okufuna eddembe. (Lukka 4:18)**

**Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye. (Ebikolwa 10:38)**

**Wayagala obutuukirivu n'okyawa obujeemu. Katonda, era Katonda wo kyeyava akufukako amafuta ag'omuzeeyituuni agaleeta essanyu okusinga banno. (Abaebbulaniya 1:9)**

**YATEEKEBWAKO MWOYO ENVUMBO:**

**Temukolerera mmere eggwaawo, wabula munoonye emmere ebeerera era etuusa mu bulamu obutaggwaawo, Omwana w'Omuntu gy'alibawa, kubanga Kitaawe w'Omwana amussizaako akabonero. (Yokaana 6:27)**

**YAKULEMBERWA MWOYO:**

**Awo Yesu n'atwalibwa Mwoyo Mutukuvu mu ddungu okukemebwa Setaani. (Matayo 4:1)**

**YAWEEBWA MWOYO AMAANYI:**

**Naye bwe mba ngoba baddayimooni n'amaanyi g'Omwoyo wa Katonda, kale Obwakabaka bwa Katonda buzze gye muli. (Matayo 12:28)**

**YAJJUZIBWA MWOYO:**

**Awo Yesu, ng'ajjudde Mwoyo Mutukuvu, n'avaayo ku mugga Yoludaani, Omwoyo n'amutwala mu ddungu. (Lukka 4:1)**

**Kubanga oyo eyatumwa Katonda ategeeza ebigambo bya Katonda, n'Omwoyo gw'agaba tagerebwa. (Yokaana 3:34)**

**YAFUNA OBUYINIKE MU MWOYO:**

**Yesu bwe yamulaba ng'akaaba era n'Abayudaaya abaali naye nga bakaaba n'anyolwa mu mutima, n'ajjula obuyinike. (Yokaana 11:33)**

**YAJAGULIZA MU MWOYO:**

**Mu kiseera ekyo Yesu n'ajjula essanyu ku bwa Mwoyo Mutukuvu n'agamba nti, "Nkutendereza Kitange, Mukama w'eggulu n'ensi, kubanga wakweka ebintu bino abagezi n'abayivu, naye n'obibikkulira abaana abato. Weewaawo Kitange, bw'otyo bwe wasiima. (Lukka 10:21)**

**YEEWAAYO LWA MWOYO:**

**Omusaayi gwa Kristo ataliiko kamogo, eyeewaayo ye yennyini eri Katonda olw'Omwoyo ataggwaawo, tegulisinga nnyo okutukuza emyoyo gyaffe okuva mu bikolwa ebifu tulyoke tuweereze Katonda omulamu? (Abaebbulaniya 9:14)**

**YAZUUKIZIBWA MWOYO:**

**Kubanga ddala Kristo yabonyaabonyezebwa olw'ebibi omulundi gumu, Omuntu Omutuukirivu ku lw'abatali batuukirivu, alyoke abaleete eri Katonda bwe yattibwa mu mubiri, kyokka n'abeera mulamu mu mwoyo. (1 Peetero 3:18)**

**Eyakakasibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi aga Mwoyo Mutukuvu olw'okuzuukira kw'abafu, ye Yesu Kristo Mukama waffe. (Abaruumi 1:4)**

**YALAGIRA ABAYIGIRIZWA BE MU MWOYO:**

**Okutuusa ku lunaku lwe yatwalibwa mu ggulu ng'amaze okuwa abatume be, be yalonda, ebiragiro ku bwa Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 1:2)**

**ABONOONYI**

Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu obukwata ku mwonoonyi bwannyonnyolwa Yesu;

**Naye mbategeereza ddala nti ekisinga obulungi gye muli Nze kwe kugenda. Kubanga bwe sigenda Omubeezi tagenda kujja, kyokka bwe ŋŋenda, ndimutuma gye muli.**

**Ye bw'alijja, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu n'olw'omusango.**

**Kubanga tebanzikkiriza.**

**Olw'obutuukirivu kubanga ŋŋenda eri Kitange era temukyandaba.**

**N'olw'omusango, kubanga omufuzi w'ensi eno asaliddwa omusango. (Yokaana 16:7-11)**

**EKKANISA**

Omwoyo Omutukuvu akola ebintu eby'enjawulo mu kkanisa:

**YEYAGIKOLA:**

**Noolwekyo temukyali baamawanga oba abagwira, wabula muli ba kika kimu n'abatukuvu, abantu ba Katonda, era muli ba mu nnyumba ya Katonda.**

**Mwazimbibwa ku musingi ogw'abatume ne bannabbi, nga Kristo Yesu ly'ejjinja ekkulu ery'oku nsonda.**

**Mu oyo ffenna tuzimbibwa wamu ne tugattibwa wamu ne tubeera essinzizo ettukuvu mu Mukama waffe.**

**Era nammwe mwazimbibwa wamu mu kizimbe ekyo Kristo ky'azimbye okubeeranga ekifo Omwoyo wa Katonda mwabeera. (Abaefeeso 2:19-22)**

**ALUɧɧAMYA OKUSINZA KWA YO:**

**Kubanga ffe bakomole, abasinza Katonda ng'Omwoyo bw'atuluŋŋamya, era twenyumiririza mu Kristo Yesu so tetwesiga mubiri. (Abafiripi 3:3)**

**ALUɧɧAMYA EMIRIMU GYAYO EGY'OBUMINSANI:**

**Awo Mwoyo Mutukuvu n'agamba Firipo nti, "Semberera eggaali eryo oligendereko. (Ebikolwa 8:29)**

**Pawulo ne banne ne batambula ne bayita mu nsi y'e Fulugiya n'e Ggalatiya kubanga Mwoyo Mutukuvu yali abaziyizza okugenda mu Asiya okubuulirayo Ekigambo.**

**Bwe baatuuka e Musiya ne bagezaako okugenda Bisuniya, naye Mwoyo wa Yesu n'atabakkiriza.**

**Pawulo bwe yafuna okwolesebwa okwo ne yeetegeka mangu okulaga e Makedoniya, kubanga yakitegeera nga Katonda atutumye okubabuulira Enjiri. (Ebikolwa 16:6, 7, 10)**

**Awo bwe baali nga basinza Mukama era nga bwe basiiba, Mwoyo Mutukuvu n'agamba nti, Munjawulire Balunabba ne Sawulo olw'omulimu gwe mbayitidde.**

**Awo Balunabba ne Sawulo ne batumibwa Mwoyo Mutukuvu okugenda e Serukiya, gye baava ne bawunguka okulaga e Kupulo. (Ebikolwa 13:2, 4)**

**ALONDA ABAWEEREZA BAAYO:**

**Mwekumenga era mukuumenga n'ekisibo kyonna Mwoyo Mutukuvu mwe yabateeka okuba abalabirizi okulabiriranga Ekkanisa ya Katonda gye yeegulira n'omusaayi gwe. (Ebikolwa 20:28)**

**AFUKA MAFUTA KU BABUULIZI BAAYO:**

**Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu. (1 Abakolinso 2:4)**

**ALUŊŊAMYA OKUSALAWO KWA YO:**

**Kubanga kwe kuteesa kwa Mwoyo Mutukuvu, era naffe, nga tekisaanira kubatikka migugu gya bwereere egiteetaagibwa, wabula musaana okugoberera bino. (Ebikolwa 15:28)**

**AGIBATIZA MU MAANYI:**

**Awo olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka bonna baali bakuŋŋaanidde mu kisenge kimu.**

**Amangwago okuwuuma, nga kuli ng'empewo ey'amaanyi ennyo ekunta, ne kuva mu ggulu, ne kujjula mu nnyumba yonna mwe baali batudde.**

**Ku buli omu ne kutuulako ennimi ng'ez'omuliro.**

**Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa 2:1-4)**

**ABAKKIRIZA**

Omwoyo Omutukuvu akola omulimu ogw'amaanyi mu bulamu bw'abakkiriza:

ALUMIRIZA:

Mwoyo Mutukuvu y'alumiriza ekibi okusembeza abasajja n'abakazi eri Yesu. Wali toyinza kufuuka mukkiriza awatali buweereza bwa Mwoyo Omutukuvu:

> **Ye bw'alijja, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu n'olw'omusango.**
>
> **Kubanga tebanzikkiriza.**
>
> **Olw'obutuukirivu kubanga ŋŋenda eri Kitange era temukyandaba.**
>
> **N'olw'omusango, kubanga omufuzi w'ensi eno asaliddwa omusango. (Yokaana 16:8-11)**

**AZZA BUGGYA:**

Omwoyo Omutukuvu akyusa obulamu bwo bw'ofuuka omukkiriza:

> **N'atulokola, si lwa bikolwa eby'omu butuukirivu bye twakola, wabula olw'okusaasira kwe mu kunaazibwa okw'okuzaalibwa okw'omulundi ogwokubiri n'okufuulibwa abaggya olwa Mwoyo Mutukuvu. (Tito 3:5)**
>
> **Yesu n'amuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwakubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda."**
>
> **Nikodemo n'amuddamu nti, "Omuntu ayinza atya okuzaalibwa bw'aba nga muntu mukulu? Ayinza okuyingira mu lubuto lwa nnyina omulundi ogwokubiri, n'azaalibwa?"**
>
> **Yesu kwe kumuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, Okuggyako ng'omuntu azaaliddwa amazzi n'Omwoyo tasobola kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.**
>
> **Ekizaalibwa omubiri kiba mubiri, n'ekizaalibwa Omwoyo kiba mwoyo.**
>
> **Noolwekyo teweewuunya kubanga nkugambye nti kibagwanira okuzaalibwa omulundi ogwokubiri. (Yokaana 3:3-7)**

**ATUKUZA:**

Omwoyo Omutukuvu atwala obulamu buno obukyusiddwa olw'okulokolebwa era n'ayamba mu kubeera abatuukirivu:

> **Naye kitugwanidde okwebazanga Katonda ennaku zonna ku lwammwe, abooluganda abaagalwa mu Mukama waffe, kubanga Katonda yabalondera obulokozi okuva ku lubereberye, ng'abatukuza olw'okukola kw'Omwoyo n'okukkiriza amazima. (2 Abasessaloniika 2:13)**

**ABATIZA**

Essuula eyookuna ey'ekitabo kino ekwata kubatizibwa Omwoyo Omutukuvu:

> **Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa 2:4)**

**ABEERA MU GGWE:**

Obukulu bw'okubeerawo kwe okwomunda kwe kunyweza embala empya efunibwa olw'okulokolebwa:

> **Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye Yeekaalu ya Mwoyo Mutukuvu Katonda gwe yabawa, era n'emibiri gyammwe si gyammwe ku bwammwe? (1 Abakolinso 6:19)**
>
> **Temumanyi nti mmwe muli yeekaalu ya Katonda era nga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe? (1 Abakolinso 3:16)**
>
> **Noolwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga bigenze, laba ng'afuuse muggya. (2 Abakolinso 5:17)**
>
> **Mbagamba nti, mutambulirenga mu Mwoyo, mu ngeri yonna, mulemenga kutuukiriza kwegomba kwa mubiri.**
>
> **Kubanga okwegomba kw'omubiri kulwanagana n'Omwoyo, n'Omwoyo n'alwanagana n'omubiri; kubanga bino byombi bikontana, mulemenga okukola bye mwagala. (Abaggalatiya 5:16-17)**

Mu nsi ey'omubiri, ng'omuntu amaze okusulako mu nju okumala ekiseera ekigere kiraga bulungi embala y'omuntu oyo. Mu ngeri y'emu, ennyumba zaffe ez'omwoyo zirina okwolesa embala eya Mwoyo Mutukuvu abeera mu yo.

**ANYWEZA:**

> **Nsaba Katonda oyo akola eby'ekitalo era agulumizibwa, agumyenga era anywezenga omuntu wammwe ow'omunda, olw'Omwoyo we. (Abaefeeso 3:16)**

**AGATTA:**

Omwoyo Omutukuvu afuula omukkiriza omu ne Katonda n'abakkiriza abalala. Kino ky'ekiyitibwa "obumu" obw'omwoyo:

> **Naye eyeegatta ne Mukama waffe bafuuka omu mu mwoyo. (1 Abakolinso 6:17)**
>
> **Kuba omubiri nga bwe guli ogumu, ne guba n'ebitundu bingi, ate ebitundu byonna ne byegatta ne biba omubiri gumu, kale, ne Kristo bw'ali bw'atyo.**

**Bwe tutyo ffenna twabatizibwa mu Mwoyo omu, ne tufuuka omubiri gumu, oba Bayudaaya, oba baamawanga, oba baddu, oba ba ddembe, era ne tunywa ku Mwoyo oyo omu. (1 Abakolinso 12:12-13)**

**YEEGAYIRIRA:**

**N'Omwoyo bw'atyo atubeera mu bunafu bwaffe. Tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira, naye Omwoyo yennyini atwegayiririra n'okusinda okutayogerekeka. (Abaruumi 8:26)**

**Kubanga ebitonde tebyafugibwa butaliimu nga byeyagalidde, wabula ku bw'oyo eyabifugisa, mu kusuubira. (Yuda 20)**

**nga musabirириranga mu ssaala zonna nga mwegayiririranga mu mwoyo buli kiseera. Mwekuumenga nga mugumiikirizanga, era nga mwegayiririranga abatukuvu, be bantu bonna aba Katonda. (Abaefeeso 6:18)**

**ALUɧɧAMYA:**

**Naye Omwoyo ow'amazima, bw'alijja alibaluŋŋamya mu mazima gonna, kubanga, taliyogera ku bubwe, wabula anaabategeezanga ebyo by'awulira. Anaababuuliranga ebigenda okubaawo. (Yokaana 16:13)**

**kubanga abo bonna abakulemberwa Omwoyo wa Katonda be baana ba Katonda. (Abaruumi 8:14)**

**AYOLESA OKWAGALA:**

Omwoyo Omutukuvu alaga okwagala kwa Kristo eri abakkiriza okuyita mu kukkiriza:

**Era essuubi teritukwasa nsonyi kubanga Katonda atuwadde Mwoyo Mutukuvu ajjuza emitima gyaffe okwagala kwe. (Abaruumi 5:5)**

**AKYUSA MU KIFAANANYI KYA KRISTO:**

Omwoyo Omutukuvu akyusa omukkiriza eri ekifaananyi kya Kristo:

**Kaakano ffe ffenna, amaaso gaffe nga gabikuddwa, ekitiibwa kya Katonda kyakaayakana mu ffe ng'endabirwamu emulisa ekitiibwa kye ne tukyusiibwa okumufaanana okuva mu kitiibwa okutuuka mu kitiibwa, ekiva eri Mukama waffe, Mwoyo. (2 Abakolinso 3:18)**

**ABIKKULA AMAZIMA:**

**Naye ffe Katonda yabitubikkulira mu Mwoyo, kubanga Omwoyo anoonyereza ebintu byonna, n'eby'omunda ennyo ebya Katonda. (1 Abakolinso 2:10)**

**ASOMESA:**

**Kyokka okufukibwako amafuta kwe mwafuna okuva gy'ali kwali mu mmwe, noolwekyo temwetaaga muntu kubayigiriza. Wabula Mwoyo Mutukuvu y'abayigiriza buli kimu, era w'amazima si wa bulimba, kale mubeerenga mu ye nga bwe yabayigiriza. (1 Yokaana 2:27)**

**AKAKASA OBULOKOZI:**

**Omwoyo yennyini akakasiza wamu n'omwoyo waffe nga bwe tuli abaana ba Katonda. (Abaruumi 8:16)**

**Kale oyo agondera ebiragiro bye abeera mu Ye, era naye abeera mu ye. Kino tukimanyi ng'ali mu ffe, kubanga Mwoyo Mutukuvu gwe yatuwa abeera mu ffe. (1 Yokaana 3:24)**

**AWA EDDEMBE:**

**Kubanga etteeka ery'Omwoyo aleeta obulamu mu Kristo Yesu, lyannunula okuva mu tteeka ly'ekibi n'okufa. (Abaruumi 8:2)**

**Kale nno Mukama ye Mwoyo, era buli Omwoyo wa Mukama w'abeera, wabaawo eddembe. (2 Abakolinso 3:17)**

**AGUMYA:**

**Mu kiseera ekyo Ekkanisa n'eba n'emirembe mu Buyudaaya, ne mu Ggaliraaya ne mu Samaliya; ne yeeyongera mu maanyi ne mu muwendo gw'abantu abakkiriza. Ne bayiga okutya Mukama, era Mwoyo Mutukuvu n'abasanyusanga. (Ebikolwa 9:31)**

**Mwoyo ow'Amazima ensi gwe teyinza kufuna, kubanga temulaba era temumanyi. Naye mmwe mumumanyi kubanga abeera nammwe, era anaabeeranga mu mmwe.**

**Naye Omubeezi, Mwoyo Mutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, bw'alijja alibayigiriza ebintu byonna era alibajjukiza byonna bye nabagamba. (Yokaana 14:17, 26)**

**AFUULA MULAMU:**

**Era obanga Omwoyo w'oyo eyazuukiza Yesu okuva mu bafu abeera mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo mu bafu, alifuula emibiri gyammwe egifa okuba emiramu ku bw'Omwoyo we abeera mu mmwe. (Abaruumi 8:11)**

**AYOGERA:**

**Bwe balibakwata ne babawaayo, temweraliikiriranga kya kuwoza. Kye munaaweebwanga okwogera mu kiseera ekyo kye munaayogeranga kubanga si mmwe muliba mwogera wabula Mwoyo Mutukuvu y'aliba ayogerera mu mmwe. (Makko 13:11)**

**AYOLESA AMAANYI GA KATONDA:**

**Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu.**

**Okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 2:4-5)**

**ALUɧɧAMYA OKUSINZA:**

> **Kubanga Katonda Mwoyo n'abo abamusinza kibagwanira okumusinza mu mwoyo ne mu mazima. (Yokaana 4:24)**

**AWA AMAANYI AG'OKUJULIRA:**

Amaanyi g'okujulira ky'ekyoleka ekituufu oyo aba abatiziddwa Omwoyo Omutukuvu:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

**AWA EBIRABO ERA AKULAKULANYA EKIBALA:**

Omwoyo Omutukuvu awa ebirabo by'omwoyo eri abakkiriza. Buno bwe busobozi obw'enjawulo obumuyamba okukola ebituukiridde ng'ekitundu ku kkanisa. Era Omwoyo Omutukuvu akuza ekibala ky'omwoyo ekiri mu bulamu bw'omukkiriza. Ekibala eky'omwoyo kitegeeza embala eya Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bw'omukkiriza. Olw'omugaso gwabyo, ekibala n'ebirabo eby'omwoyo Omutukuvu binnyonnyoddwa mu ssuula ey'enjawulo.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Leeta obukulu bwa Mwoyo Mutukuvu butaano (5) obukwatagana n'eggwanga lya Isirayiri.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
3. Enjogera eno ntuufu oba nkyamu? Omwoyo Omutukuvu yali kitundu ku kutondebwa kw'ensi.
   Enjogera eno……………………………………………………………………………………………………………………
4. Wandiika ennamba etuukana n'ebigambo ebinnyonnyoddwa

**Obukulu bwa Mwoyo Omutukuvu eri ebyawandiikibwa.**

| | |
|---|---|
| _________ Okumulisa. | 1. Yayogera n'abantu abawandiisi b'ekigambo kya Katonda |
| _________ Okubikkulirwa. | 2. Obuweereza bwa Mwoyo Omutukuvu okuyamba abantu okutegeera enjiri. |
| _________ Okuluŋŋamya. | 3. Mwoyo yaluŋŋamya abawandiisi okuleeta obubaka obutuukiridde. |

5. Leeta ekyawandiikibwa ekijuliza nga kinnyonnyola obukulu bwa Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bw'omwoyo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu bwe buliwa obukwata ku Sitaani?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Essuula ereese obukulu bwa Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bwa Yesu Kristo. Bumeka ku bwo bw'oyinza okuleeta?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Essuula eno ennyonnyodde obukulu bwa Mwoyo Mutukuvu eri ekkanisa obw'enjawulo. Bumeka bw'oyinza okuwa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
9. Essuula eno yannyonnyodde obukulu bwa Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bw'omukkiriza bwa mirundi amakumi abiri (20). Gwe oyinza kuwaayo bimeka?

…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………

10. Kiki ekiraga ekituufu nti omuntu abatiziddwa Omwoyo Omutukuvu?

…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma ebitundu bya Baibuli bino wammanga weeyongere okuyiga ku buweereza bwa Mwoyo Mutukuvu eri eggwanga lya Isirayiri:
   Oluberyeberye 4:38
   Okubala 11:17, 11:25, 27:18
   Ekyabalamuzi 3:10, 6:34, 11:29, 14:6, 19, 15:14-15
   1 Samwiri 10:10, 11:6, 16:13
   1 Basekabaka 18:12
   2 Basekabaka 2:15-16
   Ezekyeri 2:2
   Daniel 4:9, 5:11, 6:3
   Mikka 3:8
   2 Ebyomumirembe 15:1, 24:20
2. Weekaanye obukulu bwa Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bw'omukkiriza. Okkiriza Omwoyo Mutukuvu okuweereza mu buli kintu eky'obulamu bwo?
   ________________________________________________________________________________
   ________________________________________________________________________________
   ________________________________________________________________________________
3. Wekkaanye obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu eri ekkanisa. Lowooza ku kkanisa mw'okuŋŋaanira. Bintu ki bye bakkiriza Omwoyo Omutukuvu okuweereza? Bintu ki ebyetaaga okulongoosaamu?
   ________________________________________________________________________________
   ________________________________________________________________________________
   ________________________________________________________________________________

# ESSUULA EYOOKUNA

## OKUBATIZIBWA OKWA MWOYO MUTUKUVU

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola okubatiza.
- Okuzuula ebyawandiikibwa bisatu ebiraga ekyaliwo omuntu bwe yafunanga okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu .
- Okunnyonnyola engeri y'okufunamu okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu.
- Okuzuula akabonero akookungulu akalabika akalaga okubatizibwa Omwoyo Omutukuvu.
- Okunnyonnyola ekiraga ekituufu eky'okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu.
- Okuleeta okuluŋŋamizibwa kw'okufuna okubatizibwa kw'omwoyo Omutukuvu.
- Okufuna okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu.
- Okuleetayo ebiwanuuzibwa ebikulu bina abantu bye batera okuba nabyo ku kubatizibwa kw'omwoyo Omutukuvu.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

### ENNYANJULA

Baibuli eyogera ku kubatizibwa kwa mirundi ena:

1. Okubatizibwa kw'okubonaabona Yesu kwe yayitamu.
2. Okubatizibwa mu mazzi okwakolebwa Yokaana omubatiza.
3. Okubatizibwa kw'abakristaayo mu mazzi.
4. Okubatizibwa kwa Mwoyo Omutukuvu.

Essuula eno efuddeyo nnyo ku kubatizibwa kwa Mwoyo Omutukuvu (Okubatizibwa okulala okw'emirundi essatu kunnyonnyoddwa mu lusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa "Emisingi gy'okukkiriza")

### OKUNNYONNYOLA

Ekigambo "kubatiza" kitegeeza okwennyikira ddala oba okwetutubika mu kintu.

### EKISUUBIZO KY'OKUBATIZIBWA

Oluvannyuma lw'okuzuukira nga tannaddayo mu ggulu, Yesu ye yawa ebiragiro eri abagoberezi be:

**Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu. (Lukka 24:49)**

Ekisuubizo Yesu kyeyagamba Yesu kyali kya Mwoyo Mutukuvu:

**Nange ndisaba Kitange n'abawa Omubeezi omulala anaabeeranga nammwe emirembe n'emirembe.**

**Mwoyo ow'Amazima ensi gwe teyinza kufuna, kubanga temulaba era temumanyi. Naye mmwe mumumanyi kubanga abeera nammwe, era anaabeeranga mu mmwe.**

**Siribaleka nga bamulekwa, ndikomawo gye muli. (Yokaana 14:16-18)**

Kino tekyali kisuubizo kipya. Ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu kyali kyasuubizibwa dda mu ndagaano enkadde:

**Weewaawo, Katonda alyogera eri abantu abo n'emimwa emigenyi mu lulimi olugwira.**

**Abo be yagamba nti, Kino kye kifo eky'okuwummuliramu eri oyo akooye, era kye kifo eky'okuwerera naye ne bagaana okuwuliriza. (Isaaya 28:11-12)**

**Awo olulituuka oluvannyuma lw'ebyo, ndifuka Omwoyo wange ku bantu bonna... (Yoweeri 2:28)**

## OBUKAKAFU BW'OMWOYO OMUTUKUVU

Nga bwe wayize mu ssuula ewedde, Omwoyo Omutukuvu alina omugaso munene mu bulamu bw'abakkiriza. Ekimu ku bukulu bwa Mwoyo Mutukuvu obusinga kwe kufuula omukristaayo ow'amaanyi mu kubuulira enjiri:

**Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Ekiraga okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu ekituufu kyalabikirawo mu bulamu bw'omutume Peetero. Ng'olunaku lwa Pentekooti terunnatuuka yali yaakamala okwegaana Yesu nti amumanyi mu kutya okungi. Oluvannyuma lw'okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu, Peetero yayimirira n'alaga amaanyi g'okubuulira enjiri ekyaviirako abantu enkumi essatu (3000) okulokoka.

Gaali maanyi ga Mwoyo Mutukuvu mu kkanisa eyasooka agaaviirako okubuulira enjiri mu nsi yonna. Ekitabo kya Ebikolwa by'Abatume ky'ekiraga okujulira kuno okw'amaanyi okw'okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu.

**OKUBATIZIBWA MU MWOYO OMUTUKUVU**

Mu ndagaano empya mulimu ebitundu musanvu omukozesebwa ekigambo “okubatizibwa” ekikozesebwa okulaga Omwoyo Omutukuvu. Ebina ku byo bigambo bya Yokaana omubatiza ebiragibwa mu njiri:

> **Nze mbabatiza na mazzi okutuuka ku kwenenya, naye waliwo omulala ajja, oyo ye ansinga amaanyi era sisaanira na kukwata ngatto ze, oyo alibabatiza ne Mwoyo Mutukuvu n’omuliro. (Matayo 3:11)**
>
> **Nze mbabatiza na mazzi, naye ye alibabatiza na Mwoyo Mutukuvu. (Makko 1:8)**
>
> **Yokaana n’addamu bonna ng’agamba nti, “Nze mbabatiza na mazzi, naye waliwo ajja, alina obuyinza okunsinga, n’okusaanira sisaanira na kusumulula lukoba lwa ngatto ze. Oyo alibabatiza n’omuliro ne Mwoyo Mutukuvu. (Lukka 3:16)**
>
> **n’abagamba nti, “Nze saamutegeera, kyokka Katonda bwe yantuma okubatiza yaŋŋamba nti, ‘Bw’olabanga Mwoyo Mutukuvu ng’akka n’abeera ku muntu, nga oyo, ye Kristo abatiza ne Mwoyo Mutukuvu. (Yokaana 1:33)**

Yesu yayogera ku kubatizibwa okwa Mwoyo Omutukuvu:

> **Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mujja kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu mu nnaku si nnyingi. (Ebikolwa 1:5)**

Peetero bwe yayogera ku byali mu maka ga Koloneeriyo, yajuliza ebigambo bya Yesu:

> **Awo ne nzijukira ebigambo bya Mukama waffe bwe yagamba nti, ‘Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mulibatizibwa na Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 11:16)**

Paulo era yakozesa ekigambo “okubatiza” okukwata ku Mwoyo Omutukuvu:

> **Bwe tutyo ffenna twabatizibwa mu Mwoyo omu, ne tufuuka omubiri gumu, oba Bayudaaya, oba baamawanga, oba baddu, oba ba ddembe, era ne tunywa ku Mwoyo oyo omu. (1 Abakolinso 12:13)**

Okukozesa enjogera ya “okubatizibwa mu” Mwoyo Omutukuvu ky’ekimu n’ekikozesebwa ku kubatizibwa kw’abakristaayo mu mazzi. Mu nkola zombi, okubatizibwa ky’ekyo ekikakasa eky’okungulu ku ekyo ekikolebwa omwoyo munda.

Omwoyo Omutukuvu yaweebwa mu kiseera ky’okukuza ekijjulo ekiyitibwa ekya Pentekooti. Noolwekyo, okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu kuyitibwa, “Ensisinkano eya Penteekooti ate ekiseera ky’okuweebwa Omwoyo kiyitibwa, “Olunaku lwa Pentekoti.”

Omwoyo Omutukuvu yakka okuva mu ggulu ne yennyika (n’abatiza) abakkiriza abaali bakuƞƞaanidde mu kisenge ekya waggulu mu Yerusaalemu. Baamulindirira oba “beekuumirawo” nga balindirira okujja kwe nga bwe baali balagiddwa Yesu. Peetero yagamba nti ensisinkano eno yali etuukiriza ekyo Katonda

kye yasuubiza “mu nnaku envannyuma, nja kufuka Omwoyo gwange mu mibiri gyonna.” Ekisuubizo kino kyaweebwa nnabbi Yoweeri:

> **Awo olulituuka oluvannyuma lw’ebyo, ndifuka Omwoyo wange ku bantu bonna. Batabani bammwe ne bawala bammwe balitegeeza eby’omu maaso; abakadde baliroota ebirooto, n’abavubuka bammwe balyolesebwa.**
>
> **Mu biro ebyo ndifuka Omwoyo wange ku baweereza bange abasajja n’abakazi. (Yoweeri 2:28-29)**

Abasajja n’abakazi, abato n’abakulu bonna baali kitundu ky’okuyiibwako Omwoyo Omutukuvu. Baalina okulagula, okuloota ebirooto, okulaba okwolesebwa. Omwoyo wa Katonda yali wa kuwa maanyi abaweereza be (abasajja) n’abayambi baabwe (abakazi). Olunaku Omwoyo Omutukuvu lwe yaweebwa, Peetero yagamba:

> **Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu.**
>
> **Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe n’eri abaana bammwe, n’eri bonna abali mu nsi ezeewala abalikoowoola Mukama Katonda waffe. (Ebikolwa 2:38-39)**

Ekigambo kya Peetero kyalaga nti ekisuubizo kya Mwoyo Omutukuvu, kyali:

- Ekisuubizo ky’eggwanga: Gye muli (abantu Abayudaaya)
- Ekisuubizo ky’amaka: Abaana bo.
- Ekisuubizo ekya buli muntu: Eri bonna abali ewala.

**AKABONERO AKALABIKA**

Omwoyo Omutukuvu tasobola kulabibwa na maaso. Yesu yamugeraageranya mu kibuyaga:

> **Empewo ekuntira gy’eyagala, n’owulira okuwuuma kwayo, naye tomanya gy’eva newaakubadde gyegenda; bw’atyo bw’abeera omuntu yenna azaalibwa Omwoyo. (Yokaana 3:8)**

Wadde nga kibuyaga talabika, ebimuvaamu birabibwako oba okuwulirwa. Kibuyaga bw’akunta enfuufu esituka okuva ku ttaka, emiti gyewunzikira ku luuyi lumu, ebikoola byewuuba, amayengo g’ennyanja gawuuma, n’ebire bitambulira mu bbanga. Bwonna bubonero bwa mpewo obulabika. N’olwekyo bwe kiri ne ku Mwoyo Omutukuvu. Wadde nga talabibwa, ebyo ebimuvaamu bisobola okulabibwa n’okuwulirwa.

Mu ndagaano empya mulimu ebifo bisatu mwe tubuulirwa ku byaliwo abantu bwe baabatizibwa Omwoyo Omutukuvu:

1. **OLUNAKU LWA PENTEKOOTI:**

Ebikolwa 2:2-4, alaga ebyaliwo ku lunaku lwa Pentekooti:

**Amangwago okuwuuma, nga kuli ng'empewo ey'amaanyi ennyo ekunta, ne kuva mu ggulu, ne kujjula mu nnyumba yonna mwe baali batudde.**

**Ku buli omu ne kutuulako ennimi ng'ez'omuliro.**

**Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa 2:2-4)**

**2. ENNYUMBA YA KOLONEERIYO:**

Ebikolwa 10:44-46, alaga ekyabaawo Peetero bwe yabuulira enjiri eri omusajja ayitibwa Koloneeriyo n'abenju ye:

**Awo Peetero bwe yali akyayogera ebigambo ebyo, Mwoyo Mutukuvu n'akka ku abo bonna abali bawuliriza ekigambo.**

**Abakkiriza abakomole bangi abaawerekera ku Peetero ne beewuunya nnyo okulaba ng'ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu kifukibbwa ne ku baamawanga.**

**Kubanga baabawulira nga boogera mu nnimi endala nga batendereza Katonda. (Ebikolwa 10:44-46)**

**3. ABAKKIRIZA B'E EFEESO:**

Ebikolwa 19:6, annyonnyola ekyabaawo ku kibinja ekyasooka okukkiriza mu Efeeso:

**Pawulo bwe yabassaako emikono gye, Mwoyo Mutukuvu n'abakkako, ne batandika okwogera ennimi endala era n'okuwa obunnabbi. (Ebikolwa 19:6)**

## AKABONERO KA BULIJJO: ENNIMI

Nga bwe tugeraageranya ebitundu bino, waliwo akabonero kamu akalabikira mu byonna ebisatu: Abo abaafuna okubatizibwa kwa Mwoyo Omutukuvu baayogerera mu nnimi endala. Obubonero obulala obwa Mwoyo Omutukuvu obwogerwako, naye tewali ku bwo keeyoleka mu bitundu byonna ebisatu.

Ku lunaku lwa Pentekooti, waaliwo eddoboozi lya kibuyaga akunta era n'ennimi z'omuliro ezaalabika. Bino tebyalagibwa mu bitundu ebirala. Mu Efeeso abaali baakakkiriza baalagula. Ate kino tekyogerwako mu byaliwo ku lunaku lwa Pentekooti oba mu nju ya Koloneeriyo.

Akabonero akamu akookungulu abatume ke baalaba mu nju ya Koloneeriyo kaali nti baayogerera mu nnimi. Akabonero kano akalabika kaalaga abayigirizwa nti ab'enju baali babatiziddwa mu Mwoyo Mutukuvu. Okusinziira ku bitundu bya Baibuli bino tuwunzika tugamba nti akabonero akookungulu ak'okwogerera mu nnimi okuyita mu maanyi ga Mwoyo Mutukuvu kikakasa nti omuntu aba abatiziddwa mu mwoyo Omutukuvu.

Akabonero "ak'ennimi" kasobola okuba ak'ennimi ezimanyiddwa omuntu. Kino ky'ekyabaawo ku lunaku lwa Pentekooti:

> **Ne bawuniikirira ne beewuunya ne bagamba nti, “Bano bonna aboogera si Bagaliraaya?**
>
> **Kale lwaki tuwulira buli muntu olulimi lw’ewaffe gye twazaalibwa? (Ebikolwa 2:7-8)**

Ennimi era zisobola okubeera olulimi olutamanyiddwa muntu. Kino ky’ekiyitibwa ennimi ezitamanyikiddwa:

> **Kubanga ayogera mu nnimi tayogera n’abantu, wabula ayogera na Katonda. Kubanga tewali n’omu ategeera by’agamba. Aba ayogera bya kyama mu Mwoyo. (1 Abakolinso 14:2)**

## OBUKULU BW’ENNIMI

Akabonero k’ennimi akaafunibwa oluvannyuma lw’okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu kukulu nnyo mu bulamu bw’omukkiriza. Gendako mu 1 Abakolinso 14 mu Baibuli yo. Buno bwe bukulu bw’ennimi:

- Ssaala eri Katonda: Olunyiriri 2.
- Okweteereza ng’omuntu: Okwezimba wekka n’okwongera okumanya kwo okw’omwoyo: Olunyiriri 4
- Bwe zivvuunulwa zitereeza ekkanisa: Olunyiriri 12-13
- Okwegayirira: Olunyiriri 14 (Laba Abaruumi 8:26-27)
- Kabonero eri abatakkirizanga: Olunyiriri 22
- Okutuukiriza obunnabbi: Olunyiriri 21 (Laba Isaaya 28:11-12)
- Ettendo: Ennyiriri 15, 17.

## EBIWANUZIBWA KU NNIMI

Abantu abamu bawanuuza ku ky’okwogera mu nnimi. Bino by’ebimu ku biwanuuzibwa:

**BULI MUKRISTAAYO ALINA OMWOYO OMUTUKUVU:**

Ekisinga okuwanuuzibwa kye kino nti buli mukristaayo afuna Omwoyo Omutukuvu bw’akyusibwa. Aba teyeetaagayo nsisinkano ndala yonna okufuna okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu. Naye weeyambise ekyokulabirako ky’abantu b’endagaano empya abaali abakkiriza abatuufu. Abatume baali beenenyezza ebibi byabwe nga bakkiriza Yesu nga ye Masiya. Bonna baali balabye ku byaliwo era nga bakkiriza amazima g’okufa kwe, okuziikibwa, okuzuukira. Yesu yagamba abagoberezi be:

> **Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu. (Lukka 24:49)**

Era yagamba:

> **Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mujja kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu mu nnaku si nnyingi. (Ebikolwa 1:5)**

Yasuubiza ensisinkano y’okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu ku lunaku lwa Pentekooti:

> **Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa 2:4)**

Wadde ng'abatume baali bafuuse bakristaayo, baamala kutuuka ku lunaku lwa Pentekooti ne bajjuzibwa ne babatizibwa Mwoyo Mutukuvu. Abantu b'e Samaliya baawulira enjiri ng'ebuuliddwa. Bakkiriza era ne babatizibwa mu mazzi, naye baali tebafunye Mwoyo Mutukuvu:

> **Awo abatume abaali mu Yerusaalemi bwe baawulira ng'abantu mu Samaliya bakkirizza ekigambo kya Katonda, ne babatumira Peetero ne Yokaana.**
>
> **Bwe baatuuka ne basabira abakkiriza bano abaggya bafune Mwoyo Mutukuvu,**
>
> **Kubanga yali tannaba kubakkako, kubanga baali babatizibbwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu kyokka.**
>
> **Awo Peetero ne Yokaana ne bassa emikono gyabwe ku bakkiriza abo, ne bafuna Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 8:14-17)**

Abantu b'e Samaliya baalokola olw'obuweereza bwa Firipu. Baafuna Mwoyo Mutukuvu okuyitira mu buweereza bwa Peetero ne Yokaana. Okufuna Mwoyo Mutukuvu yali nsisinkano yanjawulo ku kufuna obulokozi.

Ebikolwa 19:1-6 annyonnyola engeri Paulo gye yagenda mu kibuga ky'e Efeeso n'asisinkana abantu abayitibwa "Abayigirizwa." Ekibuuzo Paulo kye yasooka okubuuza, "Mwafuna Omwoyo Omutukuvu bwe mwakkiriza?"

Abantu singa baali baafuna Omwoyo Omutukuvu lwe baalokoka kyandibadde kya busirusiru Paulo okubabuuza ekibuuzo kino. Olw'okuba nti yakibuuza, kitegeeza nti abantu bakkiriza ne batafuna kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Omuntu ne bwafuna Omwoyo Omutukuvu ebiseera byonna akyusibwa, eba nsisinkano ndala ey'enjawulo ku kulokoka.

Nga bwe wayizeeko, obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu busobola okulabibwa okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi. Endagaano enkadde eyogera ku Mwoyo Omutukuvu alijja eri abakulembeze ba Isirayiri ab'omwoyo. Omwoyo Omutukuvu era akolera mu bulamu bw'omwonoonyi okusobola okumusembeza eri Kristo.

Naye obuweereza buno obwa Mwoyo Mutukuvu bwanjawulo ku kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Yesu kino yakitangaaza bwe yagamba:

> **Mwoyo ow'Amazima ensi gwe teyinza kufuna, kubanga temulaba era temumanyi. Naye mmwe mumumanyi kubanga abeera nammwe, era anaabeeranga mu mmwe. (Yokaana 14:17)**

Mwoyo Mutukuvu yali n'abayigirizwa mu kiseera ekyo, naye nga tali mu bo, bajjuzibwa (baabatizibwa) ne Mwoyo Mutukuvu ku lunaku lwa Pentekooti.

Omwoyo Omutukuvu ali n'omwonoonyi okumusembeza eri Yesu Kristo. Naye kino si ky'ekimu n'okuba mu ye.

Mu biro by'endagaano enkadde amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu gakkanga ku bakulembeze b'omwoyo mu biseera eby'enjawulo. Mu ndagaano empya amaanyi gano gaaweebwayo eri abakkiriza nga ga lubeerera.

Omwoyo Omutukuvu yali n'abakulembeze b'omwoyo ab'endagaano enkadde. Naye teyali mu bo. Eno y'enjawulo eri wakati w'endagaano enkadde n'empya mu buweereza obwa Mwoyo Mutukuvu.

**BONNA BOOGERERA MU NNIMI?**

Ekiwanuuzibwa ku nnini ekirala kijja okuyitira mu butakkaanya ku kibuuzo ky'omutume Paulo. Mu 1 Abakolinso 12:30, abuuza "bonna boogerera mu nnimi?" Ekiddibwamu kiri "NEDDA," bonna teboogerera mu nnimi. Naye Paulo kyayogerako si kwe kuba ng'obatiziddwa n'Omwoyo Omutukuvu. Ebinnyonnyolwa bikwata ku birabo ebya Mwoyo Mutukuvu ebiyinza okukozesebwa abakkiriza mu kkanisa:

> **Kale mwenna awamu muli mubiri gwa Kristo, era buli omu ku mmwe kitundu kyagwo.**
>
> **Era abamu Katonda yabateekawo mu kkanisa: abasooka be batume, abookubiri be bannabbi, n'abookusatu be bayigiriza, ne kuddako abakola eby'amagero, ne kuddako abalina ebirabo eby'okuwonya endwadde, n'okuyamba abali mu kwetaaga, abakulembeze, era n'aboogezi b'ennimi. (1 Abakolinso 12:27-28)**

Paulo ayogera ku birabo ebiyinza okukozesebwa abali mu kkanisa. Ekimu ku birabo bya Mwoyo Omutukuvu kiri, "Ennimi ez'enjawulo." Bwaali busobozi obw'okuwa obubaka obw'enjawulo eri ekkanisa mu nnimi olw'amaanyi aga Mwoyo Mutukuvu.

Wadde buli omu afuna akabonero ak'ennimi bw'abatizibwa ne Mwoyo Mutukuvu, si buli omu nti afuna ekirabo ky'okwogera mu nnimi ez'enjawulo (Ensonga eno eyongera okunnyonnyolwa mu ssuula eyoomwenda)

**OKUTYA:**

Abakkiriza abamu tebanoonya kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu kubanga batya okutuuka mu nsisinkano eteri ya Katonda. Naye Baibuli egamba:

> **Musabe, munaaweebwa. Munoonye, munaazuula. Era mukonkone munaggulirwawo.**
>
> **Kubanga buli asaba aweebwa, n'oyo anoonya, azuula, n'oyo akonkona aggulirwawo."**
>
> **Oba muntu ki mu mmwe singa omwana we amusaba omugaati, ayinza okumuwa ejjinja?**
>
> **Oba singa asabye ekyennyanja, kitaawe ayinza okumuwa omusota?**

**Obanga mmwe abantu ababi musobola okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, Kitammwe ali mu ggulu talisingawo okubawa ebirungi bye mumusaba? (Matayo 7:7-11)**

Omukkiriza bw'asaba Katonda ekintu kyonna, nga taata omulungi mu nsi, Katonda tajja kumuganya kufuna kintu kyonna ekiyinza okumutuusaako obulabe.

EKYO KY'OWULIRA:

Ekiwanuuzibwa ku nnimi ekirala ky'ekyo ky'oba owulira. Abakkiriza bangi abafuna okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu bakakasa ebyo bye bawulira.

Omuntu kitonde ekikolera ku bwe kiwulira. Okukyusibwa eri Yesu Kristo tekiggyaawo muntu ky'aba awulira. Ajja kusigala ng'awulira essanyu n'ennaku. Okukyusibwa kiyamba kukkakkanya mpulira y'omuntu okwewala ekibi. Kuluŋŋamya empulira eno eri okusinza Katonda.

Ekigambo "Essanyu" ekiri mu byawandiikibwa kikwata ku Mwoyo Omutukuvu. Mu Ebikolwa 13:52 tusoma nti abayigirizwa bajjula essanyu n'omwoyo Mutukuvu. Abantu abamu balaga essanyu ery'amaanyi erijja olw'okubatizibwa Omwoyo Omutukuvu kubanga mu butonde balina empulira zaabwe ekitali ku birala. Baleekaana, baseka oba ne babaako bwe bawulira mu mibiri gyabwe.

Naye bye bakola olw'ekyo kye bawulira si bwe bubonero bw'okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Akabonero akakakasa ke k'okwogera mu nnimi. Ekiraga kino ge maanyi. Kyetaagisa okulaga empulira ez'amaanyi nga okuseka, okuleekaana, okuzina n'ebirala. Okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu. Engeri omuntu gy'alaga kyawulira ku ky'e essanyu kye lireetawo kiba kikwatagana n'ebyo omuntu nga ye byawulira.

Naye temulina kunenya abo abasanyuka okulaga ekyo kye balina olwa Mwoyo Mutukuvu. Baibuli eraga ebyakolebwa olw'ekyali kiwulirwa abo abaalina ensisinkano n'amaanyi ga Katonda. Abantu bakankana, bagwa ne bakakanyala ku ttaka, baleekaana, bajaguza ne bazinira Katonda.

Kinnyuma nnyo okwetegereza abantu bwe baba beeyisa okulaga kye bawulira mu by'emizannyo. Bajja kuwoggana, okuseka, okubuuka wansi ne waggulu, era ne balaga essanyu olw'omuzannyo ogwo. Ate linaaba ssanyu lyenkana ki erinaabaawo ng'ekirabo bw'ekityo ekya Mwoyo Mutukuvu nga kikuweereddwa ekikola ebintu ebingi ennyo mu bulamu bwo, kireeta essanyu ery'amaanyi ne kikuwa n'amaanyi okutuukirira ensi n'enjiri.

Omuwandiisi wa Zabuli Daudi. Aleeta obufaananyi obw'essanyu, okuleekaana, okuwulira mu kusinza Katonda:

**Mujje tuyimbire Mukama; tuyimbire waggulu n'essanyu nga tutendereza Mukama Olwazi olw'obulokozi bwaffe.**

**Tujje mu maaso ge n'okwebaza; tumuyimbire ennyimba ez'okumutendereza.**

**Kubanga Mukama ye Katonda Omukulu; era Kabaka Omukulu asinga bakatonda bonna. (Zabuli 95:1-3)**

**Mumutendereze n'eddoboozi ery'ekkondeere, mumutendereze n'ennanga ey'enkoba n'endere.**

**Mumutendereze n'ebitaasa n'amazina; mumutendereze n'ebivuga eby'enkoba n'endere!**

**Mumutendereze nga mukuba ebitaasa; mumutendereze n'ebitaasa ebivuga ennyo!**

**Buli ekissa omukka kitenderezenga Mukama! Mutendereze Mukama. (Zabuli 150:3-6)**

Tolina kutya nti okubatizibwa mu Mwoyo Mutukuvu kujja kukuleetera okukola ekintu ekitali kituufu oba oleme n'okwefuga. Paulo yagamba nti waliwo ebiseera "by'okusirika" n'obeera "mu mirembe gyo" mu bikwatagana n'okwogerera mu nnimi (1 Abakolinso 14). Teyandyogedde bintu bino singa Omwoyo Omutukuvu y'aleetera abantu okulemererwa okwefuga. Baibuli egamba:

**Abalina omwoyo ogw'obunnabbi bafugibwa bannabbi. (1 Abakolinso 14:32)**

Kino kitegeeza nti buli kirabo Katonda ky'awa kikolera wansi w'amaanyi g'akozesa. Katonda takola nsobi:

**Kubanga Katonda si wa luyoogaano, wabula wa mirembe. Kale nga bwe kiri mu Kkanisa z'abatukuvu zonna. (1 Abakolinso 14:33)**

**OKUFUNA OMWOYO OMUTUKUVU**

Bino wammanga by'ebiruɲɲamya ku ngeri y'okufuna Omwoyo Omutukuvu:

**MWENENYE ERA MUBATIZIBWE:**

**Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 2:38)**

**KKIRIZA NTI KIKYO:**

**Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe n'eri abaana bammwe, n'eri bonna abali mu nsi ezeewala abalikoowoola Mukama Katonda waffe. (Ebikolwa 2:39)**

**KIYAAYANIRE:**

**Awo ku lunaku olw'embaga olusembayo, olusingira ddala obukulu, Yesu n'ayimirira n'ayogera n'eddoboozi ery'omwanguka n'agamba nti, "Buli alina ennyonta, ajje gye ndi anywe!**

**Ng'Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti buli akkiriza Nze emigga egy'amazzi amalamu girikulukuta nga gifuluma mu mutima gwe.**

**Yesu yali ayogera ku Mwoyo Mutukuvu, abamukkiriza gwe baali bagenda okufuna, kubanga Mwoyo oyo yali tannagabibwa, kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa. (Yokaana 7:37-39)**

**KIKKIRIZE NG'EKIRABO:**

Omwoyo Omutukuvu yamala okutuweebwa. Yaweebwa ekkanisa ku lunaku lwa Pentekooti. Kubanga kirabo, tolina ky'osobola kukola okukifuna:

> **...ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 2:38)**
>
> **Kino kyokka kye njagala muntegeeze; mwaweebwa Mwoyo lwa bikolwa eby'amateeka, nantiki lwa kuwulira kwa kukkiriza?**
>
> **Abawa Omwoyo n'abawa n'okukola eby'amaanyi mu mmwe, akola lwa bikolwa by'amateeka oba lwa kuwulira olw'okukkiriza?**
>
> **Kale kaakano amawanga gaweebwe omukisa gwa Ibulayimu, mu Kristo Yesu, tulyoke tuweebwe ekyasuubizibwa eky'Omwoyo olw'okukkiriza. (Abaggalatiya 3:2, 5, 14)**

Tandika okutendereza n'okwebaza Katonda olw'ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu.

**WEEWEEYO ERI KATONDA:**

Waayo olulimi lwo eri Katonda mu kutendereza n'okusinza. Ng'omutendereza mu lwatu, oyinza okusooka okufunamu ku kunanaagira mu kamwa ko. Bwe weeyongera okuwaayo olulimi lwo eri Mwoyo Mutukuvu n'akwogereramu ebigambo ebitali bya kutegeera kwo. Kano ke kabonero akookungulu akakakasa okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu:

**Weewaawo, Katonda alyogera eri abantu abo n'emimwa emigenyi mu lulimi olugwira. (Isaaya 28:11)**

> **Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa 2:4)**

**SABA EBYOKUSABIRA BY'ABAKKIRIZA ABALALA:**

Omwoyo Omutukuvu asobola okufunibwa mu kuteekebwako emikono (Ebikolwa 8, 9, 19) oba awatali kuteekebwako mikono (Ebikolwa 2, 4, 10). Soma essuula zino eziraga engeri abakkiriza abajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu bwe bayinza okukuyamba okufuna okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu.

## OMUGASO GW'ENSISINKANO ENO

Okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu kikuyamba okufuuka omujulirwa ow'obubaka bw'enjiri ow'amaanyi:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**
>
> **Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya.**

**Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:17-18)**

Omwoyo Omutukuvu era awa ebirabo by'omwoyo eby'enjawulo n'akulaakulanya n'ekibala eky'omwoyo ekiri mu bulamu bwo. Ebirabo n'ekibala, bino bitundu ebinnyonnyoddwa mu ssuula ezisigaddeyo mu ssomo lino.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Leeta emitendera omukaaga mw'oyita okubatizibwa Omwoyo Omutukuvu .
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………….
3. Akabonero akookungulu akalabika akalaga okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu ke katya?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Kiki ekituufu ekiraga okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu? Leeta ky'ojulizaamu ekya Baibuli okukakasa kino ky'ozzeemu.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………….
5. Bintu ki ebina ebiwanuuzibwa abantu abamu bye balina ku kabonero "ak'ennimi endala?"
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
6. Ebiwanuuzibwa bino birinako we bikakasibwa mu kyawandiikibwa kyonna?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
7. Ekigambo "okubatizibwa" kitegeeza ki?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………….
8. Leetayo ebyawandiikibwa bisatu ebiraga awagambibwa ebyaliwo abantu bwe baafuna okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Omwoyo Omutukuvu ayogerwako emirundi kinaana mu etaano (85) mu ndagaano enkadde. Nga bw'osoma endagaano enkadde, saza wonna w'olabye Omwoyo Omutukuvu ng'ayogerwako. Essomo lino lijja kukuyamba okutegeera obuweereza bwe nga tonnatuuka mu biro eby'endagaano empya. Bw'oba nga wamaliriza omulimu ogw'endagaano empya ogwakuweereddwa mu ssuula eyookubiri, ojja kufuna okusomesebwa okujjudde ku Mwoyo Omutukuvu okulambiddwa obulungi mu Baibuli yo.

Ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu ky'aweebwa okutuukiriza ebisuubizo ebyaliwo mu biro ebyendagaano enkadde. Soma ku bisuubizo ebya Mwoyo Mutukuvu:

**Endagaano enkadde:**

Isaaya 28:11-12

Yoweeri 2:28-29

Isaaya 44:3

**Endagaano empya:**

Yokaaana 7:38-39, 14:16-18, 15:26, 16:7-11, Ebikolwa 1:4, 5, 8, 2:38-39.

Abaggalatiya 3:14

Lukka 24:49

Ofunye okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu? Bw'oba tonnaba, goberera okuluɧɧamizibwa okukuweereddwa mu ssuula eno okufune.

Wekkaanye obukulu bw'ennimi, obunnyonnyoddwa mu ssuula eno. Bukulu ki ku buno bw'ozudde ng'okozesa ennimi endala?

Wekkaanye ebiwanuuzibwa ku kwogerera mu nnimi ebinnyonnyoddwa mu ssomo lino. Lowooza ku ngeri gy'oyinza okuddamu oyo gw'oyinza okuwulira ng'ayogerera mu ngeri ey'okuwanuuza eno.

# ESSUULA EYOOKUTAANO

## OKWANJULA EBIRABO EBYA MWOYO MUTUKUVU

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola ebirabo eby'omwoyo.
- Okuzuula ensibuko y'ebirabo bino.
- Okwawula wakati w'ebirabo eby'omwoyo ne ttalanta z'omubiri.
- Okunnyonnyola obukulu bw'ebirabo ebyomwoyo.
- Okunnyonnyola ebigendererwa ebiri mu birabo ebyomwoyo.
- Okunnyonnyola engabanya y'ebirabo bino.
- Okuzuula okutyobolebwa kw'ebirabo eby'omwoyo.
- Okuzuula ekisumuluzo ky'okukozesa ebirabo by'omwoyo.
- Okwawula ebirabo by'omwoyo ebituufu ku bukyamu (ebikyupule)

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Abooluganda, ssaagala mmwe obutategeera ebikwata ku birabo ebya Mwoyo. (1 Abakolinso 12:1)**

**ENNYANJULA:**

Yesu yalekera abagoberezi be obuvunaanyizibwa obwokwongerayo obubaka bw'enjiri eri ensonda z'ensi. Amaanyi aga Mwoyo Mutukuvu ge gaali ag'okubasobozesa okutuukiriza omulimu guno:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Yesu teyalekera bagoberezi be mulimu gw'amaanyi bwe gutyo nga tabaweereddeko busobozi obw'okutuukiriza omulimu ogwo. Ebirabo eby'omwoyo bwe busobozi obutali bwa bulijjo obuweebwaayo Omwoyo Omutukuvu okuwa abakkiriza amaanyi agabuulira enjiri etuukiridde.

Essomo erya Mwoyo Mutukuvu ly'eryo Paulo lye yasomesa mu kkanisa eyasooka. Yagamba:

**Abooluganda, ssaagala mmwe obutategeera ebikwata ku birabo ebya Mwoyo. (1 Abakolinso 12:1)**

Essuula eno eyanjula essomo ly'ebirabo eby'omwoyo. Essuula eziddako zijja kukwata nnyo ku birabo by'omwoyo ebiri mu bakkiriza. Okuluŋŋamizibwa nakwo kujja kukuweebwa kukuyambe okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo.

**EBIRABO EBY'OMWOYO KYE KI?**

Ekigambo "Eky'omwoyo" kitegeeza "ekirimu oba ekifugibwa Omwoyo Omutukuvu." Ekirabo ky'ekintu ekikuweebwa obuwa okuva ew'omuntu omulala. Ekirabo eky'omwoyo bwe busobozi obutali bwa bulijja Mwoyo Mutukuvu bw'awa omukkiriza okusobola okuweereza ng'ekitundu ku mubiri gwa Kristo.

Waliwo enjawulo eri wakati "w'ekirabo" ky'omwoyo Omutukuvu n'e "birabo" ebya Mwoyo Mutukuvu. "Ekirabo" ekya Mwoyo Mutukuvu kyaweebwa ku lunaku lwa Pentekooti (Ebikolwa 2), Omwoyo Omutukuvu bwe yajja okuddamu ekisuubizo ekya Yesu:

> **Nange ndisaba Kitange n'abawa Omubeezi omulala anaabeeranga nammwe emirembe n'emirembe,**
>
> **Mwoyo ow'Amazima ... (Yokaana 14:16-17a)**

"Ekirabo" ekya Mwoyo Mutukuvu kyamala okutuweebwa mu ngeri ey'okuddamu ku kisuubizo kino. "Ebirabo" ebya Mwoyo Mutukuvu bwe busobozi obutali bwa bulijjo Omwoyo Omutukuvu bw'awa abakkiriza okusobola okuweereza obulungi:

> **Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama n'abeeranga nabo, n'anywezanga buli kye baayogeranga mu bubaka bwabwe, ng'abakozesanga eby'amagero. (Makko 16:20)**

**EBIRABO NE TTALANTA**

Waliwo enjawulo wakati w'ebirabo eby'omwoyo ne ttalanta ez'omubiri. Ttalanta bubeera busobozi bw'osikira ng'ozaalibwa oba bukula olw'okweyongera okutendekebwa. Ekirabo eky'omwoyo bwe busobozi obutali bwa bulijjo obutajja olw'okusikira oba okutendekebwa. Bwe busobozi obw'enjawulo obukuweebwa Omwoyo Omutukuvu obukozese mu bintu eby'omwoyo.

Kisoboka bulijjo ttalanta ey'omubiri okuba ng'ekuzibwa (ekakasibwa n'okuweebwa omukisa) Omwoyo Omutukuvu omuntu oyo bw'aba ng'amaze okukkiriza. Kino bwe kibaawo, ttalanta efuuka ekirabo at'era ekola nga ttalanta.

Okugeza omuntu asobola okubeera ne ttalanta ey'obukulembeze olw'okutendekebwa. Naye oluvannyuma lw'okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu ttalanta eno eyinza okufuulibwa oba n'ekakasibwa Omwoyo Omutukuvu era ayinza okukozesebwa ng'ekirabo ky'omwoyo eky'okukulembera.

Ebirabo by'omwoyo biwa obusobozi obw'omwoyo obusingira ddala obwa ttalanta. Wadde nga tusaanye tukozese ne ttalanta zonna ze tulina ku lw'omulimu gwa Mukama, era twetaaga ebirabo eby'omwoyo.

**OBUKULU BW'EBIRABO**

Obukulu bw'ebirabo ebya Mwoyo Mutukuvu bulagibwa mu Abaefeeso 4:12-15:

> **Ekyo yakikola olw'okutendeka abantu ba Katonda olw'omulimu ogw'obuweereza, okuzimba omubiri gwa Kristo.**

**Ekyo kijja kutwongera okugenda mu maaso, okutuusa ffenna lwe tulibeera n'okukkiriza kumu, n'okumanyira ddala Omwana wa Katonda nga tukulidde ddala mu mwoyo okutuuka ku kigera eky'okubeera nga Kristo bw'ali.**

**Tuteekwa okulekeraawo okweyisa ng'abaana abato, nga tuyuuguumizibwa amayengo nga tutwalibwa buli muyaga ogw'okuyigiriza okw'abantu abakuusa, mu nkwe olw'okugoberera enteekateeka ey'obulimba.**

**Tube ba mazima mu kwagala, tulyoke tukulire mu Kristo mu byonna, nga tweyongera okuba nga ye, Omutwe gw'Ekkanisa. (Abaefeeso 4:12-15)**

Okusinziira ku kitundu kino, obukulu obwa Mwoyo Mutukuvu kwe:

- Okunyweza abatuukirivu.
- Okutumbula omulimu gw'obuweereza.
- Okutegeeza Kristo n'e kkanisa.

Ebigendererwa oba ebiruubirirwa by'ebirabo eby'omwoyo biri nti tujja:

- Kwegattira awamu mu kukkiriza.
- Kukulaakulanya okumanya kwaffe ku Kristo.
- Okukuzibwa mu butuukirivu nga Kristo kye kyokulabirako kyaffe.
- Okunywerera awamu n'otalimbibwa na njigiriza nkyamu.
- Okukula mu mwoyo mu Kristo.

**OBUSATU N'EBIRABO**

Wayize nti Omwoyo Omutukuvu ali kitundu ku busatu bwa Katonda. Abantu bonna abali mu busatu babaawo okuwa abakkiriza ebirabo eby'omwoyo:

**Waliwo ebirabo bya ngeri nnyingi, naye Mwoyo abigaba y'omu.**

**Waliwo engeri nnyingi ez'okuweererezaamu, naye Mukama aweerezebwa y'omu.**

**Waliwo okukola kwa ngeri nnyingi kyokka Katonda asobozesa bonna mu byonna bye bakola y'omu. (1 Abakolinso 12:4-6)**

Omwoyo Omutukuvu, Katonda ne Mukama waffe (Yesu Kristo) bonna boogerwako mu kitundu kino. Okwenyigira kwabwe mu birabo eby'omwoyo kulagibwa mu kipande kino wammanga:

| **Olunyiriri olw'okuna** | **Olunyiriri olw'okutaano** | **Olunyiriri olw'omukaaga:** |
|---|---|---|
| Mwoyo | Mukama | Katonda |
| ↓ | ↓ | ↓ |
| Ebirabo ebingi | Obukulembeze obungi | Enkola nnyingi |
| ↓ | ↓ | ↓ |
| (Ebirabo ebyenjawulo) | (Obuweereza obw'enjawulo) | (Engeri z'enjawulo ebirabo bwe bikozesebwa) |

## EBYOKULWANYISA EBYOMWOYO

Ebirabo ebyomwoyo era biweebwayo eri ekkanisa ng'ebyokulwanyisa by'olutalo olw'omwoyo okuwangula eggye lya Sitaani ery'omwoyo:

> **Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu. (Abaefeeso 6:12)**

Olw'okuba ng'olutalo abakkiriza lwe balimu lwa Mwoyo, awo ebyokulwanyisa eby'omwoyo so si eby'omubiri bye tulina okukozesa. Ebiseera ebimu abakkiriza bagenda mu lutalo olw'omwoyo nga tebamanyi na ku byakulwanyisa. Buli lw'oligenda mu lutalo nga tolina byakulwanyisa tosubirayo kuwangula lutalo olwo. Y'ensonga lwaki kyamugaso nnyo okutegeera ebirabo eby'omwoyo. Biri kitundu ku by'okulwanyisa Katonda by'atuwadde.

## ENGABANYA Y'EBIRABO

Buli mukkiriza alina waakiri ekirabo ky'omwoyo kimu:

> **Buli omu asaanidde okukozesa n'obwesigwa buli kirabo Katonda kye yamuwa olw'okugasa banne nabo balyoke bafune emikisa gya Katonda emingi gy'agaba. (1 Peetero 4:10)**

> **Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna. Naye Omwoyo akola ebyo byonna y'omu, y'agabira buli muntu ng'Omwoyo oyo bw'ayagala. (1 Abakolinso 12:7, 11)**

Harvestime erina olusoma olwetongodde ku ssomo lino ery'olutalo lw'omwoyo eriyitibwa, "Enkola ez'omwoyo: Ekitabo ky'olutalo olw'omwoyo."

Olw'okuba nti buli mukkiriza alina waakiri ekirabo kimu eky'omwoyo, ffena kitukakatako okuzuula n'okukozesa ebirabo byaffe.

Tojja kusalirwa musango olw'ebirabo by'omwoyo by'olina. Ojja kulamulibwa olw'obwesigwa bwo mu kukozesa ebirabo oba ebirabo bye waweebwa. Olugero lwa Ttalanta mu Matayo 25:14-30, lukakasa amazima gano.

Waliyo ebirabo eby'omwoyo bingi, naye teriiyo mukkiriza alina birabo byonna ebya Mwoyo Mutukuvu:

> **Bonna batume? Bonna bannabbi? Bonna bayigiriza? Bonna bakola ebyamagero?**
>
> **Bonna balina ekirabo ky'okuwonya endwadde? Bonna boogera mu nnimi? Bonna bavvuunula ennimi? (1 Abakolinso 12:29-30)**

Omuntu ayinza okubeera n'ebirabo ebisukka mu kimu, naye tewali n'omu alina birabo bya Mwoyo byonna. Bw'aba abirina, awo teyandibadde na bwetaavu eri abalala abali mu mubiri gwa Kristo.

**OKUTYOBOOLA EBIRABO**

Ekirabo ky'omwoyo okuva eri Katonda kisobola okutyoboolebwa, "okutyoboola" ekirabo kitegeeza obutakikozesa ng'ekintu. Osobola okutyoboola ekirabo kyo eky'omwoyo nga:

**TOKOZESA BIRABO EBYAKUWEEBWA:**

Omutume Paulo yagamba Timoseewo:

> **Togayaaliriranga ekirabo ekiri mu ggwe, kye waweebwa mu bunnabbi abakadde bwe baakussaako emikono gyabwe. (1 Timoseewo 4:14)**
>
> **Kyenva nkujjukiza okuseesanga ekirabo kya Katonda ekiri mu ggwe kye yakuwa, bwe nakussaako emikono gyange. (2Timoseewo 1:6)**

**OKUGEZAAKO OKUKOZESA EBIRABO EBITAAKUWEEBWA:**

Nga baweereza e Samaliya, Peetero ne Yokaana baasisinkana omusajja ayitibwa Simyoni eyali ayagala abeere n'ebirabo bino eby'amaanyi ge yalaba boolesa. Simyoni yawaayo ensimbi asobole okufuna obusobozi obwo. Peetero n'amugamba:

> **Naye Peetero n'amugamba nti, "Ensimbi zo zizikirire naawe olw'okulowooza nti ekirabo kya Katonda kiyinza okugulibwa obugulibwa n'ensimbi.**
>
> **Mu nsonga eno tolinaamu mugabo kubanga omutima gwo si mulongoofu mu maaso ga Katonda. (Ebikolwa 8:20-21)**

Ebirabo eby'omwoyo biva wa Mwoyo Mutukuvu. Tebisobola kufunibwa mu ngeri ndala yonna. Tosobola kumala gasalawo oba okwagala okukozesa ebirabo eby'omwoyo. Omwoyo Mutukuvu yateekeddwa okubikuwa.

Omulundi omulala, batabani ba Kabona baalaba ebyamagero eby'omutume Paulo ne bagezaako okukozesa ekirabo kino eky'okugoba emizimu:

> **Bwe baakigezaako ku musajja eyaliko dayimooni, dayimooni n'abagamba nti, "Yesu mmumanyi, ne Pawulo mmumanyi, naye mmwe, mmwe b'ani?" 16 N'ababuukira n'abasinza**

**amaanyi bonna, n'abataagulataagula nnyo, ne bafubutuka mu nnyumba nga bali bwereere, era nga baliko ebiwundu. (Ebikolwa 19:15-16)**

Kiyinza okubeera ekizibu ennyo okugezaako okukolera mu birabo awatali kufukibwako mafuta ga Mwoyo Mutukuvu.

OBUTAKOZESA BIRABO BULUNGI:

Mu 1 Abakolinso 12-14, Paulo afaayo okukozesa obulungi ebirabo eby'omwoyo okufunza essuula zino kye zisomesa, agamba:

**kubanga Katonda si wa luyoogaano, wabula wa mirembe.... Naye byonna bikolebwenga nga bwe kisaana era mu ntegeka entuufu. (1 Abakolinso 14:33, 40)**

Katonda si y'eyatandikawo akavuyo. Awali akavuyo ebirabo tebikozesebwa bulungi. Ebirabo by'omwoyo era bisobola okukozesebwa obubi bw'ogezaako okweyambisa abantu, okufuna obugagga oba okubikozesa olw'okwekkusa so si olw'obuweereza eri abalala.

Okuluŋŋamya ku nkozesa y'ebirabo Paulo kwatuwa mu 1 Abakolinso 12-14 kumalawo akavuyo. Ojja kuba n'omukisa okusoma ku bino mu kitundu "eky'okweyongera okusoma" eky'essuula eno.

**BW'OGULUMIZA EKIRABO KYO:**

Bw'ogulumiza ekirabo kyo, ng'okiraba nga kyamuwendo nnyo okusinga ebirala. Otandika okulaba ekirabo ng'ekisinga eyakikuwa.

**EBIRABO BINGI NGA BISIBUKA WAMU**

Baibuli eraga nti waliyo ebirabo bingi nga bisibuka wamu. Ensibuko y'ebirabo eby'omwoyo ye Mwoyo Omutukuvu. Awa era akozesa ebirabo bino mu bulamu bw'abakkiriza:

**Waliwo ebirabo bya ngeri nnyingi, naye Mwoyo abigaba y'omu.**

**Waliwo engeri nnyingi ez'okuweererezaamu, naye Mukama aweerezebwa y'omu.**

**Waliwo okukola kwa ngeri nnyingi kyokka Katonda asobozesa bonna mu byonna bye bakola y'omu.**

**Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna. (1 Abakolinso 12:4-7)**

**Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri.**

**Oba buweereza, mu buweereza, oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza.**

**Oba omulala okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n'obunyiikivu, n'omulala okulaga ekisa nga musanyufu. (Abaruumi 12:6-8)**

Waliyo ensibuko y'ebirabo byomwoyo emu naye ebirabo bino bingi. Tewali kirabo kisinga ku birala mugaso. Ekifo kyo mu mubiri gwa Kristo kigeraageranyizibwa ku bitundu by'omubiri. Nga mu mubiri gw'omuntu, obutundu obutonotono ng'amaaso bulina omulimu munene, obulabika ng'obulabo "obutono" butera okubeera nga bugasa nnyo eri ekkanisa. Ebirabo ebimu birina omugaso ogw'amaanyi, naye teri kirabo kisinga ku binnaabyo mugaso. Ebimu ku bitundu by'omubiri birina omulimu munene okusinga ku birala. Okugeza, amaaso gakuleetera okulaba ebikwetoolodde, gakuluŋŋamya ng'otambula. Gakuyamba ng'osoma, okulaba n'onyumirwa ebitonde bya Katonda. Eriiso lirina omulimu omunene naye ate si lya mugaso ng'ekigere ekisajja ekiyambako mu kutambula obulungi. Okuluŋŋamya kw'eriiso tekumala mu kutambula kuba tekugasa awatali bigere ebitambula. Obuyambi bw'eriiso mu kuyambako mu kusoma tebugasa bw'oba tolina bwongo kutegeera by'osoma.

Ebiseera ebimu obutakkaanya bujja mu kkanisa ng'abakkiriza tebannamanya birabo bya Mwoyo eby'abalala. Okugeza, omuntu ayinza okuba n'ekirabo ky'okuwaayo era ayinza obutategeera omukkiriza omulala atawaayo nga ye bwawaayo. Oba omu ayinza okubeera n'ekirabo ky'obukulembeze n'abeera nga tagumiikiriza bantu abatakola bulungi.

Buli mukkiriza alina okukozesa ekirabo kye okukolera awamu n'abakkiriza abalala abalina ebirabo eby'enjawulo. Kino bwe kibaawo, ekkanisa ekola omulimu ogutuukiridde ng'omubiri gwa Kristo.

## ABAWANIKA B'EBIRABO

Oli muwanika buwanika ow'ebirabo eby'omwoyo. Omuwanika ye muntu atali nnannyini w'ekyo ky'akozesa. Akozesa ekyo ekimuweereddwa omulala. Akikozesa ku lw'omuntu oyo aba akimuwadde. Oli muwanika wa Yesu Kristo:

> **Omuntu asaanidde atulabe ng'abaweereza ba Kristo era abawanika b'ebyama bya Katonda. (1 Abakolinso 4:1)**

Ekimu ku "byama" ebiraga nti oli muwanika by'ebirabo eby'omwoyo. Bikuweebwa Omwoyo Omutukuvu okusobola okuweereza obulungi ku lwa Yesu:

> **Buli omu asaanidde okukozesa n'obwesigwa buli kirabo Katonda kye yamuwa olw'okugasa banne nabo balyoke bafune emikisa gya Katonda emingi gy'agaba. (1 Peetero 4:10)**

Ng'omuwanika, ojja kulamulwa okusinziira ku bwesigwa bwo mu kukozesa ebirabo by'oweereddwa:

> **Ate era omuwanika kimugwanira okuba omuntu omwesigwa. (1 Abakolinso 4:2)**

## EBIRABO EBY'OMWOYO

Ebitundu ebikulu eby'okuzuula ebirabo by'omwoyo by'ebino: Bisomeeko nga tonnaba kusoma ssuula eddako. Ennyiriri zino zanjula ebirabo by'omwoyo eby'enjawulo:

- Abaruumi 12:1-8
- Abaefeeso 4:1-16
- 1 Abakolinso 12:1-13

- 1 Peetero 4:7-11

Jjukira nti ebirabo bino busobozi obw’enjawulo Katonda bw’akuwa okumuweereza mu ngeri ez’enjawulo. Wadde nga wayinza okubaawo okulabika kwa bino mu bulamu bwaffe bwonna tekitegeeza nti olwo tulina ekirabo eky’engeri emu. Okugeza, abakkiriza bonna balina okuwaayo eri omulimu gwa Katonda ebimu eby’ekkumi n’ebiweebwayo. Naye ekirabo ky’okuwaayo kiba kya bulijjo nga bw’olumirizibwa Omwoyo wa Katonda. Abakkiriza bonna balina ekigera ky’okukkiriza okusinziira ku kigambo kya Katonda. Naye ekirabo ky’okukkiriza bwe busobozi obw’enjawulo obw’okukkiriza okusukkuluma ku mukristaayo wa bulijjo.

**EBIRABO BIBA BYA LEERO?**

Abantu abamu bagamba nti ebirabo by’omwoyo byonna ebiragibwa mu Baibuli si bya kkanisa eya leero. Abantu abamu bagamba nti oluvannyuma lw’okutandikawo ekkanisa, n’endagaano enkadde bwe yawandiikibwa, ebirabo by’omwoyo ebimu tebikyetaagisa. Batera okukozesa 1 Abakolinso 13:10 okunnyonnyola kye bakkiriza:

> **Naye ebituukiridde bwe birijja, olwo eby’ekitundu nga biggwaawo. (1 Abakolinso 13:10)**

Bagamba nti okubikkulirwa kw’ekigambo kya Katonda ekituukiridde bwe kwawandiikibwa, waali tewakyetaagisa nnimi, kutaputa n’obunnabbi. Bagamba nti ekkanisa bwe yatandikibwawo waali tewakyetaagisa kukakasa kwa bubonero n’ebyamagero.

Kye balemwa okumanya kiri nti okumanya nakwo kwogerwako mu kitundu ky’ekimu ng’obutaliimu oba obuteetaagisa:

> **Okwagala tekulemererwa; obunnabbi buliggyibwawo, n’ennimi zirikoma, n’eby’amagezi birikoma. (1 Abakolinso 13:8)**

Bwe tukozesa olunyiriri luno okugamba nti ennimi, okutaputa n’obunnabbi okuba nti tebikyetaagisa, awo tugambe nti n’okumanya tekukyetaagisa.

Ekitundu kino kitegeeza ebiseera ebirijja ng’obwakabaka bwa Katonda “obutuukiridde’’ buzze ku nsi. Olw’okuba nti ekituukiridde kizze, tetujja kuba na bwetaavu bwa birabo bya Mwoyo olwo kubanga:

> **...anaabeeranga nabo era banaabeeranga bantu be, Katonda yennyini anaaberanga nabo, era anaabeeranga Katonda waabwe. (Okubikkulirwa 21:3)**

Tujja kuba nga tetwetaaga bubaka bwa bunnabbi, ennimi oba okutaputa tuliba tuli ne Katonda oyo okuluŋŋamya obubaka ng’obwo. Tujja kuba nga tetwetaaga kigambo kya magezi na kumanya. Tujja kuba nga tubeera n’ensibuko y’okumanya. Tetujja kwetaaga myoyo gya kwawula kuba:

> **Tewali ekitali kirongoofu ekirikkirizibwa okuyingira mu kyo, wadde abo abatambulira mu mpisa ezitali nnongoofu oba abalimba, wabula abalikibeeramu, beebo bokka, amannya gaabwe agaawandiikibwa mu kitabo eky’obulamu eky’Omwana gw’Endiga. (Okubikkulirwa 21:27)**

Tewajja kubaawo birabo bya kuwonya kuba:

> **Nga gukulukutira wakati mu luguudo olunene. Ku mbalama zombi ez'omugga kwaliko emiti egy'obulamu, gumu ku buli ludda, egibala ebibala ekkumi n'ebibiri era nga buli mwezi kubeerako ebibala eby'engeri endala; n'amakoola gaagwo nga gakozesebwa ng'eddagala okuwonya amawanga. (Okubikkulirwa 22:2)**

Era jjukira obukulu n'ebigendererwa by'ebirabo by'omwoyo ebiri mu Abaefeeso 4:12-15. Obukulu buli:

- Okunyweza abatuukirivu.
- Okukulaakulanya omulimu gw'obuweereza.
- Okutereezebwa Kristo eri ekkanisa.

Ekiweesa ebirabo bino kisigalawo. Abatuukirivu bakyetaaga okutuukirizibwa, obuweereza bukyetaaga okukulaakulanya eri ensonda z'ensi ne Kristo awamu n'ekkanisa baba bakyetaaga okutereezebwa.

Ebigendererwa biri nti tusobole:

- Okwegattire mu kukkiriza.
- Okukulaakulanya okumanya Kristo.
- Okukula mu butuukirivu ne Kristo ng'ekyokulabirako kyaffe.
- Mubeere bakkakamu nga temulimbibwa njigiriza nkyamu.
- Okukula mu mwoyo mu Kristo.

Katonda teyandiwadde birabo bya mwoyo olw'ebiruubirirwa ebyo oba ebigendererwa ebyo ate n'abiggyawo ng'ebintu bino tebinnaggwa.

- Abakkiriza bona bali bumu mu kukkiriza?
- Buli kintu kikuze bulungi mu kumanya Kristo?
- Ffena tutuukiridde?
- Abakkiriza bonna mu kkanisa bakkakkamu tebakyalimbibwa na njigiriza nkyamu?
- Abantu bonna mu kkanisa bakuze mu mwoyo?

Ekyokuddamu ku bibuuzo bino byonna kiri "nedda." Ebigendererwa bino tebituukiriranga. Olw'ensonga eno tukitegeera nti ebirabo by'omwoyo bikyakola n'olwa leero. Katonda yawa ebirabo by'omwoyo okusobola okubaako byebituukiriza mu kkanisa. Tajja kuggyawo kirabo kyonna ku bino awatali kumaliriza kiruubirirwa kyabyo. Baibuli egamba n'era nti "ebirabo" n'okuyitibwa kwa Katonda tebiriiko "kwejjusa" (Abaruumi 11:29). Kino kitegeeza nti Katonda tajja kukyusa ndowooza ye ng'aggyawo ebirabo eby'omwoyo oba okuyitibwa kw'awadde.

## EKISUMULUZO KY'OKUKOZESA EBIRABO

Mu 1 Abakolinso 13, Omutume Paulo awa ekisumuluzo ky'okukozesa ebirabo ebya Mwoyo Mutukuvu. Yayanjula essomo erya 1 Abakolinso 12:31. Yaleeta ebimu ku birabo ebya Mwoyo Mutukuvu n'agamba:

> **...naye ka mbalage ekkubo eddungi erisinga gonna. (1 Abakolinso 12:31)**

1 Abakolinso 13 annyonnyola “engeri esinga.” Soma essuula yonna mu Baibuli yo. Baibuli ewa ekisumuluzo ky’okukozesa ebirabo by’omwoyo. Ekisumuluzo ekyo kwe “kwagala.”

Osobola okuwa obunnabbi, okuba n’ekirabo ky’okuwonya, okukkiriza, okuwaayo n’ebirala. Naye awatali kwagala mu kukozesa ebirabo bino, tebijja kutuukirira.

Ebirabo tebiba na makulu awatali kwagala. Okwogera mu nnimi kubeera nga kuleekaana buleekaanyi. Buli kintu tekirina makulu, “tekigasa,” okuleka nga kikozeseddwa mu kwagala. Okwagala “y’engeri esinga obulungi” ebirabo mwe bikozesebwa. Ebirabo bifuuka omukutu omuyita okwagala kwa Katonda okututuukako. Okwagala ky’ekisumuluzo ky’okukozesa ebirabo by’omwoyo okutuukiridde.

**OKULABULA: OKUKYUPULA KWA SITAANI**

Sitaani akyupula ebirabo ebya Mwoyo Mutukuvu. Omukyupuzi y’oyo akoppa ekintu ekibaayo, naye tekiba kya ddala. Sitaani mulimba. Baibuli egamba nti oluusi yeefuula nga Malayika ow’omusana: 2 Abakolinso 11:14. Mu biro eby’oluvannyuma, era wajja kubaawo omukyupuzi Sitaani mu bya Kristo ayitibwa, “awakanya Kristo: 1 Yokaana 2:18, 22

Okukyupula ennyo ebirabo kutuukirizibwa mu ngeri etali ya bulijjo. Okugeza, Ekigambo ky’okumanya kikyupulwa n’abasamize abeefuula abalagula ku birijja n’ebitamanyiddwa. Omusamize ye muntu ayagala okumanya ebintu n’okukola ebintu ebitali bya bulijjo ng’ensibuko y’amaanyi ago si ya bwa Katonda wabula sitaani. Okukyupula ekirabo ky’okumanya emyoyo kikolebwa na kusoma ndowooza.

N’ebyamagero Sitaani abikyupula (Okuva 7) era bijja kuba nga bikolebwa oyo awakanya Kristo (Okubikkulirwa 13:14). Baibuli eyogera ne ku bannabbi ab’obulimba (Ebikolwa 13:6-12). Ekibuuzo kiri nti, oyawula otya ekikyupuli ku kituufu?

Ekikyupuli tekituukiriza biruubirirwa bya byawandiikibwa ku birabo by’omwoyo Omutukuvu. Era soma Abaefeeso 4:12-15. Buli kirabo ekituufu ekya Mwoyo Mutukuvu kijja kumaliriza ebyo n’ebigendererwa byakyo eby’omwoyo.

Ebirabo ebikyupule tebikkiriziganya n’ebyo Baibuli by’essomesa ku Yesu. Buli oli lw’aweereza mu kirabo, kiki kyayogera ku Yesu? Kikkiriziganya n’ekigambo kya Katonda?

> **Kyokka neeraliikirira nnyo nga ntya nti si kulwa nga mulimbibwa nga Kaawa bwe yalimbibwa omusota ne muwaba mu birowoozo byammwe okuva mu bwetoowaze n’obutukuvu obuli mu Kristo.**
>
> **Bwe wabaawo omuntu ajja n’ababuulira Yesu omulala gwe tutabuulira, oba ne mufuna omwoyo omulala, gwe mutafunanga, oba ne mubuulirwa Enjiri endala gye mutabuulirwanga, mubigumiikiriza. (2 Abakolinso 11:3-4)**

Osobola okuzuula abakyupula olw’embala zaabwe ezoobuntu. Bino biteereddwa mu 2 Peetero 2 n’ekitabo kya Yuda. Soma essuula zino mu Baibuli yo okukuyamba okwawula ekituufu ku kikyupuli.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Njawulo ki eri wakati w'ebirabo eby'omwoyo ne ttalanta ez'omubiri?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Leetayo obukulu bw'ebirabo by'omwoyo bwa mirundi esatu.
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Leetayo ebigendererwa bitaano eby'ebirabo by'omwoyo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Kituufu buli omu wakiri alinayo ekirabo ky'omwoyo ekimu? Leetayo ekijulira mu byawandiikibwa nga kikakasa ekyo ky'ozzeemu.
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Leetayo engeri nnya ebirabo by'omwoyo mwe bityoboolebwa.
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Ani nsibuko y'ebirabo eby'omwoyo?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Ekisumuluzo ky'okukozesa ekirabo ky'omwoyo kyo kye kiriwa?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
9. Osobola otya okwawula ebirabo by'omwoyo ebituufu ku bya Sitaani eby'ekikyupuli?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
10. Ebirabo by'omwoyo bye biri wa?

………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………..

11. Ebirabo byonna eby’omwoyo bya leero, oba ebimu byali bya kkanisa eyasooka? Nnyonnyola ky’ozzeemu.

    ………………………………………………………………………………………………………………………………………
    ………………………………………………………………………………………………………………………………………
    ……………………………………………………………………………………………………………………………………..

12. Njawulo ki eri wakati w’ebirabo eby’omwoyo Mutukuvu n’ebibala by’omwoyo?

    ………………………………………………………………………………………………………………………………………
    ………………………………………………………………………………………………………………………………………
    ………………………………………………………………………………………………………………………………………
    ……………………………………………………………………………………………………………………………………….

13. Soma enjogera zino wammanga olage oba ntuufu oba nkyamu mu kabanga akalekeddwa mu maaso gaayo. Bw’eba nkyamu, kozesa F, bw’eba ntuufu kozesa T.

    a,………………..Ttalanta z’abantu si birabo bya mwoyo.

    b………………… Wazaalibwa n’ebirabo eby’omwoyo.

    c…………………. Katonda agaba ebirabo by’omwoyo okusinga olw’okukusanyusa ggwe.

    d…………………. Olw’okubanga ekkanisa enywedde bulungi, obubonero obutali bwa bulijjo obw’amaanyi ga Katonda tebukyali bwa leero.

    e…………………. “Ekyo ekituukiridde” kyatuuka dda wano era tetukyetaaga nnimi, kuvvuunula n’obunnabi.

    f………………….. Tewali mukristaayo alina birabo byonna.

    g………………….. Tetusobola kweronderako birabo byaffe.

    h…………………… Tujja kuwa embalirira ewa Katonda olw’engeri gye tukozesaamu ebirabo byaffe.

    i……………………. Ebirabo ebikozesebwa awatali kwagala tebituukiridde.

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma 2 Peetero 2 n'ekitabo kya Yuda. Leetayo ebiraga "bannabbi abakyamu" n'ebyabantu abaayingiramu nga tebatekeddwa, bano be bantu abakyupuzi. Si bakkiriza abatuufu era bakozesa ebirabo ebikyamu okulimba abantu ba Katonda.
2. Ttalanta ez'omubiri zisobola okukozesebwa Katonda wamu n'ebirabo by'omwoyo. Weetegereze ennyiriri zino. Leetayo amannya g'abantu ne ttalanta zaabwe ez'omubiri.

**TTALANTA EZ'OMUBIRI**

| Okujuliza. | Erinnya. | Ttalanta. |
|---|---|---|
| Oluberyeberye 4:20 | ________________________ | _______________________________ |
| Oluberyeberye 4:2 | ________________________ | _______________________________ |
| Oluberyeberye 4:21 | _______________________ | _______________________________ |
| Oluberyeberye 4:22 | _______________________ | _______________________________ |
| Oluberyeberye 25:27 | _______________________ | _______________________________ |

3. Soma okujuliza kuno wammanga omalirize ssentensi.
   Kikulu okumanya ku birabo by'omwoyo kubanga:
   a. Tujja …………………………………… eri Katonda olw'okubikozesa.

      Tuli…………………………………….
      (1 Peetero 4:10, 1 Abakolinso 4:1-2, Matayo 25:14-30)
   b. Tulina kuba …………………………………. owaabye ne ………………………………. Waabwe (1 Timoseewo 4:14, 1 Abakolinso 12:1)

4. 1 Abakolinso 13 kireeta ebisaanyizo by'okwagala. Wandiika ennamba y'olunyiriri olwogera ku kisaanyizo ekikuweereddwa mu bbanga erirekeddwawo. Ekisooka kikuweereddwa nga kyakulabirako.
   …………5…………………… ..Kugumiikiriza.
   ……………………………….. Tekulina buggya.
   ……………………………….. Tekwekuluntaza.
   ……………………………….. Tekukola bitasaana.
   ……………………………….. Tekunoonya byakwo.
   ……………………………….. Tekusiba kibi ku mwoyo.
   ……………………………….. Tekusanyukira bitali bya butuukirivu.
   ……………………………….. Kusanyukira mazima.
   ……………………………….. Kukkiriza byonna.

……………………………… Kusuubira byonna.
……………………………… kugumiikiriza byonna.

Wandiika erinnya ly'omuntu gw'ofuna mu obuzibu bw'okwagala. Tunuulira ebisaanyizo ebikuweereddwa waggulu. Leeta ebisanyizo by'okwagala byojja okwetaaga asobole okwagala omuntu oyo.

Nnina obuzibu mu kwagala_____________________ Nja kwetaaga ebisaanyizo bino wammanga nsobole okumwagala: ____________________________________________________________

5. Kozesa bino wammanga okozese ebirabo ebinnyonnyoddwa Paulo mu 1 Abakolinso 12-14
   - I. Oteekwa okumanya ebirabo by'omwoyo: 1 Abakolinso 12-14
   - II. Waliyo ebirabo bingi naye byonna biva wa mwoyo omu. Obusatu bwa Katonda bukolera mu birabo byonna: 1 Abakolinso 12:4-11
   - III. Tukola ng'omubiri nga tukozesa ebirabo by'omwoyo. Buli kitundu kirina okubeera n'okukkaanya n'ekirala: 1 Abakolinso 12:12-13
     - A. Tewalina kubaawo njawukana (Kweyawula) mu mubiri. Ffenna tulina okufaayo eri abalala: 1 Abakolinso 12:25-26.
     - B. Katonda ateekawo ebirabo by'omwoyo nga bisengekeddwa mu kkanisa: 1 Abakolinso 12:28
     - C. Buli omu alina ekirabo ky'ekimu: 1 Abakolinso 12:28-30
     - D. Tulina okuyaayaanira ebirabo by'omwoyo: 1 Abakolinso 12:31, 14:1
     - E. Okwagala ky'ekisumuluzo ky'okukozesa ebirabo byonna: 1 Abakolinso 13
     - F. Ebirabo biteekwa okutereeza ekkanisa: 1 Abakolinso 14:12
   - IV. Bw'oba olina ekirabo ky'ennimi era olina okusabira ekirabo ky'okuzivvuunula: 1 Abakolinso 14:1-13
     - A. Okutendereza mu Mwoyo awatali kutegeera n'okutendereza mu mwoyo awali okutegeera byonna bibaawo mu kusinza: 1 Abakolinso 14:14-15
     - B. Okwogera ebigambo abalala bye bategeera kigasa bwe wabaawo abatali bakkiriza: 1 Abakolinso 14:16-19
     - C. Ennimi kabonero eri abo abatakkiriza: 1 Abakolinso 14:22-25
     - D. Okulagula kugasa abo abatakkiriza: 1 Abakolinso 14:22-25
   - V. Ebintu byonna birina okukolebwa mu ngeri ennungamu mu kiseera ky'okusinza. Ennimi tezirina kukozesebwa okuleka nga waliwo omuntu asobola okuzivvuunula: 1 Abakolinso 14:26-31
     - A. Tolemererwa bw'oba nga Mwoyo Mutukuvu y'aweereza gy'oli. Olina okufuga enkozesa y'ebirabo ebyo obulungi: 1 Abakolinso 14:32
     - B. Akavuyo si ka Katonda: 1 Abakolinso 14:33
   - VI. Tolina kulekayo kwogerera mu nnimi era olina n'okuyaayana okulagula: 1 Abakolinso 14:39
   - VII. Ebibuuzo eby'obusirusiru tebibeerangawo mu kiseera ky'okusinza: 1 Abakolinso 14:34-35, 37-38

VIII. Okuluɧɧamya obukulu ku nkozesa y’ebirabo ennungi. Buli kintu kikolebwe bulungi mu ngeri ennungi: 1 Abakolinso 14:40

# ESSUULA EYOOMUKAAGA

## EBIRABO BYA MWOYO MUTUKUVU EBY'ENJAWULO

**EBIGENDERERWA:**

- Okulaga engabanya y'ebirabo by'omwoyo ebikozesebwa mu ssomo lino.
- Okuzuula ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu eby'enjawulo.
- Okunnyonnyola enjawulo eri wakati w'ekirabo ky'okubeera nnabbi n'ekirabo ky'okulagula.
- Okunnyonnyola ekirabo ky'okubeera omusomesa n'ekirabo ky'okusomesa.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi, n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala okuba abayigiriza. (Abaefeeso 4:11)**

**ENNYANJULA**

Nga tonnasoma ssuula eno, soma ebitundu bya Baibuli bino wammanga. Okujuliza kuno kulaga ebirabo ebya Mwoyo Mutukuvu:

- Abaruumi 12:-18
- 1 Abakolinso 12:1-31
- Abaefeeso 4:1-16
- 1 Peetero 4:7-11

Genda mu kitundu ekya "okujuliza" mu kitabo kino osome ku bitundu bino nga bwe bikyusibwa mu nzivvunuula ya Baibuli ezimbulukisiddwa (Amplified). Olw'ekiruubirirwa eky'okusoma, tugabanyiza ebirabo mu ngeri enkulu nnya:

- Ebirabo eby'enjawulo.
- Ebirabo by'okwogera.
- Ebirabo by'okuweereza
- Ebirabo by'obubonero.

Baibuli yo teyawula mu birabo bw'etyo. Tukikoze mu ngeri eno olw'okukuyamba okujukira ebirabo eby'enjawulo amangu. Essuula eno ennyonnyola ebirabo eby'enjawulo. Essuula eziddako zinnyonnyola okwogera, okuweereza, n'ebirabo eby'obubonero.

**BITEEREDDWA MU MUBIRI GUMU**

Essuula ewedde ennyonnyodde obumu n'obungi bw'ebirabo eby'omwoyo. Wadde nga waliyo ebirabo eby'enjawulo, byonna bisibuka awantu wamu. Ensibuko yaabyo ye Mwoyo Omutukuvu. Katonda alina ekifo ekyetongodde mu kkanisa ekya buli mukkiriza:

> **Naye kaakano Katonda yakola ebitundu bingi eby'enjawulo n'alyoka abifuula omubiri gwaffe nga bwe yayagala. (1 Abakolinso 12:18)**

Buli muntu alina ekifo Katonda kyamulondedde. Akiweereddwa okutuukiriza ekiruubirirwa kye mu kkanisa okuyita mu birabo ebya Mwoyo Mutukuvu.

Buli mukkiriza yenna bw'aba atuukiriza ekifo Katonda ky'amulondedde era ng'akozesa ekirabo kye eky'omwoyo, ekkanisa etambula bulungi. Katonda akigeraageranyiza ku nkola y'omubiri gw'omuntu nga buli muntu okuva ku liiso okutuuka ku kagere bimanya ne bikola emirimu gya byo: 1 Abakolinso 12:1-31. Jjukira nga bw'osomye ebirabo bino eby'omwoyo nti byonna bya mugaso mu mubiri gwa Kristo nga bwe kiri ku buli kitundu eky'omubiri gw'omuntu nti kya mugaso:

> **Eriiso terisobola kugamba mukono nti, "Ggwe sikwetaaga," oba n'omutwe teguyinza kugamba bigere nti, "Mmwe sibeetaaga.**
>
> **Era ebitundu ebyo eby'omubiri ebirabika ng'ebisinga obunafu bye byetaagibwa ennyo. (1 Abakolinso 12:21-22)**

Nga bw'osoma ebirabo by'omwoyo, jjukira nti si busobozi bwa mubiri. Busobozi obuva ewa Mwoyo Mutukuvu obuweebwa abakkiriza olw'obuweereza bw'obukristaayo.

(Wekkaanye: Mu ssuula eno n'essatu eziddirira eky'okukola kikuweereddwa. "Okweyongera okusoma" nga buli kirabo kya mwoyo kinnyonnyoddwa. Kino kikoleddwa okukuganya okumaliriza okusoma kwo ku buli kirabo nga tonnagenda ku kiddako)

## EBIRABO EBY'ENJAWULO

Ekibinja ekisooka eky'ebirabo by'omwoyo bye tujja okuyita "ebirabo eby'enjawulo." Tukozesa omutwe guno ku lw'ebirabo bino kubanga buli kimu kifo kya buweereza eky'etongodde mu kkanisa:

> **Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi, n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala okuba abayigiriza. (Abaefeeso 4:11)**

Ebifo bino eby'obukulembeze oluusi biyitibwa "ofiisi" kitegeeza ekifo ky'okukoleramu oba ky'ovunaanyizibwako. Ebirabo by'obukulembeze eby'enjawulo bye:

- Abatume.
- Bannabbi
- Ababuulizi b'enjiri
- Abasumba.
- Abasomesa.

## ABATUME

**Era abamu Katonda yabateekawo mu kkanisa: abasooka be batume, abookubiri be bannabbi... (1 Abakolinso 12:28)**

**Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi... (Abaefeeso 4:11)**

Omutume y'oyo alina obusobozi obw'enjawulo okukuza ekkanisa empya mu bifo eby'enjawulo n'okulabirira amakanisa agawerako ng'omulabirizi. Omutume kitegeeza "omusigire" oyo atamibwa n'amaanyi n'obuyinza byonna okukola ku lw'abalala. Omutume alina obuyinza oba obusobozi bw'okubunyisa enjiri eri ensi yonna ng'ateekawo ebibinja by'abakkiriza. Enjogera ezikozesebwa kati ku mutume be bamiisani oba abatandisi b'amakannisa.

Baibuli eyogera ku bibinja by'abantu bisatu eby'enjawulo eby'abatume. Yesu Kristo yayitibwa omutume:

**Kale abooluganda abatukuvu, Katonda b'ayise, mulowoozenga ku Yesu, Omutume Omukulu era Kabona Asinga Obukulu, gwe twatula. 2 Yali mwesigwa eri oyo eyamulonda... (Abaebbulaniya 3:1-2a)**

Abayigirizwa ba Yesu ekkumi n'ababiri baayitibwa abatume:

**Amannya g'abayigirizwa ekkumi n'ababiri ge gano:... (Matayo 10:2)**

Abatume ekkumi n'ababiri baalina omulimu ogw'enjawulo. Baali kitundu ku musingi gw'ekkanisa ate nga baalina omulimu abakkiriza abalala gwe batalibeera nagwo, era waliyo ekirabo ky'abatume ekyetongodde nga kya Mwoyo Mutukuvu:

**Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume... (Abaefeeso 4:11)**

Okusinziira ku kitundu kino, Katonda yalonda abatume era Paulo ayogera okukakasa kino:

**Era abamu Katonda yabateekawo mu kkanisa: abasooka be batume... (1 Abakolinso 12:28)**

Baibuli eyogera ku bubonero obukakasa nti omuntu alina ekirabo ky'obutume:

**Eky'amazima obubonero obw'omutume bwakolerwa mu mmwe mu kugumiikiriza kwonna, mu bubonero ne mu byewuunyo, ne mu bikolwa eby'amaanyi. (2 Abakolinso 12:12)**

**Abatume ne baba n'omwoyo gumu ne bakuŋŋaananga mu kisasi kya Sulemaani, ne bakola ebyamagero bingi mu bantu. (Ebikolwa 5:12)**

Obukulembeze bw'abantu obwetongodde eri ekkanisa bulagibwa mu kitabo ky'ebikolwa by'abatume:

**Awo ne wajja abantu abamu abaava mu Buyudaaya ne bayigiriza abooluganda nti, "Ssinga temukomolebwa ng'akalombolombo ka Musa bwe kali temuyinza kulokolebwa."**

**Pawulo ne Balunabba ne bawakana nnyo nabo ku nsonga eyo ne kisalibwawo nti Pawulo ne Balunabba n'abamu ku bakkiriza ab'omu Antiyokiya, batwale ensonga eyo eri abatume n'abakadde b'Ekkanisa mu Yerusaalemi. (Ebikolwa 15:1-2)**

**Awo bwe baali nga bayita mu bibuga ne babategeeza okukwatanga ebiragiro ebyasalibwawo abatume n'abakadde b'Ekkanisa mu Yerusaalemi ebikwata ku baamawanga.**

**Ekkanisa ne yeeyongeranga amaanyi mu kukkiriza era n'abantu ne beeyongera obungi buli lunaku. (Ebikolwa 16:4-5)**

Abatume babunyisa enjiri nga bateekawo amakanisa. Bateekawo obukulembeze bw'ekkanisa zino mu buweereza bwabwe. Okuyitibwa n'obwagazi okuba omutume biva wa Katonda:

**Nze Pawulo omutume, ataatumibwa bantu wadde omuntu, wabula eyatumibwa Yesu Kristo ne Katonda Kitaffe, eyamuzuukiza mu bafu. (Abaggalatiya 1:1)**

Ekirabo ky'omwoyo bulijjo kimanyibwa mu kkanisa eya bulijjo ababa batuma omutume ono mu bifo ebirala:

**Mu Kkanisa y'omu Antiyokiya mwalimu bannabbi n'abayigiriza bano: Balunabba, ne Simooni, eyayitibwanga, "Omuddugavu" ne Lukiyo ow'e Kuleene, ne Manaeni, eyakulira awamu ne kabaka Kerode, ne Sawulo.**

**Awo bwe baali nga basinza Mukama era nga bwe basiiba, Mwoyo Mutukuvu n'agamba nti, "Munjawulire Balunabba ne Sawulo olw'omulimu gwe mbayitidde."**

**Awo bwe baamala okusaba n'okusiiba, ne bassa emikono gyabwe ku Balunabba ne Sawulo, ne babasiibula ne bagenda. (Ebikolwa 13:1-3)**

Omutume ayagala okuweereza mu bifo abalala gye batanatuuka:

**Nduubirira okubuulira Enjiri mu bifo etayatulwanga linnya lya Kristo, nneme okuzimba ku musingi gw'omuntu omulala,**

**Nga bwe kyawandiikibwa nti, "Abo abatategeezebwanga bimufaako baliraba, n'abo abatawulirangako balitegeera. (Abaruumi 15:20-21)**

**Era nga tubuulira Enjiri ne mu bitundu ebibali ewala, naye so si mu kitundu eky'omulala omwakolebwa edda omulimu waleme okubaawo eyeenyumiriza. (2 Abakolinso 10:16)**

Omutume aba ayagala okugenda eri amawanga amalala n'obulamu obw'enjawulo okusobola okuwangulira Kristo abantu:

**Kubanga newaakubadde nga ndi wa ddembe eri abantu bonna, nfuuka omuddu wa bonna olw'okweyagalira, ndyoke ndeete bangi eri Kristo.**

> **Eri Abayudaaya nafuuka ng'Omuyudaaya ndyoke nsobole okubaleeta eri Kristo. N'eri abo abafugibwa amateeka nafuuka ng'afugibwa amateeka, newaakubadde nze nga ssifugibwa mateeka, ndyoke mbaleete eri Kristo.**
>
> **Eri abo abatalina mateeka ga Katonda, nafuuka ng'atafugibwa mateeka, newaakubadde nga ssaaleka mateeka ga Katanda, naye nga ndi mu mateeka ga Kristo, n'abo abatalina mateeka ndyoke mbaleete eri Kristo.**
>
> **Mu banafu nafuuka ng'omunafu ndyoke mbaleete eri Kristo. Eri abantu bonna nfuuse byonna, mu ngeri yonna ndyoke mbeeko beentusa ku kulokolebwa.**
>
> **Byonna mbikola olw'enjiri, era nange ndyoke nfunire wamu nabo ebiva mu Njiri eyo. (1 Abakolinso 9:19-13)**

Omutume akuza ekkanisa n'abakulembeze abatendeka okusobola okweyongerayo w'atali:

> **Ne babuulira Enjiri mu kibuga ekyo, era abantu bangi ne bakkiriza. Ne baddayo mu Lusitula, ne mu Ikoniya, ne mu Antiyokiya.**
>
> **Ne babuulirira abakkiriza, nga babakubiriza banywerere mu kukkiriza, era ne babagamba nti, "Kitugwanidde okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda nga tuyita mu bibonoobono ebingi."**
>
> **Pawulo ne Balunabba buli kkanisa baagironderamu abakadde. Ne basaba ne basiiba, ne babakwasa Mukama, oyo gwe bakkiriza. (Ebikolwa 14:21-23)**

Olunyiriri luno lulaga nti obuweereza bw'okulondoola n'okuyimusa abakulembeze abasaanidde mu kkanisa empya bwe buvunaanyizibwa bw'omutume.

Envumbo oba obukakafu bw'ekirabo ky'obutume ky'ekyomwoyo ekijja ne kireetebwa mu bulamu bw'abalala. Paulo yawandiikira ekkanisa y'e Kolinso gye yali yategeka:

> **...kubanga mmwe kabonero k'obutume bwange mu Mukama waffe. (1 Abakolinso 9:2b)**

Baibuli erabula ku batume abakyamu, abalimba. Bano osobola okubamanyiira ku bikolwa byabwe:

> **Abantu ng'abo batume baabulimba, era bakozi baabukuusa, nga beefuula abatume ba Kristo.**
>
> **Naye ekyo tekyewuunyisa, kubanga Setaani yeefuula nga malayika ow'omusana.**
>
> **Noolwekyo abamuweereza bwe beefuula ng'abaweereza b'obutuukirivu tekitwewuunyisa. Ku nkomerero bagenda kubonerezebwa ng'ebikolwa byabwe biri. (2 Abakolinso 11:13-15)**

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Endagaano empya ewa eby'okulabirako by'abo abaalina ekirabo eky'obutume. Kozesa okujuliza kuno okweyongera okusoma:

- Paulo Abaggalatiya 1:1

- Andoloniko ne Yuniya — Abaruumi 16:7
- Apolo — 1 Abakolinso 4:6, 9
- Yakobo — Abaggalatiya 1:9
- Omutume wa Yesu — Enjiri, Ebikolwa by'Abatume.

**BANNABBI**

> **Era abamu Katonda yabateekawo mu kkanisa: abasooka be batume, abookubiri be bannabbi... (1 Abakolinso 12:28)**

> **Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi... (Abaefeeso 4:11)**

Waliwo ebirabo by'obunnabbi bibiri. Ekimu ky'ekirabo ky'okulagula. Awamu obunnabbi kitegeeza okwogera ebyo by'olungamiziddwa Katonda. Buba busobozi obw'enjawulo okufuna n'okuwuliza obubaka butereevu okuva eri Katonda eri abantu be okuyita mu kwogera ebiriko amafuta ag'obwa Katonda.

Wano okunnyonnyola kwesigama ku bukulembeze bw'ekirabo eky'obunnabbi era n'ekirabo ky'okwogera eky'okulagula.

Naye omuntu tabeera nnabbi olw'okuba nti alagula. Paulo yagamba ekkanisa yonna okuyaayanira ekirabo ky'okulagula:

> **Mugobererenga okwagala era muluubirirenga ebirabo eby'Omwoyo, na ddala ekirabo eky'okwogera eby'obunnabbi. (1 Abakolinso 14:1)**

> **Kubanga mwenna musobola okwogera eby'obunnabbi nga mwogera mu mpalo, bonna balyoke bayige era bongerwemu amaanyi. (1 Abakolinso 14:31)**

Naye Paulo alaga nti si buli omu nti yali nnabbi. Yabuuza:

> **Bonna batume?... (1 Abakolinso 12:29)**

Enjawulo eri wakati wa nnabbi n'okulagula eragibwa mu bitundu bino wammanga:

> **Enkeera ne tweyongerayo okutuuka e Kayisaliya, ne tubeera mu maka ga Firipo Omubuulizi w'Enjiri, eyali omu ku badiikoni omusanvu abaasooka.**
>
> **Yalina abaana be abawala abaali batannafumbirwa bana nga balina ekirabo eky'obunnabbi.**
>
> **Ne tumalawo ennaku eziwerako, ne wajja nnabbi erinnya lye Agabo ng'ava Buyudaaya.**
>
> **Bwe yajja okutulaba, n'addira olukoba lwa Pawulo ne yeesiba amagulu n'emikono, n'agamba nti, "Mwoyo Mutukuvu ayogera nti, 'Bw'ati nannyini lukoba luno bw'alisibwa Abayudaaya mu Yerusaalemi ne bamuwaayo mu mikono gy'Abamawanga. (Ebikolwa 21:8-11)**

Muwala wa Firipo yalina ekirabo eky'okulagula. Naye Agabasi yali Nnabbi era teyalagulanga bulaguzi wabula yalina ekifo ky'obukulembeze mu kkanisa. Katonda yamukozesa mu bukulembeze ng'obuweereza bwa Paulo bwe bwali. Agabasi yawa Paulo okulungamya okw'omwoyo ku ebyo ebiribaawo mu Yerusalemu: Ebikolwa 21:11

Abo abalina ekirabo ky'obunnabbi teboogera bwogezi olw'okuluɧɧamizibwa Katonda, balina nabo ofiisi ey'obuyinza n'obukulembeze mu kkanisa. Kino kikakasibwa mu Ebikolwa 13:1-4, omuli obunnabbi n'abasomesa nga bakozesebwa mu bifo by'obukulembeze n'obuyinza bw'okulungamya Balunnaba ne Saulo eri obuweereza obutongole Katonda bwe yabayitira.

Mu ndagaano enkadde abantu baagenda ewa bannabbi okuluɧɧamizibwanga, ekirabo kya Omwoyo Mutukuvu kyali tekinnabaweebwa. Okubeerawo kwa Katonda kwaggalirwa mu kifo ky'awatukuvu w'awatukuvu. Olw'okufa n'okuzuukira kwa Yesu kati tusobola okutuuka mu kubeerawo kwa Katonda.

Ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu kyaweebwa era nga bwe wasomye, ekimu ku bukulu bwe kwe kulungamya:

**kubanga abo bonna abakulemberwa Omwoyo wa Katonda be baana ba Katonda. (Abaruumi 8:14)**

Tekikyetaagisa kugenda wa nnabbi kufuna kulungamizibwa kwa mwoyo. Guno gwe gumu ku mirimu egya Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bw'omukkiriza. Buli mukkiriza alina okuyiga okubeera ng'aluɧɧamizibwa Mwoyo Mutukuvu. Endagaano empya tewa kiraga mukkiriza yenna ng'anoonya okuluɧɧamizibwa nnabbi oluvannyuma lw'ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu nga kiweereddwa.

Naye Katonda akyakozesa ekirabo kino okukakasa okulungamya kwawadde abakkiriza okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Kino kye kyabaawo ku kya Agabasi ne Paulo. Paulo yali amanyi ajja kugenda e Yerusalemu. Obunnabbi bwa Agabasi bwamulaga ekyo ekirimubaako eyo. Tebwali bunnabbi obw'okulungamya eri Paulo okuba ng'agenda e Yerusalemu oba nedda.

Ebigambo ebyogerwa nnabbi okuyita mu kuluɧɧamizibwa okw'obwa Katonda by'ebiyitibwa obunnabbi. Okulagula kitegeeza okwatula butereevu ebigambo ebiva ewa Katonda ebirongoosa, ebitereeza n'okugumya:

> **Naye oyo ategeeza abantu eby'obunnabbi ayogera ebibazimba, ebibagumya era n'okubazzaamu amaanyi. (1 Abakolinso 14:3)**

Obunnabbi tebukola eri bakkiriza bokka okuyitira mu kutereeza wabula n'abo abatannalokoka. Obunnabbi busobola okusikiriza abatali bakkiriza ne bakyuka eri Mukama:

> **Naye singa bonna boogera eby'obunnabbi, atali mukkiriza oba atamanyi n'ayingira, ebyo ebyogerebwa byonna, bijja kumuleetera okulumirizibwa olw'ebibi bye, yeesalire omusango,**
>
> **Ebyama by'omu mutima gwe bibikkulwe, alyoke afukamire asinze Katonda, nga bw'agamba nti, "Ddala Katonda ali mu mmwe. (1 Abakolinso 14:24-25)**

Obumu ku bukulu bwa nnabbi kwe kuyita abantu badde eri okwenenya:

> **Newaakubadde nga Mukama yabatumira bannabbi okubakomyawo gy'ali, ne babalumiriza, tebassaayo mwoyo. (2 Eby'omumirembe 24:19)**

Baibuli ennyonnyola obunnabbi ng'ekirabo eky'amaanyi era ekirina okuyaayanirwa okusinga okwogera mu nnimi:

> **Mugobererenga okwagala era muluubirirenga ebirabo eby'Omwoyo, na ddala ekirabo eky'okwogera eby'obunnabbi.**
>
> **Kubanga ayogera mu nnimi tayogera n'abantu, wabula ayogera na Katonda. Kubanga tewali n'omu ategeera by'agamba. Aba ayogera bya kyama mu Mwoyo.**
>
> **Naye oyo ategeeza abantu eby'obunnabbi ayogera ebibazimba, ebibagumya era n'okubazzaamu amaanyi. (1 Abakolinso 14:1-3)**
>
> **Nandyagadde mwenna mwogere mu nnimi, naye ekisingira ddala nandyagadde mwenna mwogere eby'obunnabbi, kubanga ayogera eby'obunnabbi akira oyo ayogera mu nnimi, okuggyako nga waliwo avvuunula, Ekkanisa eryoke egasibwe. (1 Abakolinso 14:5)**
>
> **Kale baganda bange muyaayaanirenga okwogera eby'obunnabbi, kyokka okwogera mu nnimi temukuziyiza. (1 Abakolinso 14:39)**

Omwoyo Omutukuvu bulijjo abeera afuga obunnabbi obutuufu n'alungamya okunywerera mu Kristo:

> **Abooluganda, ssaagala mmwe obutategeera ebikwata ku birabo ebya Mwoyo.**
>
> **Mumanyi nti bwe mwali Abaamawanga mwabuzibwabuzibwanga ne mutwalibwa eri ebifaananyi ebitayogera.**
>
> **Noolwekyo njagala mutegeere nti tewali muntu aba ne Mwoyo wa Katonda n'ayogera nti, "Yesu akolimirwe." Era tewali n'omu asobola okwogera nti, "Yesu ye Mukama waffe," wabula ku bwa Mwoyo Mutukuvu. (1 Abakolinso 12:1-3)**

Obunnabbi tebulidda mu kifo kya Kigambo kya Katonda ekyawandiikibwa. Baibuli egamba nti obunnabbi buliggwaawo naye ekigambo Kya Katonda kyakubeerera emirembe gyonna:

> **...obunnabbi buliggyibwawo... (1 Abakolinso 13:8)**

Naye ekigambo kya Mukama Katonda kibeerera emirembe gyonna."

> **Era ekigambo ekyo y'Enjiri eyababuulirwa. (1 Peetero 1:25)**

Baibuli erabula ku bunnabbi obw'obulimba (Matayo 24:11, Makko 13:22). Omuntu ayitibwa "nnabbi w'obulimba" ajja kweyolekera mu biribaawo ku nkomerero y'ensi (Okubikkulirwa 13:11-17, 16:13, 19:20, 20:10)

Olw’okuba waliyo bannabbi ab’obulimba. Ekigambo kya Katonda kiwa engeri ez’enjawulo ez’okuzuula obunnabbi obutuufu. Osobola okubategeerera ku:

**ENSOBI MU NJIGIRIZA:**

> **Tulina ebirabo, ng’ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey’enjawulo, oba bunnabbi, ng’ekigera ky’okukkiriza bwe kiri. (Abaruumi 12:6)**

Enjogera “ekigera ky’okukkiriza” kitegeeza okuba mu ngeri y’okukkiriza entuufu. Engeri y’okutegeera obunnabbi obutuufu kwe kuba nga bakkiriziganya n’enjigiriza y’enzikiriza y’obukristaayo ennyonnyolwa mu Baibuli. Okugeza, bannabbi b’obulimba teboogera ku Yesu Kristo:

> **Awo Yesu bwe yamanya nti Abafalisaayo bategedde nti abantu bangi bafuuse bayigirizwa be, era ng’abatiza bangi okusinga Yokaana.**
>
> **Newaakubadde nga Yesu yennyini teyabatiza wabula abayigirizwa be, be baabatizanga.**
>
> **N’ava e Buyudaaya n’addayo e Ggaliraaya. (1 Yokaana 4:1-3)**

Bannabbi b’obulimba basomesa obuseegu n’eddembe eritasaana:

> **Naye waaliwo ne bannabbi ab’obulimba mu bantu, era nga bwe walibaawo abayigiriza ab’obulimba mu mmwe. Baliyingiza mu nkiso enjigiriza enkyamu etwala abantu mu kuzikirira. Balyegaana ne Mukama waffe, ne beereetako okuzikirira okw’amangu.**
>
> **2 Abantu bangi baligoberera empisa zaabwe ez’obukaba ne bavumaganyisa ekkubo ery’amazima.**
>
> **Balibafunamu amagoba mangi nga bakozesa ebigambo eby’obulimba olw’omululu gwabwe. Abo Katonda yabasalira dda omusango era n’okuzikirizibwa kwabwe tekubuusibwabuusibwa. (2 Peetero 2:1-3)**

Bannabbi b’obulimba bagezaako okutwala abantu mu kkubo ly’obutagondera kigambo kya Katonda: Ekyamateeka 13:1-5. Obunnabbi obw’ekika kino tebuba mu nkolagana nnungi n’enzikiriza y’obukristaayo.

**OBUBONERO BW’OBULIMBA:**

Bannabbi b’obulimba balimba abantu n’obubonero bw’ebyamagero:

> **Era bannabbi ab’obulimba bangi balijja ne bawubisa abantu bangi. Kubanga bakristo ab’obulimba balijja, ne bannabbi ab’obulimba nabo balijja ne bakola eby’amagero n’ebyewuunyo; nga singa kibadde kisoboka, bandilimbyelimbye n’abalonde ba Katonda. (Matayo 24:11, 24)**

**EKIBALA EKIBI:**

Ekiraga ekibala ky'omwoyo kwe kugezesebwa okutuufu okw'obuweereza bwonna:

> **Mwekuume abayigiriza ab'obulimba, abajja nga bambadde amaliba g'endiga, songa munda gy'emisege egigenda okubataagulataagula.**
>
> **Mulibalabira ku bikolwa byabwe, ng'omuti bwe mugutegeerera ku bibala byagwo. Omuntu tayinza kunoga mizabbibu ku busaana oba okunoga ettiini ku mweramannyo. (Matayo 7:15-16)**

Mu ssuula ey'ekkumi n'emu ojja kusoma ku kibala ekya Mwoyo Mutukuvu. Bino bye bisaanyizo eby'omwoyo nnabbi omutuufu by'anaabanga nabyo.

**OKWEWAYIRIZA:**

Buli nnabbi agamba okuba ow'obwa Katonda oba nga ye Kristo mulimba:

> **Bwe wabangawo omuntu agamba nti, Kristo ali wano, oba ali wali,' temubakkirizanga.**
>
> **Kubanga bakristo ab'obulimba balijja, ne bannabbi ab'obulimba nabo balijja ne bakola eby'amagero n'ebyewuunyo; nga singa kibadde kisoboka, bandilimbyelimbye n'abalonde ba Katonda. (Matayo 24:23-24)**

**OBUNNABBI OBUTATUUKIRIZIBWA:**

Ekisembayo mu kugezesa nnabbi omutuufu kuyinza okuzuulibwa oba nga byalagula bituukirira:

> **Naye nnabbi anaayogeranga mu linnya lya bakatonda abalala, oba aneetulinkirizanga nti ayogera mu linnya lyange, songa si Nze mmulagidde okubyogera, nnabbi oyo wa kufa."**
>
> **Oyinza okwebuuza nti, "Tunaamanyanga tutya ng'ebigambo ebyo Mukama Katonda si y'anaabanga abyogedde?"**
>
> **Ebigambo nnabbi by'anaayogeranga mu linnya lya Mukama bwe bitaatuukirirenga oba bwe bitaabenga bya mazima, ng'ebigambo ebyo Mukama Katonda si y'abyogedde. Nnabbi oyo by'anaabanga ayogedde anaabanga abiyiiyizza buyiiya. Ebyo tebibatiisanga. (Ekyamateeka 18:20-22)**

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Obunnabbi buyinza okuva mu bifo eby'enjawulo:

- Omwoyo gw'omuntu: Yeremiya 23:16, Ezeekyeri 3:2, 3
- Emyoyo emibi n'egyobulimba: Bassekabaka 22:22, Isaaya 8:19, Matayo 8:29, Ebikolwa 16:17
- Omwoyo Omutukuvu: 2 Samwiri 23:3, Yeremiya 1:9, Ebikolwa 19:6, 21:11

Yensonga lwaki tulina okwawulira obunnabbi oba bwa Mwoyo Mutukuvu oba nedda.

Baibuli ewa eby'okulabirako bingi mu ndagaano enkadde ku bunnabbi. Bisomeeko weeyongere okutegeera obuannabbi n'ekirabo ky'okulagula. Nga bw'osoma bino wammanga, gezaako okuzuula abo abaalina ekirabo ky'obunnabbi (obukulembeze) n'abo baalina ekirabo ky'okulagula:

**Bannabbi b'endagaano enkadde:**

- Ibulayimu: Oluberyeberye 20:7
- Musa: Ekyamateeka 34:9
- Kabakuuku: Kabakuuku 1:1
- Isaaya: 2 Basekabaka 19:2
- Mikka: Matayo 2:5-6
- Koseaya: Matayo 21:15
- Efurayimu: Koseya 9:8
- Yoweeri: Ebikolwa 2:16
- Yeremiya: Yeremiya 1:5
- Gaadi 1 Samwiri 22:15
- Zekaliya: Zekaliya 1:1
- Akiya: 1 Basekabaka 11:29
- Samwiri: 1 Samwiri 3:20
- Yeeku: 1 Basekabaka 16:9
- Nasani: 2 Samwiri 7:2
- Mikayiya: 1 Basekabaka 22:7-8
- Yona: 2 Basekabaka 14:25
- Yiddo: 2 Ebyomumirembe 13:22
- Azzuri: Yeremiya 28:1
- Ezekyeri: Ezekyeri 2:1-5
- Kananiya: Yeremiya 28:17
- Danyeri: Matayo 24:15
- Balamu: 2 Peetero 2:15-16
- Amosi: Ebikolwa 7:42-43
- Seemu: 2 Ebyomumirembe 12:5
- Elisa: 1 Basekabaka 19:16
- Eliya: 1 Basekabaka 18:22
- Kaggayi Kaggayi 1:1
- Daudi: Ebikolwa 2:29-30
- Alooni: Okuva 7:1
- Azariya: 2 Ebyomumirembe 15:8
- Obeedi: 2 Ebyomumirembe 15:8
- Asafu: Zabuli 78:2

**Bannabbi abakazi ab'endagaano enkadde:**

- Miriamu: Okuva 15:20
- Debora: Ekyabalamuzi 4:4
- Kuluda: 2 Bassekabaka 22:14
- Nowadiya: Nekemiya 6:14
- Mukyala wa Isaaya: Isaaya 8:3

**Bannabbi ab'endagaano empya:**

- Yesu: Matayo 21:11
- Yokaana omubatiza: Matayo 11:7-11
- Agabo: Ebikolwa 11:27-28, 21:10
- Yudasi: Ebikolwa 15:32
- Siila: Ebikolwa 15:32
- Abakulembe b'e Antiokiya: Ebikolwa 13:1

**Bannabbi abakazi b'endagaano empya:**

- Ana: Lukka 2:36
- Muwala wa Firipo: Ebikolwa 21:8-9

Soma ku kuluɧɧamya kw'okukozesa obunnabbi ng'ekkanisa ekuɧɧaanidde wamu: 1 Abakolinso 14:29-31

## ABABUULIZI

> **Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi, n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala okuba abayigiriza. (Abaefeeso 4:11)**

Omubuulizi y'oyo abeera n'obusobozi obw'enjawulo obw'okubuulira enjiri abo abatali bakkiriza mu ngeri abantu bonna gye baba bazzeemu gyali olwo ne bafuuka abantu abali ekitundu kya Kristo ab'obuvunaanyizibwa. Amakulu g'ekigambo "omubuulizi" gali, "oyo aleeta amawulire amalungi." Ekigambo omubuulizi kyeyoleka emirundi essatu mu ndagaano empya. Mu Abaefeeso kiragibwa nga ky'ekimu ku birabo eby'enjawulo:

> **Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi, n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala okuba abayigiriza. (Abaefeeso 4:11)**

Timoseewo alagirwa okukola omulimu gw'obubuulizi:

> **Naye ggwe weefugenga mu bintu byonna, ogumirenga ebizibu, ng'okola omulimu ogw'omubuulizi w'enjiri, ng'otuukiririza ddala obuweereza bwo. (2 Timoseewo 4:5)**

Wadde ng'abakkiriza bonna balina okukola omulimu gw'obubuulizi era nga bagabanako obubaka bw'enjiri n'abalala, Katonda awa abamu ekirabo ky'obubuulizi. Eky'enjawulo Firipu y'omu kubalina ekirabo ky'okubuulira eky'enjawulo:

**Enkeera ne tweyongerayo okutuuka e Kayisaliya, ne tubeera mu maka ga Firipo Omubuulizi w'Enjiri, eyali omu ku badiikoni omusanvu abaasooka. (Ebikolwa 21:8)**

Mu butuufu Firipo ye yekka mu ndagaano empya gwe baawa ng'ekyokulabirako ky'omubuulizi w'enjiri. Enkola ze n'ekirabo kino zeeyolekera mu ebyo ebyaliwo ng'akyali mu Kristo. Firipo bwe yasisinkana Yesu kye yasooka okukola kwali kugabanako mawulire g'enjiri ne Nassanayiri:

**Firipo bwe yalaba Nassanayiri, n'amugamba nti, "Tulabye Yesu mutabani wa Yusufu ow'e Nazaaleesi, Musa ne bannabbi gwe baawandiikako."**

**Nassanayiri n'amuddamu nti, "Mu Nazaaleesi musobola okuvaamu ekintu ekirungi?" Firipo kwe kumuddamu nti, "Jjangu weerabireko. (Yokaana 1:45-46)**

Oluvannyuma Firipo kye yava alagirira Abayonaani abaali abayala mu mwoyo eri Yesu:

**Ne bajja eri Firipo eyava e Besusayida eky'omu Ggaliraaya, ne bamugamba nti, "Ssebo, twagala kulaba Yesu."**

**Firipo n'ategeeza Andereya, ne bagenda bombi okutegeeza Yesu. (Yokaana 12:21-22)**

Firipo yalondebwa ng'omuyigirizwa ( Matayo 10:3) era yaliyo mu kisenge ekya waggulu Omwoyo Omutukuvu ng'aggya (Ebikolwa 1:13). Firipu yayawulibwa omusajja omudinkoni w'ekkanisa (Ebikolwa 6:1-6) naye nga yateekebwawo Katonda ng'omubuulizi (Abaefeeso 4:11-12)

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Okweyongera okusoma ku buweereza bwa Firipo kijja kugaziya okumanya kwo ku kirabo eky'enjawulo ekyokubeera omubuulizi:

| | |
|---|---|
| - Obubaka bwe: | Ebikolwa 8:35 |
| - Okusumululwa, ebyamagero, okuwonya: | Ebikolwa 8:5-8 |
| - Yabatiza: | Ebikolwa 8:12, 36-38 |
| - Yabuulira (Obwakabaka bwa Katonda): | Ebikolwa 8:12 |
| - Ennyumba yatereezebwa: | Ebikolwa 21:8-9 |
| - Yatambula ng'abuulira enjiri: | Ebikolwa 8:4-5, 26, 40 |
| - Yasobola okusikiriza ebibinja: | Ebikolwa 8:6 |
| - Yatambula ebibuga byonna: | Ebikolwa 8:8 |
| - Yaweereza eri abantu: | Ebikolwa 8:27-38 |
| - Yakulemberwa Katonda: | Ebikolwa 8:26, 39 |
| - Yamanya ekigambo kya Katonda: | Ebikolwa 8:30-35 |
| - Yamanyika olw'obuweereza bwe obutuukiridde N'enziramu y'abantu: | Ebikolwa 8:5-6, 8, 12, 35-39 |

**ABASUMBA**

> **Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi, n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala okuba abayigiriza. (Abaefeeso 4:11)**

Wano wokka mu ndagaano empya ey'okuvvuunula okwa "King James." Ekigambo "Omusumba" mwe kirabikira. Ekigambo ky'oluyonaani "Omusumba" kitegeeza omulunzi (Endagaano empya yasooka kuwandiikibwa mu Luyonaani). Abasumba bakulembeze ababeera n'obuvunaanyizibwa obunene ennyo obw'embeera y'omwoyo ey'abakkiriza abali awamu. Olw'okuba ekigambo kitegeeza omulunzi, omusumba alina okugoberera eky'okulabirako ekyatekebwako Yesu Kristo ng'omusumba oba omulunzi w'abantu:

> **Kale, Katonda ow'emirembe eyazuukiza Mukama waffe Yesu, Omusumba w'endiga omukulu... (Abaebbulaniya 13:20)**

> **Era Omusumba Omukulu bw'alikomawo, muliweebwa engule ey'ekitiibwa ekitaliggwaawo. (1 Peetero 5:4)**

Yesu era yennyonnyolako nga omusumba omulungi era n'alaga n'egimu ku mirimu gy'omusumba mu Yokaana 10:1-18

Baibuli eyogera ku kifo ky'obulabirizi (1 Timoseewo 3). Abangi bakitwala nti kino ky'ekimu n'obusumba olw'ebiri mu nnyiriri zino ezaayogerwa Yesu:

> **Kubanga mwali muwabye ng'endiga, naye kaakano mukomezebbwaawo eri Omusumba era alabirira obulamu bwammwe. (1 Peetero 2:25)**

Ebisaanyizo by'omulabirizi, abakadde n'abadinkoni, byali bifo by'obukulembeze bw'ekkanisa eyasooka, bisaanye nabyo okutuukirizibwa oyo yenna aba akulembera abantu ng'omusumba: 1 Timoseewo 3:1-13

Obuvunaanyizibwa bw'omusumba buno buliwo okuliisa mu mwoyo n'okukuuma abo abali wansi w'obuweereza bwe. Kino kirina kukolebwa n'ebigendererwa ebirungi so si lwa kufuna nsimbi:

> **Mwekumenga era mukuumenga n'ekisibo kyonna Mwoyo Mutukuvu mwe yabateeka okuba abalabirizi okulabiriranga Ekkanisa ya Katonda gye yeegulira n'omusaayi gwe. (Ebikolwa 20:28)**

> **Mulundenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, mukiriisenga nga mukirabirira n'okwagala so si na kwemulugunya, nga mukolerera amagoba ag'obukuusa wabula olw'okujjumbira Katonda.**

> **Be mukulembera temubakambuwaliranga wabula mubakulemberenga nga mubalaga ekyokulabirako ekirungi.**

> **Era Omusumba Omukulu bw'alikomawo, muliweebwa engule ey'ekitiibwa ekitaliggwaawo. (1 Peetero 5:2-4)**

Ekigambo “omusumba” kikozesebwa mu ndagaano enkadde mu kitabo kya Yeremiya mwokka. Wano, Katonda awa okulabula eri abasumba:

> **...Abakulembeze ne banjeemera... (Yeremiya 2:8)**
>
> **Kubanga abasumba bafuuse ng’ensolo tebakyebuuza ku Mukama. Noolwekyo tebakulaakulana era endiga zaabwe zonna zisaasaanye. (Yeremiya 10:21)**
>
> **Abasumba bangi boonoonye ennimiro yange ey’emizabbibu, balinnyiridde ennimiro yange, ensi yange ennungi bagirese njereere.**
>
> **Eyonooneddwa efuuse ddungu esigadde awo ng’enkaabirira. Ensi yonna efuuse matongo kubanga tewali muntu n’omu agifaako. (Yeremiya 12:10-11)**
>
> **Zibasanze abasumba abazikiriza era abasaasaanya endiga z’ekisibo kyange!” bw’ayogera Mukama.**
>
> **Noolwekyo, bw’ati bw’ayogera Mukama, Katonda wa Isirayiri ebikwata ku basumba abalabirira abantu bange nti, “Kubanga musaasaanyizza abantu bange ne mubagoba ne mutabalabirira, nzija kubaleetako ebibonerezo olw’ebibi bye mukoze,” bw’ayogera Mukama. (Yeremiya 23:1-2)**

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Soma ku bisaanyizo by’okubeera omulabirizi oba omudinkoni mu kkanisa mu kitabo kya 1 Timoseewo 3:1-13. Era bino bikola n’eri oyo akola ng’omusumba. Soma ku bisaanyizo bya Yesu ng’omusumba omulungi alagibwa mu Yokaana 10:1-18

## ABASOMESA

> **Era y’omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n’abalala okuba bannabbi, n’abalala okuba ababuulizi b’enjiri, n’abalala okuba abasumba, n’abalala okuba abayigiriza. (Abaefeeso 4:11)**

Abasomesa be bakkiriza abalina obusobozi obw’enjawulo okwogera ekigambo kya Katonda obulungi mu ngeri nti abalala bayiga ne bateeka ne mu nkola ekigambo ekibasomeseddwa. Okusomesa kubaamu okutendeka si kutuusabutuusa bubaka. Baibuli eraga:

> **Era y’omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n’abalala okuba bannabbi, n’abalala okuba ababuulizi b’enjiri, n’abalala okuba abasumba, n’abalala okuba abayigiriza. (Abaefeeso 4:11)**
>
> **Era abamu Katonda yabateekawo mu kkanisa: abasooka be batume, abookubiri be bannabbi, n’abookusatu be bayigiriza... (1 Abakolinso 12:28)**
>
> **…oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza. (Abaruumi 12:7)**

Si buli mukkiriza nti afuna ekirabo ky’okusomesa. Paulo yabuuza;

**…Bonna bayigiriza? (1 Abakolinso 12:29)**

Eky'okuddamu kye eri ekibuuzo kino kyali "nedda." Katonda awa abamu ekirabo ky'okusomesa. Ekirabo ky'okubeera omusomesa kyawukanaka ku kirabo ky'okusomesa nga bwe kiri eky'enjawulo ku nnabbi n'okulagula. Ojja kwejjukanya ku kino mu Ebikolwa 13:1-4 yalaga abasomesa mu kifo ky'obukulembeze (ne bannabbi) mu kulungamya obuweereza bwa Paulo ne Balunnaba. Abakkiriza bonna tebalina kirabo kya kusomesa oba eky'okwogera ebisomesebwa. Naye ng'abakkiriza bonna balina okuteekebwa mu kusomesa obubaka bw'enjiri obukulu:

> **Newaakubadde nga kaakano mwandibadde musobola okuyigiriza abalala, kyetaaga okuddamu okubayigiriza, ebintu ebya bulijjo eby'amazima ebikwata ku kigambo kya Katonda.... (Abaebbulaniya 5:12)**

Abakkiriza abakulu bonna balina okwetaba mu kusomesa enjiri wadde balina ekirabo ky'okusomesa oba nga tebakirina (Olwa kino, Harvestime International Institute ky'eva ekuwa olusoma olw'enjawulo oluyitibwa, "Engeri z'okusomesa" okwongera okukulungamya mu kitundu kino).

Baibuli erabula ku basomesa abalimba. Bano be bantu abagamba nti balina ebirabo ky'okusomesa naye nga tebasomesa kigamba kya Katonda eky'amazima:

> **Naye waaliwo ne bannabbi ab'obulimba mu bantu, era nga bwe walibaawo abayigiriza ab'obulimba mu mmwe. Baliyingiza mu nkiso enjigiriza enkyamu etwala abantu mu kuzikirira. Balyegaana ne Mukama waffe, ne beereetako okuzikirira okw'amangu. (2 Peetero 2:1)**

> **Kubanga ekiseera kijja lwe baligaana okuwulira enjigiriza entuufu, era olw'okugoberera okwegomba kwabwe balyekuŋŋaanyiza abayigiriza, abalibayigiriza bye baagala, okuwulira. 4 Baligaana okuwuliriza eby'amazima, ne bagoberera enfumo obufumo. (2 Timoseewo 4:3-4)**

> **Kitaawo eyasooka yasobya, abakulembeze bo baanjemera. (Isaaya 43:27)**

2 Peetero n'ekitabo kya Yuda biraga ebintu kw'oyinza okutegeera abasomesa abakyamu. Kisobola okubeera n'ekigendererwa ekikyamu mu kusomesa n'enjigiriza enkyamu:

> **Basaanye okusirisibwa, kubanga boonoona buli maka, nga bayigiriza ebitabagwanidde, balyoke beefunire amagoba ag'obukuusa. (Tito 1:11)**

Abo abaasomesebwa ekigambo ekigambo kya Katonda balina okusomesa abakkiriza abeesigwa abanaasobola okusomesa abalala:

> **Oyo ayigirizibwa ekigambo kya Katonda, agabanirenga wamu n'amuyigiriza ku birungi byonna by'alina. (Abaggalatiya 6:6)**

> **Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g'abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)**

Eno y'enkola y'okweyongera okusoma nti, bw'eba egobereddwa, eyongera ku kubuna kw'enjiri okwetooloola ensi yonna.

Omuntu alina ekirabo ky'okusomesa eky'omwoyo aba tasomeseza mu magezi gaabantu:

> **Era ne mu bigambo bye twogera so si mu kuyigirizibwa okw'amagezi g'abantu, naye mu bigambo Omwoyo by'ayigiriza, ebintu eby'Omwoyo nga bikwatagana n'eby'Omwoyo.(1 Abakolinso 2:13)**

Omusomesa alina okubeera n'okutegeera wamu n'amagezi ag'obwa Katonda. Paulo alabula abo abali …

> **Beefuula bayigiriza b'amateeka ga Katonda, songa tebategeera bye boogera, wadde bye bakakasa. (1 Timoseewo 1:7)**

Alaga obukulu bw'okusomesa mu magezi:

> **Katonda bw'atyo bwe yasiima, alyoke amanyise Abaamawanga obugagga obw'ekitiibwa ky'ekyama ekyo. Ekyama ekyo ye Kristo abeera mu mmwe, era ly'essuubi ery'ekitiibwa.**
>
> **Kristo oyo gwe tutegeeza nga tuyigiriza buli muntu mu magezi gonna era nga tulabula buli omu, tulyoke twanjule buli muntu eri Katonda ng'atuukiridde mu Kristo. (Abakolosaayi 1:27-28)**

Abasomesa balina okubeera ekyo kye basomesa:

> **Kale ggwe ayigiriza abalala, lwaki toyinza kweyigiriza wekka? Ategeeza abalala obutabba, tobba?**
>
> **Ategeeza obutayenda, toyenda? Akyawa ebifaananyi, si ggwe onyaga eby'omu masabo? (Abaruumi 2:21-22)**

Abasomesa bajja kulamulibwa ku ekyo kye bayigiriza:

> **Abooluganda, abayigiriza tebasaanye kubeera bangi mu mmwe, kubanga mukimanyi nga ffe tulisalirwa omusango munene okusinga abalala. (Yakobo 3:1)**

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Soma ku by'okulabirako by'abasomesa bano ab'endagaano empya. Ani gw'olowooza nga yalina ekirabo ky'obusomesa eky'enjawulo (ekifo ky'obukulembeze mu kkanisa). Ani yandibadde n'ekirabo ky'okwogera kyokka mu kusomesa?

- Apolo: Ebikolwa 18:24-25
- Akula ne Pulisikira: Ebikolwa 18:26
- Paulo: Ebikolwa 20:20-21, 27, 21:28
- Atamanyiddwa: Ebikolwa 13:1
- Peetero: Ebikolwa 5:28-29

Weefunire ekitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, “Engeri z’okusomesa” kifaayo kunkola ezikozesebwa omusomesa ow’amaanyi, Yesu Kristo Mukama waffe.

**OBUKULEMBEZE OBUKOLERA AWAMU**

Ebirabo ebitaano eby’obukulembeze bikolera wamu mu buweereza bw’ekkanisa:

**Abatume**: Bongerayo enjiri mu bitundu eby’enjawulo ne bateekawo n’ebibinja by’abakkiriza ebitongozeddwa. Katonda awa obubonero n’ebyamagero eby’enjawulo okusobozesa omulimu gw’okubunyisa enjiri. Omutume awa obukulembeze obw’enjawulo mu makanisa g’atandikawo.

**Bannabbi**: Nabo bawa obukulembeze mu kkanisa. Obumu ku bukulu bwabwe kwe kuwa obubaka obw’enjawulo okuva ewa Katonda ng’abaluɧɧamizibwa Mwoyo Mutukuvu.

**Ababuulizi**: Bano batuusa enjiri mu ngeri nti abantu bagiwulira ne baikkiriza. Basobola okuweereza eri omuntu ssekinoomu oba eri ebibinja ebinene, naye obuweereza bwabwe butera kuleeta bakkiriza abapya. Abakkiriza bano bajjira wansi w’abatume, bannabbi, abasumba n’abasomesa mu kkanisa ababaluɧɧamya mu by’omwoyo. Eky’okulabirako kya Firipo mu Ebikolwa 8 kye kiraga kino. Yaleeta Abasamaliya eri Kristo, olwo n’abafuula abatume okwongera okusomesa.

**Abasumba**: Bano bakola obukulembeze okumala ebbanga eriwera nga bwe bafaayo eri abo ababa bakkiriza okuyita mu buweereza bw’abatume. Obuweereza bwabwe buli wansi w’okwagala okufaayo ennyo okw’omusumba n’endiga ye.

**Abasomesa**: Bano bongera okuwa ebiragiro okussukuluma ku ebyo ebiba biweereddwa ababuulizi b’enjiri. Basomesa abakkiriza okweyongera okukula mu mwoyo. Batendekayo abantu abeesigwa abanaasobola okusomesa abantu abalala.

Obuvunaanyizibwa bw’abo abalina ebirabo by’obukulembeze eby’enjawulo kwe kutendeka abakkiriza abalala okuzuula n’okukozesa ebirabo byabwe eby’omwoyo (Abaefeeso 4:11-16). Ekipande kino wammanga kiraga engeri ebirabo eby’enjawulo gye bikolera awamu mu kkanisa:

KATONDA

|

AWA

ABATUME, BANNABBI, ABABUULIZI, ABASUMBA, ABASOMESA

|

OLWA…

OKUTUUKIRIZA/OKUNYWEZA ABATUKUVU

ABANA

________________________

| |

WEEREZA OKUZIMBA

|

NE KIVIIRAKO

OBUMU OKUMANYA OKUTUUKIRIZA.

|

OMUBIRI GWA KRISTO GUBEERE

_______________________________

| |

NGA TEBAKYAALI BAANA BATO ABAKUZE MU YE

(Enjigiriza enkyamu) (Amazima)

|

EKIVAAMU EKYENKOMEREDDE

KWE KUKULA KWEBITUNDU BY'OMUBIRI OKUTUUKIRIDDE MU KWAGALA.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Leetayo ebirabo bitaano eby'obukulembeze ebiragiddwa mu ssuula eno.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
3. Lwaki biyitibwa ebirabo eby'enjawulo?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Soma ekikuweereddwa, bwe kiba kituufu oteeke T ku ntandikwa yaakyo ate bwe kiba kikyaamu oteekewo F.
   a…………………………………… Buli alagula tekiri nti alina ekirabo ky'obunnabbi eky'enjawulo.
   b………………………………….. Buli asomesa tekiri nti alina ekirabo ky'obusomesa eky'enjawulo.
   c…………………………………..Buli mukkiriza alina okusomesa enjiri eri abalala, naye tekitegeeza nti buli mukkiriza alina ekirabo ky'okusomesa.
5. Tunuulira ebirabo eby'enjawulo mu lukalala olusooka, osome n'ekinnyonnyola ekiri mu lukalala olw'okubiri. Wandiika ennamba ennyonnyodde ekirabo ky'omwoyo mu bbanga erirekeddwawo. Ekisoose kikuweereddwa nga kyakulabirako:

**Olukalala olusooka:**

………2……. Nnabbi.
……………..…. Omutume.
……………..…. Omusumba.
……………… Omubuulizi.
……………… Omusomesa.

**Olukalala olw'okubiri:**

1. Atumibwa n'obuyinza ku lw'abalala okuteekato ekkanisa N'okuzirabirira.
2. Ayogerera mu kulungamizibwa kw'obubaka obuva eri Katonda eri abantu be, era ng'ekifo ky'obukulembeze.
3. Agabanako enjiri n'abatali bakkiriza bafuuke ebitundu by'omubiri gwa Kristo eby'obuvunaanyizibwa. Oyo aleeta amawulire amalungi.
4. Aba n'obukulembeze okumala ebbanga eggwanvu n'okulabirira embeera y'abakkiriza. Ekigambo era kitegeeza omusumba.
5. Ayogera ekigambo kya Katonda mu ngeri nti abalala basobole okuyiga n'okukiteeka mu nkola era kiba kifo eky'obukulembeze.

6. Engabana y’ebirabo eby’omwoyo ey’emirundi ena ekozesebwa mu kuyigiriza kuno n’essuula eziddako y’eriwa?

……………………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………………..

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Ebirina okukolebwa olw'okweyongera okusoma bikuweereddwa ku buli kirabo ekinnyonnyoddwa mu ssuula eno. Kino kyakoleddwa okukusobozesa okusoma ku kirabo kinnakimu nga tonneeyongerayo kuyiga kiddako. Abakkiriza abalina ebirabo bakulembeze Katonda b'ataddewo mu kkanisa. Naye buno si bwe bukulembeze bw'ekkanisa bwokka Baibuli bweyogerako.

Ebifo by'abadinkoni n'abakadde byogerwako mu ndagaano empya. Ekifo ky'omulabirizi nakyo kyogerwako. Ekkanisa ezimu zitwala omulabirizi okubeera ng'omusumba. Abalala bakitwala ng'ekifo eky'enjawulo. Ebifo by'obukulembeze bino si by'ebimu n'ebirabo by'obukulembeze bye tusomyeko. Biba bifo eby'enjawulo ebiteekebwa mu kkanisa nga biluŋŋamizibwa Mukama.

Ebyaliwo mu kkanisa eyasooka Katonda yabiteekawo ng'ekyokulabirako kyaffe kye tugoberera ng'ekkanisa. Ebifo bino birina okuba nga bikolera ne mu kkanisa eya leero. Obukulu bw'ebifo bino kwe kuyambako abo abalina ebirabo by'obukulembeze ebinnyonnyoddwa mu ssuula eno. Kwe kugamba; Abatume, bannabbi, ababuulizi, Abasumba, Abasomesa. Kozesa ebimenyeddwa wammanga osome ku bifo by'obukulembeze bino.

**EBIFO BYO MU KKANISA:**

| **Omutwe:** | **Okujuliza:** | **Omulimu:** |
|---|---|---|
| Omulabirizi | 1 Timoseewo 3:1-7, Abafiripi 1:1 | Bangi batwala omulabirizi okuba |
| | Tito 1:5-9, 1 Peetero 5:2-3 | Omusumba, ennyiriri zino ziraga nti alina okubeera ng'akola okufaayo okunene eri ekibinja ky'abakkiriza. |
| Omudinkoni. | 1 Timoseewo 3:8-13, Abafiripi 1:1 | Ennyiriri zino ziraga okuweereza era |
| | Ebikolwa 6:1-7 | ziyamba. |
| Abadinkoni abakazi. | 1 Timoseewo 3:11, | |
| | Abaruumi 16:1-2. | Bano teboogerwako mu Baibuli mu ngeri ey'enjawulo. Ekkanisa ezimu zitutte enjogera eno kulw'abakazi b'abadinkoni. |
| Abakadde. | Ebikolwa 20:17, 28-32, 14:23, 15, | Ennyiriri zino ziraga abakadde abawa |
| | 16:4, 11:30, 1 Timoseewo 5:17 | obukulembeze bw'ekkanisa n'okusalawo |
| | 1 Peetero 5:1-4, Tito 1:5, | baweereza eri ebyetaago by'abakkiriza |

| | |
|---|---|
| Yakobo 5:14. | nebayambako ne mu kukuza n’okulabirira omubiri gw’abakkiriza. |

Wekkaanye: Ekigambo “abakadde” kisooka okukozesebwa mu Baibuli mu kitabo kya Okuva 3:16 okutegeeza abakulembeze ba Isirayiri. Waliyo ebijulira bingi ku bakadde ba Isirayiri mu Baibuli yonna. Abakadde bano banjawulo ku bifo by’obukulembeze nga bayitibwa abakadde b’ekkanisa eyasooka. Zonna ennyiriri ze tutadde wano ziraga abakadde b’ekkanisa so si bakadde ba Isirayiri.

Kizuule nti abakadde bakolera mu bukulembeze wamu n’ebirabo by’obukulembeze Katonda by’atadde mu kkanisa. Abakadde balina okuddukanya emirimu gy’ekkanisa awatali kwesigama ku bakulembeze ba Katonda: kwe kugamba, bannabbi, abatume, ababuulizi, abasumba, abasomesa. Katonda atadewo abakulembeze abatongole mu kkanisa. Omuntu y’alonda abakadde.

**EBISAANYIZO**

Baibuli eyogera ku bisaanyizo bya buli alina okubeera mu bifo bino mu kkanisa.

**ABALABIRIZI N’ABAKADDE:**

- Tewali kyakunenyezebwa (balina okuba n’ekifaananyi ekirungi nga tebavvoola kigambo kya Katonda: 1 Timoseewo 3:2, Tito 1:6, 7
- Omwami nga wa mukyala omu (bw’aba omufumbo, ateekwa kubeera n’omubeezi omu): 1 Timoseewo 3:2, Titus 1:6
- Mukkakkamu (nga wa kigero mu byonna): Tito 1:8, 1 Timoseewo 3:2
- Nga yeefuga (ng’ayolesa okwefuga mu mbeera zonna ez’obulamu n’enneeyisa): Tito 1:8
- Nga bategeera, beegendereza (abeegendereza, abafaayo, abagezi ng’ate bakozi): 1 Timoseewo 3:2, Tito 1:8
- Nga baaniriza (amaka nga maggule eri buli omu): 1 Timoseewo 3:2, Tito 1:8
- Nga basobola okusomesa (nga balina obusobozi bw’okutuusa ekigambo kya Katonda ku balala): 1 Timoseewo 3:2, Tito 1:9.
- Nga si batamiivu: 1 Timoseewo 3:3, Tito 1:7.
- Nga bagumiikiriza (ekikontana n’okuba ng’onyiiga mangu): 1 Timoseewo 3:3.
- Nga teyeyagaliza yekka (obutatambulira mu bibye byokka wabula okwagala ne bye bateesa): Tito 1:7
- Nga teyaakalokoka (alina okuba omukulu era ng’alina by’ayiseemu ng’omukkiriza): 1 Timoseewo 3:6
- Okwagala ekiba ekirungi (okuwagira ebyo eby’obwakatonda n’ebiruubirirwa bye): Tito 1:8
- Omwenkanya (ng’akwata bulungi ensonga z’abantu): Tito 1:8
- Ng’anywerera mu kigambo: Tito 1:9
- Mutukuvu (omutuukirivu, eyatukuzibwa ): Tito 1:8
- Nga teyeeweebuula (nga tamanyikiddwa mu bintu bya mululu gwa nsimbi, nga tayagala ssente): Tito 1:7, 1 Timoseewo 3:3
- Ng’afuga bulungi amaka ge (ateekwa okulaga obululembeze okutandikira mu maka ge): 1 Timoseewo 3:4-5

- Ng'alina abaana abakkiriza (ateekwa okuba n'abaana abafaayo ku bya Mukama nga tebamuwakanya): Tito 1:6
- Ekifaananyi ekirungi eri abali ebweru (ateekwa okubeera n'obujulizi obulungi eri abatali bakkiriza): 1 Timoseewo 3:7

**ABADINKONI:**

- Ekitiibwa (ateekwa okubeera ng'aweebwa ekitiibwa ate ng'ayolesa endowooza y'ekikulu n'ekifaananyi ekirungi): 1 Timoseewo 3:8
- Nga tebataataagana mu bigambo byabwe (nga tebawa alipoota zikontana ): 1 Timoseewo 3:8
- Atalulunkanira bintu (talina mulugube gwa ssente): 1 Timoseewo 3:8
- Ng'akuuma ekyama ky'okukkiriza: 1 Timoseewo 3:9
- Yagezesebwa (omuntu ayiseeko mu kugezesebwa okw'omwoyo n'ebikemo n'okukakasibwa nga mwesigwa): 1 Timoseewo 3:10
- Nga talina kyakunenyezebwa (nga talina kyakunenyezebwa mu kuvvoola n'empisa): 1 Timoseewo 3:10
- Musajja wa mukazi omu (bw'aba omufumbo abeere n'omubeezi omu): 1 Timoseewo 3:12
- Ng'akakasibbwa (nga teyaakalokoka wabula nga mukkiriza akakasibbwa): 1 Timoseewo 3:10

**ABADINKONI ABAKAZI:**

- Abakazi: 1 Timoseewo 3:11
- Wakitiibwa (ng'aweebwa ekitiibwa era ng'ayolesa endowooza y'ekikulu n'empisa ennungi): 1 Timoseewo 3:11
- Obutaba wa lugambo (nga tayogera ku balala mu ngeri etasaanidde): 1 Timoseewo 3:11
- Omukkakkamu (nga mwenkanya mu byonna): 1 Timoseewo 3:11
- Mwesigwa mu bintu byonna (mwesigwa yesigika mu bintu by'obulamu byonna): 1 Timoseewo 3:11
- Muyambi w'abangi (ateekwa okuweereza bonna ng'abayamba okuba nga batuuka ku bye beetaaga): Abaruumi 16:2

**ENSENGEKA Y'EKKANISA**

Ensengeka y'ekkanisa eya Baibuli eragibwa mu kifaananyi kino wammanga:

EKKANISA

|

Ebirabo by'obukulembeze eby'enjawulo

|

Abatume

|

Bannabbi

|

Ababuulizi

|

Abasumba

|

Abasomesa

(Abaefeeso 2:20-22)

|

(Nga bayambibwako ofiisi ez'enjawulo omuli abalabirizi, abadinkoni, abakadde na buli muntu ali ekitundu ku mubiri nga bakozesa ekirabo kyabwe eky'omwoyo mu kkanisa mu kifo Katonda ky'abataddemu)

|

Omusingi ogwateekebwawo abatume ne bannabbi: Abaefeeso 2:20

|

YAZIMBIBWA KU LWAZI- YESU KRISTO

Matayo 16:18, 1 Abakolinso 3:11, Abaefeeso 2:20

# ESSUULA EYOOMUSANVU

## EBIRABO BYA MWOYO MUTUKUVU EBY'OKWOGERA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuzuula ebirabo by'okwogera ebitaano.
- Okunnyonnyola ebirabo by'okwogera.
- Okwawula wakati w'ekigambo eky'amagezi n'ekigambo ky'okumanya.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Naye kaakano Katonda yakola ebitundu bingi eby'enjawulo n'alyoka abifuula omubiri gwaffe nga bwe yayagala. (1 Abakolinso 12:18)**

### ENNYANJULA

Ebirabo bitaano biweereddwa omutwe "ebirabo by'okwogera" kubanga byonna birimu okwogera:

- Obunnabbi
- Okusomesa
- Ekigambo ky'amagezi
- Ekigambo ky'okumanya
- Okugumya.

Ebirabo ebisooka ebibiri eby'okwogera, eky'obunnabbi n'okusomesa, by'ebimu n'ebirabo eby'enjawulo. Naye ebirabo by'okwogera eby'obunnabbi n'okusomesa si by'ebimu n'ebirabo by'obukulembeze eby'okubeera nnabbi oba omusomesa.

### OBUNNABBI

> **Omu, Omwoyo amuwa okukolanga ebyamagero, n'omulala n'amuwa okwogera eby'obunnabbi, ate omulala n'amuwa okwawulanga emyoyo emirungi n'emibi. Omulala amuwa okwogera ennimi ezitali zimu, n'omulala n'amuwa okuzivvuunula. (1 Abakolinso 12:10)**

Omuntu alina ekirabo ky'obunnabbi ayogera mu kuluŋŋamizibwa kwa Katonda okutuusa obubaka bwe eri abantu be. Obunnabbi bwannyonnyoddwa bulungi mu kitundu ky'ekirabo ky'okuba nnabbi. Buli kintu ekyogeddwako ku bunnabbi kikola ku kirabo ky'obunnabbi. Naye ekirabo ky'okwogera obwogezi tekitegeeza nti olina ekirabo ky'obwannabbi. Nga bwe wayizeeko, Katonda ataddewo bannabbi (abalina ekirabo ky'okulagula) mu bifo by'obukulembeze mu kkanisa.

Wadde nga balagula nga bannabbi, abantu abalina ekirabo ky’okulagula tebaba na kifo kya bukulembeze eky’obwannabbi. Batuusa butuusa bubaka bwa njawulo nga baluɧɧamizibwa Omwoyo Omutukuvu.

**OKUSOMESA**

> **Tulina ebirabo, ng’ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey’enjawulo, oba bunnabbi, ng’ekigera ky’okukkiriza bwe kiri.**
>
> **Oba buweereza, mu buweereza, oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza. (Abaruumi 12:6-7)**

Ensonga y’okusomesa yayigiriziddwa mu kitundu ekirimu ekirabo ky’okusomesa. Buli kintu ekyannyonnyoddwa kikola ne ku kirabo ky’okusomesa nga tekuli kifo kya bukulembeze.

Nga bwekiri mu ky’okulabirako kyabannabbi n’okulagula, ekirabo eky’okwogera mu kusomesa tekitegeeza nti omuntu alina ekirabo ky’obusomesa. Katonda ateekawo abasomesa (era abalina n’ekirabo ky’okusomesa) mu bifo by’obukulembeze mu kkanisa.

**OKUGUMYA**

> **Tulina ebirabo, ng’ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey’enjawulo, oba bunnabbi, ng’ekigera ky’okukkiriza bwe kiri. oba omulala okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n’obunyiikivu, n’omulala okulaga ekisa nga musanyufu. (Abaruumi 12:6, 8)**

Ekirabo ky’okugumya bwe busobozi bw’okusemberera abantu mu biseera by’obwetaavu nga beetaaga okubudaabudibwa mu ngeri entuufu n’e Kigambo kya Katonda. “Okugumya” kitegeeza okuzza omuntu wabbali n’osooka omuluɧɧamya, n’omuwabula, n’omukomyawo, n’omuzzaamu amaanyi oba okumugumya.

Okugumya bwe busobozi bw’okuwa omuntu amagezi oba okuwabulwa okw’omwoyo. Abantu abaalina ekirabo kino baweereza ebigambo ebigumya, ebinyweza, n’ebizzaamu amaanyi mu ngeri nti abalala bayambibwa. Ekyo mu mulembe guno ky’ekiyitibwa “ekirabo ky’okubudaabuda.”

Okugumya kwali kitundu ku nteekateeka y’Abatume eri ekkanisa:

> **Ne babuulira Enjiri mu kibuga ekyo, era abantu bangi ne bakkiriza. Ne baddayo mu Lusitula, ne mu Ikoniya, ne mu Antiyokiya.**
>
> **Ne babuulirira abakkiriza, nga babakubiriza banywerere mu kukkiriza, era ne babagamba nti, “Kitugwanidde okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda nga tuyita mu bibonoobono ebingi. (Ebikolwa 14:21-22)**

Baibuli esomesa engeri okugumya gye kulina okukolebwamu:

**NGA TAATA BW'AKOLA ERI ABAANA BE:**

> **Nga bwe mumanyi nga twali kitaawe wa buli omu ku mmwe nga kitaawe w'abaana bw'abeera eri abaana be. (1 Abasessaloniika 2:11)**

**NGA BAWA EKIRAGIRO N'OBUGUMIIKIRIZA:**

> **Buuliranga ekigambo kya Katonda, ng'oli mwetegefu mu kiseera ekituufu n'ekitali kituufu, ng'olaga ebikwekeddwa, ng'onenya, ng'ozaamu amaanyi, wakati mu kugumiikiriza, n'okubonaabona okungi, n'okuyigiriza. (2 Timoseewo 4:2)**

**OKUSINZIIRA KU NJIGIRIZA YA BAIBULI EY'OMUGUNDU:**

> **Ateekwa okuba omuntu anywerera ku kigambo ekyesigwa, alyoke asobole okunnyonnyola abantu enjigiriza entuufu, n'okulaga obukyamu bw'abo abagiwakanya. (Tito 1:9)**

**N'OBUYINZA BWONNA:**

> **Ebyo by'obanga oyigiriza abantu. Buuliriranga era nenyanga n'obuyinza bwonna. Omuntu yenna takunyoomanga. (Tito 2:15)**

**NNYO NNYINI DDALA NG'ENKOMERERO BW'ETUUKA:**

> **Tuleme kulekayo kukuŋŋaana, ng'abamu bwe bakola, naye buli muntu agumye munne, na ddala nga bwe mulaba nti, Olunaku lw'okudda kwa Mukama waffe lusembedde. (Abaebbulaniya 10:25)**

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Baibuli ewa ebyokulabirako by'abantu abaalina ekirabo ky'okubuulira n'okubudaabuda abalala. Soma bino okwongera okutegeera ekirabo kino:

- Balunabba: Ebikolwa 11:22-24
- Yuda ne Siira: Ebikolwa 15:32
- Paulo: Ebikolwa 14:22, 2 Abakolinso 9:5, 1 Abasessaloniika 4:1
- Yuda: Yuda 3

Omuntu alina okugumya omulala alina kuba na ndowooza etya? Laba 1 Abasessaloniika 2:11 ne 5:14

Nga babagumiza, bintu ki abantu bye baakubirizibwanga okukola?

1 Peetero 5:1-2 ______________________________________________________________

2 Timoseewo 4:1-4 ______________________________________________________________

1 Abasessaloniika 2:11-12 ______________________________________________________________

2 abasessaloniika 3:12 _________________________________________________

Soma ennyiriri zino omalirize ekipande:

| | **Ani** | **Yazzaamu ani amaanyi** |
|---|---|---|
| Ebikolwa 14:21-22 | __________________ | _______________________________ |
| Ebikolwa 16:40 | __________________ | _______________________________ |
| Ebikolwa 20:1 | __________________ | _______________________________ |
| 2 Abakolinso 1:3-7 | __________________ | _______________________________ |

## EKIGAMBO KY'AMAGEZI

> **Omu Omwoyo amuwa okwogera ekigambo eky'amagezi... (1 Abakolinso 12:8)**

Ekigambo ky'amagezi bwe busobozi bw'okufuna engeri gy'oyinza okuteeka mu nkola amagezi g'olina mu biseera eby'obwetaavu. Wadde wabaawo ebituufu ku mbeera, omuntu alina ekirabo kino aba asobola okufuna eky'okuddamu mu ngeri ey'amagezi.

Ekirabo ky'ekigambo ky'amagezi tekijja lwa kusoma. Ensibuko y'amagezi bwe gatyo ye Katonda:

> **...ne mu kutegeerera ddala obugagga bwonna obuli mu kumanya ekyama kya Katonda, ye Kristo. Mu Kristo mwe mukwekeddwa eby'obugagga byonna eby'amagezi n'okumanya. (Abakolosaayi 2:2-3)**

Yesu Kristo yayitibwa "amagezi ga Katonda:"

> **Naye eri abaayitibwa, Abayudaaya n'Abamawanga, Kristo ge maanyi ga Katonda, era amagezi ga Katonda. Kyokka ku bw'oyo muli mu Kristo Yesu, eyafuuka amagezi gye tuli okuva eri Katonda, bwe butuukirivu, n'okutukuzibwa, n'okununulibwa. (1 Abakolinso 1:24, 30)**

Amagezi ga Katonda sige gamu n'amagezi g'ensi:

> **Bwe muba n'omutima omukyayi ogujjudde n'obuggya, era nga mwefaako mwekka, temusaanidde kwewaana na kulimba nga mukontana n'amazima.**
>
> **Kubanga amagezi ng'ago tegava eri Katonda mu ggulu wabula ga ku nsi, era si ga mwoyo wazira ga Setaani.**
>
> **Kubanga buli awabeera obuggya n'okwefaako wekka, wabeerawo okutabukatabuka era n'ebikolwa ebirala ebibi byonna.**
>
> **Naye amagezi agava mu ggulu okusooka byonna malongoofu, era ga mirembe, gafaayo ku bantu abalala, mawulize, gajjudde okusaasira n'ebibala ebirungi, tegasosola mu bantu, era si gannanfuusi. (Yakobo 3:14-17)**

Bw'oba tolina kirabo kya kigambo ky'amagezi, osobola okukuza amagezi ag'omwoyo, osobola n'okugafuna ng'osomye ekigambo kya Katonda:

> **Kubanga okuva mu buto bwo wamanya Ebyawandiikibwa Ebitukuvu ebiyinza okukufuula ow'amagezi, n'olokolebwa olw'okukkiriza Kristo Yesu. (2 Timoseewo 3:15)**

Osobola okusaba Katonda amagezi:

> **Naye obanga omuntu yenna ku mmwe aweebuka mu magezi, asabenga Katonda agabira bonna atakayuka, galimuweebwa. (Yakobo 1:5)**

Amagezi gaweebwa abo ababeera mu bulamu obw'obwa Katonda:

> **Kubanga Mukama awa amagezi; era mu kamwa ke muvaamu okumanya n'okutegeera.**
>
> **Mukama aterekera abatuukirivu amagezi amalungi, era aba ngabo y'abo abatambulira mu bugolokofu. (Engero 2:6-7)**

Jjukira nti amagezi gano ag'omwoyo gali mu bakkiriza bonna si ge magezi ag'ekirabo ky'ekigambo eky'amagezi. Ekigambo ky'amagezi bwe busobozi obw'enjawulo obuweebwa Katonda okuyita mu Mwoyo Omutukuvu.

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Soma ebyo Paulo bye yawa ku magezi: 1 Abakolinso 2:1-13. Njawulo ki eri wakati w'amagezi g'awandiikako gombi? Ekigambo ky'amagezi ky'akolera nnyo mu bulamu bwe. Laba 2 Peetero 3:15-16, 1 Abakolinso 2:4-8.

Amagezi geeyolekera mu buweereza bwa Siteefano: Ebikolwa 6:3, 10.

Kabaka Sulemaani ky'ekyokulabirako ky'amagezi ekisingayo mu ndagaano enkadde: 1 Bassekabaka 3:5-28.

Soma ekitabo kya Engero. Kyawandiikibwa Kabaka Sulemaani era y'engeri erabikako ey'okuteeka mu nkola amagezi ag'omwoyo.

Soma Yakobo 3:17. Leetayo embala z'amagezi g'obwakatonda.

Soma eby'okulabirako by'ekigambo ky'amagezi ekiri mu nkola:

- Lukka 2:40-52, 21:15
- Ebikolwa 5:26-33 (Laba amagezi agali mu njogera eya "Tusaanidde okugondera Katonda so si abantu")
- Ekyamateeka 34:9
- Okuva 36:1-2

## EKIGAMBO KY'OKUMANYA

**Omu Omwoyo amuwa okwogera ekigambo eky'amagezi, omulala Omwoyo oyo omu n'amuwa okuyiga n'ategeera. (1 Abakolinso 12:8)**

Ekigambo ky'okumanya bwe busobozi bw'okutegeera ebintu abalala bye batamanyi era bye batasobola na kuba nabyo n'okugabanako okumanya kuno okuyita mu kuluŋŋamizibwa okw'omwoyo. Ng'ekigambo ky'amagezi, tekiyitibwa, "kirabo kyakumanya. Kiba kirabo ky'ekigambo kya Katonda ky'okumanya. Si kwe kumanya kwa Katonda okw'enkomeredde, naye Katundu butundu ak'okumanya kwe.

Ensibuko y'okumanya kuno okw'omwoyo ye Katonda:

**Mu Kristo mwe mukwekeddwa eby'obugagga byonna eby'amagezi n'okumanya. (Abakolosaayi 2:3)**

**Kubanga muntu ki ategeera eby'omuntu omulala okuggyako omwoyo w'omuntu oyo ali mu ffe? Noolwekyo n'ebintu bya Katonda tewali abimanyi okuggyako Omwoyo wa Katonda.**

**Era kaakano ffe tetwafuna mwoyo wa ku nsi, wabula Omwoyo eyava eri Katonda, tulyoke tumanye ebintu Katonda bye yatuwa obuwa.**

**Era ne mu bigambo bye twogera so si mu kuyigirizibwa okw'amagezi g'abantu, naye mu bigambo Omwoyo by'ayigiriza, ebintu eby'Omwoyo nga bikwatagana n'eby'Omwoyo.**

**Omuntu obuntu tasobola kufuna bintu bya Mwoyo wa Katonda, kubanga busirusiru gy'ali, era tasobola kubimanya, kubanga bikeberwa Mwoyo. (1 Abakolinso 2:11-14)**

Ekirabo ky'ekigambo ky'okumanya kwe kumanya okw'okubikkulirwa Katonda. Kwe kumanya okufunibwa okuyita mu kusoma oba okuyiga.

Yesu bwe yabuuza Peetero ekibuuzo eky'omwoyo n'amuddamu n'ekigambo ky'okumanya. Yesu yagamba:

**Yesu n'amugamba nti, "Olina omukisa Simooni, omwana wa Yona, kubanga ekyo Kitange ali mu ggulu y'akikubikkulidde, so tokiggye mu bantu. (Matayo 16:17)**

Ekirabo ky'ekigambo ky'omwoyo kirina okukozesebwa mu bukkakkamu kubanga si ggwe nsibuko y'okumanya. Katonda y'ensibuko:

**Kale ku nsonga ey'okuwaayo ssaddaaka eri bakatonda abalala: tumanyi nti byonna tubitegeera. Naye okwerowooza nti tumanyi kuleeta okwekuluntaza naye okwagala kuzimba.**

**Omuntu alowooza nti amanyi, aba alaga nga bw'atannamanya era nga bwe kimugwanira okumanya. (1 Abakolinso 8:1-2)**

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Eby'okulabirako by'endagaano empya ku kigambo eky'okumanya by'olina okwongera okusomako:

- Yesu: Yokaana 1:48, 4:17-18, 11:4
- Simyoni: Lukka 2:25-35
- Ananiya ne Safira: Ebikolwa 5:1-11
- Paulo: Ebikolwa 27:13-44
- Peetero: Ebikolwa 5:1-10, 8:23, 10:19
- Ananiya: Ebikolwa 9:1-18

Wekkaanye mu kitundu kino nti Ananiya:

- Yamanya Paulo gye yali: Olunyiriri 11
- Yamanya nti yali asaba: Olunyirii 11
- Yamanya nti ali afunye okwolesebwa: Olunyiriri 12
- Yamanya nti yali kibya ekyalondebwa: Olunyiriri 15
- Yamanya nti yali wa kubonaabona: Olunyiriri 16
- Yamanya nti yajja okuba omujulirwa: Olunyiriri 15

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………….
2. Ebirabo eby'okwogera ebitaano by'ebiriwa?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Soma ku birabo by'okwogera mu lukalala olusooka. Soma ku kunnyonnyola okuli mu lukalala olw'okubiri. Wandiika enamba y'ekinnyonnyola ekirabo ekyo mu kabanga akalekeddwawo:

| **Olukalala olusooka:** | **Olukalala olw'okubiri:** |
|---|---|
| _____ Okubuulira. | 1. Ayogerera mu kuluŋŋamizibwa kwa Katonda mu kutuusa obubaka obw'ekiseera eri abantu be. |
| _____ Obunnabbi. | 2. Ebigambo by'okugumya n'okuluŋamya. |
| _____ Ekigambo ky'amagezi. | 3. Obusobozi bw'okutendeka abalala mu kigambo kya Katonda. |
| _____ Okusomesa. | 4. Engeri y'okuteeka mu nkola okumanya mu biro by'obwetaavu. |
| _____ Ekigambo ky'okumanya. | 5. Obusobozi bw'okutegeera ebintu abalala bye batasobola kutegeera n'okubigabanako mu kuluŋŋamizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu |

4. Saza ku ky'okuddamu ekituufu omaleyo sentensi. Abakkiriza bawa ekigambo ky'amagezi oba okumanya nga:
   a. okuddamu bye baasomye.
   b. Okugezaako okulowooza ekintu Katonda ky'ayinza okwagala boogere.
   c. Mwoyo Mutukuvu ng'abawa ekigambo ky'okwogera.
5. Enjogera eno ntuufu oba nkyamu? Ebirabo by'ekigambo ky'amagezi n'ekigambo ky'okumanya by'ebimu. Enjogera eno……………………………………………………………………………………………….

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

Okweyongera okusoma ku ssomo lino kukuweereddwa ku buli awannyonnyoleddwa ekirabo ky'okwogera mu ssuula eno. Kino kyakolebwa okumaliriza okusoma kuno ku buli kirabo nga tonnaba kudda ku kirala.

# ESSUULA EYOOMUNAANA

## EBIRABO BY'OBUWEEREZA EBYA MWOYO MUTUKUVU

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuzuula ebirabo omwenda eby'obuweereza ebya Mwoyo Mutukuvu.
- Okunnyonnyola enjawulo eri wakati w'ekirabo ky'okuweereza n'ekirabo ekiyamba.
- Okunnyonnyola enjawulo eri wakati w'ekirabo ky'okukulembera n'ekirabo ky'obukulembeze.
- Okwawula wakati w'ekirabo ky'okukkiriza n'ekibala eky'okukkiriza.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Ne buli ayagala okuba omwami mu mmwe, asaana abeere muddu wa banne bonna. (Makko 10:44)**

**ENNYANJULA**

Waliyo ebirabo by'omwoyo mwenda bye tuyinza okuyita, "ebirabo by'obuweereza." Ebirabo bino si by'ebifo ebitongole nga: abatume, bannabbi, ababuulizi, abasumba, oba abasomesa. Si birabo bya kwogera. Omuntu w'ayimirira eri ekkanisa n'aweereza ekigambo kya Katonda. Era si bya bubonero (by'osomako mu ssuula eddako) ebiweebwa okukakasa amazima g'enjiri.

Ebirabo bino omwenda "biweereza" ekkanisa mu kutegeka, okuteekateeka n'okuyambako mu bintu eby'omwoyo n'ebikolebwa.

Ebirabo omwenda eby'obuweereza bye:

- Okwawulanga emyoyo.
- Obukulembeze
- Okufuga
- Okukkiriza
- Okuwaayo
- Abayamba
- Obuweereza
- Okusaasira
- Okusembeza

**OKWAWULANGA EMYOYO**

**Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna, ate omulala n'amuwa okwawulanga emyoyo emirungi n'emibi… (1 Abakolinso 12:7-10)**

Okwawulanga emyoyo bwe busobozi bw'okwekennenya abantu, enjigiriza, n'embeera oba nga bya bwa Katonda oba Sitaani. Okwawulanga emyoyo tekulina kubuzaabuzibwa na myoyo ejjinenya. Ekirabo kiba kirabo kya mwoyo. Ebintu by'omwoyo tebisobola kutegeerebwa na ndowooza ya muntu:

> **Omuntu obuntu tasobola kufuna bintu bya Mwoyo wa Katonda, kubanga busirusiru gy'ali, era tasobola kubimanya, kubanga bikeberwa Mwoyo. (1 Abakolinso 2:14)**

Ekirabo kino kikugirwa ku kwawula emyoyo. Si kwawula bwawuzi okutwaliza awamu. Ekirabo kino kiyamba ekkanisa okuzuula abantu abayinza okugyawulamu n'ebigendererwa ebikyamu, enjigiriza, n'endowooza.

Okwawulanga emyoyo kirabo kya mugaso nnyo kubanga abalabe be tulwanyisa tebalabibwa na maaso ga bantu. Bategeerebwa okuyita mu kwawula okw'omwoyo:

> **Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu. (Abaefeeso 6:12)**

Emu ku nkola Sitaani z'akozesa bwe bulimba. Eno y'ensonga lwaki okwawula kwetaagisa:

> **Naye ekyo tekyewuunyisa, kubanga Setaani yeefuula nga malayika ow'omusana.**
>
> **Noolwekyo abamuweereza bwe beefuula ng'abaweereza b'obutuukirivu tekitwewuunyisa. Ku nkomerero bagenda kubonerezebwa ng'ebikolwa byabwe biri. (2 Abakolinso 11:14-15)**

Nga bwe tusemberera okudda kwa Mukama waffe Yesu, emyoyo gino egy'obulimba gijja kweyongera:

> **Mwoyo Mutukuvu ayogera lwatu nti mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo abaliva mu kukkiriza, nga bagoberera emyoyo egiwubisa, n'enjigiriza ya baddayimooni. (1 Timoseewo 4:1)**

Omutume Peetero yalabula:

> **Naye waaliwo ne bannabbi ab'obulimba mu bantu, era nga bwe walibaawo abayigiriza ab'obulimba mu mmwe. Baliyingiza mu nkiso enjigiriza enkyamu etwala abantu mu kuzikirira. Balyegaana ne Mukama waffe, ne beereetako okuzikirira okw'amangu.**
>
> **Abantu bangi baligoberera empisa zaabwe ez'obukaba ne bavumaganyisa ekkubo ery'amazima. (2 Peetero 2:1-2)**

Bw'oba tolina kirabo kya kwe yawulira myoyo tolekeddwa wekka. Katonda ataddewo ekkubo ly'okugezesa emyoyo. Ekigezo kino kikola oba olina ekirabo kino eky'okwawula oba nedda:

> **Abaagalwa, temukkirizanga buli myoyo, naye musookenga okugyetegereza mulabe obanga givudde eri Katonda, kubanga kaakano waliwo bannabbi ab'obulimba bangi mu nsi.**
>
> **2 Eno y'engeri gye tutegeeramu Mwoyo wa Katonda: buli ayatula nti Yesu Kristo yafuuka omubiri, ng'ava eri Katonda, oyo y'alina Mwoyo wa Katonda.**

> **Naye buli mwoyo ogutayatula Yesu nga teguvudde eri Katonda. Ogwo gwe mwoyo ogw'omulabe wa Kristo, gwe mwawulira nti ajja mu nsi, era amaze okutuuka. (1 Yokaana 4:1-3)**

Osobola okuyiga okukozesa empulira z'omwoyo gwo osobole okwawula wakati w'ekirungi n'ekibi. Empulira zino ez'omwoyo zikula olw'okusoma ekigambo kya Katonda:

> **Kubanga omuntu bw'aba ng'akyanywa mata, aba akyali mwana muto. Aba tannategeera kigambo kikwata ku by'obutuukirivu.**
>
> **Naye emmere enkalubo ya bakulu, abeeyigirizza okwawulanga ekirungi n'ekibi. (Abaebbulaniya 5:13-14)**

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Bino wammanga byakulabirako ebijuliza ekirabo ky'okwawulanga emyoyo:

- Yesu: Matayo 16:21-23, Yokaana 1:47, Lukka 9:55
- Paulo: Ebikolwa 13:6-12, 16:16-18
- Peetero: Ebikolwa 5:1-11, 8:18-24

(Mu Ebikolwa 8:18-24, kiki ekyo ekisuubirwa okuva mu kukozesa ekirabo ky'okwawulanga emyoyo)

## OBUKULEMBEZE

> **Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri. oba omulala okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n'obunyiikivu, n'omulala okulaga ekisa nga musanyufu. (Abaruumi 12:6, 8)**

Ekirabo ky'omwoyo eky'obukulembeze bwe busobozi bw'okuteekawo ebiruubirirwa okusinziira ku kiruubirirwa kya Katonda n'okumanyisa abalala ebiruubirirwa bino ku lw'ekitiibwa kya Katonda.

Obukulembeze bwogerwako mu Abaruumi 12 ekikakasa ekirabo kino be bantu okuba nga bakulembera n'okwewaayo. Okwewaayo kitegeeza okulaga okufaayo n'amaanyi g'okutuukiriza ekyo ky'okola. Kitegeeza okuba ow'omugaso, okussaayo omwoyo n'okugumiikiriza.

Omuntu alina ekirabo ky'obukulembeze ateekwa okukulembera obulungi amaka ge:

> **Kubanga omuntu atasobola kufuga maka ge, alisobola atya okulabirira ekkanisa ya Katonda? (1 Timoseewo 3:5)**

Kino kituufu eri n'oyo alina ekirabo ky'okufuga. Abakkiriza balina okuwa ekitiibwa abo abakulembeze abali mu kkanisa:

> **Kaakano tubeegayirira abooluganda, mumanye abafuba okukola emirimu mu mmwe era ababakulembera mu Mukama waffe era abababuulirira.**

**Mubassengamu nnyo ekitiibwa mu kwagala olw'omulimu gwabwe. Mubenga bantu ba mirembe. (1 Abasessaloniika 5:12-13)**

Tugambibwa oku………..

**Muwulirenga abakulembeze bammwe era mubagonderenga, kubanga obuweereza bwabwe kwe kulabirira emyoyo gyammwe, balyoke bakikole n'essanyu nga tebeemulugunya. Kubanga bwe babeemulugunyiza tekibagasa mmwe. (Abaebbulaniya 13:17)**

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Abakulembeze abasatu ab'amaanyi mulimu: Musa, Yoswa, ne Daudi. Emboozi ya Musa esangibwa mu bitabo bino: Okuva n'e Ekyamateeka. Emboozi ku Yoswa eri mu kitabo kya Yoswa. Osobola okusoma ku Daudi mu bitabo bya 1 ne 2 Samwiri.

Abakulembeze ab'amaanyi abalala baali:

- Nekemiya: Mu kitabo kya Nekemiya.
- Ezera: Ezera ne Nekemiya
- Peetero: Ekitabo kya Ebikolwa.

**OBUFUZI**

**Era abamu Katonda yabateekawo mu kkanisa: abasooka be batume, abookubiri be bannabbi, n'abookusatu be bayigiriza, ne kuddako abakola eby'amagero, ne kuddako abalina ebirabo eby'okuwonya endwadde, n'okuyamba abali mu kwetaaga, abakulembeze, era n'aboogezi b'ennimi. (1 Abakolinso 12:28)**

Ekirabo ky'okufuga ekiyitibwa "obuyinza" mu Baibuli. Omuntu alina ekirabo ky'okufuga aba n'obusobozi bw'okuluŋŋamya, okutegeka, n'okukola okusalawo ku lw'abalala. Amakulu g'ekigambo obufuzi ge gamu n'ekigambo ekikozesebwa ku mugoba w'ekyombo. Ekigambo ky'ekimu kikozesebwa ne mu Baibuli:

**Abasajja b'e Sidoni ne Aluwadi be baakubanga enkasi, n'abasajja bo abamanyirivu, ggwe Ttuulo, be baali abalunnyanja. (Ezeekyeri 27:8)**

Omuntu alina ekirabo kino avunaanyizibwa okuluŋŋamya n'okusalawo. Nga omugoba w'ekyombo ayinza obutaba nnyini kyombo, naye kimwesigisiddwa n'obuvunaanyizibwa bw'okukiruŋŋamya ku lugendo lwa kyo.

Ebirabo by'obukulembeze n'obufuzi byombi mubaamu okukozesa obukodyo obutongole mu kutuukiriza ebiruubirirwa by'omwoyo. Bulijjo omukkiriza ajja kuba n'ebirabo by'obukulembeze n'obufuzi. Omuntu bw'aba n'ekirabo ky'okufuga naye nga talina kirabo kya bukulembeze ajja kwetagaayo omuntu alina ekirabo ekyo okukolera awamu naye.

Omuntu alina ekirabo ky'obufuzi alina obusobozi bw'okuluŋŋamya, okutegeka n'okusalawo. Naye awatali kirabo kya bukulembeze taliba na busobozi bwa kusikiriza oba n'okukolera awamu n'abantu okubaako n'ebiruubirirwa ebituukirira.

Abasumba n'abasomesa bulijjo balina ekirabo ky'omwoyo eky'okukulembera. Basobola okusikiriza abantu okutuukiriza abantu okutuukiriza ebiruubirirwa eby'omwoyo. Naye bangi ku bo tebalina kirabo kya kufuga. Wadde basikiriza, balemererwa okutegeka mu ngeri ey'okutuukiriza ebiruubirirwa.

Enkolagana ya Tito ne Paulo eraga eky'okulabirako ku ngeri ekirabo ky'obufuzi bwe kikola. Awamu n'ebirabo ebirala, Paulo yalina ekirabo ky'obukulembeze eky'enjawulo eky'okuba omutume. Yatandikawo ekkanisa y'e Kuleete, olwo Tito n'agitegeka n'okugiruŋŋamya:

> **Kyennava nkuleka mu Kuleete, olyoke otereeze ebyo ebyetaaga okutereeza, era otekewo n'abakaddea b'ekkanisa mu buli kibuga, nga bwe nakulagira. (Tito 1:5)**

Paulo yali yalonda Tito okufuga amakanisa g'e Kuleete. Paulo yali akyalina obuyinza ku makanisa. Tito yali mufuzi ng'awa ebiragiro bye. Okusinziira ku kitundu kino, ogumu ku migaso gy'obufuzi kwe kutendeka abakkiriza abalala mu bifo by'obukulembeze mu kkanisa.

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Soma obuzibu obunnyonnyolwa mu Ebikolwa 6:1-7. Obuzibu bwe buli wa? Ani yakozesa ekirabo ky'obukulembeze kino? Ani yandibadde n'ekirabo ky'okufuga?

Soma Lukka 14:28-30. Wekkaanye obukulu bw'okutegeka n'okuteekaateeka. Bino nabyo bitundu by'enfuga ennungi.

Soma ku bulamu bwa Yusuufu mu Oluberyeberye 37-50. Yusuufu yalina ekirabo ky'obufuzi. Yategeka era n'aluŋŋamya Abamissiri ku lwa Falaawo. Laba Ebikolwa 7:9-10.

## OKUKKIRIZA

> **Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna.  Omulala Omwoyo y'omu n'amuwa okukkiriza… (1 Abakolinso 12:7-9)**

Omuntu alina ekirabo ky'okukkiriza aba alina obusobozi obw'enjawulo obw'okukkiriza n'obuvumu obutali bwa bulijjo n'okwesiga Katonda mu mbeera enzibu. Kukkiriza kwanjawulo okusisinkana ebyeetaago. Amanya nti Katonda agenda kukola ebitasoboka. Ayolesa okukkiriza kuno nga n'abakkiriza abamuli okumpi tebakyakkiriza. Baibuli ennyonnyola okukkiriza kuno nga:

> **...kwe kukakasa ebyo bye tusuubira, bwe butabaamu kakunkuna newaakubadde nga tebirabika.(Abaebbulaniya 11:1)**

Enzivvunuula ya Baibuli eya "Amplified" eyongerezaako n'ennyonnyola:

> **Okukkiriza kwe kukakasa ebyo bye tusuubira, bwe butabaamu kakunkuna newaakubadde nga tebirabika. (Abaebbulaniya 11:1)**

Okukkiriza kuwa okukakasa nti ebintu ebyasuubizibwa mu maaso bituufu n'ebyo ebitalabika nga byaddala.

Waliyo ebika by'okukkiriza eby'enjawulo. Waliyo okukkiriza okw'okwesiga ebintu ebirabikako. Baibuli eyogera ku kukkiriza okutukuza (Abaggalatiya 2:20), okukkiriza okwobukuumi (Abaefeeso 6:16), n'okukkiriza okulokola (Abaruumi 5:1)

Baibuli eraga nti waliyo emitendera gy'okukkiriza egy'enjawulo. Yesu yayogera ku bantu abatakozesa kukkiriza kwabwe nga bwe bataalina kukkiriza (Matayo 17:17). Yayogera ku abo abaalina okukkiriza okutono (Matayo 6:30, 8:26, 14:3, Lukka 12:28) n'abo abaalina okukkiriza okw'amaanyi (Matayo 8:10, 15:28, Lukka 7:9)

Baibuli esomesa nti buli muntu alina ekigera ky'okukkiriza ekyamuweebwa ng'ekirabo okuva eri Katonda (Abaruumi 12:36). Era esomesa nti tulokolebwa lwa kukkiriza (Abaefeeso 2:8). Naye ekirabo ky'okukkiriza buba busobozi obutali bwa bulijjo okukkiriza nti Katonda mu buli kanyomero k'obulamu. Okukkiriza kuno tekumanya bitasoboka. Tekukugirwa ekyo Katonda ky'ayinza okukola:

**Noolwekyo okukkiriza kujja olw'okuwulira ekigambo kya Kristo. (Abaruumi 10:17)**

Okukkiriza kulagibwa mu Abaggalatiya 5:22 ng'ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu era ng'ekirabo. Okukkiriza ng'ekirabo kya Mwoyo kitegeeza amaanyi. Ng'ekibala kitegeeza embala. Okukkiriza ng'ekirabo kiba kikolwa.

Bwe busobozi bw'okukolera mu kukkiriza awali ebitasoboka. Okukkiriza kibala kya ndowooza. Kukuzibwa okuyita mu kukula okw'omwoyo ng'ekibala kyonna mu nsi ey'omubiri bwe kikulira mu mitendera gyakyo.

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Soma Abaebbulaniya 11. Essuula eno ewa eby'okulabirako by'abo abaalina okukkiriza okw'amaanyi. Kola olukalala lw'ebintu abantu bano bye baatukako olw'okukkiriza:

- Ibulayimu ayitibwa omusajja ow'okukkiriza: Abaruumi 4:16-21, Abaebbulaniya 11:18-19
- Siteefano yalina ekirabo ky'okukkiriza: Ebikolwa 6:5-8
- Balunabba naye yakirina: Ebikolwa 11:22-24
- Paulo yayolesa okukkiriza okw'amaanyi: Ebikolwa 27
- Okukkiriza kukakasa ebitasoboka: 1 Abakolinso 13:2

**OKUWAAYO**

**Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri.**

**Oba omulala okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n'obunyiikivu, n'omulala okulaga ekisa nga musanyufu. (Abaruumi 12:6, 8)**

Omuntu alina ekirabo ky'okugaba alina obusobozi obw'enjawulo okugaba n'ebintu ebikalu awamu n'essente ku lw'omulimu gwa Mukama. Akikola mu ssanyu n'okuyaayaana. Ekirabo ky'okuwaayo era kibaamu okugaba ebiseera, amaanyi ne ttalanta okukola omulimu gwa Mukama. Ekyetaago ky'oyo awaayo kiri kimu nti akikole nga bw'ayanguyirwa.

Ekigambo nga bw'ayanguyirwa nga bwe kikozeseddwa wano kitegeeza mu ddembe. Abakristaayo bonna balina okuwaayo eri omulimu gwa Mukama:

> **Buli omu akola nga bw'asazeewo mu mutima gwe, si lwa nnaku, newaakubadde olw'okuwalirizibwa, kubanga Katonda ayagala oyo agaba n'essanyu. (2 Abakolinso 9:7)**

Abakkiriza bonna balina okuwa ekimu eky'ekkumi ku bye bayingiza. Ekimu eky'ekkumi kye 10% eky'ekyo kye bafuna. Abakkiriza bwe batawa bimu bya kkumi n'ebiweebwayo awo baba banyaga Katonda:

> **Omuntu alinyaga Katonda? Naye mmwe munnyaga. Kyokka mugamba nti, 'Tukunyaga tutya? Mu biweebwayo ne mu kimu eky'ekkumi. (Malaki 3:8)**

Katonda asuubizza omukisa ogw'enjawulo eri abo abawaayo ebimu by'ekkumi ku bye bayingiza:

> **Muleete ekimu eky'ekkumi ekijjuvu mu nnyumba yange, ennyumba yange ebeeremu emmere, era mungezese," bw'ayogera Mukama ow'Eggye, "obanga siribaggulirawo ebituli eby'omu ggulu, ne mbawa omukisa ne gutabaako ne we guligya.**
>
> **Kale ndikuuma ennimiro zammwe ne zitazikirizibwa balabe; so n'omuzabbibu gwammwe ne gutakunkumula bibala byagwo ebitannatuuka kwengera," bw'ayogera Mukama ow'Eggye.**
>
> **"Era amawanga gonna galibayita ba mukisa: kubanga muliba nsi esanyusa, kino ky'ekisuubizo," bw'ayogera Mukama ow'Eggye. (Malaki 3:10-12)**

Okusinziira ku kitundu kino, abo abawaayo basuubizibwa:

1. Omukisa ogw'omuyiika okuva ewa Katonda nga gw'amaanyi nga tebasobola na kugumalawo: Olunyiriri 10
2. Omukisa ku mulimu ogubaweesa ensimbi: Olunyiriri 11
3. Balibeera mukisa eri amawanga g'ensi: Olunyiriri 12.
4. Ensi zaabwe (eggwanga) zijja kuweebwa omukisa: Olunyiriri 12

Katonda akuwa omukisa mu by'ensimbi okusinziira ku kugaba kwo. Agabirira okukusobozesa okufuna ensimbi z'okuwaayo eri omulimu gwa Mukama:

> **Naye mujjukire nti, "Asiga ekitono alikungula kitono, naye asiga ekinene alikungula kinene.**
>
> **Katonda ayinza okwaza ekisa kyonna gye muli, bulijjo mubeerenga n'ebibamala byonna mu buli kintu nga musukkirira mu mulimu gwonna omulungi. (2 Abakolinso 9:6, 8)**

Yesu era yasuubiza:

> **Mugabenga nammwe muliweebwa. Ekigera ekirungi ekikattiddwa, ekisuukundiddwa, eky'omuyiika kiribakwasibwa. Kubanga ekigera kye mugereramu nammwe mwe muligererwa. (Lukka 6:38)**

Engeri gy'oyinza okufunamu ssente oba ebintu ebikalu by'owaayo ennyonnyolwa mu Abaefeeso:

> **Abadde omubbi alekeraawo okubba, wabula anyiikirenga okukola eby'omugaso ng'akola n'emikono gye, alyoke afune ky'agabirako n'abo abeetaaga. (Abaefeeso 4:28)**

Paulo yaddamu okusinziira ku kuwaayo kwa abakkiriza b'e Firipi:

> **Naye kaakano nfunye bingi okusinga bye neetaaga, kino kisinzidde mu ebyo bye mwampeereza, Epafuladito bye yandeetera. Biri ng'akaloosa akalungi ennyo aka ssaddaaka esanyusa era esiimibwa Katonda. (Abafiripi 4:18)**

Yakiraga kubanga ebirabo byabwe byali ssaddaaka nti baasiimibwa Katonda. Awo n'agamba abakkiriza bano abawaayo:

> **Kale ne Katonda wange alibawa buli kye mwetaaga ng'obugagga bwe obungi obuli mu Kristo Yesu bwe buli. (Abafiripi 4:19)**

Ekisuubizo kyakolebwa eri abo abaali bawaddeyo eri omulimu gwa Mukama. Naye jjukira, wadde ng'abakkiriza bonna balina okuwaayo ne balyoka bafuna omukisa gwa Katonda olw'okukola ekyo, omuntu alina ekirabo ky'okuwaayo aba n'obusobozi obutali bwa bulijjo okuwaayo n'essanyu eri Mukama. Okusikirizibwa kw'omwoyo okw'enjawulo eri okuwaayo.

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Bino by'ebimu ku by'okulabirako by'abantu abalina obusobozi obutali bwa bulijjio eri okuwaayo eri Mukama. Kisobola okuba nga baalina ekirabo ky'omwoyo eky'okuwaayo:

- Nnamwandu: Makko 12:41-44, Lukka 21:1-4
- Mariamu: Yokaana 12:3-8
- Ekkanisa ya Abaggalatiya: Abaggalatiya 4:15
- Ekkanisa ya Abafiripi: Abafiripi 4:10-18
- Ekkanisa z'e Makedoniya: 2 Abakolinso 8:1-7

Okuwaayo kulina kusinziira ku ki? Laba Matayo 6:3, Abaefeeso 4:28, 1 Abakolinso 13:3

## ABAYAMBA

> **Era abamu Katonda yabateekawo mu kkanisa: abasooka be batume, abookubiri be bannabbi, n'abookusatu be bayigiriza, ne kuddako abakola eby'amagero, ne kuddako abalina ebirabo eby'okuwonya endwadde, n'okuyamba abali mu kwetaaga, abakulembeze, era n'aboogezi b'ennimi. (1 Abakolinso 12:28)**

Omuntu alina ekirabo ky'okuyamba alina obusobozi bw'okuyambako abalala mu mulimu gwa Mukama okubasobozesa okweyongera okutuukirira mu birabo byabwe eby'omwoyo. Okuva ku ky'obukuumi n'ofuuka omuyimbi, buli kintu kyonna ekiyambako mu kuddukanya ekkanisa oba obuweereza kisobola okuyitibwa ekirabo ekiyambako. Paulo bwe yatuma omukazi ayitibwa Feyibe e Rooma, yasaba abakkiriza abaaliyo okumuyambako n'ekirabo eky'obuyambi:

> **Kaakano mbanjulira Foyibe mwannyinaffe, era omuweereza w'ekkanisaa ey'omu Kenkereya.**
>
> **Mumwanirize mu Mukama waffe, nga bwe kigwanidde abatukuvu, era muyimirire naye nga mumuyamba mu nsonga yonna gye yeetaaga, kubanga naye yennyini yayamba bangi era nange kennyini. (Abaruumi 16:1-2)**

Pulisira ne Akwira nabo baawerezaako Paulo n'obuyambi, kuba yawandiika:

> **Mundabire Pulisikira ne Akula, bwe tukola omulimu mu Kristo Yesu. (Abaruumi 16:3)**

Ekirabo ky'obuyambi gwe mulimu gwonna oguwanirira oba oguyambako omuntu omulala. Kikola nga kiyambi.

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

- Tabbisa (Doluka) yalina ekirabo eky'okuyamba: Ebikolwa 9:36
- Abakazi baayambako Yesu mu buweereza bwe: Makko 15:40-41
- Obuyambi obwaweebwa buyinza okuba nga bwali mu kukola nteekateeka: Okuva 18:22, Okubala 11:17
- Obuweereza bw'okuyamba busobola okuyambako abo abanafu: Ebikolwa 20:35

**OBUWEEREZA**

> **Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri, oba buweereza, mu buweereza, oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza. (Abaruumi 12:6-7)**

Ekigambo "kuweereza" mu kitundu kino kitegeeza obuweereza. Ekirabo ky'obuweereza bwe busobozi bw'okukola emirimu egikwatagana n'omulimu gwa Mukama. Omuntu akola obuweereza ayambako abalala okumaliriza ebiruubirirwa by'omwoyo nga babakendeeza ku mirimu gyabwe egya buli lunaku.

Enzivvunuula ya Baibuli eya "Amplified" ekivvuunula bw'eti:

> **Oba buweereza, mu buweereza, oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza. (Abaruumi 12:7)**

Obuweereza bwawukana ku buyambi nti bukendeeza ku mirimu egimu omuntu gy'aba nagyo. Oyo aweereza abaako emirimu gy'akola mu ngeri y'okuwewula ku mulala okusobola okwolesa obulungi ekirabo kye eky'omwoyo.

Omuntu alina ekirabo ky'okuyamba omulala mu buweereza. Okugeza, abayambi mu kkanisa bayambako omusumba okutuukiriza ebiruubirirwa bye eby'omwoyo mu kiseera ky'okusaba. Tebamuwewula ku

mulimu gwakola, wabula bakozesa ebirabo bye balina okumuyambakao okutuukiriza ekigendererwa kye eky'omwoyo.

Ku ludda olulala, omuntu alina ekirabo ky'okuweereza aba asobolera ddala okuwewula omusumba okuva ku kwenyigira mu kugaba emmere eri abeetaaga mu kkanisa. Eky'okulabirako kya kino kyali mu kkanisa eyasooka omwali abakkiriza abamu "abaweereza" eri emmeeza okuwewula ku batume balyoke bakole omulimu gw'omwoyo ogusingako :

> **Awo mu biseera ebyo abakkiriza bwe baagenda beeyongera obungi, ne wabaawo okwemulugunya mu Bakerenisiti ku Baebbulaniya nti bannamwandu baabwe basosolwa, ne bataweebwa kyenkanyi.**
>
> **Awo ekkumi n'ababiri ne bakuŋŋaanya ekibiina ky'abayigirizwa, ne babagamba nti, "Kirungi ebiseera byaffe tubimalire ku kubuulira Njiri, so si mu kugabanya mmere.**
>
> **Noolwekyo, abooluganda, mwerondemu abasajja musanvu, abasiimibwa abantu, ng'abantu b'amagezi, era abajjudde Mwoyo Mutukuvu, tubakwase omulimu ogwo.**
>
> **Ffe tulyoke twemalire ku kusaba, n'okubuulira n'okuyigiriza. (Ebikolwa 6:1-4)**

Wekkaanye ebisaanyizo by'abo abaalina okuweereza. Be baali basingayo okubeera abeesigwa ate nga bajjudde n'omwoyo Omutukuvu wamu n'amagezi. Paulo yayogera ku abo abaamuweereza:

> **Mukama akwatirwe ekisa ab'omu nnyumba ya Onesifolo, kubanga yambeesabeesa emirundi mingi era teyankwatirwa nsonyi kubanga ndi musibe.**
>
> **Bwe yatuuka e Ruumi, yafuba nnyo okunnoonya era n'anzuula.**
>
> **Mukama amukwatirwe ekisa ku lunaku luli. Era gw'omanyi bulungi nnyo byonna bye yakola mu Efeso. (2 Timoseewo 1:16-18)**

Ekirabo ky'okuweereza mulimu okusituliraganako emigugu:

> **Muyambaganenga, bwe mutyo bwe munaatuukirizanga etteeka lya Kristo. (Abaggalatiya 6:2)**

Endowooza y'oyo aweereza yannyonnyolwa Yesu:

> **Naye Yesu n'abagamba nti, "Bakabaka b'abamawanga bafuga abantu baabwe, n'ab'obuyinza ne babazunza mu kino na kiri, naye abafugibwa tebalina kya kukola wabula okubayita abayambi baabwe.**
>
> **Naye mu mmwe tekisaanira kuba bwe kityo. Oyo asinga ekitiibwa mu mmwe asaana yeeyisenga ng'asembayo, n'omukulembeze mu mmwe asaana abeere ng'omuweereza wammwe.**
>
> **Mu nsi muno omukungu y'atula ku mmeeza abaddu be ne bamuweereza. Naye wano mu ffe nze muweereza wammwe. (Lukka 22:25-27)**

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Eby'okulabirako by'obuweereza:

- Malayika: Abaebbulaniya 1:14, 4:11, Makko 1:13
- Okuweereza oba okulinda eby'okulya: Yokaana 2:5, 9, Lukka 10:40

**OKUSAASIRA**

> **Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri. oba omulala okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n'obunyiikivu, n'omulala okulaga ekisa nga musanyufu. (Abaruumi 12:6, 8)**

"Okusaasira" kitegeeza okukwatibwa ekisa. Kino kitegeeza nti oba osobola okulumirirwa oba okulumwa ku lw'omulala. Omuntu alina ekirabo ky'okusaasira kino abeera n'okulumirirwa eri abo ababonaabona era n'obusobozi bw'okuyamba.

Ekirabo ky'okusaasira kibaamu endowooza ate n'ebikolwa. Kino kiragibwa mu mboozi y'Omusamaliya omulungi eri mu Lukka 10:30-37. Omusamaliya teyalina kulumirirwa kwokka eri eyali alumbiddwa abazigu, naye yatwala omutango gw'okumuyamba.

Ekyetaago kiri nti ekirabo kino kirina okukozesebwa n'essanyu. Ekigambo "essanyu" kitegeeza okukola ng'oli musanyufu n'okuba omwetegefu okukola ekintu kyonna ekyetaagisa amangu ddala okusobola okukendeeza obulumi.

Geraageranya okulumirirwa kw'abayigirizwa n'okwa Yesu mu bintu bino ebyaliwo:

| **Okujuliza:** | **Yesu:** | **Abayigirizwa:** |
|---|---|---|
| Matayo 15:23-28 (Omukanani) | Yawonya muwalawe | baamugoba. |
| Makko 8:1-9 (Enkuyanja) | Yabaliisa | baabagoba. |
| Matayo 20:31-34 (Abazibe) | Yabawonya | baagezaako okubasirisa |
| Makko 10:48-49 (Battulumaayo omuzibe) | Yamuwonya | baagezaako okumusirisa |

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Soma eby'okulabirako bino ku kirabo ekyokusaasira:

- Yesu, n'okuwonya: Matayo 9:27-30, 15:21-28, 17:14-18, 20:30-34, Makko 10:46-52, Lukka 17:1-14
- Omusamaliya omulungi: Lukka 10:30-37.
- Doluka: Ebikolwa 9:36-42

**OKUSEMBEZA**

> **Musembezeganenga awatali kwemulugunya.**
>
> **Buli omu asaanidde okukozesa n'obwesigwa buli kirabo Katonda kye yamuwa olw'okugasa banne nabo balyoke bafune emikisa gya Katonda emingi gy'agaba. (1 Peetero 4:9-10)**

Ekirabo ky'okusembeza bwe busobozi Katonda bw'awa abamu mu mubiri gwa Kristo okugabirira emmere n'awokusula eri ababa mu bwetaavu. Ekyetaago ky'okukozesa ekirabo ky'omwoyo kino kiri nti kikolebwa awatali kwemulugunya. Nga teweesikaamu ng'okikola.

Okusembeza ky'ekiraga okwagala okutaliimu bukuusa:

> **Mube n'okwagala okutaliimu bukuusa. Mukyawenga ekibi, munywererenga ku kirungi. Mufengayo ku byetaago by'abantu ba Katonda, era mwanirizenga abagenyi. (Abaruumi 12:9, 13)**

Okusembeza ky'ekimu ku bisaanyizo by'omulabirizi:

> **Noolwekyo Omulabirizi kimugwanira okuba nga taliiko kya kunenyezebwa, nga musajja wa mukazi omu, nga muntu eyeefuga, nga mwegendereza, nga mukwata mpola, ayaniriza abagenyi, era ng'amanyi okuyigiriza. (1 Timoseewo 3:2)**
>
> **Omulabirizi kimugwanira okuba nga taliiko kya kunenyezebwa ng'omuwanika wa Katonda, nga si mukakanyavu, nga si wa busungu, nga si mutamiivu, nga si mukambwe, nga teyeegomba kufuna magoba mu bukuusa.**
>
> **Naye ayaniriza abagenyi, ayagala okukola obulungi, omutegeevu, nga mwenkanya, nga mutukuvu, era ng'amanyi okwefuga. (Tito 1:7-8)**

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Lidiya ky'ekyokulabirako ky'oyo eyalina ekirabo ky'okusembeza: Ebikolwa 16:14-15

Gayo yasembeza Paulo e Rooma: Abaruumi 16:23

Waliyo ekisanyusa mu kusembeza abalala kizuule mu: Abaebbulaniya 13:1-2

Kino ky'ekyabaawo eri Ibulayimu ne Salaayi: Oluberyeberye 18

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
2. Leetayo ebirabo by’obuweereza omwenda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………..
3. Lwaki ebirabo bino biyitibwa eby’obuweereza?
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………..
4. Njawulo ki eri wakati w’ebirabo by’obukulembeze n’okufuga?
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………..
5. Njawulo ki eri wakati w’ebirabo bino, ekirabo ky’obuyambi n’ekyobuweereza?
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
6. Soma olukalala lw’ebirabo by’obuweereza olusooka, osome n’ebinnyonnyoddwa mu lw’okubiri. Omale onokoleyo ennamba eraga ekiri mu lusooka:

| **Olukalala olusooka:** | **Olukalala olw’okubiri:** |
| --- | --- |
| _______ Obuweereza. | 1. Obusobozi bw’okwekenneenya abantu, enjigiriza, n’embeera oba nga bya Katonda. |
| _______ Obuyambi. | 2. Obusobozi bw’okuzaamu abalala amaanyi okutuukiriza ebiruubirirwa byawbwe. |
| _______ Obukulembeze. | 3. Aluɧɧamya ku lw’abalala. |
| _______ Okufuga. | 4. Obusobozi obw’enjawulo obw’okukkiriza. |
| _______ Okuwaayo. | 5. Obusobozi obw’enjawulo obw’okugaba. |

_______ Okulaga okusaasira. 6. Okuyamba abalala mu buweereza.

_______ Okutegeera ennyo. 7. Okubeera n'okulumirirwa okw'enjawulo.

_______ Okukkiriza. 8. Okugabirira eky'okulya n'awokusula.

_______ Okusembeza. 9. Okuwewula abalala ku buvunaanyizibwa obw'okukola omulimu.

7. Enjogera eno ntuufu oba nkyamu? Abo bokka abalina ekirabo ky'okuwaayo be balina okuwaayo ssente eri omulimu gwa Mukama. Enjogera eno……………………………………………………………………..
8. Nnyonnyola okukkiriza.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
9. Njawulo ki eri wakati w'ekirabo ky'okukkiriza n'ekibala ky'okukkiriza?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
10. Tuyinza tutya okwongera ku kukkiriza kwaffe?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Ebyandikoleddwa okweyongera okusoma ku buli kimu ku birabo by'obuweereza byakuweereddwa ku buli kirabo nga kinnyonnyolwa.

Baibuli eraga ebirabo ebirala ebyaweebwa abakkiriza era biragiddwa mu ssomo lino. Ebirabo bino tebiyitibwa birabo bya Mwoyo Mutukuvu. Olw'ensonga eno tebiteekebwa mu ssomo ery'ebirabo eby'omwoyo.

**OBUTABA MUFUMBO.**

Ekirabo ky'obutaba mufumbo bwe busobozi bwa Katonda bw'awa abakkiriza abamu okusigala nga si bafumbo olw'obuweereza. Mu 1 Abakolinso 7:7-8, omutume Paulo yannyonnyola ekirabo ky'obutaba bafumbo. Obutaba mufumbo tekyandyetaagisizza wabula (Laba 1 Timoseewo 4:1-5). Kirabo kya Katonda, so si kisaanyizo kya kubeera nga kikukakaatikibwako ekkanisa oba ekiwayi ky'enzikiriza. Ekkanisa egololwa abo abalina ekirabo ky'obutaba bafumbo: 1 Abakolinso 7:32-35

**OKWEGAYIRIRA:**

Ekirabo ky'okwegayirira bwe busobozi obw'enjawulo Katonda bw'awa omuntu okusaba n'amaanyi okumala ebbanga eggwanvu olubeerera. Okwegayirira kitegeeza okuyimirirawo mu ssaala ku lw'abalala. Abeegayirizi basabira ebyetaago by'abantu abakulembeze, abaweereza, n'amawanga.

Newaakubadde okwegayirira tekumanyikiddwa ng'ekirabo ky'omwoyo, waliwo ekiraga nti Omwoyo Omutukuvu akigabiridde kisobole okukola ng'ekirabo: Abaruumi 8:26-27. Soma ebitundu bino ozuule ebigendererwa by'essaala ey'okwegayirira:

- Yakobo 5:14-16
- 1 Timoseewo 2:1-2
- Abaefeeso 6:19
- Okubala 14:17-19
- Ebikolwa 7:60

**OBUTETENKANYA:**

Waliyo ekirabo ekirala ekiyitibwa "obutetenkanya." Buno bwe busobozi bw'okuyiiya ebintu ebirabika obulungi oba ebigasa olw'omulimu gwa Mukama. Eby'okulabirako birabikira mu bukodyo obw'enjawulo Katonda bw'aba yakuwa okuteekawo ebintu eby'ennyumba ya Mukama n'okukola ebyambalo bya bakabona (Okuva 28:3, Okuva 31:3-6)

# ESSUULA EYOOMWENDA

## EBIRABO BY’OBUBONERO EBYA MWOYO MUTUKUVU

**EBIGENDERERWA:**

Bw’omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuzuula ebirabo by’obubonero obwa Mwoyo Mutukuvu.
- Okunnyonnyola obukulu bw’ebyamagero.
- Okuwa ebintu ebitaano ebireetawo okulwala okw’omubiri.
- Okuwa enjawulo eri wakati w’ekirabo ky’ennimi n’okwogerera mu nnimi ng’akabonero ak’okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu akalabika.
- Okunnyonnyola okuluŋŋamya kwa Baibuli okufuga enkozesa y’ekirabo ky’ennimi.

**ENNYIRIRI ENKULU:**

> **Ffe tuliwona tutya bwe tuliragajjalira obulokozi obukulu obwenkana awo? Obulokozi obwo bwasooka okwogerwa Mukama waffe, ne bulyoka bukakasibwa abo abaabuwulira.**
>
> **Katonda yakikakasiza mu bubonero ne mu by’ekitalo ne mu byamagero abitali bimu, era ne mu birabo ebya Mwoyo Mutukuvu bye yagaba nga bwe yayagala. (Abaebbulaniya 2:3-4)**

**ENNYANJULA**

Waliyo ebirabo bina bye tujja okuyita “ebirabo eby’obubonero kubanga bubonero bw’amaanyi ga Katonda agatali ga bulijjo agakolera mu bulamu bw’abakkiriza okukakasa ekigambo kye:

> **Kubanga Kerode yatyanga Yokaana Omubatiza, ng’amuwa ekitiibwa ng’omuntu wa Katonda ow’amazima era omutukuvu, era ng’amukuuma. Era Kerode bwe yayogeranga ne Yokaana ng’emmeeme ye tetereera, so nga yali ayagala nnyo okuwuliriza by’amugamba. (Makko 16:20)**

Ebirabo eby’obubonero bikolera mu abo okuyitira mu bakkiriza mu kuwonya, ebyamagero, n’obubaka obw’enjawulo okuva ewa Katonda okuyitira mu nnimi n’okuzitaputa. Ebirabo bino ebitali bya bulijjo era biba “obubonero” eri abatannakiriza nti Katonda gy’ali.

Ebirabo by’obunero ebina bye:

- Ebyamagero.
- Okuwonya.
- Ennimi.
- Okutaputa ennimi.

## EBYAMAGERO

> **Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna. …Omu, Omwoyo amuwa okukolanga ebyamagero… (1 Abakolinso 12:7-10)**

Okuyita mu muntu alina ekirabo eky'ebyamagero Katonda akola ebikolwa eby'amaanyi ebisukka ku kubeerawo kwabyo buli kibaawo mu mubiri. Ebikolwa bino ebitali bya bulijjo kabonero akalaga amaanyi ga Katonda nti gasinga ku ga Sitaani.

Ebyamagero bituukiriza ebiruubirirwa by'omwoyo eby'enjawulo. Katonda akozesa eby'amagero okukakasa obubaka bwe obw'enjiri:

> **Ffe tuliwona tutya bwe tuliragajjalira obulokozi obukulu obwenkana awo? Obulokozi obwo bwasooka okwogerwa Mukama waffe, ne bulyoka bukakasibwa abo abaabuwulira.**
>
> **Katonda yakikakasiza mu bubonero ne mu by'ekitalo ne mu byamagero abitali bimu, era ne mu birabo ebya Mwoyo Mutukuvu bye yagaba nga bwe yayagala. (Abaebbulaniya 2:3-4)**

Eby'amagero bireetera abantu okukkiririza mu Yesu n'okufuna obulamu obutaggwaawo:

> **Yesu yakola ebyamagero ebirala bingi ng'abayigirizwa be balaba, ebitaawandiikibwa mu kitabo kino.**
>
> **Naye bino byawandiikibwa mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo Omwana wa Katonda era olw'okumukkiriza mulyoke mube n'obulamu mu linnya lye. (Yokaana 20:30-31)**

Ebyamagero era Katonda abikozesa okulaga nti omuntu oyo akozesebwa mu buweereza. Obuweereza bwa Yesu:

> **N'ajja eri Yesu ekiro okwogera naye. N'amugamba nti, "Labbi, tumanyi nti oli muyigiriza eyava eri Katonda kubanga eby'amagero by'okola tewali ayinza kubikola okuggyako nga Katonda ali wamu naye. (Yokaana 3:2)**
>
> **Abasajja Abayisirayiri, muwulirize ebigambo bino! Yesu Omunnazaaleesi omuntu Katonda gwe yakakasa gye muli n'ebyamagero eby'ekitalo, Katonda bye yamukozesanga ng'ali mu mmwe, nga mwenna bwe mumanyi. (Ebikolwa 2:22)**

Katonda yakakasa obuweereza bw'Abatume ng'ayita mu by'amagero:

> **Eky'amazima obubonero obw'omutume bwakolerwa mu mmwe mu kugumiikiriza kwonna, mu bubonero ne mu byewuunyo, ne mu bikolwa eby'amaanyi. (2 Abakolinso 12:12)**

Waliyo ebyamagero eby'enjawulo. Yesu yayolesa amaanyi n'obuyinza mu kufuga ebintu ebirabikako mu ng'eri y'ebyamagero:

> **N'azuukuka n'aboggolera omuyaga n'agamba ennyanja nti, "Tteeka, sirika." Omuyaga ne gusirika n'ennyanja n'eteekera ddala. (Makko 4:39)**

Okuwonya n’okugoba emizimu byonna byali byamagero:

> **Katonda n’akozesanga Pawulo eby’amagero eby’ekitalo.**
>
> **Obutambaala bwe n’ebiwero eby’engoye ze bwe byabikkibwanga ku balwadde nga bawona, era abaababangako baddayimooni nga babavaako. (Ebikolwa 19:11-12)**

Ebyamagero mu mikono gya Paulo byali biyitibwa “ebyamagero eby’enjawulo” olw’okuba nti kituufu byali byanjawulo, okubyawulo ku “bya bulijjo” biraga engeri gye byali eby’olutentezi mu kkanisa eyasooka. Ekkanisa eyasooka yazaalibwa mu kwolesa amaanyi okw’omuggundu. Kyali kya bulijjo okwolesa obubonero n’ebyewuunyo nti eky’enjawulo kino kyali kyetaagisa.

Obubonero n’ebyewuunyo tebitegeeza nti omuntu oba obuweereza bwa Katonda, wabula ne Sitaani alimbira mu by’amagero:

> **Abo be baddayimooni abakozi b’ebyamagero... (Okubikkulirwa 16:14)**
>
> **Kyennava mbawandiikira ndyoke ntegeere obanga muli bawulize mu nsonga zonna. 10 Bwe musonyiwa omuntu mu nsonga yonna, nange mmunsonyiwa, kubanga bwe mba nga nsonyiye, nsonyiye ku lwammwe mu maaso ga Kristo.**
>
> **Setaani alemenga okutuwangula, kubanga tumanyi enkwe ze.Bwe natuuka mu Tulowa olw’enjiri ya Kristo, Mukama n’anzigulirawo oluggi. (2 Abakolinso 2:9-12)**

Ennyiriri zino ziraga nti abantu balimbibwa okuyita mu byamagero ebya Sitaani kubanga tebaasimbibwa ku mazima g’ekigambo.

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

1. Ebyamagero by’endagaano enkadde:

- Soma ebitabo bya: Okuva okutuuka ku Kyamateeka. Laba oba osobola okuzuulayo eby’amagero 26 ebyaliwo mu mulembe gwa Musa.
- Soma ebitabo bya 1 ne 2 Bassekabaka. Leetayo eby’amagero 21 ebyaliwo mu biro bya Eriya ne Erisa.

2. Ebyamagero by’endagaano empya:

- Soma Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana, leetayo ebyamagero ebyakolebwa Yesu Kristo.
- Soma ekitabo kya Ebikolwa. Leetayo ebyamagero Katonda bye yakola okuyita mu batume n’abalala abaali baweereza mu kkanisa eyasooka.
- Soma Ebikolwa by’Abatume 9:36-41. Kyamagero ki ekiragibwa muno? Ebyava mu byamagero bino byebiri wa?
- Okusinziira ku Abaruumi 15:18-19, kiki ekyali mu buweereza bwa Paulo ekyaleetera bannamawanga okugondera Katonda?
- Soma 2 Abakolinso 12:12. Kirabo kya Mwoyo ki ekirala ekikwatagana n’ekirabo eky’abyamagero?
- Ngeri ki ebbiri ebyamagero gye byeyoleka mu Ebikolwa 19:11-12?

## OKUWONYA

> **Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna… omulala n'amuwa obuyinza okuwonyanga abalwadde. (1 Abakolinso 12:7-9)**

Omukkiriza alina ekirabo ky'okuwooya aba n'obusobozi bw'okuleka amaanyi ga Katonda okukulukutira mu ye okukomyawo obulamu awatali kukozesa nkola za mubiri. "Okuwonya" kitegeeza okutereeza embeera.

Ekika ky'okuwonya kiyitibwa "okuwonya okw'obwa Katonda" olw'okuba nti kikolebwa n'amaanyi ga Katonda so si enkola ezabulijjo.

Okuwonya okulagibwa mu Baibuli kwonna kwali kwa mbagirawo n'okuzzibwawo kw'ebitundu by'omubiri okukola obulungi. Okuwonya okw'omubiri ke kamu ku bubonero akalina okugoberera obuweereza bw'abakkiriza bonna:

> **Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya.**
>
> **Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:17-18)**

Abakadde b'ekkanisa nabo bakozesebwa Katonda okuleetawo okuwonya kw'omubiri:

> **Waliwo omulwadde mu mmwe? Kirungi atumye abakulembeze b'Ekkanisa, bamusabire, era bamusiige amafuta, nga bwe basaba Mukama amuwonye.**
>
> **Era okusaba kwabwe nga kuweereddwayo n'okukkiriza, kugenda kumuwonya, kubanga Mukama awonya. Singa obulwadde bwe bwava ku kibi kye yakola, Mukama agenda kumusonyiwa. (Yakobo 5:14-15)**

Abakkiriza bonna basobola okusabira abalwadde. Naye omukkiriza alina ekirabo eky'okuwonya akozesebwa Katonda bulijjo mu mbeera ez'obuweereza obwo.

Erinnya ly'ekirabo kino liri mu bungi. Lye "Ebirabo by'okuwonya." Kiri bwekiti kubanga waliyo ebirabo by'okuwonya bingi, engeri z'okuwonya nnyingi zijja n'engeri z'okukozesaamu ekirabo ky'okuwonnya nnyingi. Katonda akozesa abakkiriza abamu mu kuwonya kw'endwadde ezimu. Okugeza, Baibuli eraga Paulo bwe yakozesebwa mu ngeri ey'enjawulo n'akola ebyamagero by'okuwonya (Ebikolwa 19:11-12). Abakkiriza abamu bayinza okubeera n'amafuta g'okusaba ag'enjawulo eri bamuzibe ne bakiggala. Ate abalala nga bakola obuweereza bw'okuwonya bwonna ku ndwadde zonna.

Okwongereza ku kuwonya ebinyigiriza omubiri, okuwonya nakwo kuyinza okubaamu okugoba emyoyo egitali mitukuvu (ddayimooni):

**Ebibiina ne biva mu bibuga ebiriraanye Yerusaalemi, ne baleeta abalwadde n'abaaliko baddayimooni, bonna ne bawonyezebwa. (Ebikolwa 5:16)**

Okukkiriza mu Katonda ky'ekisumuluzo ky'okufuna okuwonya kuno. Okuwonya okw'obwakatonda kubaawo okuyita mu kukkiriza kw'oyo aweereza n'ekirabo kino. Yesu yazuukiza omuwala era n'amuwonya:

**Naye abantu bwe bamala okufuluma, Yesu n'ayingira, n'akwata omukono gw'omuwala, n'agolokosa omuwala. (Matayo 9:25)**

Okuva omuwala lwe yafa, teyalina kukkiriza kwa kumuwonya. Okuwonya kwajja lwa kukkiriza n'obuweereza obwa Yesu.

Okuwonya era kujja olw'okukkiriza kw'oyo omulwadde:

**Yesu n'akyuka n'alaba omukazi n'amugamba nti, "Muwala, guma omwoyo! Owonye olw'okukkiriza kwo." Omukazi n'awonera mu kiseera ekyo. (Matayo 9:22)**

Okuwonya era kusobola okujja olw'okugatta Okukkiriza kw'oyo omulwadde n'oyo aba aweereza gy'ali:

**Bwe yatuuka mu nju, bamuzibe ne bajja w'ali. Yesu n'ababuuza nti, "Mukkiriza nga nnyinza okubazibula amaaso?" Ne bamuddamu nti, "Weewaawo, Mukama waffe."**

**Awo n'akoma ku maaso gaabwe n'abagamba nti, "Kale, olw'okukkiriza kwammwe, kye musabye mukiweereddwa. (Matayo 9:28-29)**

Yesu yalina obusobozi bw'okuwonya. Yakimanya nti asobola okuwonya. Kino ky'egatta n'okukkiriza kw'abasajja abazibe ne bawona.

Obungi obw'ebirabo by'okuwonya, era bukozesebwa kubanga okuwonya kujjira mu ngeri za Baibuli ez'enjawulo. Okugeza, okuwonya kusobola okujja okuyita mu kigambo ekyogerwa:

**Omukulu w'ekitongole n'agamba Yesu nti, "Mukama, sisaanira kukuyingiza mu nnyumba yange, yogera bwogezi ekigambo, omulenzi wange anaawona! (Matayo 8:8)**

**Yabatumira ekigambo kye, n'awonya endwadde zaabwe; n'abalokola mu kuzikirira. (Zabuli 107:20)**

Okuwonya kujja okuyita mu kussaako emikono:

**Obudde bwe bwali buwungeera, abantu bonna abaalina abalwadde ab'endwadde eza buli ngeri, ne babaleeta eri Yesu, n'abassaako emikono buli omu n'amuwonya. (Lukka 4:40)**

**Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:18)**

**Katonda n'akozesanga Pawulo eby'amagero eby'ekitalo. (Ebikolwa 19:11)**

Okuwonya kujja olw'okufukibwako amafuta mu linnya lya Mukama:

> **Waliwo omulwadde mu mmwe? Kirungi atumye abakulembeze b'Ekkanisa, bamusabire, era bamusiige amafuta, nga bwe basaba Mukama amuwonye.**
>
> **Era okusaba kwabwe nga kuweereddwayo n'okukkiriza, kugenda kumuwonya, kubanga Mukama awonya. Singa obulwadde bwe bwava ku kibi kye yakola, Mukama agenda kumusonyiwa. (Yakobo 5:14-15)**

Okuwonya kujjidde mu kisiikirize ky'oyo alina ekirabo:

> **Abantu ne baleeta abalwadde baabwe ku nguudo z'omu kibuga, ne babagalamizanga ku butanda ne ku bikeeka, ekisiikirize kya Peetero kibatuukeko ng'azze.**
>
> **Ebibiina ne biva mu bibuga ebiriraanye Yerusaalemi, ne baleeta abalwadde n'abaaliko baddayimooni, bonna ne bawonyezebwa. (Ebikolwa 5:15-16)**

Tusobola okufuna okuwonyezebwa okw'obwa Katonda kubanga Yesu yabonaabona era ne yeetikka okulumwa kwaffe kwonna:

> **Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe. Yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe. Yeetikka ekibonerezo ffe tusobole okubeera n'emirembe. Ebiwundu bye, bye bituwonya. (Isaaya 53:5)**

Yesu yabonaabonera e Kalivaaliyo si kuggyawo kibi kyaffe kyokka wabula n'okutufuula ab'eddembe ku birwadde byonna. Yakubibwa emiggo ku mugongo gwe olw'okuwonya endwadde zaffe. Yabonaabona tusobole okuwonyezebwa wamu n'okukolebwa.

Bwe tuba tuweereza n'ebirabo eby'okuwonya, kikulu okutegeera nti buli omu gwe tuweereza asobola obutawona. Paulo yayogera ku bakozi banne abaali abalwadde nga baali tebannafuna kuwonyezebwa okuyita mu buweereza bwe:

> **…ate Tulofiimo namuleka mu Mireeto nga mulwadde. (2 Timoseewo 4:20)**

Paulo yalina ekirabo ky'okuwonya n'eky'ebyamagero, kyokka olw'ensonga emu Torufimo teyawonyezebwa okuyita mu buweereza bwe. Paulo yawandiikira Timoseewo ku bikwatagana n'ekirwadde eky'olukonvuba:

> **Lekeraawo okunywanga amazzi gokka, naye nywanga ne ku wayini mutono olw'olubuto lwo, n'olw'okulwalalwala kwo. (1 Timoseewo 5:23)**

Paulo teyalekerawo kukozesa kirabo kye eky'okyokuwonya olw'okuba nti waaliwo abataawona, kino kyandibadde nga omubuulizi alekedde awo okuweereza kubanga buli omu gw'abuulira tafaayo ku bya njiri ye. Si buli nti Paulo gwe yabuulira yakkiriza enjiri.

Naye buli gwe yasabira si nti yawona. Naye yeeyongera okukola ekyo Katonda kye yamuyitira akole. Yabuulira enjiri n'asabira abalwadde ebivaamu yabirekeranga Katonda.

Waliyo ensonga lwaki okuwonyezebwa tekujjira buli asabirwa. Zino zinnyonnyolwa mu kitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Okubuulira enjiri ey'ekizimbulukusa," ekikwata ku kuwonya mu bulambulukufu n'obukulu bwayo obwokwongerayo enjiri.

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

- Okusoma okulabulukufu ku kuwonya, funa ekitabo ekituumiddwa "Olutalo lw'omubiri," ekya Harvestime International Institute.
- Soma Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana okuyiga ku buweereza bwa Yesu obw'okuwonya. Kola olukalala lw'okuwonya kwe yakola. Ku buli kuwonya, laga enkola ez'enjawulo.
- Soma ekitabo kya Ebikolwa by'Abatume okuyiga ku birabo by'okuwonya nga bwe kyali mu kkanisa eyasooka. Laga ekika ky'obulwadde n'engeri gye kyawonyezebwa.

Wekkaanye ekitabo kya Ebikolwa by'Abatume n'abantu ab'enjawulo Katonda beyakozesa mu birabo by'okuwonya:

| | |
|---|---|
| - Ebikolwa 3:1-11 | Peetero ne Yokaana (batume) |
| - Ebikolwa 5:15, 9:32-34 | Peetero (omutume) |
| - Ebikolwa 8:5-7 | Firipo (Mubuulizi era Mudinkoni) |
| - Ebikolwa 9:17-18 | Anania (Omukkiriza atamanyiddwa) |
| - Ebikolwa 14:8-10, 28:7-9 | Paulo (Mutume) |

Soma ennyiriri zino. Kola olukalala lw'ensonga z'okuwonyezebwa kwa Katonda. Yokaana 9:1-3, Ebikolwa 3:1-10, 4:4, Abafiripi 2:25-27

## ENNIMI

> **Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna…Omulala amuwa okwogera ennimi ezitali zimu… (1 Abakolinso 12:7-10)**

Ekirabo ky'ennimi bwe busobozi bw'okufuna oba okuwuliziganya ne Katonda eri abantu be okuyita mu nnimi ze batasoma. "Ennimi" zitegeeza ennimi ez'enjawulo. Ensonga eyitisa zino "akabonero" ng'ekiraba so si ekirabo "kyokwogera" eri nti, Baibuli eraga bulungi nti ekirabo kino kiweebwa ng'akabonero.

Omuntu bw'ayogerera mu nnimi kiyinza okuba mu lulimi olumanyikiddwa naye ng'abawuliriza tebalumanyi:

> **Bwe baawulira okuwuuma okwo, ekibiina kinene ne kikuŋŋaana, ne beewuunya okuwulira nga buli muntu awulira olulimi lw'ewaabwe.**
>
> **Ne bawuniikirira ne beewuunya ne bagamba nti, "Bano bonna aboogera si Bagaliraaya?**
>
> **Kale lwaki tuwulira buli muntu olulimi lw'ewaffe gye twazaalibwa? (Ebikolwa 2:6-8)**

Era lusobola okuba olulimi olutamanyikiddwa muntu yenna. Kino ky'ekiyitibwa okwogerera mu nnimi ezitamanyikiddwa:

> **Kubanga ayogera mu nnimi tayogera n'abantu, wabula ayogera na Katonda. Kubanga tewali n'omu ategeera by'agamba. Aba ayogera bya kyama mu Mwoyo. (1 Abakolinso 14:2)**

Nga bwe wayize, okwogerera mu nnimi ke kabonero ak'okungulu akalaga okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu. Naye embeera eno ey'okwogerera mu nnimi yanjawulo okuva ku kirabo ky'ennimi. Ekirabo ky'ennimi bwe busobozi bw'okutuusa obubaka bwa Katonda eri ekkanisa mu lulimi olutamanyikiddwa mwogezi.

Obukulu bw'okwogerera mu nnimi, ng'akabonero k'okubatizibwa mu mwoyo Omutukuvu era ng'ekirabo eky'ennimi kwe:

| | |
|---|---|
| **Okusaba Katonda:** | 1 Abakolinso 14:2 |
| **Okwezimba ng'omuntu**: | 1 Abakolinso 14:4 |

Okwezimba si kwe kwegulumiza, naye kitegeeza okwezzaamu amaanyi, okwerongoosa n'okwekulaakulanya. Isaaya 28:11-12 era akiyita okwezza obuggya mu mwoyo.

**Okwegayirira:** Omwoyo Omutukuvu ayogera okuyita mu mukkiriza mu nnimi ezitamanyikiddwa okwegayirira mu ssaala. Ekigambo "okwegayirira" kitegeeza okusaba ku lw'abalala. Omwoyo Omutukuvu amanyi engeri ne ki eky'okusabira: 1 Abakolinso 14:14. Laba ne Abaruumi 8:26, 27

**Ettendo:** Ebikolwa 10:46, 1 Abakolinso 14:15

**Okutuukirira kw'obunnabbi**: 1 Abakolinso 14:21, Isaaya 28:11-12.

Ekirabo ky'ennimi kirina ebiruubirirwa ebikulu ebirala bibiri. Omuntu alina ekirabo ky'ennimi bw'awa ekkanisa obubaka era obubaka buno butaputibwa nga bwa…

**Okuzimba ekkanisa**: 1 Abakolinso 14:12-13

**Kabonero eri abatakkiriza**: 1 Abakolinso 14:22. Eno y'ensonga lwaki ekirabo ky'ennimi n'ekyokuzitaputa ekibeerawo kiyitibwa "ebirabo eby'obubonero."

Waliyo okuluɧɧamya okuweebwa ku kukozesa ekirabo ky'ennimi mu kkanisa:

- Si bonna nti balina okwogera omulundi gumu: 1 Abakolinso 12:30
- Okutereeza ekkanisa, ekirabo ky'ennimi kiteekwa okutaputibwa kisobozese abawuliriza okutegeera ekibagambibwa: 1 Abakolinso 14:1-5
- Olwa kino, omukkiriza alina ekirabo ky'ennimi alina okusirika bwe watabaawo mutaputa: 1 Abakolinso 14:28
- Alina okusabira ekirabo ky'okutaputa ennimi yennyini: 1 Abakolinso 12:13
- Mu kkanisa kyamugaso nnyo okwogera mu lulimi olutegeerebwa okusinga ennimi bwe watabaawo mutaputa: 1 Abakolinso 14:18-19

- Omuntu omu yalina okutaputa mu kiseera ekimu: 1 Abakolinso 14:27
- Omuntu alina ekirabo ky'ennimi asobola okukifuga: 1 Abakolinso 14:32-33
- Okwogerera mu nnimi tekugaanibwa: 1 Abakolinso 14:39-40
- Ekisinga okuba ekikulu y'entegeka ennungi ey'e kkanisa. Tewalina kubaawo kavuyo olwa kino oba ekirabo ekirala kyonna: 1 Abakolinso 14:40

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

- Soma 1 Abakolinso 12-14. Essuula zino zinnyonnyola enkozesa y'ebirabo by'omwoyo essira nga liri ku birabo by'ennimi n'okuzitaputa mu ssuula eya 14
- Soma 1 Abakolinso 14:5. Kirabo ki ku ky'ennimi, bwe zitaputibwa, n'okugeraageranya?
- Obukulu bw'ekirabo kino bwe buli wa? Laba 1 Abakolinso 14:4, 5, 22
- Kuluŋŋamizibwa ki okuteekebwa ku kirabo kino mu kkanisa? Laba 1 Abakolinso 14:26-28
- Ekirabo ky'ennimi kabonero k'abatali bakkiriza. Ku buli kitundu ekikuweereddwa zuulamu abatali bakkiriza we baali ne gye baava:

| | **Ani?** | **Okuva wa?** |
|---|---|---|
| Ebikolwa 2:12-13 | ------------------------------------- | ---------------------------- |
| Ebikolwa 10:24-28 | ------------------------------------- | ---------------------------- |
| Ebikolwa 19:1-7 | ------------------------------------ | ---------------------------- |

**OKUTAPUTA ENNIMI**

> **Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna…Omulala amuwa okwogera ennimi ezitali zimu, n'omulala n'amuwa okuzivvuunula. (1 Abakolinso 12:7-10)**

Ekirabo ky'okutaputa buba busobozi obw'enjawulo okumanyisa ebyogeddwa mu nnimi okuyita mu lulimi olutegeerebwa. Okutaputa kw'ennimi kuweebwa Omwoyo Omutukuvu eri oyo aba n'ekirabo ky'omwoyo kino. Tezitaputibwa lwa kumanya lulimi mwe zoogerebwa. Kuweebwa lwa kubikkulirwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Okutaputa kuba kufunza bubaka, so si kigambo ku kigambo mu ngeri ey'okuvvuunula. Olwa kino, okutaputa kuyinza okusinziira ku bubaka obuli mu nnimi obuwanvu n'enkula yaazo.

Obukulu bw'ekirabo kino kwe kuwa okutaputa kw'obubaka obuweebwa oyo alina ekirabo ky'ennimi:

> **Singa wabaawo aboogera mu nnimi bandyogedde babiri, oba obutasussa basatu, era nga boogera mu mpalo, ate wabeewo n'avvuunula. (1 Abakolinso 14:27)**

Ekirabo ky'okutaputa kirina okugoberera enkozesa y'ennimi. Kibaawo ng'obubaka obuli mu nnimi butaputiddwa ekkanisa esobole okuweebwa omukisa:

**Nandyagadde mwenna mwogere mu nnimi, naye ekisingira ddala nandyagadde mwenna mwogere eby’obunnabbi, kubanga ayogera eby’obunnabbi akira oyo ayogera mu nnimi, okuggyako nga waliwo avvuunula, Ekkanisa eryoke egasibwe. (1 Abakolinso 14:5)**

Omuntu alina ekirabo ky’ennimi alina okusigala ng’asirise mu kkanisa bwe watabaawo muntu alina kirabo kya kutaputa mu kiseera ekyo:

**Naye bwe watabaawo avvuunula omwogezi w’ennimi asirike busirisi mu Kkanisa wabula ayogerere munda ye ne Katonda. (1 Abakolinso 14:28)**

Omuntu alina ekirabo ky’ennimi, alina okusabira ekirabo ky’okuzitaputa:

**Kale buli ayogera mu lulimi asabe Katonda amusobozese okuluvvuunula. (1 Abakolinso 14:13)**

OKWEYONGERA OKUSOMA:

- Soma 1 Abakolinso 14, ofune okuluŋŋamizibwa okulala ku nkozesa y’ennimi n’okuzitaputa.
- Kiki ekyandivudde mu nnimi singa zitaputibwa? Laba 1 Abakolinso 14:5
- Kiki ekiyinza okubaawo bwe watabaawo mutaputa? Laba 1 Abakolinso 14:28
- Ani ataputa ennimi? Laba 1 Abakolinso 14:13 ne 27
- Biseera ki ekirabo ky’ennimi we kiteetagisa kutaputa? Laba Ebikolwa 2:4-8, 10:44-48, 19:6


**ENSENGEKA Y’OBUWEEREZA OBUTUUKIRIDDE:**

Essuula eno erimu okusoma kw’ebirabo by’omwoyo eby’enjawulo. Engabanya eyakolebwa olw’ebiruubirirwa eky’okusomesa byali:

- Ebirabo ebyenjawulo
- Ebirabo by’obuweereza
- Ebirabo by’okwogera.
- Ebirabo by’obubonero

Ekipande kino wammanga kiraga ku ngabanya eyateekebwa mu kkanisa olw’obuweereza obutuukiridde:

**EBIRABO EBY’ENJAWULO**

Abatume  OKUMANYISA ABANTU BA KATONDA

Bannabbi

Abasumba

Abasomesa

OKUNNYONNYOLA AMAZIMA GA KATONDA → **EBIRABO BY'OKWOGERA**

Obunnabbi

Okusomesa

Okulabula

Ekigambo ky'amagezi

Ekigambo ky'okumanya

**EBIRABO BY'OKUWEEREZA:**

- Okuweereza
- Obuyambi
- Obukulembeze
- Okufuga
- Okulaga okusaasira
- Okwawula emyoyo
- Okukkiriza
- Okusembeza

→ OKUSOBOZESA OMULIMU GWA KATONDA

OKUTEEKAWO OBUYINZA BWA → **EBIRABO EBY'OBUBONERO**:

- Ennimi
- Okutaputa ennimi
- Ebyamagero
- Okuwonya

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………….
2. Ebirabo eby'obubonero ebina bye biri wa?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Okusinziira ku Yokaana 20:30-31, obukulu bw'ebirabo eby'amagero obw'emirundi ebiri bwe buli wa?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Weetegereze ekirabo mu lukalala olusooka, ozuule ekinnyonnyola ku biri mu lukalala olw'okubiri. Nokolayo ennamba ogiteeke mu bbanga erirekeddwa:

| **Olukalala olusooka:** | **Olukalala olw'okubiri:** |
|---|---|
| _______ Okuwonya. | 1. Ebikolwa ebissukuluma ku bya bulijjo. |
| _______Ennimi. | 2. Amaanyi ga Katonda agakomyawo obulamu okusinga ku nkola ez'omubiri. |
| ______ Okutaputa. | 3. Okwogera mu lulimi olutamanyikiddwa mwogezi. |
| ______ Ebyamagero. | 4. Okumanyisa mu lulimi olumanyikiddwa obubaka bw'oyo ayogerera mu nnimi. |

5. Soma enjogera zino wammanga. Bwe ziba ntuufu oteekeko 'T' ate bwe ziba nkyamu kozesa 'F' mu bbanga erirekeddwawo:
   a__________ Okwogerera mu nnimi ku kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu ky'ekimu n'ekirabo ky'ennimi.
   b__________ Omuntu alina ekirabo ky'okwogerera mu nnimi asaanye asirike bwe watabaawo mutaputa mu kkanisa mu kiseera ekyo.
   c__________ Omuntu alina ekirabo ky'ennimi talina kutaputa bubaka bwe nga ye.
   d_________ Omuntu alina ekirabo ky'ennimi tasobolera ddala kukifuga.
   e__________ Kigasa nnyo okwogerera mu lulimi olutegeerebwa abawuliriza mu kkanisa okusinga okukozesa ekirabo ky'ennimi awatali mutaputa.
   f__________ Abantu ab'enjawulo basobola okutaputa obubaka bwe bumu mu kiseera ky'ekimu.
   g._________ Omuntu bw'abeera n'ekirabo ky'okuwonya buli gwaweerezaako alina okuwona.
   h_________ Oyo yekka alina ekirabo ky'okuwonya ye yekka alina okusabira abalwadde.

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Ebyandikoleddwa okweyongera okusoma ku birabo eby'obubonero ebina bikuweereddwa ku buli kirabo kino we kinnyonnyoleddwa:

Kino kyakoleddwa okukusobozesa okukuyamba okusomera ddala ekirabo ekyo omulundu gumu nga tonnagenda ku kirala. Ekyasalibwawo ekisembayo kiri nti ojja kuyiga engeri ebirabo byonna ebya Mwoyo Mutukuvu bwe byeyolekera mu buweereza bwa Yesu Kristo. Ebikuweereddwa wammanga bijja kukuyambako okukakasa engeri ebirabo bino gye byeyolekera mu buweereza bwe.

Bw'omaliriza essomo lino, Soma ku Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana. Gaziya olukalala lw'ebyo ebijuliza ku nkozesa y'ebirabo bino mu buweereza bwa Yesu Kristo.

**EBIRABO BYA MWOYO MUTUKUVU MU BULAMU BWA YESU:**

- Ebyamagero: Ebikolwa 2:22
- Okuwonya: Ebikolwa 10:38
- Ekigambo ky'amagezi: 1 Abakolinso 1:24, 30
- Ekigambo ky'okumanya: Yokaana 1:45-50, 4:18, 11:14
- Okwawula emyoyo: Yokaana 1:45-50 6:61
- Obunnabbi/nnabbi: Matayo 24
- Okusomesa/omusomesa: Matayo 4:23, 9:35, 26:55, Makko 6:6, 14:49, Lukka 5:17, 13:10, 22, 21:7
- Okugumya: Luke 3:18
- Okusaasira (Okulumirirwa): Matayo 20:30-34
- Omutume: Abaebbulaniya 3:1
- Omubuulizi: Yokaana 10:16
- Omusumba: Yokaana 10:11
- Obukulembeze: Yokaana 13:15-16, Makko 10:42-45
- Okufuga: Lukka 10:1-17
- Okukkiriza Lukka 8:49-56
- Okuwaayo: Yokaana 10:11
- Obuyambi: Yokaana 17:6-10
- Obuweereza: Yokaana 13:4-16, Makko 10:42-45
- Okusembeza: Yokaana 21:9-13 (Teyalina nnyumba naye baamusembeza)
- Ennimi n'okutaputa: Bino by'ebirabo ebibiri eby'omwoyo ebitaalabikirako mu buweereza bwa Yesu. Bino byali tebyeetaagibwa kubanga y'eyali ekigambo kya Katonda yennyini. Tewaaliwo bwetaavu bwa birabo bya nnimi na kuzitaputa alyoke atuuse obubaka bwa Katonda eri omuntu.

# ESSUULA EY'EKKUMI

## OKUZUULA EKIRABO KYO EKY'OMWOYO

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola lwaki kya mugaso omukkiriza okuzuula ekirabo kye eky'omwoyo.
- Okunnyonnyola engeri omukkiriza gy'azuula ekirabo kye eky'omwoyo.
- Okuzuula ekirabo eky'omwoyo.

**OLUNYIRIRI OLUKUKU:**

> **Kyenva nkujjukiza okuseesanga ekirabo kya Katonda ekiri mu ggwe kye yakuwa, bwe nakussaako emikono gyange. (2 Timoseewo 1:6)**

**ENNYANJULA**

Mu ssuula eziyise wayize nti buli mukkiriza waakiri alinayo ekirabo ky'omwoyo. Essuula eno ennyonnyola engeri y'okuzuula n'okutandika okukozesa ekirabo kyo eky'omwoyo.

**OMUGASO GW'OKUZUULA**

Kikulu okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo osobole:

**OKUMALIRIZA EBIRUUBIRIRWA N'EBIGENDERERWA BY'OMWOYO:**

Ojja kwejjukanya ku biruubirirwa n'ebigendererwa by'ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu ebiragibwa mu Abaefeeso 4:12-15

**Ebiruubirirwa:**

- Okutuukiriza abatukuvu
- Okukola omulimu gw'obuweereza
- Okutereeza ekkanisa ne Kristo

**Ebigendererwa:**

- Tujja kuba bumu mu kukkiriza
- Tujja kukulaakulanya okumanya kwa Kristo mu ffe.
- Tujja kukuzibwa mu butuukirivu nga Kristo ky'ekyokulabirako kyaffe.
- Tujja kunywera nga tetulimbibwa njigiriza nkyamu.
- Tujja kukula mu mwoyo mu Kristo.

Singa ebiruubirirwa bino n'ebigendererwa tebituukirira mu kkanisa awo kyetaagisa buli mukkiriza okuzuula n'okukozesa ekirabo kye eky'omwoyo.

**OKULWANA OLUTALO OLW'OMWOYO:**

Ebirabo by'omwoyo biweebwa eri ekkanisa okusobola okulawana olutalo eri amaanyi ga Sitaani:

> **Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu. (Abaefeeso 6:12)**

Kikulu okuzuula n'okukozesa ekirabo kyo eky'omwoyo okusobola okulwanyisa obulungi omulabe w'omwoyo; Sitaani

**OKWEWALA OKUVVOOLEBWA:**

Mu ssuula eziwedde wayize nti waliyo engeri ssatu ebirabo by'omwoyo gye biyinza okuvvoolebwa:

1. Nga tokozesa birabo ebyo ebyakuweebwa.
2. Okusalawo okukozesa ebirabo ebitaakuweebwa.
3. Obutakozesa kirabo bulungi.

Kigasa nnyo okuzuula ekirabo kyo ekyomwoyo okusobola okwewala okuvvoolebwa kuno.

**OKWEWALA OKUMALIBWAMU AMAANYI**

Abakkiriza bangi abapya batera okuyingira obuweereza awatali kumanya birabo byabwe eby'omwoyo ne bamalibwamu amaanyi era ne balemererwa nga batandika okugezaako okukola omulimu gwa Mukama. Naawe ojja kumalibwamu amaanyi bw'otazuula kirabo kyo eky'omwoyo. Tojja kukola bulungi bw'onookola mu kifo ekyo Katonda ky'ataakuwa ng'ekirabo eky'obuweereza.

Osobola okubeera omunyiikivu mu buweereza naye tojja kumaliriza kinti kyonna mu bwakabaka bwa Katonda. Okugeza, omuntu omu yagezaako okugeegeenya ekirabo ky'omubuulizi ayitibwa Billy Graham. N'abuulira nga omusumba Graham, naye tewali yawuliriza bubaka bwe. Yamalibwamu amaanyi mu buweereza okutuusa lwe yazuula nti ekirabo kye tekyaali kya bubuulizi. Ekirabo kye kyaali kya kusomesa. Bwe yatandika okukozesa ekirabo kye mu kusomesa, yalaba ebibala bingi mu buweereza bwe.

Okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo tekijja kukuyamba kwewala kumalibwamu maanyi, kijja na kukuyamba obutamalibwamu maanyi okuva eri Abakristaayo abalala. Okugeza, ojja kukitegeera oba omusumba wo musomesa mulungi. Ojja kumanya nti alina ekirabo ky'okusomesa naye nga tebasobola kukulembera. Mu kifo ky'okumunenya, yeetaaga omuntu alina ekirabo kino ekkanisa esobole okutambula obulungi.

**TWALA OBUVUNAANYIZIBWA BWO:**

Kirungi nnyo okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo kubanga olina obuvunaanyizibwa "bw'okukikuza" n'okukikozesa. Omutume Paulo yawandiikira Timoseewo:

**Togayaaliriranga ekirabo ekiri mu ggwe, kye waweebwa mu bunnabbi abakadde bwe baakussaako emikono gyabwe. (1 Timoseewo 4:14)**

**Kyenva nkujjukiza okuseesanga ekirabo kya Katonda ekiri mu ggwe kye yakuwa, bwe nakussaako emikono gyange. (2 Timoseewo 1:6)**

Oteekwa okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo okusobola okutuukiriza obuvnaanyizibwa bw'okukkiriza. Oteekwa okumanya ekirabo kyo okusobola okweteerawo omwagaanya ogukuleetera okukikozesa mu ngeri ennungi.

**OKUZUULA EKIRABO KYO EKY'OMWOYO**

Okuluŋŋamya kuno kujja kukuyambako ozuule ekirabo oba ebirabo by'omwoyo

**OMUTENDERA OGUSOOKA – LOKOKA:**

Oteekwa okulokoka. Ebirabo by'omwoyo bijja okuyitira mu kuzaalibwa omulundi ogw'okubiri nga okuzaalibwa kw'omubiri bwe kuleeta ttalanta. Bw'oba tozaaliddwa mu mubiri oba tojja kubeera na ttalanta. Bw'oba tolokose mu nsi ey'omwoyo tojja kuweebwa birabo bya mwoyo:

**Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 2:38)**

**OMUTENDERA OGWOKUBIRI – FUNA OKUBATIZIBWA OKWA MWOYO MUTUKUVU:**

Emitendera gy'okufunamu okubatizibwa kwa Mwoyo mutukuvu gyaweebwa mu ssuula eyookuna ey'ekitabo kino.

**OMUTENDERA OGWOKUSATU – MANYA EBIRABO BY'OMWOYO**

Nga bwe weekenneenya ekirabo ky'oyinza okuba nakyo, kiyambako n'ofuna okwekkaanya ku by'okulabirako by'abo abakuze mu birabo bino. "Eky'okulabirako ky'oyo akuze" mu kirabo ky'omwoyo abeera omukkiriza azze akozesa bulungi ekirabo ekyo okumala ebbanga eddene.

Okugeza, bw'oyogera kw'oyo alina ekirabo ky'okusomesa. Babuuze engeri gye baategeera nti balina ekirabo ekyo, engeri gye baatandika okukikozesa, n'engeri ze bazze bakikulaakulanya mu bo. Kola ekintu ky'ekimu ne ku birabo ebirala. Okuyiga engeri abalala gye baazuula ebirabo byabwe nga bekkaanya eby'okulabirako by'ebirabo byabwe, kijja kukuyamba okuzuula ekirabo kyo.

**OMUTENDERA OGW'OKUTAANO – NOONYA EKIRABO KY'OMWOYO:**

Yaayaanira ekirabo okisiibire ate okisabire. Baibuli etuyamba okunoonya ebirabo eby'omwoyo:

**Kale mwegombenga ebirabo ebisinga obukulu, naye ka mbalage ekkubo eddungi erisinga gonna. (1 Abakolinso 12:31)**

Ffenna lwakiri tulinayo ekirabo, naye olunyiriri luno lutugamba era tunoonye ekirabo kye tuba tetulina.

**OMUTENDERA OGWOMUKAAGA – OKUSSAAKO EMIKONO:**

Leka akukulembera mu mwoyo akuteekeko emikono era osabe Katonda akubikkulire ekirabo kyo eky'omwoyo:

> **Togayaaliriranga ekirabo ekiri mu ggwe, kye waweebwa mu bunnabbi abakadde bwe baakussaako emikono gyabwe. ( 1 Timoseewo 4:14)**

Wekkaanye: Ekinaava mu mitendera egyo okuva ku gusooka okutuuka ku gw'omukaaga, Katonda ayinza okukubikkulira ekirabo kyo eky'omwoyo. Kino bwe kitabaawo, weeyongereyo n'emitendera gino:

**OMUTENDERA OGWOMUSANVU – WEEKENNEENYE BY'OYAGALA MU MWOYO GWO:**

Ebintu by'otera okuwuliramu essanyu nga oweereza Katonda bitera okubeera nga by'ebyo Katonda mw'akuweeredde ekirabo. Nga ekirabo ky'okufuna kyonna bwe kikuwa essanyu mu nsi ey'omubiri, ky'ekimu ne ku birabo eby'omwoyo. Oteekwa okuba "n'obwagazi" oba "akazito" (obwagazi oba okuyaayaana okw'amaanyi) ku buweereza obumu okusobola okuweereza obulungi.

Okugeza, omuntu alina ekirabo ky'okukulembera asobola okukikozesa okutegeka n'okuwa okuluŋŋamya ku kintu. Asobola okukulembera ekkanisa, essomero ly'obukristaayo n'ebirala naye alina okubeera n'akazito oba obwagazi eri obuweereza gy'akozeseza ekirabo ekyo.

Ddamu ebibuuzo bino bikuyambeko okutegeera ekyo ky'oyagala oba obuzito bw'olina mu mwoyo:

1. Bantu kika ki b'oyagala ennyo?_____________________________________________________

(Bw'oba wayitibwa eri ekika ky'abantu eky'enjawulo, ekirabo kyo kijja kukwatagana n'ebyetaago byabwe. Okugeza, bw'oba owulira okuyitibwa eri abaana ng'oyagala bayige ku Katonda, oyinza okuba n'ekirabo ky'okusomesa)

2. Bintu ki ebirimu obwetaavu nga bikuleeta okufuna okukwatibwako ennyo munda mu ggwe?__________________________________________________________________________

(Katonda bw'akuyita okutuukiriza ekyetaago, aba ajja kukuwa okukwatibwako mu ggwe okw'amaanyi)

3. Bw'oba tolemereddwa, kiki kye wandyagadde okolere Mukama?_____________________________________________________________________________

(Katonda assa ekitiibwa mu kwagala kw'omuntu)

4. Maliriza sentesi: "Nnina okulumirizibwa mu nze ku kye njagala nneenyigiremu…………."

(Okulumirizibwa bwe kutyo kutera okuba okwa Katonda ng'ayogera n'omwoyo gwo ku kintu ky'aba ayagala omuweereze)

5. Nkimanyi nti Katonda ampitidde ekifo ky’obuweereza ekimu.
   Kibeera_______________________________________________________________________

(Bw’oba omanyi ekifo ky’obuweereza bwa Katonda ky’akuyitidde, kijja kukubeerera kyangu okuzuula ekirabo kyo eky’omwoyo. Katonda bulijjo agaba ebirabo ebisaanidde okukusobozesa okutuukiriza okuyitibwa. Ekitundu ky’okweyongera okusoma eky’essomo lino kijja kukuyambako okuzuula okuyitibwa kwo okw’omwoyo)

6. Birabo ki ebinaakuleetera essanyu eringi bw’obirowozaako oba bw’obikozesa? (Okugeza onyumirwa okusomesa? Onyumirwa okusembeza oba okubeera n’abantu ewuwo? Otera okuwulira ng’oyagala okuwaayo ensimbi ennyingi eri omulimu gwa Katonda?

**OMUTENDERA GW’OMUNAANA – OKWEKENNEENYA KW’OMUKULEMBEZE OMUKRISTAAYO:**

Funayo omukulembeze omukristaayo akebere obusobozi bwo obw’omwoyo. Buuza ebibuuzo bino nga bw’owandiika ebiddibwamu:

1. Bitundu ki eby’obuweereza bw’obukristaayo by’ozudde nga nkola nnungi?
2. Okusinziira ku busobozi buno, kirabo ki eky’omwoyo ky’okkiriza kyennyinza okuba nakyo?

**OMUTENDERA OGWOMWENDA – WEEKENNEENYE OBUWEEREZA BWO OBWAYITA:**

Weekenneenye obuweereza bwo obwayita oddemu ebibuuzo bino:

1. Bifo ki eby’obuweereza bw’ekikristaayo by’okozeeko gye buvuddeko?__________________________________________________________________________
   ________________________________________________________________________________
2. Kiriwa ku bino ky’obaddenga otuukiriza obulungi?____________________________________________________________________________
   ________________________________________________________________________________
3. Kiriwa ku bino kye wafunirangamu essanyu ery’amaanyi mu kuweereza?__________________________________________________________________________
   ________________________________________________________________________________
4. Kiriwa ku bino omukulembeze wo ow’omwoyo oba abalala kye baazuulirako obusobozi bwo?_______________________________________________________________________________
   ________________________________________________________________________________

**OMUTENDERA OGW’EKKUMI – MALIRIZA EBIBUUZO BY’EBIRABO EBY’OMWOYO:**

Ekitundu ekisembayo eky’essomo lino kirimu ebibuuzo ku birabo eby’omwoyo ebibiri. By’oddamu ku bibuuzo bino bijja kukuyamba okuzuula ebirabo byo by’oyinza okuba nabyo:

1. Okumanya kw’ebirabo by’ofunye mu kusoma kwonna.
2. Ekyo Katonda ky’akubikkulira okuyita mu ssaala.
3. Kye weekenneenyezza mu ggwe.

4. Ekyo omukulembeze omukulu omukristaayo ky'azudde ku bulamu bwo.
5. Okwekenneenya kw'obusobozi bwo mu bintu by'obuweereza mu ebyo by'obaddenga oweererezaamu.
6. Okumaliriza ebibuuzo ku birabo eby'omwoyo.

Olukalala lw'ebirabo lukuweereddwa mu "mutendera ogw'okusatu" oguddako. Teeka akabonero ka X ku birabo by'okukkiriza by'olina:

**OMUTENDERA OGW'EKKUMI N'EBBIRI: ZUULA EBYETAAGO EBY'OMWOYO:**

Weekenneenye ekyetaago ekikuli okumpi ku muliraano, mu kitundu kyo ne mu kkanisa. Weetegereze olukalala lw'ebyetaago luno:

**Okukyalira**: Abalwadde, abapya mu kkanisa, abantu b'ekkanisa, mu malwaliro, bannamwandu, amakomera, abanyolwa, amaka g'abakaddiye.

**Okubuulira enjiri:** Nju ku nju, ebiro by'okubuulira enjiri, enkungaana ez'enjawulo.

**Okulondoola obuweereza**: Mu baakakkiriza.

**Okubudaabuda:** Okw'awamu, oba eri ebibinja eby'enjawulo: Okubudaabuda kw'okumasimu.

**Ebikwatagana ne ofiisi:** Okukubisa ebiwandiiko, ebifaananyi, okutereka ebiwandiiko, okubikungaanya, okukubisaamu ebiwandiiko, amabaluwa, amasimu agakubwa, n'ebirala eby'ekika ekyo.

**Okusembeza:** Okufumbira abalala n'okusuza abali mu bwetaavu oba abagenyi nga baweereza, ababuulizi b'enjiri, abakristaayo.

**Obuweereza eri abaavu**: Mu kubawa eby'okulya, okwambala, n'awokusula.

**Okulabirira ebizimbe by'ekkanisa:** Okuteekateeka ettaka, okusiiga langi, okubajja, amasanyalaze, amazzi n'okulongoosa.

**Okuyimba:** Abayimbi, ebivuga, akulembera oluyimba, ebibinja by'abayimbi, atandika ennyimba, abakubi b'ebivuga, abawandiisi b'ennyimba.

**Emizannyo gy'eddiini:** Okuwandiika oba okufulumya bakazannyirizi abakristaayo.

**Eby'ensimbi:** Okusonda ensimbi, okubalirira, okuteekateeka ensimbi z'obuweereza.

**Okuwandiika:** Ebitabo by'obukristaayo, amawulire, ebipande, emiko gy'amawulire ne mu magaziini, ebitontome.

**Emikutu gy'empuliziganya**: Obutambi bw'okuwuliriza n'okulaba ebifaananyi, ze terefayina, n'ebitangaaza.

**Obuweereza eri ebibinja eby'enjawulo:** bakiggala, abazibe, abatawaanyizibwa mu bwongo, abakozesa ebiragalalagala, abanywi b'omwenge, abasengula abantu, ebibinja ebibi, abakazi abatali bafumbo, abali

b’ebisiyaga, Abayudaaya, obubinja obutonotono obw’abakazi n’abasajja, amaka, abafumbo, abaana abatulugunyizibwa, abaabula, abaava mu masomero, abataasoma, abasibe, amaggye, abaana, abavubuka, n’abakuliridde mu myaka.

**Ebifo by’ekkanisa**: Abakadde, abadinkoni, abasomesa abaana, abakebezi, obukiiko nga ak’okuzimba, ak’ensimbi n’ebirala.

**Okuvvuunula:** Baibuli n’ebiwandiiko by’obukristaayo.

**Okusoma kw’obukristaayo**: Abaana abato, oluwummula lw’okusoma Baibuli, Amasomero g’abakristaayo, amatendekero aga waggulu n’abo abatendekebwa nga bakoze ebitabo ebya Harvestime International Institute, okusomera Baibuli kw’awaka.

**Obumiisani/ Okutandikawo amakanisa:** Eri abantu abatannatuukibwako mu kitundu oba mu ggwanga.

**Ebiwandiiko:** Amatendekero g’ebitabo by’obukristaayo, okugaba Baibuli n’ebiwandiiko by’obukristaayo.

Okukuba enkambi:

Kati ddamu ebibuuzo bino:

1. Byetaago ki ebitannatuukibwako awo wooli
   ____________________________________________________________________________
2. Byetaago ki ebitannatuukibwako mu kitundu kyammwe?
   ____________________________________________________________________________
3. Byetaago ki ebitannatuukibwako mu kkanisa yammwe?
   ____________________________________________________________________________

**OMUTENDERA OGW’EKKUMI NESSATU – SISINKANA EKYETAAGO KY’OMWOYO.**

Ekyetaago ky’osisinkanye tekijja kugasa okutuuka ng’okitadde mu nkola mu bulamu bwo n’obuweereza. “Okuteeka mu nkola” kitegeeza okukozesa obulungi ekintu, okukolera ddala oba okubaako ky’okikozesa.

Geraageranya olukalala lw’ebyetaago by’omwoyo bye wakoze mu “mutendera ogw’ekkumi n’ebbiri” n’olukalala lw’ebirabo by’okkiriza nti Katonda yabikuwa. Zuula ekirabo ky’omwoyo ekituukana n’ekirabo ky’okkiriza nti olina, awo okole okumalirira kwo nti ojja kusisinkano ekyetaago ekyo. Okugeza bwe wabaawo obwetaavu bw’abasomesa mu kkanisa ng’okkiriza nti olina n’ekirabo ky’okusomesa, weeweeyo osisinkane ekyetaago kino. Kozesa olukalala olukuweereddwa wammanga:

**Kwanaganya ebirabo by’omwoyo n’ebyetaago:**

| Nzikiriza nti nnina ebirabo by’omwoyo bino wammanga: | Ebyetaago, ekirabo kino byekiyinza okusisinkana; Ku muliraano gwange: | Mu kitundu: | Mu kkanisa: |
|---|---|---|---|
| - Obutume: | ______________________ | | |
| - Obunnabbi: | ______________________ | | |

- Okubuulira enjiri: ______________________________________________
- Okusumba: ______________________________________________
- Okusomesa: ______________________________________________
- Okulagula: ______________________________________________
- Okubuulirira: ______________________________________________
- Ekigambo ky'amagezi: ______________________________________________
- Ekigambo ky'okumanya: ______________________________________________
- Okuweereza: ______________________________________________

| Nzikiriza nti nnina ebirabo by'omwoyo bino wammanga: | Ebyetaago, ekirabo kino byekiyinza okusisinkana; Ku muliraano gwange: | Mu kitundu: | Mu kkanisa: |
|---|---|---|---|

- Okuyamba: ______________________________________________
- Okukulembera: ______________________________________________
- Okufuga: ______________________________________________
- Okuwaayo: ______________________________________________
- Okusaasira: ______________________________________________
- Okwawula emyoyo: ______________________________________________
- Okukkiriza: ______________________________________________
- Okusembeza: ______________________________________________
- Ennimi: ______________________________________________
- Okutaputa ennimi: ______________________________________________
- Eby'amagero: ______________________________________________
- Okuwonya: ______________________________________________

**OMUTENDERA OGWEKKUMI N'ENNYA – WEEKEBERE MU BUWEEREZA BWO:**

Ng'omaze okuweerezaako okumala ebbanga n'ekirabo ekyo, kebera obuweereza bwo. Okizudde era olaze obuwanika obulungi obw'ekirabo kyo eky'omwoyo.

- Bw'oba ng'olina by'otuseeko mu bikwatagana ne ky'oweerereza kino kitegeeza ojja kulaba ebiva mu buweereza bwo.
- Bw'oba ojjuziddwa, oba onyumirwa obuweereza bwo. Bw'oba omalibwamu amaanyi, oyinza okuba nga toweereza mu kintu ky'olinamu ekirabo.
- Bw'ofuna obubaka okuva ew'abakulembeze mu by'omwoyo nga bye bakwogerako biraga nti okola bulungi mu kifo ky'oweerezaamu.

Obuweereza bw'olimu bwe buba nga tebutuukana na busobozi bwo obw'omwoyo ng'era tokola bulungi, ddamu weetegereze olukalala lwo ku birabo ebisoboka era osabe Katonda akulage ky'oyinza okukola ekirala mu buweereza.

Tomalibwamu maanyi …. Jjukira omusajja eyalowoozanga nti mubuulizi kyokka nga musomesa. Era kyamugaso nnyo omumanya kirabo ki ky’otolina nga bw’ozuula ne ky’olina. Kino kikuyambako obutayonoona budde mu buweereza bw’otojja kukola bulungi. Mu kusaba n’okukola ebiri mu mitendera egikulagiddwa, ojja kuzuula ekifo kyo eky’obuweereza Katonda bw’akuwadde. Bw’otandika okuweereza, ojja kutegeera mangu ekirabo kyo.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Wandikayo ensonga ttaano (5) lwaki kyamugaso okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………….
3. Leetayo emitendera kkumi n'ena egiyinza okukuyamba okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Bulijjo Katonda agaba ebirabo ebyetaagisa mu kukuyamba okutuukiriza okuyitibwa kwo. Oyinza otya okumanya bw'oba nga wayitibwa? Soma enkola eno nga bweragiddwa mu kuyitibwa kwa Musa:

   **Katonda awa okulungamizibwa:**

   Soma okuva 3:1-4. Ennono esooka ku kumanya okuyitibwa kwa Katonda kwe kutegeera Katonda oyo abaako ne kyasooka okukola. Y'alina obuvunaanyizibwa obw'okwogera naawe ku ekyo ky'ayagala okole.
   Tolina kutambulira mu kumalibwamu maanyi buli wamu olw'okuba nga onoonya ekyo Katonda ky'ayagala omukolere. Buvunaanyizibwa bwa Katonda okwogera naawe ku ekyo kyakuyitira. Tolina kusooka kwebuuza ku bantu oba mikwano gyo okukubuulira ekyo kye balowooza okole. Obuvunaanyizibwa bwo kwe kutuukiriza okuyitibwa okwo osobole okutuukiriza ekyo ky'oyitiddwa omulundi gumu nga bwe kikuweereddwa. Okuyitibwa okutuufu okuva eri Katonda si ky'ekintu ky'osalawo okukola ku lulwo oba abalala kye balowooza nti olina okukola.

   **Ojja kuba n'omugugu:**

   Okumala emyaka, Musa yalina omugugu ogw'amaanyi mu mutima gwe eri abantu be, Aba Isirayiri, kyamukwatako nnyo n'atuuka n'okutta omu Missiri era y'ensonga lwaki yabeera mu ddungu (Okuva 2:11-15). Bw'oyitibwa Katonda olw'obuweereza obumu, ojja kufuna omugugu ogw'amaanyi, obwagazi, okufaayo oba okukwatibwako n'okulumirirwa ku kintu ekyo.

   **Ojja kufuna enteekateeka eva ewa Katonda:**

   Omugugu, obwagazi, okukwatibwako n'okulumirirwa byokka tebimala kutuukiriza kuyitibwa kwa Katonda. Okugatta ku ky'okuweebwa, okulungamizibwa n'omugugu, Katonda ajja kwogera enteekateeka eneekuyamba okutuukiriza okuyitibwa kwo.
   Wano abantu abasinga we balemererwa. Bafuna okuyitibwa n'omugugu ebya Katonda, naye ne banguyirawo okukola nga Katonda tannabawa nteekateeka eneebayamba okukikola.

   Katonda yawa Musa enteekateeka. Ye ne Alooni baalina okulabikako mu maaso ga Falawo awo AbaYisirayiri balyoke bateebwe. Olwo balyoke babakulembere okuva mu ddungu bagende mu nsi Katonda gye yabasuubiza. Katonda bw'akuyita n'akuwa omugugu, lindako okutuusa ng'ofunye enteekateeka y'okutuukiriza obuweereza bwo.

**Ojja kuba n'endowooza y'obutasaanira:**

Bw'osoma Okuva 3:8, olaba bulungi obutasaanira Musa bwe yayolesa. Yagamba*, "Nze ani okugenda mu maaso ga Falawo," era nti nnina n'okuggya eggwanga lya Isirayiri mu Missiri!* Bw'ofuna okuyitibwa okutuufu okuva eri Katonda, ojja kuwulira ng'atasaanidde (Bw'owulira nti osaanidde nga ggwe, awo sooka weegendereze okukola ekintu. Kiyinzika okuba nga okwo si kwe kuyitibwa okutuufu okuva eri Katonda. Katonda bw'akuyita, ojja kufuna ku ndowooza y'okuba omunafu, atasaanira era eyeetaaga. Tojja kuwulira nti ddala osaanidde okukola ekyo ky'akuyitira, era kijja kukwewuunyisa nnyo.
Oli mu bantu abalungi, abasajja n'abakazi ba Katonda ab'amaanyi okumala ebbanga ng'owulira embeera y'emu. Naye abo abaatukiriza okuyitibwa kwabwe nga tebatunuulidde butasaanira bwabwe bakkiriza nti Katonda abasaanyiza era amala. Katonda yaddamu Musa mu Okuva 3:12, ng'agamba, *"…ddala nnaaberanga naawe."* Katonda tanoonya abo abeemalirira. Ky'oli si ky'ekikulu ennyo, naye Katonda ky'ali.

2. Soma ku bulamu bw'abantu abalala mu Baibuli. Ojja kukizuula nti enkola wonna y'emu. Okugeza soma ku kuyitibwa kwa Gidiyoni mu Ekyabalamuzi 6 n'okuyitibwa kwa Yeremiya mu Yeremiya 1
3. Olukalala luno lujja kukuyamba okumaliriza emitendera gy'okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo ekikuweereddwa mu ssuula eno:

- Omutendera ogusooka: Nzaaliddwa omulundi ogw'okubiri.
- Omutendera ogw'okubiri: Nfunye okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu.
- Omutendera ogw'okusatu: Nsobola okuzuula ebirabo by'omwoyo eby'enjawulo.
- Omutendera ogw'okuna: Nzudde eby'okulabirako by'abantu abakuze mu birabo.
- Omutendera ogw'okutaano: Nnoonyezza ekirabo ky'omwoyo okuyita mu kusaba n'okusiiba.
- Omutendera ogw'omukaaga: Abakulembera mu mwoyo bantaddeko emikono era nsabye ne Katonda andage ekirabo kyange.
- Omutendera ogwomusanvu: Nneekenneenyezza by'enjagala mu mwoyo.
- Omutendera ogwomunaana: Nneekenneenyezza abankulembera mu mwoyo.
- Omutendera ogw'omuwenda: Nneekenneenyezza obuweereza bwange obwobukristaayo obwayita.
- Omutendera ogwekkumi: Mmalirizza ebibuuzo ku birabo eby'omwoyo.
- Omutendera ogwekkumi n'ebbiri: Nzudde ebyetaago ky'omwoyo mu maka, mu kitundu ne kkanisa.
- Omutendera ogwekkumi n'essatu: Nkwanaganyiza ekirabo kyange n'ekyetaago era ntandise okukiwulira.
- Omutendera ogwekkumi n'ennya: Nkebedde obuweereza bwange mu kitundu era nzudde nga bituukiridde.

**EBIBUUZO KU BIRABO EBY'OMWOYO:**

Waliyo ebibuuzo bya mirundi ebiri:

Ebisooka bikwata ku birabo eby'enjawulo eby'abatume, bannabbi, ababuulizi, abasumba n'abasomesa.

Ebirala bya birabo ebisigaddeyo eby'omwoyo. Maliriza ebibuuzo ebyo mu ngeri y'emu ng'okozesa "YE"

Oba "NEDDA"

**Kino kyakulabirako:**

YE NEDDA:

(X) ( ) 1. Okukkiriza nti Katonda akutira ekifo ky'obukulembeze?

**EBIRABO EBY'ENJAWULO:**

**EBIBUUZO KU BIRABO EBY'ENJAWULO:**

1. Okugezesebwa kuno ku "birabo eby'enjawulo" (obutume, obunnabbi, obubuulizi, obusumba n'obusomesa) kukuweereddwa okukuyamba okwekebera oba by'oyagala n'embeera z'obulamu bwo. Byoleka ebisaanyizo n'embala ku bantu ababa n'ebirabo. Era okugezesebwa kuno kuyinza okuba okw'omugaso gy'oli, naye tokutwala nti kwe kw'enkomeredde. Oteekwa okukebera n'obwegendereza okuyitibwa kwa Katonda okwomunda olubeerera n'okukozesa ekirabo obulungi, n'okukakasa ekirabo ekyo okw'abantu abalala bwe muli mu mubiri gwa Kristo:

YE NEDDA

( ) ( ) 1. Okkiriza nti Katonda akuyitira ekifo ky'obukulembe?

( ) ( ) 2. Wali oyagaddeko okubeera omuminsani?.

( ) ( ) 3. Okkiriza nti Katonda akuwadde obuzobozi bw'okuba omwogezi mu bantu?

( ) ( ) 4. Olina okuyaayaanira okubuulira eri abatannakkiriza?

( ) ( ) 5. Onyumirwa okuteeka obuddebwo mu kusoma Baibuli?

( ) ( ) 6. Wali obaddeko n'obwagazi bw'okwenyigira mu buweereza bw'ekigambo kya Katonda obwa buli kiseera?

( ) ( ) 7. Onyumirwa okutambula mu bifo eby'enjawulo buli kiseera?

( ) ( ) 8. Owulira osobola okwogerera mu maaso g'abantu abangi?

( ) ( ) 9. Onyumirwa okugabanako enjiri n'abatali bakkiriza okusinga okusomesa n'okutendeka abakristaayo?

( ) ( ) 10. Wandyagadde okukolera mu kkanisa yo okusinga okutambulira mu bifo eby’enjawulo singa wabaawo omukisa?

( ) ( ) 11. Okkiriza mu bufumbo bwo n’amaka go nti bikola ng’ekyokulabirako eri abalala okugoberera?

( ) ( ) 12. Owulira ng’olina ekirabo mu by’okukulaakulanya abakulembeze mu kkanisa?

( ) ( ) 13. Bw’olaba embeera n’ebintu ebitali bituufu, oyaayanira okubyetabamu osobole okutereeza embeera?

( ) ( ) 14. Okumanyisa abatali bakkiriza ky’ekikwanguyira?

( ) ( ) 15. Onyumirwa okuba n’enkolagana n’abantu b’otomanyidde ennyo?

( ) ( ) 16. Abantu abalala abakulaba bakwogerako ng’omuntu omugumiikiriza oba ow’ekisa?

( ) ( ) 17. Wali otandiseeko obuweereza bwa Mukam era n’obulaba nga bukula n’abalala ne batuuka okwagala okukola nga bw’okoze?

( ) ( ) 18. Otera okuwulira omwoyo w’obuvumu ng’oyagadde okwogera ekigambo kya Katonda eri abantu n’embeera mwe kyetaagibwa?

( ) ( ) 19. Ojulira bingi okusinziira ku kwagala kwo okusinga obuvunaanyizibwa bwo oba omulimu gwo?

( ) ( ) 20. Oyagala okukolagana n’abantu okusinga okukola ku bizibu byabwe, ne bye beebuuza, okusinga abalala bwe bayinza okwetwalira obuvunaanyizibwa buno?

( ) ( ) 21. Wandyennyonnyoddeko nga omuntu alina empisa?

( ) ( ) 22. Wandisanze obwangu mu kugenda n’obeera mu nsi oba awali obuwangwa obulala?

( ) ( ) 23. Abakkiriza abalala bagezaako okugamba nti bwe bakuwuliriza ng’oyogera ekigambo kya Katonda bakwatibwako?

( ) ( ) 24. Waliyo omuntu eyali ayogeddeko naawe nti olabika olina ekirabo ky’obubuulizi?

( ) ( ) 25. Wandinyumiddwa okubeera n’obuweereza bw’okusomesa nga mwenyigiramu abakkiriza ab’emitendera gyonna?

( ) ( ) 26. Wandyennyonnyoddeko ng’omuntu asembeza, era ayagala ennyo okubeera n’abantu mu maka go?

( ) ( ) 27. Otera okwesanga nga kikwanguyira okugumira obuzibu bwonna oba embeera ezikyukakyuka?

( ) ( ) 28. Weesanga nnyo ng'oyanguyiriza okubuulira ekigambo kya Katonda eri abantu abali mu bwetaavu okusinga okubalinda bakubuuze?

( ) ( ) 29. Otera okufuna okwagala okw'amaanyi n'okufaayo okutuukirira abatali balokole okusinga okusomesa n'okutendeka abakkiriza?

( ) ( ) 30. Owulira okulumirizibwa kw'okutendeka abakkiriza ku nkozesa y'ebirabo byabwe eby'omwoyo obulungi ku lwa Mukama?

( ) ( ) 31. Oli muntu asobola okugumira enfuna yonna nga tokyuseemu wadde ensimbi z'olina ntono n'oba nga tokozesebwa wadde okwagala okole ensimbi endala?

( ) ( ) 32. Kati olina eddembe ku maka go n'obuvunaanyizibwa ku by'ensimbi ebiyinza okukukuumira mu kutambulatambula wano na wali?

( ) ( ) 33. Onyumirwa nnyo okwogerera mu bantu okusinga ng'oyogera n'omuntu omu?

( ) ( ) 34. Otera okwesanga nga weenoonyeza omukisa gw'okubuulira ku Kristo?

( ) ( ) 35. Onyumirwa nnyo okubeera mu bintu by'okunoonyereza n'okusoma Baibuli?

( ) ( ) 36. Obadde Mukristaayo okumala emyaka esatu n'omusobyo?

( ) ( ) 37. Okkiriza nti osobola okuwangulira Kristo abantu ate n'obatendeka okubeera abasumba?

( ) ( ) 38. Wali obadde n'omukisa gw'okusomesa ekigambo kya Katonda eri ebibinja by'abantu nga bakungaanye kukuwuliriza?

( ) ( ) 39. Otera okukeera ng'oyagala waakiri buli lunaku okubaako gw'obuulira enjiri atali mukkiriza?

( ) ( ) 40. Waliwo eyali akugambye nti osobola okubeera omusumba oba omusomesa omulungi?

( ) ( ) 41. Wali ofunye ku buvunaanyizibwa bw'okutambuza amaka oba eby'obusuubuzi abantu ne bagamba nti obisobodde bulungi?

( ) ( ) 42. Otera okufuna obwangu mu kubeera n'abantu abapya era n'obeemanyiiza mu bwangu?

( ) ( ) 43. Otera okufaayo ku mpisa z'abantu naddala mu mbeera ez'enjawulo, n'oyagala oyogereko ku ezo ezibeera embi?

( ) ( ) 44. Otera okufunayo emboozi n'abatali bakkiriza ku Yesu Kristo n'ekyo kye yakola?

( ) ( ) 45. Okkiriza nti Katonda akuwadde obusobozi bw'okukola n'abantu ne ku bizibu byabwe mu ngeri ennungi era erimu okwagala?

( ) ( ) 46. Okakasa nti abakkiriza abalala bajja kugamba nti olina ekirabo ky'obukulembeze mu kkanisa?

( ) ( ) 47. Kyangu gy'oli okulekera abalala obuvunaanyizibwa bwe baba nga baagala okubwolesa?

( ) ( ) 48. Abalala banaakwogerako ng'omwogezi atuukiridde eri abantu?

( ) ( ) 49. Otera okugamba nti obeera n'okulumirizibwa ku lw'abatannakkiriza nabo basobole okulokoka nga kino ky'ekifuga by'okola ne by'oyogera?

( ) ( ) 50. Wandinyumiddwa nnyo okutwala obuvunaanyizibwa bw'okufaayo eri ebyetaago by'abalala eby'omwoyo oba abantu abali awamu?

**OBUBONERO BW'EBIRABO EBY'ENJAWULO BULI WANO:**

Bw'omaliriza ebibuuzo, maliriza n'omuko oguddako. Buli kibuuzo ky'otaddeko "YE" teeka akabonero ku nnamba y'ekibuuzo ekyo. KY'OTOZZEEMU TOKIWA KABONERO. Kola obubonero kw'ebyo ebibuuzo byokka by'ozzeemu ne "YE."

**Kino ky'ekyokulabirako**: Omuntu eyatadde "YE" ku bibuuzo nga: 1, 6 ne 13 ateeke obubonero mu bubookisi bw'enamba zino ku lupapula lw'ebiddibwamu:

EBISAANYIZO EBY'AWAMU

| | |
|---|---|
| (Bikola eri abantu abalina ebirabo | NNABBI |
| Ebina byonna) | (Abuulira) |
| (x) # 1 | ( ) # 3 |
| (x) # 6 | ( ) # 8 |
| ( ) # 11 | (x) #13 |

Yazzeemu ebibuuzo 11, 3 ne 8 ne "NEDDA" awo talina kuteeka kabonero konna ku nnamba zino ku lukalala lw'ebiddibwamu. Kaakati weeteremu obubonero buno naawe

| | |
|---|---|
| (Bikola eri abantu abalina ebirabo | NNABBI |
| Ebina byonna) | (Abuulira) |
| ( ) #1 | ( ) #3 |
| ( ) #6 | ( ) #8 |
| ( ) #11 | ( ) # 13 |
| ( ) #16 | ( ) #18 |

| | |
|---|---|
| ( ) #21 | ( ) #23 |
| ( ) #26 | ( ) #28 |
| ( ) #31 | ( ) #33 |
| ( ) #36 | ( ) #38 |
| ( ) #41 | ( ) #43 |
| ( ) #46 | ( ) #48 |

| OMUTUME (Obuminsani) | OBUBUULIZI | OMUSUMBA/OMUSOMESA |
|---|---|---|
| ( ) #2 | ( ) #4 | ( ) #5 |
| ( ) #7 | ( ) #9 | ( ) #10 |
| ( ) #12 | ( ) #14 | ( ) #15 |
| ( ) #17 | ( ) #19 | ( ) #20 |
| ( ) #22 | ( ) #24 | ( ) #25 |
| ( ) #27 | ( ) #29 | ( ) #30 |
| ( ) #32 | ( ) #34 | ( ) #35 |
| ( ) #37 | ( ) #39 | ( ) #40 |
| ( ) #42 | ( ) #44 | ( ) #45 |
| ( ) #47 | ( ) #49 | ( ) #50 |

**EBIRABO EBY’ENJAWULO BWE BIYIMIRIDDE:**


Ng’okozesa olukalala lw’obubonero ku muko oguwedde, maliriza ebirabo eby’enjawulo nga bwe biyimiridde ku muko guno. Bala obubookisi bw’ojjuza ku buli kirabo. (Obubookisi obulambiddwa ne “YE” bwe buliko ebyokuddamu eri ebibuuzo). Teeka omusittale ku nnamba eraga bwoyimiridde:

**Kino kyakulabirako:** Eno y’engeri olukalala lw’obubonero bw’omuntu gye lwalambiddwamu:

| EBISAANYIZO EBYAWAMU: | NNABBI (Omubuulizi) |
| --- | --- |
| ( ) #1 | ( ) #3 |
| ( ) #6 | ( ) #8 |
| ( ) #11 | ( ) #13 |
| ( ) #16 | ( ) #18 |
| ( ) #21 | ( ) #23 |
| ( ) #26 | ( ) #28 |
| ( ) #31 | ( ) #33 |
| ( ) #36 | ( ) #38 |
| ( ) #41 | ( ) #43 |
| ( ) #46 | ( ) #48 |

| ABATUME | OMUBUULIZI | OMUSUMBA /OMUSOMESA |
| --- | --- | --- |
| ( ) #2 | ( x ) #4 | ( x ) #5 |
| ( x ) #7 | ( x ) #9 | ( ) #10 |
| ( x ) #12 | ( x ) #14 | ( ) #15 |
| ( ) #17 | ( x ) #19 | ( x ) #20 |
| ( x ) #22 | ( x ) #24 | ( ) #25 |
| ( ) #27 | ( ) #29 | ( ) #30 |
| ( x ) #32 | ( x ) #34 | ( ) #35 |
| ( x ) #37 | ( x ) #39 | ( ) #40 |
| ( ) #42 | ( x ) #44 | ( ) #45 |
| ( ) #47 | ( x ) #49 | ( ) #50 |

**Eno y’engeri gye baakozesezza eby’okuddamu byabwe okumaliriza olukanganga:**




Ebiba ebiwanvu bwe bubonero obwa waggulu.

Ebiba ebimpi bwe bubonero obutono.

Kati naawe kozesa olukalala lwo osobole okumaliriza ebiro byo eby’enjawulo nga bwe biyimiridde.

**EBIRABO EBY’ENJAWULO BWE BIYIMIRIDDE:**

EBYAWAMU:

______________________________________________________________________________

ABATUME:

BANNABBI:

______________________________________________________________________________

ABABUULIZI:

______________________________________________________________________________

ABASUMBA/ ABASOMESA:

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10

Ebiba ebiwanvu bwe bubonero bwo obungi.

Ebiba ebimpi bwe bubonero bwo obumpi.

**EBIRABO BY'OMWOYO**

**EBIBUUZO KU BIRABO EBY'OMWOYO:**

YE NEDDA

( ) ( ) 1. Wennyonnyolako ng'omwogezi omulungi mu bantu?

( ) ( ) 2. Kikwanguyira era okinyumirwa okumalira obudde bwo mu kusoma n'okunoonyereza ku Baibuli?

( ) ( ) 3. Onyumirwa okugabana ebizibu by'abantu bye basisinkana n'abantu abalala?

( ) ( ) 4. Weesanga ng'ofaayo nnyo mu ngeri y'okuteeka mu nkola ekigambo kya Katonda okusinga okukitegeera obutegeezi?

( ) ( ) 5. Okitegedde nti Katonda akuwadde obusobozi obw'enjawulo okuyiga n'okufuna okumanya okukwata ku kigambo kye?

( ) ( ) 6. Onyumirwa okusikiriza abalala mu bikwatagana n'obuweereza?

( ) ( ) 7. Abantu abalala bakwogerako ng'omuntu ayanguwa okusalawo?

( ) ( ) 8. Ofaayo nnyo ku bikolwa okusinga ku nsonga lwaki obikola?

( ) ( ) 9. Bw'owulira omuntu ayagala obuyambi, oyanguwako okumuyamba?

( ) ( ) 10. Wandyagadde okugaba ssente z'obuyambi okusinga okuzikozesa ebibyo?

( ) ( ) 11. Onyumirwa okukyalira abantu abalwadde oba abateesobola?

( ) ( ) 12. Amako go mangu nti abantu bandiyagadde okugakyalamu newaakubadde nga oluusi tebalaze?

( ) ( ) 13. Weesanga olina ebintu by'okkiriza naye nga si kyanngu abakkiriza abalala okukkiriza?

( ) ( ) 14. Abakkiriza oluusi bakugambyenga nti olina olumanyo ku kintu ekirungi oba ekibi?

( ) ( ) 15. Ebintu bwe biba nga tebitambula bulungi, otera okuwulira nga ozitoowereddwa otere obeeko ky'okola?

( ) ( ) 16. Otera okwagala okukakasa ebiddibwamu ku nsonga ezimu n'okubuuza?

( ) ( ) 17. Okizudde nti abantu batera okukwebuuzako ku bizibu byabwe ssekinoomu?

( ) ( ) 18. Otera okuzuula eky'okuddamu eky'amangu ku mbeera abalala nga tebamanyi kyakukola?

( ) ( ) 19. Weesanga ng’abantu batera okukuleetera ebibuuzo bya Baibuli n’ebizibu eby’amaanyi okumanya engeri w’obitegeera?

( ) ( ) 20. Weesanga ng’otaddewo ebiruubirirwa byo n’eby’obuweereza ku lw’abakkiriza?

( ) ( ) 21. Olengera omukisa gw’okutwala obuvunaanyizibwa osalewo ku lw’abalala?

( ) ( ) 22. Onyumirwa okukola ebintu ebireeta essanyu kabibe bitono bitya?

( ) ( ) 23. Olengera obuweereza obw’enjawulo obw’okuyamba abalala okubeera abakozi abalungi?

( ) ( ) 24. Bw’owulira omuntu ali mu bwetaavu, olowoolezaawo okumusindikira ku ssente?

( ) ( ) 25. Bw’owulira omuntu ng’ali mu ddwaliro otera okwagala okumuweereza obubaka obumuzzamu amaanyi?

( ) ( ) 26. Bw’ofuna abagenyi mu maka go otera okuwulira ng’olina ekikubulako?

( ) ( ) 27. Abantu bonna nga bagamba ekintu nti tekisoboka, ggwe osigala n’endowooza nti kisoboka bw’okkiriza Katonda?

( ) ( ) 28. Otera okubeera n’okutegeera abantu ne bw’oba nga tobamanyi bulungi?

( ) ( ) 29. Otera okwogera ku nsonga nga waliwo ekigenda mu maaso okusinga okusirika n’owuliriza?

( ) ( ) 30. Bw’owulira ekibuuzo oba ekizibu otera okutyamu okufuna ekyokuddamu oba okukinoonyerezaako?

( ) ( ) 31. Olaba nga kisingako ggwe okwogerezeganya n’abantu abalina ebizibu okusinga okubitwalira omuntu omulala ayambe?

( ) ( ) 32. Abantu batera okukwebuuzaako nga bali mu buzibu?

( ) ( ) 33. Mu kusomako okw’ekigambo kya Katonda okizudde nti waliwo ebintu ebipya n’otegeera n’ebyo ebibadde ebizibu gy’oli?

( ) ( ) 34. Omuntu bw’abaako ne kyakola obulungi, owulira nga okwatibwako okumuyamba akolere ddala bulungi n’okusingawo?

( ) ( ) 35. Owulira okukwasiza empisa ng’oluŋŋamya n’okuwabula, ng’olowooza ku ngeri gye kinaayisaamu abalala?

( ) ( ) 36. Omatizibwa n’okukola ekintu mu ngeri yo okusinga ku ekyo abalala kye balowooza nti kye wandikoze?

( ) ( ) 37. Weeraba nnyo ng'oyamba abalala mu buweereza okusinga abo abali mu bifo by'obukulembeze?

( ) ( ) 38. Weeraba ng'onoonyereza omukisa gw'okugaba ku ssente zo nga tolinze bennyonnyoleko?

( ) ( ) 39. Weesanga nga kikwanguyira okulaga essanyu awali abo abali mu kubonaabona?

( ) ( ) 40. Onyumirwa okubeera n'abantu mu maka go nga totunuulidde bwe bali?

( ) ( ) 41. Owulira ng'alemesebwa omuntu bw'agamba nti ekintu kyonna tekisoboka?

( ) ( ) 42. Otera okuwulira nti ebintu ebyogerwa bya Sitaani nga si bya Katonda era ky'oba olowooza kiba kituufu?

( ) ( ) 43. Okyegenderezza nti abantu bamanya enkola oba enjigiriza enkyamu bw'ogabanako n'abo Baibuli by'egamba?

( ) ( ) 44. Abantu batera okwogera nti olina obusobozi bw'okunnyonnyola ebintu ebiringa ebizibu?

( ) ( ) 45. Otera okufuna essanyu ng'ozzaamu amaanyi abo abayita mu buzibu oba okugezesebwa?

( ) ( ) 46. Otera okwesanga ng'abantu bakubuuza ky'olowooza ku mbeera mu ndowooza nti ojja kuba omanyi eky'okukola?

( ) ( ) 47. Okyegenderezza nti otegeera mangu ekiyigirizibwa mu kigambo kya Katonda nga kirabika ng'ekizibu awatali kunoonyereza?

( ) ( ) 48. Wandyagadde okuyigiriza omuntu engeri y'okukola omuntu okusinga ku kukimukolera.

( ) ( ) 49. Onyumirwa okuwa abalala ebiragiro n'okubasalirawo?

( ) ( ) 50. Kituufu nti bw'olagirwa okubaako ky'okola tokifunamu buzibu bwonna?

( ) ( ) 51. Owulira ng'oyagala okuyambako abalala mu mirimu gyabwe gikendeere basobole okukola emirimu egisingako?

( ) ( ) 52. Otera okwesanga ng'oyagala okufaayo eri ekyetaago ky'ensimbi ekibaawo awatali kukola nteekateeka yonna?

( ) ( ) 53. Kikwanguyira okwogera n'abantu ababa bayita mu kubonaabona?

( ) ( ) 54. Otwala amaka go okubeera ng'ekifo ky'abalala okuweererezaamu?

( ) ( ) 55. Okizudde nti tolina kulinda kufuna bujulizi bumala oba okulungamizibwa olyoke okole okusalawo?

( ) ( ) 56. Otera okwesanga nga weetegerezza abantu naye ebintu by'otera okusanga nga bituufu oba bikyamu?

( ) ( ) 57. Bw'oyogera ku kigambo kya Katonda, otera okulowooza engeri kino gye kigenda okusoomoozaamu oba okusikiriza abo b'okigamba?

( ) ( ) 58. Abantu bagezezzaako okukulaga nti basiima engeri gy'onnyonnyola ebintu bya Baibuli?

( ) ( ) 59. Otera okwanguyirwa okukolagana n'abantu ab'ennyise oba abaweddemu amaanyi, n'abali mu ssanyu ku ekyo ekirina okumalirizibwa?

( ) ( ) 60. Abakkiriza abalala batera okujuliza amagezi oba okuluŋŋamya kw'obawa nga ky'ekyokukola ekituufu era ekisingayo eri buli omu?

( ) ( ) 61. Otera okutegeera ebintu by'ekigambo kya Katonda abakkiriza abalala bwe mufaanaganya gye muva bye balabika okuba nga tebamanyi?

( ) ( ) 62. Otera okufaayo okutendeka n'okusomesa abakkiriza ku ngeri y'okufuuka abakulembeze?

( ) ( ) 63. Otera okwesanga nga weefumiitiriza ku kusalawo okwandikoleddwa ku kuluŋŋamya ekibinja ky'abantu.

( ) ( ) 64. Ofundako okukola omulimu wekka okusinga okukola n'abalala mu kibinja?

( ) ( ) 65. Okkiriza nti wandiyambyeko oyo ali mu bwetaavu bw'oba osobola okukikola?

( ) ( ) 66. Olaba nga kigasannyo era kyassanyu okugaba, awatali kufaayo ku oyo gw'owa ky'anaagamba?

( ) ( ) 67. Otera okulowooza ku ngeri y'okuyambamu abo ababonaabona?

( ) ( ) 68. Wandyagadde okubeera n'obuweereza obw'enjawulo bulijjo ng'oyayaniriza abantu mu maka go awatali kutunuulira ki kye bali?

( ) ( ) 69. Osobola okukkiriza ebintu ng'abalala bonna abaliwo tebakkiriza?

( ) ( ) 70. Otera okuwulira obuvunaanyizibwa eri Katonda bw'ozuula ekintu nti si kituufu wadde nga bakkiriza balabika ng'abatategedde?

( ) ( ) 71. Abakkiriza abalala baali bakugambyeko nti ogabana bulungi ekigambo kya Katonda mu ngeri etuukiridde?

( ) ( ) 72. Abantu bajja gy'oli nga banoonya eky'okuddamu kubibuuzo oba ebizibu?

( ) ( ) 73. Olabawo omukisa gw’okwagala n’okulumirirwa abantu abalina ebizibu eby’enjawulo?

( ) ( ) 74. Bw’owa omulala amagezi, essira oliteeka ku “ngeri” gye kirina okukolebwa okusinga ku lwaki kirina okukolebwa?

( ) ( ) 75. Abakkiriza abalala bakugambyeko nti olina obusobozi bw’okumanya n’okutegeera ebintu by’ekigambo kya Katonda?

( ) ( ) 76. Owulira ng’olina okufaayo kw’okwagala okuyamba abantu okusisinkana ebiruubirirwa byabwe?

( ) ( ) 77. Abantu bakwesigamako nnyo okukola okusalawo ku bintu ebimu mu kitongole mwe muli?

( ) ( ) 78. Bw’owulira omulimu ogwetaaga okukolebwa, otya okugukola nga ggwe?

( ) ( ) 79. Omatira n’engeri omuntu gy’ayambibwamu n’ekyo ky’okoze okusinga okukikola obukozi?

( ) ( ) 80. Bw’ogaba ssente, otera okwewala okuganya abalala okumanya eky’okukola?

( ) ( ) 81. Wandyagadde okuweerezanga eri abayita mu kubonaabona bulijjo?

( ) ( ) 82. Olaba abantu mu maka go ng’obuweereza obusanyusa so si otuukiriza oluwalo?

( ) ( ) 83. Abakkiriza abalala bagezezzaako okukugamba nti olabika olina obusobozi bw’okwesiga Katonda ne mu biro ebizibu?

( ) ( ) 84. Abantu bagezezzaako okusaba endowoozayo ku kintu oba omuntu gw’olowooza oba ky’olowooza nti kituufu oba kikyamu?

( ) ( ) 85. Okkiriza nti olina ekirabo ky’okwogera eri abalala?

( ) ( ) 86. Osobola okunnyonnyola amakulu g’ekigambo okusinga olunyiriri eri omuntu?

( ) ( ) 87. Otera okwagala okuwuliriza abalala nga boogera ku bizibu byabwe so si ggwe okwogera ebibyo eri omuntu omulala?

( ) ( ) 88. Abakkiriza abalala balabika okuba nga bagoberera amagezi go mu biro ebizibu?

( ) ( ) 89. Weesanga nnyo ng’otegedde ekigambo kya Katonda kye kigamba ng’abakkiriza abalala tebannaba kukimanya wadde nga musomye mwenna mu kiseera ky’ekimu?

( ) ( ) 90. Otera okukulemberamu banno bwe watabaawo omu?

( ) ( ) 91. Otera okuwulira obuvunaanyizibwa bw’okulwawo okusalawo ku ky’okukola?

( )  ( )  92. Wandyekoleddemu emirimu gyo okusinga okudda awo n'owuliriza ebizibu by'abalala n'obwetaavu bwabwe?

( )  ( )  93. Otera okusanga obuzibu bw'okugaana ng'omuntu akusabye obuyambi ng'ali mu buzibu?

( )  ( )  94. Bw'owa omuntu ssente, weesanga nga tolina kusiimibwa kwe weetaaga?

( )  ( )  95. Otera okukwatira abali mu buzibu ekisa n'owulira ng'oyagala okubayambako mu ngeri yonna?

( )  ( )  96. Weesanga osobola okwanguyirwa okubeera n'abantu mu maka go awatali kulowooza nnyo bwe kinaalabika?

( )  ( )  97. Owulira okulumirizibwa okugamba abanyigirizibwa okwesiga Katonda bw'olaba nga balemereddwa?

( )  ( )  98. Owulira okutwala obuvunaanyizibwa bw'okunyweza amazima g'ekigambo kya Katonda ng'olaga nti ekikyamu ky'ekyo n'ekyo ekibi?

( )  ( )  99. Wandyogedde ekigambo kya Katonda eri abalala awatali kunnyonnyola okusinga lw'onadda awo n'onnyonnyola buli kimu?

( )  ( )  100. Otera okutegeka endowooza zo mu ngeri ennambulukufu?

( )  ( )  101. Otya okuyamba omukkiriza gw'owulidde nti "yayonoonye" oba "aseeredde"

( )  ( )  102. Ebintu by'osalawo n'amagezi by'ogaba bitera okweyoleka nga by'ebituufu emirundi egisinga?

( )  ( )  103. Otera okufuna okuyaayana kw'okugabana n'abakkiriza abalala amakulu g'ebitundu ebizibu mu Baibuli?

( )  ( )  104. Olengera okufuna essanyu mu kifo ky'obukulembeze, okusinga okuggwaamu amaanyi n'obuzibu?

( )  ( )  105. Wali okoze okusalawo ku lwa banno ne kukosa buli omu?

( )  ( )  106. Onyumirwa okukola ebintu nga tolinze kulagirwa kubikola?

( )  ( )  107. Onoonyaayo omukisa gw'okuyamba abantu abalala?

( )  ( )  108. Olaba okugaba ssente ng'obuweereza bw'omwoyo obw'amaanyi Katonda bw'aba akuwadde?

( )  ( )  109. Weesanga ng'okukyalira abalala abali mu buzibu kikuwa essanyu okusinga okunyigirizibwa?

( ) ( ) 110. Abakkiriza emirundi egisinga boogedde ku busobozi bw'olina mu kubeera n'abantu ewuwo n'engeri Katonda gy'akuyambye mu kino?

( ) ( ) 111. Olabye nga Katonda akoze ebintu by'amaanyi mu bulamu bwo n'abalala ne bagamba nti tebyandikoleddwa naye wakkiriza Katonda nti ajja kubikola?

( ) ( ) 112. Owulira ng'oyagala okuyamba abakkiriza abalala bw'omanya nti waliwo akabi, era bakkiriza ky'ozudde?

( ) ( ) 113. Bw'oweebwa omukisa okwogerako eri abakkiriza, owulira ng'oyagala kugabanako nabo ennyiriri za Baibuli okusinga ebyo by'oyiseemu ng'omuntu?

( ) ( ) 114. Waliwo abakkiriza abakusaba weeyongere okubeera ng'obasomesa mu buweereza era nga naawe bw'owulira?

( ) ( ) 115. Onyumirwa okuweereza eri omuntu omu okusinga eri ekibinja ky'abantu?

( ) ( ) 116. Owulidde obusobozi obw'enjawulo ku kumanya eky'okukola nga waliwo obuzibu oba embeera ez'enjawulo?

( ) ( ) 117. Bw'olaba abakkiriza abalala nga basobeddwa era nga balina kye batategeera mu biyigirizibwa mu Baibuli, era owulira obwagazi bw'okubannyonnyola kye kitegeeza?

( ) ( ) 118. Olabika ng'omanyi eky'okukola eri ebyetaago by'abantu, ebiruubirirwa oba bye baagala awatali kusoma nnyo n'okukola enteekateeka?

( ) ( ) 119. Onyumirwa okubeera nga ye ggwe alina obuvunaanyizibwa bw'okuluŋŋamya kwonna n'obuwanguzi bw'ekibinja mw'oli?

( ) ( ) 120. Weesanga nga tekyetaagisa kubeera na bikunnyonnyolako eby'omulimu bw'oyitibwa okubaako omulimu gw'okola?

( ) ( ) 121. Weesanze ng'abantu bakiraze nti obayambye mu kukola omulimu, ngobawewulako ne bakola ebintu ebirala?

( ) ( ) 122. Owulira essanyu ng'omuntu akusabye obuyambi bw'ensimbi mu nteekateeka yonna, ng'okiraba ng'ekyomukisa gy'oli?

( ) ( ) 123. Oli mwetegefu era owulira oyagala okumalira ddala, ssente n'ebintu ebirala mu kuyamba abo ababonaabona?

( ) ( ) 124. Ofuna essanyu ery'amaanyi bw'obeera n'abantu mu maka go n'otakiraba nga mugugu gy'oli?

( ) ( ) 125. Ozuddeyo obuweereza bw'essaala obutuukiridde mu bulamu bwo n'ebyokuddamu ebingi ku ssaala eyali tesuubirwa kuddibwamu?

( ) ( ) 126. Otera okwekenneenya omuntu oba ekintu kyonna ekyayogerwa abalala kye bataalaba naye nga kyakakasibwa nti kituufu?

**OBUBONERO BW'EBIRABO BY'OMWOYO:**

Bw'oba omaliriza ebibuuzo, maliriza n'omukko oguddako. Nga bwe wakoze ku birabo eby'enjawulo ku buli kibuuzo kye wataddeko "YE" teeka akabonero ku nnamba y'ekibuuzo ekyo. Toteeka kabonero ku kibuuzo ky'otalonze:

| OBUNNABBI | EKIGAMBO KY'AMAGEZI | OBUFUZI | OKUWAAYO | OKUKKIRIZA |
|---|---|---|---|---|
| ( )#1 | ( )#4 | ( )#7 | ( )#10 | ( )#13 |
| ( )#15 | ( )#18 | ( )#21 | ( )#24 | ( )#27 |
| ( )#29 | ( )#32 | ( )#35 | ( )#38 | ( )#41 |
| ( )#43 | ( )#46 | ( )#49 | ( )#52 | ( )#55 |
| ( )#57 | ( )#60 | ( )#63 | ( )#66 | ( )#69 |
| ( )#71 | ( )#74 | ( )#77 | ( )#80 | ( )#83 |
| ( )#85 | ( )#88 | ( )#91 | ( )#94 | ( )#97 |
| ( )#99 | ( )#102 | ( )#105 | ( )#108 | ( )#111 |
| ( )#113 | ( )#116 | ( )#119 | ( )#122 | ( )#125 |

| OKUSOMESA | EKIGAMBO KY'AMAGEZI | OBUWEEREZA | OKUSAASIRA | OKWAWULA |
|---|---|---|---|---|
| ( )#2 | ( )#5 | ( )#8 | ( )#11 | ( )#14 |
| ( )#16 | ( )#19 | ( )#22 | ( )#25 | ( )#28 |
| ( )#30 | ( )#33 | ( )#36 | ( )#39 | ( )#42 |
| ( )#44 | ( )#47 | ( )#50 | ( )#53 | ( )#56 |
| ( )#58 | ( )#61 | ( )#64 | ( )#67 | ( )#70 |
| ( )#72 | ( )#75 | ( )#78 | ( )#81 | ( )#84 |
| ( )#86 | ( )#89 | ( )#92 | ( )#95 | ( )#98 |
| ( )#100 | ( )#103 | ( )#106 | ( )#109 | ( )#112 |
| ( )#114 | ( )#117 | ( )#120 | ( )#123 | ( )#126 |

| OKULABULA | OBUKULEMBEZE | OBUYAMBI | OKUSEMBEZA |
|---|---|---|---|
| ( )#3 | ( )#6 | ( )#9 | ( )#12 |
| ( )#17 | ( )#20 | ( )#23 | ( )#26 |
| ( )#31 | ( )#34 | ( )#37 | ( )#40 |
| ( )#45 | ( )#48 | ( )#51 | ( )#54 |
| ( )#59 | ( )#62 | ( )#65 | ( )#68 |
| ( )#73 | ( )#76 | ( )#79 | ( )#82 |
| ( )#87 | ( )#90 | ( )#93 | ( )#96 |
| ( )#101 | ( )#104 | ( )#107 | ( )#110 |
| ( )#115 | ( )#118 | ( )#121 | ( )#124 |

**EBIRABO BY'OMWOYO BWE BIYIMIRIDDE:**

Ng'okozesa olukalala lw'obubonero ku muko oguwedde, maliriza engeri ebirabo eby'enjawulo gye biyimiridde ku muko guno.

Ku buli kirabo, bala obubokisi obulambiddwa ku mutwe (obulambikiddwa bwonna bwa YE). Teeka omusittale ku bwekiyimiridde ku buli nnamba.

Bw'oba omaze okubala obubookisi ku buli kirabo, omalirize bwe kiyimiridde ng'ojjuza olukangaga nga bwe kyabadde ku birabo eby'enjawulo nga bwe biyimiridde:

| |
|---|
| Obunnabbi |
| Okusomesa |
| Okulabula |
| Ekigambo ky'amagezi |
| Ekigambo ky'okumanya |
| Obukulembeze |
| Obufuzi |
| Obuweereza |
| Obuyambi |
| Okuwaayo |
| Okusaasira |
| Okusembeza |
| Okukkiriza |
| Okwawula |

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10

Ebiba ebiwanvu biraga obubonero obwa waggulu

Ebiba ebimpi bya bubonero obwa wansi

Ebirabo by'obubonero tebiri mu bibuuzo kubanga bw'oba olina ebirabo bino ojja kubitegeerera ku bubonero bwennyini

# ESSUULA EYEKKUMI N'EMU

## EKIBALA KYA MWOYO MUTUKUVU

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuzuula ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu eky'okungulu.
- Okuzuula ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu eky'omunda.
- Okunnyonnyola omugaso gw'ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu.
- Okuzuula olunyiriri mwe byawandiikibwa olulaga nti twalondebwa kubala bibala.
- Okunnyonnyola ekibala ky'omwoyo eky'omunda.
- Okuwa enjawulo eri wakati w'emirembe gya Katonda n'emirembe egiri ne Katonda.

**ENNYIRIRI ENKULU:**

> **Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa.**
>
> **Obuwombeefu, okwefuga; awali ebyo tewali tteeka libiwakanya. (Abaggalatiya 5:22-23)**

**ENNYANJULA**

Essuula eno ennyonnyola ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu. Mu ssuula eddako ojja kuyiga okwawula ebikolwa ebiyitibwa eby'omubiri. Mu ssuula esembayo, ojja kuyiga engeri y'okukuza ekibala eky'omwoyo.

**EKIBALA KYE KI?**

Ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu y'embala ey'omwoyo erabisibwa mu bulamu bw'omukkiriza. Kisaanyizo eky'omwoyo ekirina okulabikira mu bulamu bw'obukristaayo bonna.

Ebirabo ebya Mwoyo bya maanyi. Ebibala ebya Mwoyo Mutukuvu y'embala mu bulamu bw'omukkiriza. Ekipande kino kiraga enjawulo eri wakati w'ebirabo eby'omwoyo n'ekibala:

| **Ebirabo:** | **Ekibala:** |
|---|---|
| - Olw'obuweereza eri omubiri. | - Okukuza omuntu. |
| - Teri mukkiriza alina byonna | - Buli mukkiriza ateekwa okuba ne byonna. |
| - Olw'amaanyi | - olw'embala |

Ekibala ky'omwoyo kyeyolekera kukula okw'omwoyo. Ng'ekibala mu nsi ey'omubiri, kintu ekiva mu ekyo ekibadde kigenda mu maaso mu bulamu. Ekibala ky'omwoyo eba mbala ya bukristaayo mu muntu ne mu nneeyisa mu balala era kiva mu mulimu gwa Mwoyo Mutukuvu ogugenda mu maaso mu bulamu bwo n'engeri gy'oddamu eri omubiri guno. Nga n'ekibala bwe kitwala ebbanga okukula mu nsi

ey'omubiri, n'ekibala kyomwoyo kitwala ebbanga okukula. Kiva mu kukula okw'omubiri mu bulamu obw'omwoyo.

**EBIKA BY'EBIBALA EBIBIRI**

Baibuli eyogera ku bika by'ebibala by'omwoyo ebibiri:

1. Ekibala eky'okubuulira enjiri.
2. Ekibala eky'embala z'omwoyo ez'obwa Katonda.

Omwoyo Omutukuvu ayamba abakkiriza okubala ebibala eby'okungulu ng'abafuula ab'amaanyi mu kubuulira obubaka obw'enjiri. Akuza ekibala ekyomunda eky'embala eziringa eza Kristo mu bulamu bwabwe.

**EKIBALA EKYOKUNGULU: OKUBUULIRA ENJIRI**

**OKUZAALIBWA OKW'OMUBIRI:**

Adamu ne Kaawa bwe baatondebwa Katonda, ekiragiro kye yasooka okubawa kwali, "kubala bibala" era beekubiseemu mu nsi ey'omubiri:

> **Katonda n'abawa omukisa, n'abagamba nti, "Mwale mujjuze ensi, mugifugenga... (Oluberyeberye 1:28)**

Mu nsi ey'omubiri, Katonda yateekawo enkola ey'okwongera okuzaaza:

> **Ensi ng'ekyaliwo, okusiga n'amakungula, obunnyogovu n'ebbugumu, ebiseera eby'omusana n'eby'obutiti, emisana n'ekiro, tebiggwengawo. (Oluberyeberye 8:22)**

**OKUZAALA OKW'OMWOYO:**

Okuva ku ntandikwa y'ensi, Katonda yayita abantu be eri okuzaala okw'omwoyo n'okwomubiri. Adamu ne Kaawa baalina okuzaala mu mwoyo ne mu mubiri. Enteekateeka ya Katonda eyasooka yali nti baalina okujjuza ensi n'abantu abaatondebwa mu kifaananyi kya Katonda era abatambulira mu nkolagana ne Katonda.

Katonda bwe yateekawo eggwanga lya Isirayiri ng'abantu b'anaayolesezaako amaanyi ge n'enteekateeka ye eri ensi, yabayita babeere nga bazaala mu mwoyo:

> **Waleeta omuzabbibu ng'oguggya mu Misiri; n'ogobamu amawanga agaali mu nsi muno n'ogusimba.**
>
> **Wagulongooseza ettaka, ne gumera, emirandira ne ginywera bulungi, ne gwagaagala mu nsi.**
>
> **Ekisiikirize kyagwo ne kibikka ensozi, n'amatabi gaagwo ne gaba ng'emivule egy'amaanyi. (Zabuli 80:8-10)**

Omuzabbibu Katonda gwe yajja e Missiri lyali ggwanga lya Isirayiri. Yayagala babale ekibala ky'omwoyo nga boolesa Katonda omutuufu eri amawanga agatannakkiriza agaali gabeetoolodde. Baleme okubeera nga amawanga agatakkiriza. Baatandika okusinza ebifaananyi era nga baagala ne Kabaka alabika ow'abantu abafuge mu kifo kya Kabaka wa bakabaka atalabika. Ku nkomerero ya byonna, Katonda yagamba Isirayiri:

**Isirayiri yali muzabbibu ogwagaagadde, ogwabala ebibala byagwo... (Koseya 10:1)**

Olw'obutabala bibala bya mwoyo mu bo,Yesu yagamba:

**Kyenva mbagamba nti, Obwakabaka bwa Katonda bulibaggyibwako ne buweebwa eggwanga eribala ebibala byabwo. (Matayo 21:43)**

Kubanga Isirayiri yagaana okubala ebibala, obubaka bw'enjiri y'obwakabaka bweyongerayo eri bannamawanga. Okuva mu bannamawanga, Katonda yayimusa ekkanisa ey'okutuukiriza enteekateeka ye ey'okuzaaza mu mwoyo eri ensi yonna.

**BAALONDEBWA KUBALA BIBALA:**

Ng'abakkiriza, Yesu atulonze okubala ebibala okuyita mu kubuulira enjiri eri ensi yonna:

**Si mmwe mwannonda! Wabula Nze nabalonda, mulyoke mubale ebibala ate ebibala eby'olubeerera. Olwo buli kye munaasabanga Kitange mu linnya lyange anaakibawanga. (Yokaana 15:16)**

Ekiragiro kye ekisembayo eri abagoberezi be kyali kya kuzaaza mu mwoyo:

**N'abagamba nti, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu bonna. (Makko 16:15)**

Yasoomooza abayigirizwa be n'okwolesebwa okw'amaanyi okw'amakungula ag'omwoyo:

**Mmwe temugamba nti, 'Ekyasigaddeyo emyezi ena amakungula gatuuke?' Kale muyimuse amaaso gammwe, mutunuulire ennimiro! Amakungula gatuuse.**

**Akungula asasulwa empeera ye era n'akuŋŋaanyiza ebibala mu bulamu obutaggwaawo, olwo asiga n'akungula balyoke basanyukire wamu. (Yokaana 4:35-36)**

Sulemaani yagamba;

**Ekibala ky'omutuukirivu muti gwa bulamu,era n'oyo asikiriza emyoyo gy'abantu ne balokoka wa magezi. (Engero 11:30)**

Amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu gayamba abakkiriza okubala ebibala eby'omwoyo okuyita mu kubuulira enjiri:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Enkola y'okwezaazaamu mu mwoyo eragibwa mu 2 Timoseewo 2:2:

> **Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g'abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)**

Nga Katonda bwe yateekawo enkola y'okukungula mu nsi ey'omubiri, yatandikawo n'enkola y'okuzaaza mu nsi ey'omwoyo. Buli mukkiriza alina okubuulira enjiri abantu abo nabo ne babuulira abalala. Ng'enkola ey'omubiri bw'eri n'okukungula okutaggwaawo, era y'enkola y'emu ne mu kukungula okw'omwoyo.

(Olw'omugaso gw'ekibala ekyokungulu eky'okubuulira enjiri, Harvestime International Institute egaba olusoma ku ssomo lino. Obubaka obumu buteereddwa mu "Enkola z'okukungula mu mwoyo, Engeri z'okwekubisaamu" n'okubuulira enjiri ey'ekizimbulukusa")

**EKIBALA EKY'OMUNDA: EKY'EMBALA YA KRISTO:**

Okwongereza ku kibala eky'okungulu eky'okubuulira enjiri, Baibuli eyogera ku bisaanyizo by'omwoyo ebirungi ebiva mu bulamu bw'omukkiriza olwa Mwoyo Mutukuvu. Ekibala kino tukiyita ekibala eky'omunda eky'embala ya Kristo. Ekibala kino kiragibwa mu Abaggalatiya 5:22-23:

> **Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa.**
>
> **Obuwombeefu, okwefuga; awali ebyo tewali tteeka libiwakanya. (Abaggalatiya 5:22-23)**

Bino by'ebisaanyizo bya Mwoyo Mutukuvu by'ayagala akuze mu bulamu bw'omukkiriza. Bisaanyizo ebiringa eby'omwoyo ebyeyolekera mu bulamu bwa Yesu Kristo. Y'ensonga lwaki tubiyita embala ng'eya Kristo.

Ekigambo "Ekibala" kiri mu bumu. Si kya bungi (bibala). Jjukira nti ebibala byomwoyo bingi era bigabanyizibwa mu bakkiriza okusinziira ng'omwoyo Omutukuvu bwayagala. Ekibala kiri mu bumu. Kisobola okutegeerebwa ku ky'okulabirako ky'omubiri eky'enkenene. Ekiganda ky'enkenene kibaako enkenene nnyingi, naye nga kiri kimu. Mu nsi ey'omubiri, enkenene bwe zinogebwa ku muti, ziba mu kiganda. Ekiganda kino eky'enkenene ky'ekiyitibwa "ekibala" (obumu) ky'omuti.

Mu nsi ey'omwoyo, ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu kifaanana n'ekiganda ky'enkenene kino. Kirina ebisaanyizo eby'omwoyo eby'enjawulo ebiri awamu mu kiganda oba mu kibala. Ekibala kino ekimu kwe kukula kw'omwoyo okulagibwa mu mbala ya Kristo.

Ekibala kimu: - **Okukula mu mwoyo**

Ebisaanyizo bingi: - Obukkakkamu – okwefuga.

-Okwagala – essanyu – emirembe

-Ekisa – Obulungi

-Okubonaabona ennyo

-Obwesigwa

Katonda ayagala abakkiriza okubeera n'ekibala eky'omwoyo. Ng'oggyeeko ebirabo ebiri mu bungi ebigabanyizibwa mu bakkiriza, ekibala (obumu) kirina kibeera mu buli mukkiriza.

Ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu kisaangibwa mu buli kikolwa eky'obulungi, obutuukirivu, n'amazima ebikolebwa abakkiriza:

**Kubanga ebibala by'omusana biri mu bulungi bwonna n'obutuukirivu n'amazima. (Abaefeeso 5:9)**

Bino wammanga ky'ekibala kya Mwoyo Mutukuvu:

**OKWAGALA**

Okwagala kwe kulaga okufaayo n'okulumirirwa okw'amaanyi. Kwe kwewaayo okutalina bukwakulizo eri abalala awatali kutunuulira mbeera. Nga bwe wayize ng'osoma ebirabo by'omwoyo, okwagala ky'ekisumuluzo ekisumulula ebirabo by'omwoyo byonna. Era gwe mutindo okukuzibwa ebibala by'omwoyo byonna. Kino kiragibwa ng'ogeraageranya ebibala by'omwoyo mu Abaggalatiya mu "kitundu eky'okwagala" mu 1 Abakolinso 13:

| **1 Abakolinso 13:1-7:** | **Abaggalatiya 5:22-23:** |
|---|---|
| - Tekwenoonyeza byakwo (Tekweyagaliza kwokka) | - Okwagala. |
| - Tekusanyukira kibi naye kujaguliza mu mazima. | - Essanyu |
| - Okwagala kusanyukira mazima | - Mirembe |
| - Okwagala kugumiikiriza byonna, | - Obugumiikiriza. |
| - Okwagala kwa kisa, kufaayo: tekukyawa. | - Ekisa (Obukkakkamu) |
| - Okwagala kw'amaanyi era kulungi. | - Obulungi |
| - Okwagala tekulowooza bubi, naye kuba n'okukkiriza Mu Katonda n'abalala. | - Obwesigwa. |
| - Okwagala kukkakkana era tekwegulumiza. | - Obukkakkamu |
| - Okwagala kwa mpisa tekweyisa nga bwe kwagala | - Tekunyiiga |

Okukkiriza kirabo era kibala kya mwoyo, kukola lwa kwagala:

**...wabula okukkiriza kukola olw'okwagala. (Abaggalatiya 5:6)**

Ekibala ky'omwoyo eky'okwagala si kwagala ng'ensi bwerowooza. Kwe kwagala "okutalina bukuusa" kino kitegeeza kwe kwagala okutukuvu. Okwagala okutaliimu bukuusa kwe kwagala kw'olina okulaga abalala:

> **Kale kaakano nga bwe mumaze okutukuza emyoyo gyammwe olw'okukkiriza amazima, ne mwagalanira ddala mu luganda lwennyini, mweyongere okwagalana n'omutima ogutaliimu bukuusa. (1 Peetero 1:22)**

Katonda akwagala:

> **Era yagala Katonda wo n'omutima gwo gwonna n'omwoyo gwo gwonna, n'amagezi go gonna, n'amaanyi go gonna. (Makko 12:30)**
>
> **(Laba ne 1 Yokaana 2:5, 15, 3:11-17, 4:7-20, 5:2, 2 Yokaana 1:5-6, Ekyamateeka 6:5, Lukka 10:27)**

Olina okwagala abalabe bo:

> **Naye mmwe abampuliriza mbagamba nti: Mwagalenga abalabe bammwe, n'ababakyawa mubayisenga bulungi. Bwe munaayagalanga abo ababaagala bokka, munaagasibwa ki? Kubanga n'abakozi b'ebibi bwe beeyisa bwe batyo. Naye mmwe mwagalenga abalabe bammwe! Mubayisenga bulungi... (Lukka 6:27, 32, 35)**
>
> **Mwawulira ab'edda bwe baagambibwa nti, 'Yagalanga muliraanwa wo, naye okyawenga mulabe wo.'**
>
> **Naye nze mbagamba nti, Mwagalenga abalabe bammwe! Musabirenga ababayigganya. (Matayo 5:43-44)**

Olina okwagala baliraanwa bo nga bwe weeyagala wekka:

> **...era yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. (Matayo 19:19)**

Yesu ayagala oyagale abalala nga bwe yakwagala:

> **Mbawa ekiragiro ekiggya: Mwagalanenga nga nze bwe mbaagala. (Yokaana 13:34)**
>
> **Mbaagadde nga Kitange bw'anjagala. Noolwekyo munywererenga mu kwagala kwange. Kye mbalagira kye kino nti mwagalanenga nga Nze bwe mbaagala. (Yokaana 15:9, 12)**
>
> **Era mbayigirizza ne bamanya erinnya lyo, era nzija kwongera okubamanyisa okwagala kwo kw'onjagala, kulyoke kubeerenga mu bo, era nange mbeere mu bo. (Yokaana 17:26)**

Kwagala kwaffe kwe tulina eri abalala kwe batutegeerera nti tuli bakristaayo:

> **Bwe munaayagalananga abantu bonna kwe banaategeereranga nti muli bayigirizwa bange. (Yokaana 13:35)**

Bw'oba toyagala bakkiriza balala, okwagala kwa Katonda tekuli mu ggwe:

> **Omuntu agamba nti atambulira mu musana, kyokka ate n'akyawa owooluganda, aba akyali mu kizikiza.**
>
> **Naye ayagala owooluganda aba ali mu musana, era talinaawo kimwesittaza. (1 Yokaana 2:9-10)**
>
> **(Gano mazima malungi nnyo. Weeyongere okugasomako mu Yokaana 13:34, 14:15, 21, 23, 31, 15:9-19, 17:26, 21:15-17)**

Okwagala kwo kulina okweyongera:

> **Mbasabira nti okwagala kwammwe kweyongerenga, era mujjule amagezi n'okutegeera. (Abafiripi 1:9)**
>
> **Mukama waffe aboongereko okwagala kwammwe, mwagalanenga mwekka na mwekka era mwagalenga nnyo abantu bonna, nga naffe bwe tubaagala. (1 Abasessaloniika 3:12)**

Olina okusimbibwa era onywezebwe mu kwagala:

> **Kristo alyoke abeerenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza kwammwe. Mbasabira mubeerenga n'emirandira mu kwagala nga mukunywereddemu.**
>
> **Mulyoke mubeerenga n'amaanyi awamu n'abatukuvu bonna, okusobola okutegeera obugazi, n'obuwanvu, n'obugulumivu n'okukka wansi ebiri mu kwagala kwa Kristo.**
>
> **Njagala mutegeere okwagala kwa Kristo okusukkiridde okutegeera kwonna, mulyoke musobole okutegeerera ddala Katonda bw'ali. (Abaefeeso 3:17-19)**

Olina okukolagana n'abalala mu kwagala:

> **Mubeerenga bakkakkamu, abawombeefu era abagumiikiriza, nga mugumiikirizagana mu kwagala. (Abaefeeso 4:2)**

Olina okwekuumira mu kwagala:

> **...nga mwekuumira mu kwagala kwa Katonda. (Yuda 21)**
>
> **...ogobererenga obutuukirivu, n'okutya Katonda, n'okukkiriza, n'okwagala, n'okugumiikiriza, n'obuwombeefu... (1 Timoseewo 6:11)**

Omulimu gwo eri Mukama gulina kubeera gwa kwagala:

**…nga tujjukira omulimu gwammwe ogw'okukkiriza, n'okufuba okw'okwagala...(1 Abasessaloniika 1:3)**

**Kubanga Katonda mwenkanya tayinza kwerabira mulimu gwammwe omunene bwe gutyo, n'okwagala kwe mwagala erinnya lye, era amanyi bwe mwaweereza abantu be, era bwe mukyeyongera okubaweereza. (Abaebbulaniya 6:10)**

Nga tusemberera enkomerero y'ensi, okwagala kw'abasinga tekujja kugumiikiriza. Kujja "kuggweerera" kino kitegeeza nti abantu bajja kuba nga tebeefirayo:

**Olw'obujeemu okuyinga obungi, era bangi okwagala kwabwe kuliwola. (Matayo 24:12)**

Nga tuweereddwa obukakafu nti tewali kiyinza kutwawukanya na kwagala kwa Katonda:

**Ani alitwawukanya n'okwagala kwa Kristo? Kubonaabona, oba bulumi, oba kuyigganyizibwa, oba njala, oba kuba bwerere, oba kabi, oba kitala?**

**Kubanga nkakasiza ddala nga newaakubadde okufa, wadde obulamu, wadde bamalayika, wadde abafuzi, wadde ebiriwo, wadde ebigenda okujja.**

**Wadde amaanyi, wadde obugulumivu, wadde okukka wansi, wadde ekitonde ekirala kyonna, tewali kiriyinza kutwawukanya n'okwagala kwa Katonda okuli mu Kristo Yesu Mukama waffe. (Abaruumi 8:35, 38-39)**

Daudi yawandiika ku kwagala: Laba Zabuli 31:23, 18:1, 40:16, 97:10, 116:1, 119:97, 113, 119, 127, 132, 159, 163, 105, 167, 122:6, 145:20.

Soma ekitabo kya 1 Yokaana. Ogumu ku miramwa emikulu mu kitabo kino kwe kwagala:

**ESSANYU**

Essanyu kwe kulaga okusanyuka okujaganya n'okwenyumiriza: Ekirabo ky'omwoyo eky'essanyu n'okusanyusibwa si by'ebimu. Buli kimu kisibuka wantu wa njawulo. Okusanyusibwa kuva eri ebikwetoolodde era kusinziira ku mbeera mw'oyita. Essanyu liva mu mwoyo wa Katonda era terisinziira ku mbeera eriwo.

Yesu Kristo yaleeta essanyu ku kuzaalibwa kwe:

**Malayika n'abagumya nti, "Temutya, kubanga mbaleetedde amawulire amalungi ag'essanyu eringi, era nga ga bantu bonna.**

**Kubanga Omulokozi, ye Kristo Mukama waffe azaaliddwa leero mu kibuga kya Dawudi. (Lukka 2:10-11)**

Katonda ayagala nnyo obeere n'essanyu:

**Mbategeezezza ebyo mulyoke mujjule essanyu lyange. Era essanyu lyammwe liryoke lituukirire. (Yokaana 15:11)**

**Buno bwe bulamu obutaggwaawo, okutegeera ggwe Katonda omu ow'amazima, n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo. (Yokaana 17:13)**

Abayigirizwa bajjuzibwa essanyu ne Mwoyo Mutukuvu:

**Abayigirizwa ne bajjula essanyu ne Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 13:52)**

Ensibuko y'essanyu ly'omukkiriza si bintu bya nsi wabula Katonda:

**Olindaga ekkubo ery'obulamu; w'oli we wanaabanga essanyu erijjuvu, era mu mukono gwo ogwa ddyo nga mwe muli ebisanyusa emirembe gyonna. (Zabuli 16:11)**

Olw'okuba nti essanyu lyo lya mwoyo era teryesigama ku mbeera ezikwetoolodde, osobola n'okujaguliza mu kukemebwa:

**Baganda bange, mulowoozenga byonna okuba essanyu, bwe mukemebwanga mu ngeri ezitali zimu. (Yakobo 1:2)**

Osobola n'okujaguliza mu kubonyaabonyezebwa (ebiro ebizibu):

**...muŋŋumizza nnyo omwoyo ne mundeetera essanyu lingi wakati mu kubonaabona kwange. (2 Abakolinso 7:4)**

Osobola okubonaabonera ebbanga eddene naye mu ssanyu:

**Amaanyi ag'ekitiibwa kye, galibafuula abagumiikiriza mu buli nsonga yonna, mulyoke musanyuke. (Abakolosaayi: 1:11)**

Essanyu kitundu kya bwakabaka bwa Katonda:

**Kubanga obwakabaka bwa Katonda si kulya na kunywa, wabula butuukirivu na mirembe, na ssanyu mu Mwoyo Omutukuvu. (Abaruumi 14:17)**

Baibuli ekuutira bakkiriza okubeera abasanyufu era balage Mukama essanyu lino:

**Tongoba w'oli, era tonzigyako Mwoyo wo Omutukuvu. (Zabuli 5:11)**

(Laba ne Zabuli 35:9, 63:5, 66:1, 81:1, 95:1-2, 149:5, 98:4, 6, 8, 100:1)

## EMIREMBE

Emirembe y'embeera y'okuba omusirifu, omukkakkamu, n'omuteefu. Waba tewaliiwo kafubo, kutya na kikumalako mirembe. Tekibaawo bubeezi. Okukuuma emirembe olw'ebikolwa eby'amaanyi eri oyo aleetawo emirembe.

Akavuyo ky'ekikontana n'emirembe. Katonda taleetawo kavuyo. Okwagala kwe kwe kuleetawo emirembe:

**Kubanga Katonda si wa luyoogaano, wabula wa mirembe. Kale nga bwe kiri mu Kkanisa z'abatukuvu zonna. (1 Abakolinso 14:33)**

Yesu yaleeta emirembe ku nsi:

**Ekitiibwa kibe eri Katonda Ali Waggulu ennyo. N'emirembe gibe mu nsi eri abantu Katonda b'asiima. (Lukka 2:14)**

Emirembe emituufu gyonna giva wa Yesu Kristo:

**...ng'ababuulira emirembe mu Yesu Kristo,... (Ebikolwa 10:36)**

**Kristo gy'emirembe gyaffe, oyo eyatufuula ffe Abayudaaya nammwe Abaamawanga, okuba omuntu omu, ng'amenyeewo ekisenge ekya wakati eky'obulabe, ekyatwawulanga. (Abaefeeso 2:14)**

**Kale nga bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza tulina emirembe ne Katonda, mu Mukama waffe Yesu Kristo. (Abaruum 5:1)**

Yesu yalekera abagoberezi be emirembe egy'enjawulo:

**Mbalekera emirembe, era mbawa emirembe gyange. Emirembe gye mbawa tegiringa egy'ensi. Noolwekyo temutyanga era temweraliikiriranga. (Yokaana 14:27)**

Enjigiriza za Yesu zaaleetawo emirembe:

**Mbategeezezza ebyo byonna mulyoke mube n'emirembe mu nze. Mu nsi muno mujja kubonaabona, naye mugume, kubanga Nze mpangudde ensi. (Yokaana 16:33)**

Enjiri bwe bubaka obw'emirembe:

**Nga mwambadde n'engatto mu bigere byammwe nga mugenda okubuulira Enjiri ey'emirembe. (Abaefeeso 6:15)**

Waliyo ebika bibiri eby'emirembe. Ekisooka gy'emirembe ne Katonda:

**Kale nga bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza tulina emirembe ne Katonda, mu Mukama waffe Yesu Kristo. (Abaruumi 5:1)**

Ng'omaze okuteekawo emirembe ne Katonda, osobola okubeera n'emirembe gya Katonda mu bulamu bwo:

**N'emirembe gya Katonda, egisukkiridde okutegeera kwammwe ginaabakuumanga amagezi gammwe n'emitima gyammwe mu Kristo Yesu. (Abafiripi 4:7)**

Tulagirwa okugoberera ebintu ebireetawo emirembe:

**Noolwekyo tunyiikiririrenga eby'emirembe, n'eby'okuzimbagana ffekka ne ffekka. (Abaruumi 14:19)**

Tulina okubeera mu mirembe:

> **Ebisigadde abooluganda, mujaguze, muzibwemu amaanyi, mulowooze bumu, mubeere n'emirembe, Katonda ow'okwagala n'emirembe anaabeeranga nammwe. (2 Abakolinso 13:11)**

Tulina okubeera mu mirembe n'abantu bonna:

> **Mufubenga okuba n'emirembe n'abantu bonna... (Abaebbulaniya 12:14)**

Tulina okusangibwa mu mirembe ebiseera byonna:

> **Kale, abaagalwa, nga bwe mulindirira ebintu ebyo okubaawo mufubenga nnyo okuba abalongoofu abataliiko kya kunenyezebwa nga mulina emirembe. (2 Peetero 3:14)**

**OBUGUMIIKIRIZA**

Obugumiiikiriza kitegeeza okulaga okuguma okwa waggulu. Bwe busobozi bw'okubeera mu mbeera etagumiikirizika. Obugumiikiriza mbala ya bwakatonda:

> **Nze Mukama, Mukama Katonda alina ekisa n'okusaasira okungi, atasunguwala mangu, ajjudde obwesigwa n'okwagala okutaggwaawo. (Okuva 34:6)**
>
> **Mukama Katonda alwawo okusunguwala, era ajjudde okwagala okutaggwaawo, era asonyiwa ekibi n'obujeemu... (Okubala 14:18)**
>
> **Naye ggwe, Mukama Katonda oli musaasizi era ow'ekisa, olwawo okusunguwala, ojjudde okwagala n'obwesigwa. (Zabuli 86:15)**
>
> **Kyokka mulowoozenga ku kubonyaabonyezebwa okw'obulokozi bwa Mukama waffe, nga ne muganda waffe omwagalwa Pawulo kye yabategeeza mu bbaluwa ze yabawandiikira mu magezi Katonda ge yamuwa. (2 Peetero 3:15)**
>
> **Oba onyooma ekisa kya Katonda ekingi, n'okugumiikiriza kwe n'obukwatampola bwe? Tomanyi ng'ekisa kya Katonda kikuleeta mu kwenenya? (Abaruumi 2:4)**

Obugumiikiriza y'embala eyeeyolekera ennyo mu buweereza bw'omutume Paulo:

> **Naye ggwe wagoberera nnyo okuyigiriza kwange, n'empisa zange, ne kye nduubirira, n'okukkiriza kwange n'okubonaabona kwange n'okwagala kwange, n'okugumiikiriza kwange. (2 Timoseewo 3:10)**

Tugambibwa okugumiikiriza n'essanyu:

**Amaanyi ag'ekitiibwa kye, galibafuula abagumiikiriza mu buli nsonga yonna, mulyoke musanyuke. (Abakolosaayi 1:11)**

Tuyitibwa okubeera abagumiikiriza:

**Mubeerenga bakkakkamu, abawombeefu era abagumiikiriza, nga mugumiikirizagana mu kwagala. (Abaefeeso 4:2)**

Tulina okubuulira ekigambo kya Katonda n'obugumiikiriza:

**Buuliranga ekigambo kya Katonda, ng'oli mwetegefu mu kiseera ekituufu n'ekitali kituufu, ng'olaga ebikwekeddwa, ng'onenya, ng'ozaamu amaanyi, wakati mu kugumiikiriza, n'okubonaabona okungi, n'okuyigiriza. (2 Timoseewo 4:2)**

Abakkiriza balina okuteekako embala y'obugumiikiriza ey'omwoyo:

**Ng'abalonde ba Katonda abatukuvu era abaagalwa, mwambalenga omwoyo ogusaasira, n'ekisa, n'obuwombeefu, n'obuteefu, n'obugumiikiriza. (Abakolosaayi 3:12)**

**OBUKKAKKAMU**

Obukkakkamu y'embala y'okubeera n'empisa y'obwetoowaze, nga topapa, ate toleekaana. Eba ya kasirise ate ng'eweesa ekitiibwa.

Baibuli erabula abakkiriza obutakuubagana naye babeere abakkakkamu eri buli muntu:

**Omuddu wa Mukama tasaana kulwana, wabula okuba omukkakkamu eri bonna, n'okuba omuyigiriza omulungi agumiikiriza. (2 Timoseewo 2:24)**

Tetulina kubeera bayombi. Abayombi be bantu ababeera mu kulwanagana oba okuwakanawakana:

**Bakuutire baleme kwogerebwako bubi, era beewalenga okuyomba, babenga bakkakkamu era babeerenga bawombeefu eri abantu bonna. (Tito 3:2)**

Tulina okubeera abangu okuwulira. Kino kitegeeza nga tuli bangu okutuukibwako abantu abalala olw'embala yaffe ey'obukkakkamu:

**Naye amagezi agava mu ggulu okusooka byonna malongoofu, era ga mirembe, gafaayo ku bantu abalala, mawulize, gajjudde okusaasira n'ebibala ebirungi, tegasosola mu bantu, era si gannanfuusi. (Yakobo 3:17)**

Daudi yawandiika:

**Ompadde obulokozi bwo okuba engabo yange; era ompaniridde n'omukono gwo ogwa ddyo; weetoowazizza n'ongulumiza. (Zabuli 18:35)**

## OBULUNGI

Obulungi kwe kubeera omutukuvu oba omutuukirivu. Obulungi mbala ya Katonda:

> **...Endagaano ya Katonda ey'obwesigwa ebeerera emirembe n'emirembe. (Zabuli 52:1)**
>
> **Kale singa beebazanga Mukama olw'okwagala kwe okutaggwaawo, n'olw'eby'ekitalo by'akolera abaana b'abantu. (Zabuli 107:8)**
>
> **Mukama anjagala ye Katonda wange era kye kiddukiro kyange, ge maanyi gange amangi era ye mulokozi wange. Ye ngabo yange mwe neekweka. Awangula amawanga n'agassa wansi w'ebigere byange. (Zabuli 144:2)**

Ensi eraga obulungi bwa Katonda:

> **...Ensi ejjudde okwagala kwa Mukama okutaggwaawo. (Zabuli 33:5)**

Katonda atikkira engule omwaka n'obulungi bwe. Ekitegeeza nti omukisa gwa buli mwaka guva gy'ali:

> **Ofundikira omwaka n'amakungula amangi... (Zabuli 65:11)**

Obulungi bwa Katonda bulagibwa eri aboonoonyi ne bubatwala eri okwenenya:

> **Oba onyooma ekisa kya Katonda ekingi, n'okugumiikiriza kwe n'obukwatampola bwe? Tomanyi ng'ekisa kya Katonda kikuleeta mu kwenenya? (Abaruumi 2:4)**

Kabaka Daudi yagamba nti yandizirise singa tebwali bulungi bwa Katonda:

> **Nkyakakasiza ddala nga ndiraba obulungi bwa Mukama mu nsi ey'abalamu. (Zabuli 27:13)**

Daudi yagamba nti obulungi bwa Katonda butuweereddwa:

> **Obulungi bwo, bwe waterekera abo abakutya nga buyitirivu, n'obuwa mu lwatu abo abaddukira gy'oli. (Zabuli 31:19)**
>
> **Katonda akussa abayala n'obulungi bwe: Kubanga abalina ennyonta abanywesa, n'abayala abakkusa ebirungi. (Zabuli 107:9)**
>
> **Ng'omukkiriza, obulungi n'ekisa kya Katonda binaaberanga naawe: Ddala ddala obulungi n'okwagala okutaggwaawo binaagendanga nange ennaku zonna ez'obulamu bwange; nange nnaabeeranga mu nnyumba ya Mukama, ennaku zonna. (Zabuli 23:6)**

## OKUKKIRIZA

Wayize ku kukkiriza bwe wasomye ku kirabo eky'omwoyo. Ebyakusomeseddwa ku kukkiriza ng'ekirabo era by'ebikola ku kukkiriza ng'ekibala.

Naye jjukira enjawulo ya byombi eyannyonnyoddwako embabega. Okukkiriza ng'ekirabo ge maanyi. Kiba kikolwa. Bwe bwesige obw'amaanyi mu Katonda obuyamba omukkiriza okubaako ky'akola abalala we batayinza kubaako kye bakola olw'obutakkiriza. Okukkiriza ng'ekibala eba mbala. Y'embala y'okukiririza mu Katonda. Eragibwa mu bulamu bwe obuli mu ffe ne kireetawo okukula mu mwoyo. Kyokka si buli omu nti alina ekirabo ky'okukkiriza. Ekibala ky'okukkiriza kirina okulabikira mu bulamu bw'abakkiriza bonna.

**OBUTEEFU**

Obuteefu ge maanyi agafugibwa. Obuteefu kekakodyo akandikozeseddwa okukomyawo abaagwa. Omuntu eyagwa y'oyo addirira ng'addayo mu bulamu bw'ekibi ng'amaze okufuna Yesu ng'omulokozi we:

> **Ng'abalonde ba Katonda abatukuvu era abaagalwa, mwambalenga omwoyo ogusaasira, n'ekisa, n'obuwombeefu, n'obuteefu, n'obugumiikiriza.**
>
> **Bwe wabangawo omuntu yenna alina ensonga ku munne, muzibiikirizaganenga, era musonyiwaganenga. Nga Mukama waffe bwe yabasonyiwa era nammwe musonyiwaganenga. (Abakolosaayi 3:12-13)**
>
> **Abooluganda omuntu bw'abanga alina ekibi ky'akoze, mmwe ab'omwoyo mumuluŋŋamyenga mu buwombeefu nga mwegendereza si kulwa nga nammwe mugwa mu kukemebwa. (Abaggalatiya 6:1)**

Obuteefu bukuuma obumu mu kkanisa:

> **Ng'omusibe wa Mukama waffe, mbakuutira mubeere n'empisa ezisaanira obulamu bwe mwayitirwa okutambuliramu.**
>
> **Mubeerenga bakkakkamu, abawombeefu era abagumiikiriza, nga mugumiikirizagana mu kwagala.**
>
> **Munyiikirenga okukuuma obumu obw'Omwoyo mu kwegatta awamu okw'emirembe. (Abaefeeso 4:1-3)**

Obuteefu bulina okukozesebwa mu nkwata ya buli muntu:

> **Omuddu wa Mukama tasaana kulwana, wabula okuba omukkakkamu eri bonna, n'okuba omuyigiriza omulungi agumiikiriza.**
>
> **Era aluŋŋamya n'obwetoowaze abo abamuwakanya, oboolyawo Katonda alibawa okwenenya, ne bamanya amazima. (2 Timoseewo 2:24-25)**
>
> **Bakuutire baleme kwogerebwako bubi, era beewalenga okuyomba, babenga bakkakkamu era babeerenga bawombeefu eri abantu bonna. (Tito 3:2)**

Olina okufuna ekigambo kya Katonda n'obuteefu:

**Kale mulekenga emize gyonna, n'ekibi ekyasigala mu mmwe, mwanirize n'obuwombeefu ekigambo ekyasigibwa ekiyinza okulokola emyoyo gyammwe. (Yakobo 1:21)**

Omuntu omugezi y'aba omuteefu:

**Ani alina amagezi n'okutegeera mu mmwe? Kale abiragirenga mu mpisa ze ennungi ng'akola ebikolwa eby'obwetoowaze eby'amagezi. (Yakobo 3:13)**

Abakkiriza bakuutirwa okunoonya embala y'obuteefu:

**Ng'abalonde ba Katonda abatukuvu era abaagalwa, mwambalenga omwoyo ogusaasira, n'ekisa, n'obuwombeefu, n'obuteefu, n'obugumiikiriza. (Abakolosaayi 3:12)**

**Naye ggwe, omuntu wa Katonda, ddukanga ebintu ebyo, ogobererenga obutuukirivu, n'okutya Katonda, n'okukkiriza, n'okwagala, n'okugumiikiriza, n'obuwombeefu. (1 Timoseewo 6:11)**

**Munoonye Mukama, mmwe mwenna abawombeefu ab'omu nsi, abakola by'alagira; munoonye obutuukirivu n'obuwombeefu... (Zefaniya 2:3)**

## OKWETOOWAZA

Kuno kwe kwefuga mu ndowooza n'ebikolwa. Kuba kwefuga ng'omuntu. Obukkakkamu kuba kumanyiira ebintu byonna:

**Naye mbonereza omubiri gwange ne ngufuula omuddu wange, si kulwa nga mbuulira abalala Enjiri, ate nze nzennyini ne sisiimibwa. (1 Abakolinso 9:27)**

**(Laba 1 Abakolinso 9:19-27)**

Tugambibwa okubeera abeetoowaaze mu bulamu bwaffe:

**Ne ku kutegeera mwongereko okwefuganga, ne ku kwefuganga mwongereko obugumiikiriza, ne ku bugumiikiriza mwongereko okutya Katonda. (2 Peetero 1:6)**

Obwetoowaze bwali kitundu ku bubaka bwa Paulo obw'enjiri:

**Awo Pawulo bwe yagenda abannyonnyola ebikwata ku butuukirivu, n'okwefuga mu bikolwa, n'okusalirwa omusango okugenda okujja... (Ebikolwa 24:25)**

## OMUGASO GW'EKIBALA

Yesu yateeka nnyo essira ku kubala ebibala. Mu lugero olumu yagamba:

**Awo Yesu n'abagerera olugero luno nti, "Waaliwo omusajja eyasimba omutiini mu nnimiro ye. N'agendangayo okugulambula okulaba obanga gubazeeko ebibala, n'asanga nga tegubazeeko kibala na kimu.**

> **Kyeyava alagira omusajja we amulimira ennimiro eyo nti, 'Omuti guno gutemewo. Kubanga gino emyaka esatu nga nambula omuti guno, naye tegubalangako kibala na kimu. Gwemalira bwereere ettaka lyaffe.'**
>
> **Omulimi we n'addamu nti, 'Mukama wange, tuguleke tetugutemawo. Ka tuguweeyo omwaka gumu, nzija kugutemeratemera era nguteekeko n'ebigimusa.**
>
> **Bwe gulibala ebibala gye bujja, kiriba kirungi! Naye bwe gutalibala, olwo noolyoka ogutemawo. (Lukka 13:6-9)**

Olulala Yesu yalaba omuti omutiini nga tegulina kibala:

> **Awo enkeera bwe yali ng'addayo mu kibuga n'alumwa enjala.**
>
> **N'alengera omutiini ku mabbali g'ekkubo, n'agutuukako n'atasangako ttiini okuggyako amakoola ameereere. N'agugamba nti, "Toddangayo okubala ebibala." Amangwago omuti ne guwotoka. (Matayo 21:18-19)**

Yesu okukolimira omuti omutiini tekyali kikolwa kya busungu kubanga yalina enjala ate omuti nga tegulina kibala. Yali asomesa mazima ag'omugaso. Omuti omutiini gwali gulabika bulungi. Gwalina ebikoola ebya kiragala era nga gulabika nga gwalibadde guliko ebibala. Naye tegwalina kibala.

Abantu abamu balaba endabika y'okungulu ey'okubeera ab'omwoyo naye munda nga tebalina kibala kya mwoyo ng'ekya Kristo. Eno y'eyali embeera y'abafalisaayo, ekibinja ky'abanaddiini abaaliwo mu biro bya Kristo. Yesu yagamba:

> **Zibasanze mmwe Abawandiisi nammwe Abafalisaayo! Mulabika ng'amalaalo agatemagana kungulu,songa munda gajjudde amagumba g'abafu n'obuvundu obwa buli ngeri. (Matayo 23:27)**

Katonda afaayo ku kubala ebibala okusinga endabika ey'okubala. Okutwaliza awamu, essira erisinga liteekebwa ku birabo okusinga ekibala kya Mwoyo Mutukuvu mu buweereza bwa kaakati. Naye nga Baibuli essira eriteeka ku kibala eky'omwoyo:

> **Noolwekyo mulibategeerera ku bibala byabwe. (Matayo 7:20)**

Ekibala oba embala ez'omwoyo eziragibwa mu muntu, ziraga ekyo kyali munda:

> **Omuti omulungi tegubala bibala bibi, so n'omuti omubi tegubala bibala birungi.**
>
> **Buli muti gutegeererwa ku bibala byagwo. Abantu tebanoga ttiini ku busaana so tebanoga mizabbibu ku mweramannyo.**
>
> **Omuntu omulungi afulumya ebirungi okuva mu mutima gwe omulungi, n'omuntu omubi afulumya ebibi okuva mu mutima gwe omubi. Kubanga akamwa koogera ku biba bijjudde mu mutima. (Lukka 6:43-45)**

Omuntu asobola okubeera ne ky'agamba (ayogera bulungi) ne kibuuzabuzibwa n'amaanyi ag'omwoyo. Ayinza n'okukola ebyamagero mu linnya lya Mukama. Naye Yesu yagamba:

> **Bonna abampita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' be baliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo Kitange ali mu ggulu by'ayagala.**
>
> **Ku lunaku Iuli bangi baliŋŋamba nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe, twayogeranga eby'obunnabbi mu linnya lyo, era ne tugoba ne baddayimooni mu linnya lyo, ne tukola n'ebyamagero bingi mu linnya lyo.**
>
> **Ndibaddamu nti, 'Sibamanyi, muve mu maaso gange, kubanga ebikolwa byammwe byali bibi. (Matayo 7:21-23)**

Yuda yalabula ku abo "abaliyingira" mu kkanisa okuyigiriza ebikyamu. Yagamba emu ku ngeri z'okubamanya nti tebaliba na bibala mu bulamu bwabwe:

> **Abantu bano bwe bajja ne babeegattamu nga muli ku mbaga zammwe ez'okumanyagana, baba ng'amabala amabi, nga tebatya, nga beefaako bokka, nga bali ng'ebire ebitaliimu mazzi ebitwalibwa empewo; oba ng'emiti egiwaatudde, egitaliiko bibala, egyafa emirundi ebiri, egyakuulibwa n'emirandira. (Yuda 1:12)**

Ekisinga obukulu mu buweereza bwonna ky'ekibala kubanga, *"tulimanyira ku bibala byabwe"* Matayo 7:20

Mu nsi ey'omubiri , kibala ky'ekivaamu ensigo ezongera okwekubisaamu. Mu nsi ey'omwoyo ky'ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu ekirina obusobozi obw'okuzaaza mu mwoyo:

- Ekibala ky'embala ya Kristo mu bakkiriza kireeta abantu aboonoonyi eri Katonda.
- Ekibala ky'okubuulira kibunyisa enjiri y'obwakabaka ne muvaamu amakungula ag'omwoyo mu nsi yonna.

# OKWEGEZAAMU

1. Ekibala ky'omwoyo ekyokungulu kye ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Ekibala ky'omwoyo ekyomunda kye ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Leeta ebisaanyizo by'ekibala kyomunda ekya Mwoyo Mutukuvu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Kyawandiikibwa ki ekiraga nti Yesu atulonze okubala ebibala?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
5. Wandiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Soma olukalala lw'ekibala ky'omwoyo ekya Mwoyo Mutukuvu mu lukalala olusooka. Wekkaanye n'ebinnyonnyola mu lw'okubiri. Wandiika ennamba eriko ekinnyonnyola ekibala mu bbanga erirekeddwawo.

| **Olukalala olusooka.** | **Olukalala olw'okubiri.** |
|---|---|
| _________ Okwetoowaza. | 1. Okufaayo ennyo. |
| _________ Okukkiriza. | 2. Esssanyu eringi. |
| _________ Obuteefu. | 3. Obusirise n'okukkakkana. |
| _________ Obukkakkamu. | 4. Obugumiikiriza mu byonna. |
| _________ Obulungi. | 5. Okwekomako mu mpisa. |
| _________ Esaanyu. | 6. Ebikolwa by'obutuukirivu. |
| _________ Obugumiikiriza. | 7. Obwesige mu Katonda. |
| _________ Emirembe. | 8. Okufuga amaanyi |
| _________ Okwagala. | 9. Okwefuga ng'omuntu |

7. Lwaki ekibala ky'omwoyo kyamugaso nnyo?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
8. Njawulo ki eri wakati w'emirembe gya Katonda n'emirembe mu Katonda?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma Matayo 5:1-12. Ebibala by'omunda ng'ebya Kristo bimeka by'oyinza okusanga mu kitundu kino? Okugeza, ekibala eky'essanyu kyogerwako mu lunyiriri 12.
2. Soma 1 Abakolinso 13, ekwata ku kibala ky'omwoyo eky'okwagala. Ebibala by'omwoyo ebirala bimeka by'olaba ebiragibwa mu kwagala? Okugeza, "kukkiriza ebintu byonna" mu lunyiriri 7 kibala kya kukkiriza.
3. Ekibala kya Mwoyo Mutukuvu kiraga mbala ya Katonda. Katonda ye Katonda owa:

| | |
|---|---|
| - Okwagala: | 1 Yokaana 4:16, Tito 3:4 |
| - Essanyu | Matayo 25:21 |
| - Emirembe | Abafiripi 4:7 |
| - Obugumiikiriza | Matayo 11:28-30 |
| - Obukkakkamu | 2 Peetero 1:3 |
| - Obulungi | 2 Timoseewo 2:13 |
| - Obuteefu | Zefaniya 2:3 |
| - Obwetoowaze | Abebbulaniya 12:11 |

4. Yesu Kristo yalina ekibala kya Mwoyo Mutukuvu nga kyeraga mu bulamu bwe:
   Ekibala ekyokungulu: Okubuulira enjiri, Yokaana 10:16, Matayo 1:38
   Ekibala kyomunda:

   Okwagala
   Essanyu
   Emirembe
   Obugumiikiriza
   Obukkakkamu
   Obulungi
   Okukkiriza
   Obuteefu
   Obwetoowaze

Soma Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana. Oyongera ku lukalala luno ebirala ebijuliza engeri Yesu gye yayolesaamu n'ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu.

# ESSUULA EYEKKUMI N'EBBIRI

## EBIKOLWA EBY'OMUBIRI

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuzuula ebikolwa eby'omubiri.
- Okunnyonnyola engeri y'okutambulira mu mwoyo so si mu mubiri.

**ENNYIRIR ENKULU:**

> **Ebikolwa by'omubiri bya lwatu, bye bino: obwenzi, obukaba, obugwenyufu.**
>
> **Okusinza bakatonda abalala, obufumu, obulabe, okuyomba, obuggya, obusungu, okwekuluntaza, okweyawula, okwesalamu.**
>
> **Ettima, obutamiivu, ebinyumu, n'ebirala ebiri ng'ebyo. Ka mbategeeze nate nga bwe nasooka okubabuulira nti buli akola ebyo talina mugabo mu bwakabaka bwa Katonda. (Abaggalatiya 5:19-21)**

**ENNYANJULA**

Essuula eno ekwata ku bikolwa eby'omubiri, embala ez'ekibi ezikontana n'ekibala kya Mwoyo Mutukuvu.

**EBIKOLWA EB'YOMUBIRI BYE BIRI WA?**

Ebikolwa eby'omubiri y'embala y'ekibi mu muntu ejja olw'okwegomba okubi (okwagala okubi). Biba bikontana n'embala eya Mwoyo Mutukuvu gy'ayagala ekule mu bulamu bwo.

**OLUTALO OLW'OMWOYO**

Waliwo olutalo olutakoma olugenda mu maaso mu bulamu bw'omukkiriza. Ebikolwa eby'omubiri bigezaako kwonoona ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu:

> **Kubanga okwegomba kw'omubiri kulwanagana n'Omwoyo, n'Omwoyo n'alwanagana n'omubiri; kubanga bino byombi bikontana, mulemenga okukola bye mwagala. (Abaggalatiya 5:17)**

Omuntu by'ayagala eby'omubiri bikontanira ddala n'embala eya Mwoyo Mutukuvu. Ebikolwa eby'omubiri:

> **Ebikolwa by'omubiri bya lwatu, bye bino: obwenzi, obukaba, obugwenyufu.**

**Okusinza bakatonda abalala, obufumu, obulabe, okuyomba, obuggya, obusungu, okwekuluntaza, okweyawula, okwesalamu.**

**Ettima, obutamiivu, ebinyumu, n'ebirala ebiri ng'ebyo. Ka mbategeeze nate nga bwe nasooka okubabuulira nti buli akola ebyo talina mugabo mu bwakabaka bwa Katonda. (Abaggalatiya 5:19-21)**

Newaakubadde ng'ebiva mu bibi bino bya lwatu, birabikira mu bikolwa ebikyamu wabula ekibireeta tekirabika. Ekibireeta kuba kwagala kukola bibi (okwegomba okubi). Okw'omutima:

**N'abaddamu nti, "Nammwe temutegedde? Temutegeera nti buli kintu ekiyingira mu muntu si kye kimwonoona? Era n'ayongerako na bino nti, "Ebirowoozo by'omuntu bye bimwonoona.**

**Kubanga mu mutima gw'omuntu mwe muva ebirowoozo ebibi eby'obukaba, n'obubbi, n'obutemu, n'obwenzi.**

**N'okwegomba, n'omutima omubi, n'obukuusa, n'obumenyi bw'amateeka, n'obuggya, n'okusekeeterera, n'obusirusiru. 23 Ebibi bino byonna biva munda mu muntu ne bimwonoona. (Makko 7:18, 20-23)**

Ebibi ebiragibwa mu Abaggalatiya 5:19-21, si by'ebibi ebiragibwa mu Baibuli. Kabinja k'ebibi ebiyitibwa "ebikolwa eby'omubiri" ebikontana n'ekibala eky'omwoyo. Eno y'ensonga lwaki kusoma ku bibi bino:

## OBWENZI

Obwenzi kwe kugenda mu kikolwa eky'okwegatta n'omuntu omufumbo nga si ye ggwe mubeezi we. Erimu ku mateeka agaasooka ekkumi okuva ewa Katonda lyali:

**Toyendanga. (Okuva 20:14)**

Mu biro by'endagaano enkadde omuntu bwe yayendanga yattibwanga:

**Omusajja bwanaayendanga ku muka omusajja, bombi, omusajja ayenze n'omukazi gw'ayenzeeko banattibwanga. (Ebyabaleevi 20:10)**

Yesu ne Paulo baddamu okulabula ku bwenzi mu ndagaano empya:

**Amateeka gano ogamanyi. 'Tottanga, toyendanga, tobbanga, towaayirizanga, kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa. (Makko 10:19)**

**Kubanga amateeka gano nti, "Toyendanga..."(Abaruumi 13:9)**

Yesu yannyonnyola amakulu g'obwenzi nti mulimu ekibi ky'okwaka okuva ku mutima:

**Mwawulira bwe kyagambibwa nti, 'Toyendanga!'**

**Naye mbagamba nti Buli muntu atunuulira omukazi n'amwegomba aba amaze okumwendako mu mutima gwe. (Matayo 5:27-28)**

Obwenzi era mulimu okwawukana n'omubeezi wo n'ogenda n'oddamu okuwasa awatali nsonga ya Baibuli:

> **Naye mbagamba nti Buli anaagobanga mukazi we wabula olw'obwenzi anaabanga amwenzesezza, n'oyo anaawasanga omukazi gwe bagobye anaabanga ayenze. (Matayo 5:32)**
>
> **N'omukazi bw'ayawukananga ne bba n'afumbirwa omusajja omulala naye aba ayenze. (Makko 10:12)**
>
> **Omuntu bw'ayenda aba ayonoona eri mmeeme ye: Naye buli ayenda ku mukazi talina magezi; kubanga azikiririza ddala emmeeme ye ye. (Engero 6:32)**

Katonda alamula abo abenda:

> **Obufumbo mubussangamu ekitiibwa n'ebirayiro byabwo, kubanga abakaba n'abenzi Katonda alibasalira omusango, ne gubasinga. (Abaebbulaniya 13:4)**

Abo abenda tebasikira bwakabaka bwa Katonda:

> **Oba temumanyi ng'abatali batuukirivu tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga. Abakaba, newaakubadde abasinza bakatonda abalala, newaakubadde abenzi, newaakubadde abasajja abeeyisa ng'abakazi, newaakubadde abalya ebisiyaga. (1 Abakolinso 6:9)**

Emu ku bintu by'olabirako abayigiriza ebikyamu eba nga bali mu kibi eky'obwenzi:

> **Naye waaliwo ne bannabbi ab'obulimba mu bantu, era nga bwe walibaawo abayigiriza ab'obulimba mu mmwe. Baliyingiza mu nkiso enjigiriza enkyamu etwala abantu mu kuzikirira. Balyegaana ne Mukama waffe, ne beereetako okuzikirira okw'amangu.**
>
> **Balina amaaso agajjude obukaba, tebalekaayo kukola kibi buli kiseera boonoona era basendasenda abatali banywevu, bajjudde omululu. Baana abaakolimirwa. (2 Peetero 2:1, 14)**

Baibuli erabula:

> **...era omukazi omwenzi anoonya kuzikiririza ddala bulamu bwo. (Engero 6:26)**

## OBUKABA

Kuno kwe kugenda mu bikolwa by'okwegatta mu mukwano wakati w'abantu nga si bafumbo. Ekibi kino mulimu obwenzi obubaawo wakati w'abantu abeegatta mu mukwano ng'omu mufumbo ate omulala si ye mubeezi we. Obukaba mulimu okwegatta mu mukwano wakati w'abantu abatali bafumbo. Mubaamu okweyonoonesa nga okusiyaga (baba bantu nga bakikula ky'ekimu) n'okwa wakati w'abooluganda.

Obukaba yandibanga y'ensonga ekkirizisa okwawukana mu Baibuli:

> **Naye mbagamba nti Buli anaagobanga mukazi we wabula olw'obwenzi anaabanga amwenzesezza, n'oyo anaawasanga omukazi gwe bagobye anaabanga ayenze. (Matayo 5:32)**

Abakaba tebajja kuyingira bwakabaka bwa Katonda:

> **Oba temumanyi ng'abatali batuukirivu tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga. Abakaba, newaakubadde abasinza bakatonda abalala, newaakubadde abenzi, newaakubadde abasajja abeeyisa ng'abakazi, newaakubadde abalya ebisiyaga.**
>
> **Newaakubadde ababbi, newaakubadde aboomululu, newaakubadde abatamiivu, newaakubadde abajerega, newaakubadde abanyazi tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda. (1 Abakolinso 6:9-10)**

Baibuli etulagira okweresa ebikolwa eby'obukaba:

> **Kubanga Katonda ayagala mutukuzibwe, era mwewalenga obwenzi. (1 Abasessaloniika 4:3)**
>
> **Naye olw'ebikolwa eby'obwenzi, buli musajja abeerenga ne mukazi we; era na buli mukazi abeerenga ne bba. (1 Abakolinso 7:2)**
>
> **Tetusaana kubeera benzi ng'abamu ku bo bwe baali, abantu emitwalo ebiri mu enkumi ssatu ku bo ne bafa mu lunaku lumu. (1 Abakolinso 10:8)**

Omubiri tegwateekebwawo kukabawazibwa kubanga guba gwa Mukama. N'olwensonga eno, oteeka okudduka obukaba:

> **Ebyokulya bya lubuto, n'olubuto lwa byakulya. Naye byombi Katonda alibizikiriza. Omubiri si gwa bwenzi, naye gwa Mukama. Mudduke obwenzi. Buli kibi omuntu ky'akola kiba ku mubiri, naye ayenda akola ekibi ku mubiri gwe ye yennyini.**
>
> **Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye Yeekaalu ya Mwoyo Mutukuvu Katonda gwe yabawa, era n'emibiri gyammwe si gyammwe ku bwammwe?**
>
> **Kubanga mwagulibwa na muwendo, noolwekyo emibiri gyammwe gigulumizenga Katonda. (1 Abakolinso 6:13, 18-20)**

Kati buvunaanyizibwa bwo okulwanyisa obukaba:

> **Noolwekyo temufugibwa bikolwa byammwe eby'omubiri, byonna mubitte. Gamba nga: obwenzi, n'obutali bulongoofu, n'obukaba, n'okwegomba okw'ensonyi, n'okuyaayaana; kye kimu n'okusinza bakatonda abalala. (Abakolosaayi 3:5)**

Obukaba tebulina na kwogerwako mu bakkiriza:

> **Nga bwe muli abantu ba Katonda abatukuvu, obwenzi, n'obugwagwa bwonna, n'omululu bireme okuwulirwa mu mmwe. (Abaefeeso 5:3)**

Omuntu bwe yeeyongerayo n'okukabawala anaaweebwangayo bulambalamba okusinziira ku Abaruumi 1, buyinza n'okuleetera okulya ebisiyaga. Olwo n'entegeera ye enneeba nga tekyafaayo wadde ku kyo:

> **Katonda kyeyava abaleka ne beeyongera mu kwegomba kwabwe okw'obuwemu.**
>
> **Abakazi baabwe baawanyisa enkolagana yaabwe ey'obuzaaliranwa n'abasajja, ne bakola ebitali bya buzaaliranwa. Bajjuzibbwa obutali butuukirivu bwonna, n'ebibi... (Abaruumi 1:26, 29)**

**OBUTALI BUTUKUVU**

Obutali butukuvu ky'ekikontana n'obutukuvu. Mu kitundu kino eky'ebikolwa eby'omubiri, ekigambo "obutali butukuvu." Kitegeeza okubeera mu nneeyisa ezitali ntukuvuu.

Katonda tayagala bantu be kubeera nga tebakula:

> **Mwagalanenga nga Kristo bwe yatwagala ne yeewaayo ku lwaffe n'afuuka ekiweebwayo era ssaddaaka eri Katonda, eyakawoowo akalungi. (Abaefeeso 5:2)**
>
> **Kubanga Katonda teyatuyitira bugwenyufu wabula yatuyitira kutukuzibwa. (1 Abasessaloniika 4:7)**

Buvunaanyizibwa bwo okugalawo obutali butukuvu ne weeteekamu empisa y'okubeera n'obulamu obutukuvu:

> **Noolwekyo temufugibwa bikolwa byammwe eby'omubiri, byonna mubitte. Gamba nga: obwenzi, n'obutali bulongoofu, n'obukaba, n'okwegomba okw'ensonyi, n'okuyaayaana; kye kimu n'okusinza bakatonda abalala. (Abakolosaayi 3:5)**
>
> **Abaagalwa, nga bwe tulina ebisuubizo ng'ebyo, twetukuze mu buli kintu ekyonoona omubiri n'omwoyo, nga tutuukiriza obutukuvu mu kutya Katonda. (2 Abakolinso 7:1)**
>
> **Buli omu ku mmwe amanyenga okufuga omubiri gwe mu butukuvu n'ekitiibwa. (1 Abasessaloniika 4:4)**

Bw'otakirwanyisa eky'obutaba mutukuvu awo ojja kufuuka:

> **Njogera nga nkozesa olulimi olwa bulijjo kubanga mukyali banafu. Nga bwe mwawangayo ebitundu byammwe eby'omubiri okuba abaddu b'ebirowoozo eby'obugwagwa, ne mweyongeranga okukola ebitali bya butuukirivu, bwe mutyo muweeyo ebitundu byammwe eby'omubiri okuba abaddu b'obutuukirivu, nga mweweerayo ddala eri Katonda, mube batukuvu. (Abaruumi 6:19)**

Bwe weeyongerayo mu butali butukuvu ojja kumala weeweeyo wenna:

> **Tebakyalina nsonyi, beemalidde mu bya buwemu, na mululu gwa kukola bya bugwenyufu ebya buli ngeri.**
>
> **Kyokka mmwe si bwe mwayigirizibwa ku bya Kristo. (Abaefeeso 4:19-20)**

Bwe weeyongerayo okubeera mu (kibi) obutali butukuvu obw'omwoyo, Katonda ajja kukuwaayo wenna:

> **Katonda kyeyava abaleka, emitima gyabwe ne girulunkanira eby'obugwagwa ne bawemula emibiri gyabwe bokka na bokka. (Abaruumi 1:24)**

Omuntu bw'aweebwayo Katonda eri ekintu, alekeraawo okuba n'okutegeera okukwe ng'afugibwa ekyo. Ajja kubulira mu kibi kye okutuusa nga yeenenyezaa:

n'okusingira ddala abo abagoberera okwegomba kwabwe okw'omubiri ne banyooma abakulembeze baabwe.

> **Tebaliiko kye batya, beerowoozaako bokka, era tebakwatibwa na nsonyi kuvuma baakitiibwa. Abantu bali bavuma ne bye batategeera, bali ng'ensolo obusolo ezitaliimu magezi ezikwatibwa okuttibwa ne zizikirizibwa; era nabo okufaanana ng'ensolo ezo, bagenda kuzikirizibwa. ( 2 Peetero 2:10, 12)**

Weetegereze ekipande kino, ojja kulaba nga ennyiriri zino ku butali butukuvu ziteereddwa wamu, enkola yeegasse. Olina amaanyia agakyusa oba okusigala mu kibi. Bw'okireka, kijja kukuleetera obutuukirivu mu bulamu bwo. Bwe wewaayo eri ekibi, ojja kweweerayo ddala gye kiri era ne Katonda oluvannyuma akuweeyo eri okubulira mu nsobi yo.

**OBUTALI BUTUKUVU: ENKOLA Y'OKUSALAWO**

Bw'oba…

|

Okufa kw'obutali butuukirivu : Abakolosaayi

|

Kireetawo

|

Obutukuvu: 1 Abasessaloniika

Bw'oba…

|

Weewaayo eri obutali butukuvu: Abaruumi 6:19

|

Kireetera

|

Okwewaayo wenna gye kiri: Abaefeeso 4:19

|

Ekivaamu

|

Katonda akuwaayo gye kiri: Abaruumi 1:24

|

Ekiggweera mu

|

Kubulira ddala mu bw'onoonefu: 2 Peetero 2:10, 12

**OBUKABA**

Obunyoomi kibi kya kwaka, ebikolwa ebibi oba mpisa mbi olw'obukaba. Kibi nnyo era kuba kweyisa mu ngeri ey'obuswavu. Obubaka y'emu ku mbala z'oyinza okumanyirako abasomesa abakyamu:

> **Waliwo abantu abajja mu bubba, abaawandiikwako edda nga baasalirwa omusango, abatatya Katonda abajerega ekisa kya Katonda waffe, ne bakiyisaamu amaaso, ne beegaana Yesu Kristo Mukama waffe, omu yekka. (Yuda 1:4)**

Mu biro ebyayita wandiba nga wali mukaba. Ng'omukkiriza, tolina kweyongerayo na mpisa bweziti:

> **Okuva kaakano nga muli mu nsi muno, mugoberere ebyo Katonda by'ayagala, so si kugoberera kwegomba kwammwe okw'omubiri.**
>
> **Mu biseera ebyayita mwemaliranga mu kukola ebyo Abaamawanga bye beegombanga. Mwali mwemalidde mu bwenzi, mu kwegomba okubi, mu butamiivu, mu binyumu, mu bubaga obw'omwenge, ne mu kusinza bakatonda abalala. (1 Peetero 4:2-3)**

Baibuli esomesa nti bwe weeyongerayo n'empisa eno, ojja kweziikira mu yo nga totegedde:

> **Tebakyalina nsonyi, beemalidde mu bya buwemu, na mululu gwa kukola bya bugwenyufu ebya buli ngeri. (Abaefeeso 4:19)**

**OKUSINZA EBIFAANANYI:**

Kuno kwe kusinza ebifaananyi. Ate tekitegeeza bifaananyi ebikolebwa mu mayinja, emiti, oba ebyuma eby'omuwendo. Ekifaananyi ky'ekintu ekikusingira Katonda. Abasinza ebifaananyi be basinza ebintu ebirala ebitali Katonda. Okusinza ebifaananyi bwe butayatula kifo kya Katonda kituufu mu bulamu bwo:

Erimu ku mateeka ga Katonda ge yawa lyali likwata ku kusinza ebifaananyi:

> **Temulaganga mu bitali Katonda, era temwekoleranga bakatonda abaweese mu kyuma ekisaanuuse. Nze Mukama Katonda wammwe. (Ebyabaleevi 19:4)**
>
> **Temwekoleranga bifaananyi oba okwesimbira ebifaananyi ebyole, oba amayinja ge muyise amatukuvu, era temuteekanga mayinja mawoole mu nsi yammwe okugavuunamiranga. Nze Mukama Katonda wammwe. (Ebyabaleevi 26:1)**

Bakatonda b'amawanga agatakkiriza bayitibwa bifaananyi:

> **Kubanga bakatonda bonna abakolebwa abantu bifaananyi bufaananyi; naye Mukama ye yakola eggulu. (Zabuli 96:5)**

Ojja kubuzaabuzibwa bw'oweereza ebifaananyi:

> **Abasinza ebifaananyi ebikole n'emikono bonna baswadde, abo abeenyumiririza mu bifaananyi ebyole. Mumusinze mwe mwenna bakatonda. (Zabuli 97:7)**

Ebifaananyi by'amawanga agatakkiriza biba byakolebwa muntu. Tebirina maanyi wadde amakulu amatuufu ag'omwoyo:

> **Abamawanga ebifaananyi byonna ebyole bye basinza, ebyakolebwa n'emikono gy'abantu mu ffeeza ne zaabu,**
>
> **Birina emimwa, naye tebyogera; birina amaaso, naye tebiraba;**
>
> **Birina amatu naye tebiwulira; so ne mu kamwa kaabyo temuyitamu mukka.**
>
> **Ababikola balibifaanana; na buli abyesiga alibifaanana. (Zabuli 135:15-18)**
>
> **(Laba ne Zabuli 115:4-8)**

Omukristaayo tayinza kusinza bifaananyi:

> **Yeekaalu ya Katonda ne bakatonda abalala bibeera bitya obumu?... (2 Abakolinso 6:16)**

Tolina na kwekuumira wali basinza bifaananyi:

> **Naye kaakano mbawandiikira nga mbategeeza nti mwewale omuntu yenna ayitibwa owooluganda ng'ate mwenzi, owoomululu, asinza bakatonda abalala, oba omuvumi, oba omutamiivu oba omukumpanya. Ab'engeri eyo n'okulya temulyanga nabo. (1 Abakolinso 5:11)**

Olabulwa okwekuumira ewala n'ebifaananyi:

> **Abaana abaagalwa, mwewalenga bakatonda abalala. (1 Yokaana 5:21)**

Abasinza ebifaananyi tebaliba mu bwakabaka bwa Katonda:

> **Oba temumanyi ng'abatali batuukirivu tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga. Abakaba, newaakubadde abasinza bakatonda abalala, newaakubadde abenzi, newaakubadde abasajja abeeyisa ng'abakazi, newaakubadde abalya ebisiyaga,a**
>
> **Newaakubadde ababbi, newaakubadde aboomululu, newaakubadde abatamiivu, newaakubadde abajerega, newaakubadde abanyazi tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda. (1 Abakolinso 6:9-10)**

Baibuli eraga enkomerero y'abasinza ebifaananyi:

> **Naye abo ababi n'abatakkiriza n'abagwagwa, n'abassi, n'abenzi, n'abalogo n'abasinza ebifaananyi, n'abalimba bonna, omugabo gwabwe kuliba kuzikirizibwa mu nnyanja ey'omuliro ogwaka ne salufa. Okwo kwe kufa okwokubiri. (Okubikkulirwa 21:8)**
>
> **Ebweru w'ekibuga y'ebeera embwa, n'abalogo, n'abenzi, n'abassi, n'abasinza bakatonda abalala n'abo bonna abaagala era abakola eby'obulimba. (Okubikkulirwa 22:15)**

Baibuli eyita ab'omululu ng'engeri y'okusinza ebifaananyi. Okuba ow'omululu kitegeeza okwagala ennyo ekintu n'okuyaayaana okw'amaanyi okubi. Olina okulwanyisa omululu:

> **Noolwekyo temufugibwa bikolwa byammwe eby'omubiri, byonna mubitte. Gamba nga: obwenzi, n'obutali bulongoofu, n'obukaba, n'okwegomba okw'ensonyi, n'okuyaayaana; kye kimu n'okusinza bakatonda abalala. (Abakolosaayi 3:5)**

Wandiba nga wali obaddeko omusinza w'ebifaananyi ebiro, naye abakkiriza tebalina kweyongerayo na nkola bw'eti:

> **Okuva kaakano nga muli mu nsi muno, mugoberere ebyo Katonda by'ayagala, so si kugoberera kwegomba kwammwe okw'omubiri.**
>
> **Mu biseera ebyayita mwemaliranga mu kukola ebyo Abaamawanga bye beegombanga. Mwali mwemalidde mu bwenzi, mu kwegomba okubi, mu butamiivu, mu binyumu, mu bubaga obw'omwenge, ne mu kusinza bakatonda abalala. (1 Peetero 4:2-3)**

**Kubanga bo bennyini batubuulira engeri gye mwatwanirizaamu, ne bwe mwakyuka okuleka bakatonda abalala ne mudda eri Katonda omulamu era ow'amazima. (1 Abasessaloniika 1:9)**

**OBUSAMIZE**

Obusamize y'enkola y'obulogo, omuli obufuusa bw'abeeru n'abaddugavu, okukozesa eddagala, eddogo, n'ebiringa ebyo. Mulimu enkola za Sitaani n'okumusinza.

Amakulu g'obusamize muzingiramu embeera y'okuba ng'olina by'okozesa okufuga abalala. Ne bw'oba nga toli mu busamize bwa Sitaani, osobola okuba omusamize ng'ekibi eky'omubiri olw'okugezaako okulwanyisa, oba okusabira abalala obubi.

Obusamize kuwakanya kwa mwoyo eri Katonda. Katonda agamba nti ekibi ky'okuwakanya kiringa obusamize:

**Kubanga obujeemu buli ng'ekibi eky'okusamira... (1 Samwiri 15:23)**

**OBUKYAYI**

Obukyayi ky'ekikontana n'okwagala. Mbeera eraga obutayagala balala obuyitiridde. Kwe kuba ng'owulira obubi eri abalala. Baibuli egamba nti obukyayi buleeta enjawukana:

**Obukyayi buleeta enjawukana, naye okwagala kubikka ku bibi bingi. (Engero 10:12)**

Kisingako okubeera awali okwagala okusinga awali obukyayi:

**Okulya emmere ng'eriko enva endiirwa awali okwagalana, kisinga okuliirako ebyassava awali obukyayi. (Engero 15:17)**

Obukyayi obulimu obulimba Katonda ajja kubulabisa:

**Enkwe ze ziyinza okubikkibwa mu kubuzaabuuza, naye obutali butuukirivu bwe buliggyibwayo mu lukuŋŋaana. (Engero 26:26)**

Obulimba wano kitegeeza okwefuula nti oyagala omuntu so nga mumazima wamukyawa:

**OBUTAKKAANYA**

Kuno kwe kuba n'enjawukana mu birowoozo mu ngeri y'okusika omugwa. Kyefaanaanyiriza n'obukyayi. Ekigambo kino kyakozesebwa omulundi gumu mu Baibuli. Yesu bwe yayogera ku "njawukana" mu maka ng'akabonero ak'ennaku envannyuma: Matayo 10:35

**OKUKOPPEREZA**

Kuno kwe kwagala okukola abalala bye bakola obenkane oba obayiteko. Guba Mwoyo gwa kulwanyisa era guba gwa buggya. Ekitundu mu Abaggalatiya ky'ekijuliza ku kigambo kino mu Baibuli: Abaggalatiya 5:19-21

## OBUSUNGU

Obusungu kwe kunyiiga ennyo, ekikolwa ky'okunyiiga, obukaawo. Baibuli egamba obusungu buba bukambwe:

> **Obusungu bwa ttima, n'ekiruyi kifugira ddala nnyo, naye ani ayinza okwolekera amaaso g'obuggya? (Engero 27:4)**

Omuntu alina obusungu obungi ajja kubonaabona ku lwa bwo:

> **Omuntu omukambwe ennyo alisasula ebiriva mu bukambwe bwe, kubanga ne bw'omununula ogusooka era oteekwa okukiddiŋŋaana. (Engero 19:19)**

Abasajja abagezi badduka obusungu:

> **...abantu abalina amagezi baziyiza entalo. (Engero 29:8)**

Bwe wali tonnabeera mukkiriza wali mwana wa busungu:

> **Edda naffe twatambuliranga mu kwegomba kw'emibiri gyaffe, nga tukola ebyo ebyegombebwanga omubiri n'ebirowoozo. Era okufaanana ng'abantu abalala bonna, naffe mu buzaaliranwa twali baakubonerezebwa ng'abalala bonna. (Abaefeeso 2:3)**

Kati obusungu tebulina kukolera mu bulamu bwo:

> **Okunyiiga, n'obusungu, n'obukambwe, n'okukaayana, n'okuvuma, na buli kibi kyonna, biremenga kubeera mu mmwe. (Abaefeeso 4:31)**

Olina okweggyako obusungu:

> **Naye kaakano mweyambulemu ebintu ebyo byonna; obusungu, n'ekiruyi, n'ettima, n'okuvvoola, n'okunyumya emboozi ey'ensonyi. (Abakolosaayi 3:8)**

Olina okukyawa obusungu:

> **Tonyiiganga era weewale ekiruyi; teweeraliikiriranga kubanga bivaamu bibi byereere. (Zabuli 37:8)**

Olina okubeera ng'olwawo okusunguwala:

> **Ekyo mukimanye abooluganda abaagalwa! Buli muntu abeerenga mwangu wa kuwulira, kyokka alemenga kubuguutana kwogera, era alemenga kwanguwa kunyiiga.**
>
> **Kubanga obusungu bw'omuntu tebumuweesa butuukirivu bwa Katonda. (Yakobo 1:19, 20)**
>
> **Omuntu omugumiikiriza aba n'okutegeera kungi, naye oyo asunguwala amangu ayolesa obusirusiru. (Engero 14:29)**

Waliwo oluganda olunene wakati w'ebikolwa eby'omubiri bino eky'obusungu n'ekyokwaawukana. Baibuli ennyonnyola oluganda luno:

> **Omuntu asunguwala amangu asaanuula oluyombo, naye omugumiikiriza akakkanya embeera. (Engero 15:18)**
>
> **Kubanga okusunda amata kuzaala omuzigo, n'okunyiga ennyindo kuleeta omusaayi, okutankuula obusungu, bwe kutyo kuleeta entalo. (Engero 30:33)**

**ENJAWUKANA**

Kuno kwe kuyomba, okulwana, oba okukubagana. Kitegeeza okulwana mu butakkaanya. Okwongereza ku busungu obuleetawo enjawukana, obukyayi nabwo buleetawo enjawukana:

> **Obukyayi buleeta enjawukana, naye okwagala kubikka ku bibi bingi. (Engero 10:12)**

Abantu abakambwe nabo baleetawo enjawukana:

> **Omuntu omubambaavu asiikuula entalo... (Engero 16:28)**

Amalala galeetawo enjawukana:

> **Omuntu ow'omululu aleeta oluyombo... (Engero 28:25)**

Abantu abasunguwavu baleetawo enjawukana:

> **Goba omunyoomi, entalo zinaagenda, ennyombo n'okuvumagana binaakoma. (Engero 22:10)**

Okuba omunyoomi kireetawo okumanyiirwa oba okweyisa obubi. Abantu abageya, abakaayana oba abeemulugunya baleetawo enjawukana:

> **Ng'asika embwa amatu, omuyise bw'abeera eyeeyingiza mu luyombo olutali lulwe. Enku bwe zibula omuliro guzikira, awatali lugambo ennyombo ziggwaawo.**
>
> **Ng'amanda ku gannaago agaliko omuliro, oba enku ku muliro, bw'abeera omusajja omuyombi mu kuwakula entalo. (Engero 26:17, 20-21)**

Ebibuuzo eby'obusirusiru bireetawo enjawukana :

> **Weewalenga empaka ez'obusirusiru, ezitaliimu magezi, kubanga omanyi nti zivaamu okulwana. (2 Timoseewo 2:23)**

Enjawukana kikolwa kya mubiri:

> **kubanga mukyafugibwa mubiri. Naye obanga mukyalimu obuggya n'ennyombo, temufugibwa mubiri era temutambula ng'abalina empisa z'abantu obuntu? (1 Abakolinso 3:3)**

Awali obuggya n'enjawukana zibaawo, wajja kubaawo akavuyo:

**Bwe muba n'omutima omukyayi ogujjudde n'obuggya, era nga mwefaako mwekka, temusaanidde kwewaana na kulimba nga mukontana n'amazima.**

**Kubanga buli awabeera obuggya n'okwefaako wekka, wabeerawo okutabukatabuka era n'ebikolwa ebirala ebibi byonna. (Yakobo 3:14, 16)**

Baibuli egamba tewali kirina kukolebwa mu kwawukana:

**Nga temukola kintu na kimu olw'okuvuganya wadde okwewaana okutaliimu, wabula mu bwetoowaze nga buli muntu agulumiza munne okusinga bwe mwegulumiza mwekka. (Abafiripi 2:3)**

Okwawukana y'emu ku mbala z'abasomesa abakyamu:

**Aba ajjudde okwekuluntaza era aba taliiko ky'ategeera naye aba aguddemu akazoole ak'okubuzaabuza mu buli kintu, n'okuwakana ku buli kigambo n'ekivaamu bwe buggya, n'okuyomba, n'okuvuma, n'okuwaayira.**

**N'okukaayana. Ebyo bikolebwa abantu abaayonooneka ebirowoozo, abatakyalina mazima, abalowooza ng'okufuna amagoba kwe kutya Katonda. (1 Timoseewo 6:4-5)**

**OBUJEEMU**

Okujeema kwe kukola ebikolwa ebikontana n'ekyo ekiragirwa. Ekitundu ky'ebikolwa eby'omubiri ky'ekimu ku bitono ennyo mu Baibuli awakozesebwa ekigambo kino:

**OKUYIGIRIZA OBULIMBA**

Okuyigiriza eby'obulimba ziba nzikiriza ezikontana n'ekigambo kya Katonda. Ndowooza za muntu eziri mu nsobi era zireetawo enjawukana mu kkanisa. Ziba nkola za bannabbi ab'obulimba:

**Naye waaliwo ne bannabbi ab'obulimba mu bantu, era nga bwe walibaawo abayigiriza ab'obulimba mu mmwe. Baliyingiza mu nkiso enjigiriza enkyamu etwala abantu mu kuzikirira. Balyegaana ne Mukama waffe, ne beereetako okuzikirira okw'amangu. (2 Peetero 2:1)**

**OBUGGYA**

Kuno kubeera butasanyukira birungi balala bye batuseeko. Kuba kuwakanya okw'omwoyo, eby'ensimbi oba ebintu abalala bye batuuseeko. Kuba kuyaayaana okubi:

Obuggya nayo mbala y'abayigiriza ebikyamu:

**Mmwe abenzi temumanyi ng'okuba mikwano gy'ensi bulabe eri Katonda? Noolwekyo omuntu yenna bw'alondawo okuba mukwano gw'ensi afuuka mulabe wa Katonda. (Yakobo 4:4)**

Obuggya kabonero ka kubeera mukristaayo ow'omubiri:

**kubanga mukyafugibwa mubiri. Naye obanga mukyalimu obuggya n'ennyombo, temufugibwa mubiri era temutambula ng'abalina empisa z'abantu obuntu? (1 Abakolinso 3:3)**

Abo abali mu kibi bajjula obuggya:

**Bajjuzibbwa obutali butuukirivu bwonna, n'ebibi, n'omululu, n'obukyayi, n'obuggya, n'obussi, n'entalo, n'obulimba, n'enkwe, n'okwogera ebitasaana, nga basala ku bannaabwe ebigambo. (Abaruumi 1:29)**

**Kubanga naffe ffennyini twali basirusiru era abajeemu, nga tuwabye, era nga tufugibwa okwegomba kwaffe okubi, n'amasanyu aga buli ngeri, nga tuli ba ttima era ab'obuggya, nga tukyayibwa era nga tukyawagana. (Tito 3:3)**

Awali obuggya ebizibu byeyongera:

**Bwe muba n'omutima omukyayi ogujjudde n'obuggya, era nga mwefaako mwekka, temusaanidde kwewaana na kulimba nga mukontana n'amazima.**

**Kubanga buli awabeera obuggya n'okwefaako wekka, wabeerawo okutabukatabuka era n'ebikolwa ebirala ebibi byonna. (Yakobo 3:14, 16)**

Tulabulwa obutakyawa boonoonyi:

**Omutima gwo gulemenga okukwatirwa aboonoonyi obuggya, kyokka nyiikira okutya Mukama ebbanga lyonna. (Engero 23:17)**

## ABATEMU

Okutemula kwe kuggyawo obulamu bw'omulala ng'oyagadde. Kino tekikolebwa nga kwerwanako oba mu butanwa. Kuno tekuba kutta muntu olw'okuba yatta omulala. Kuno kwali kulamulwa okwateekebwawo Katonda mu Okubala 35. Erimu ku mateeka Katonda ge yawa gaali "Tottanga."

Yesu yagamba:

**...Tottanga...(Matayo 19:18)**

Tolina kutta:

**Mu mmwe temusaana kubaamu mutemu, oba mubbi, oba omukozi w'ebibi, wadde eyeeyingiza mu by'abalala. Kubanga buli abonyaabonyezebwa olw'ebyo taliiko ky'agasibwa. (1 Peetero 4:15)**

Endagaano empya ewa amakulu g'okuttemula nti mulimu n'obukyayi. Bw'okyawa abakkiriza abalala obeeranga omutemu:

**Buli akyawa muntu munne, oyo aba mussi, era mukimanyi nti tewali mussi alina obulamu obutaggwaawo mu ye. (1 Yokaana 3:15)**

**ETTAMIIRO**

Ettamiiro kitegeeza okubeera ng’otabuse omutwe olw’okunywa ennyo ebitamiiza. Baibuli erabula nti abatamiivu bajja kubeera baavu:

> **Kubanga omutamiivu n’omuluvu baavuwala, n’okubongoota olutata kubambaza enziina. (Engero 23:21)**

Tolina kubeera mu bulamu bwa kutamiira:

> **Tutambulenga ng’ab’omu musana, so si mu binyumu ne mu kutamiira, ne mu bwenzi n’obukaba, ne mu kuyombagana n’obuggya. (Abaruumi 13:13)**

Tolina kubeera wamu n’abo abatamiira:

> **Naye kaakano mbawandiikira nga mbategeeza nti mwewale omuntu yenna ayitibwa owooluganda ng’ate mwenzi, owoomululu, asinza bakatonda abalala, oba omuvumi, oba omutamiivu oba omukumpanya. Ab’engeri eyo n’okulya temulyanga nabo. (1 Abakolinso 5:11)**

Baibuli erabula nti abatamiivu tebalisikira bwakabaka bwa Katonda:

> **Oba temumanyi ng’abatali batuukirivu tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga. Abakaba, newaakubadde abasinza bakatonda abalala, newaakubadde abenzi, newaakubadde abasajja abeeyisa ng’abakazi, newaakubadde abalya ebisiyaga.**
>
> **Newaakubadde ababbi, newaakubadde aboomululu, newaakubadde abatamiivu, newaakubadde abajerega, newaakubadde abanyazi tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda. (1 Abakolinso 6:9-10)**

Wandiba nga wali mutamiivu naye bw’okkiriza oba tolina kubiddamu ebyo:

> **Okuva kaakano nga muli mu nsi muno, mugoberere ebyo Katonda by’ayagala, so si kugoberera kwegomba kwammwe okw’omubiri.**
>
> **Mu biseera ebyayita mwemaliranga mu kukola ebyo Abaamawanga bye beegombanga. Mwali mwemalidde mu bwenzi, mu kwegomba okubi, mu butamiivu, mu binyumu, mu bubaga obw’omwenge, ne mu kusinza bakatonda abalala. (1 Peetero 4:2-3)**

Baibuli ewa enjawulo y’okutamiira n’omwenge n’okujjuzibwa omwoyo:

> **Ate temutamiiranga, kubanga mujja kweyonoona, wabula Omwoyo ajjulenga mu bulamu bwammwe. (Abaefeeso 5:18)**

Mu nsi ey’omubiri, omutamiivu:

1. Aba alowooza kunywa.

2. Yeewaayo omwenge gumufuge
3. By’ayogera bikosebwa omwenge.
4. Aba tatya ng’alina n’amaanyi mangi.
5. Aba n’essanyu ng’amaze okunywa omwenge.

**AMASANYU**

Ono y’oyo aba yeenyigira mu masanyu g’ensi, ng’akola ebikujjuko ebimusanyusa. Kiba kikolwa kya kavuyo era biba bya kweyisa nga bw’osanze.

Osobola okuba nti wali obaddeko bw’oti mu biro ebyayita, naye ng’omukkiriza oba tokyalina kubeera mu bino:

> **Okuva kaakano nga muli mu nsi muno, mugoberere ebyo Katonda by’ayagala, so si kugoberera kwegomba kwammwe okw’omubiri.**
>
> **Mu biseera ebyayita mwemaliranga mu kukola ebyo Abaamawanga bye beegombanga. Mwali mwemalidde mu bwenzi, mu kwegomba okubi, mu butamiivu, mu binyumu, mu bubaga obw’omwenge, ne mu kusinza bakatonda abalala. (1 Peetero 4:2-3)**

**EBIKOLWA EBY’OMUBIRI BIVAAMU**

Paulo annyonnyola ebiva mu kutambulira mu bikolwa eby’omubiri:

> **...Ka mbategeeze nate nga bwe nasooka okubabuulira nti buli akola ebyo talina mugabo mu bwakabaka bwa Katonda. (Abaggalatiya 5:21)**

Katonda ataddewo engeri y’okwewala embeera eno:

> **Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n’okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:9)**

**TAMBULIRA MU MWOYO**

Omuntu alekeraawo atya okukola ebikolwa ebibi eby’omubiri?

**Ekisooka**: Weenenye ekibi kyo era obeere n’okukkirizamu Katonda ng’oyita mu kukkiriza Yesu Kristo ng’omulokozi wo:

> **Noolwekyo omuntu yenna bw’abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby’edda nga bigenze, laba ng’afuuse muggya. (2 Abakolinso 5:17)**

Katonda tatwala mwonoonyi n’amuyigiriza. Ye atondawo kitonde kiggya, ebikadde biggwawo. Ebikolwa eby’omubiri birina okusikirwa n’ekibala ekya mwoyo:

**Ekyokubiri**: Jjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Mwoyo yajja okukuyamba okutambulira mu makubo ag’omwoyo so si ebikolwa ebibi eby’omubiri:

> **Kubanga okwegomba kw'omubiri kulwanagana n'Omwoyo, n'Omwoyo n'alwanagana n'omubiri; kubanga bino byombi bikontana, mulemenga okukola bye mwagala. (Abaggalatiya 5:17)**

**Ekyokusatu:** Manya nti tosobola kutaasibwa bikolwa bya mubiri n'otambulira mu maanyi g'omwoyo ku lulwo:

Omutume Paulo yannyonnyola okufuba kwe yalina nga ye okubeera mu bulamu obw'obwa Katonda:

> **Kubanga kye nkola sikimanyi. Kye njagala si kye nkola, naye kye nkyawa kye nkola.**
>
> **Newaakubadde nga nkola kye mmanyi nga kikyamu, nzikiriza ng'amateeka malungi.**
>
> **Noolwekyo si nze nkola ebintu ebyo ebibi, wabula ekibi ekiri mu nze.**
>
> **Mmanyi nga mu nze, temuli kalungi n'akamu. Ne bwe njagala okukola ekirungi, tewali kirungi kye nkola.**
>
> **Ekirungi kye njagala okukola si kye nkola, naye ekibi kye saagala kye nkola. (Abaruumi 7:15-19)**

Paulo yafuna obuzibu mu kubeera mu bulamu obutali butuukirivu naye yeeyongerayo n'ekiruubirirwa kye wadde nga ebimu byamusobangako.

Saba Katonda ateeke okuyaayaanira obutukuvu mu mutima gwo. Buli w'olemerewa n'oyonoona, kyatulirewo era osabe Mwoyo Mutukuvu akuyambe okiveemu. Bw'oti bw'oyiga okutambulira mu mwoyo ne…

> **Noolwekyo abo abali mu Kristo Yesu, tebaliiko musango; abo abatagoberera kwegomba okw'omubiri wabula ne bagoberera Omwoyo.**
>
> **Kubanga etteeka ery'Omwoyo aleeta obulamu mu Kristo Yesu, lyannunula okuva mu tteeka ly'ekibi n'okufa.**
>
> **Amateeka ga Musa kye gataayinza kukola, olw'okunafuyizibwa omubiri, Katonda yakikola mu Mwana we yennyini bwe yamutuma mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi, n'asalira ekibi omusango mu mubiri.**
>
> **Ekyo kyabaawo, eby'obutuukirivu mu mateeka biryoke bituukirire mu ffe bwe tugondera Omwoyo, ffe abatatambulira mu mubiri naye abatambulira mu Mwoyo.**
>
> **Abo abalowooleza mu mubiri balowooza bintu bya mubiri, naye abalowooleza mu Mwoyo balowooza bya Mwoyo.**
>
> **Okulowooleza mu by'omubiri kwe kufa, naye okufugibwa Omwoyo bwe bulamu n'emirembe.**

> **Kubanga okulowooza eby'omubiri kya bulabe eri Katonda. Ebirowoozo eby'omubiri tebiyinza kuwulira mateeka ga Katonda.**
>
> **N'abo abafugibwa omubiri tebayinza kusanyusa Katonda.**
>
> **Naye mmwe temufugibwa mubiri wabula mufugibwa Mwoyo, kubanga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe. Era omuntu yenna bw'ataba na Mwoyo wa Kristo, oyo si wa Kristo. (Abaruumi 8:1-9)**

Ekibala eky'embala ya Kristo kikulu singa oba ng'otambulira mu maanyi ga mwoyo mutukuvu. Eno y'ensonga lwaki kya mugaso omukkiriza okutegeera obuweereza obwa Mwoyo Mutukuvu.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Embala ezikontana n'ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu ze ziyitibwa?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Ekitundu kya Baibuli ekiwa engeri y'okuwangula ebikolwa eby'omubiri kye kiri wa?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Ku muko oguddako soma ekiri mu lukalala olusooka onoonye ekinnyonnyola mu lw'okubiri omale owandiike ennamba ekinnyonnyola mu bbanga erirekeddwa:

| **Olukalala olusooka:** | **Olukalala olw'okubiri:** |
|---|---|
| ______ Amasanyu. | 1. Okubeera mu kikolwa ky'omukwano n'oyo atali mubeezi we. |
| ______ Obuggya. | 2. Okubeera mu kikolwa ky'omukwano ng'abantu bonna si bafumbo. |
| ______ Obutemu. | 3. Okwonoona mu mwoyo ne mu mpisa. |
| ______ Obutamiivu. | 4. Okwegomba okubi. |
| ______ Obunyoomi. | 5. Okusinza ebifaananyi. |
| ______ Obwenzi. | 6. Okukola eby'obulogo. |
| ______ Obukaba. | 7. Kikontana n'okwagala. |
| _______ Obutali butukuvu. | 8. Obutaba na kukkaanya. |
| _______ Obukyayi. | 9. Olutalo oba okwagala okukoppereza abalala okubasinga. |
| _______ Okuyigiriza obulimba. | 10. Obusungu obw'amaanyi. |
| _______ Obutakkaanya. | 11. Okuyomba. |
| _______ Okukoppereza. | 12. Okuba n'obutategeeragana. |
| _______ Enjawukana. | 13. Enzikiriza ezitakwatagana na kigambo kya Katonda. |
| _______ Obusungu. | 14. Obutasanyukira balala nga batuuse ku birungi. |

_____ Obujeemu.

15. Okuggyawo obulamu obw'omulala.

16. Okuyiwa ennyo omwenge.

17. Okuba n'amasanyu g'ensi oba ebikujjuko.

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Geraageranya ekibala ky'omwoyo mu Abaggalatiya 5:22-24 n'ebikolwa by'omubiri ebiragibwa mu Abaggalatiya 5:19-21. Ekisoose kikoze ng'ekyokulabirako ky'oyinza okugoberera.

**EBIKONTANA**

| **Ekibala ky'omwoyo (Abaggalatiya 5:22-24)** | **Ebikolwa eby'omubiri (Abaggalatiya 5:19-21)** |
|---|---|
| Okwagala. | Obukyayi, ettemu, obuggya. |
| Emirembe | ____________________________ |
| Obugumiikiriza. | ____________________________ |
| Obukkakkamu. | ____________________________ |
| Obulungi. | ____________________________ |
| Okukkiriza. | ____________________________ |
| Obuwombeefu. | ____________________________ |
| Obuteefu | ___________________________ |

# ESSUULA EY'EKKUMI N'ESSATU

## OKUKULAAKULANYA EKIBALA EKY'OMWOYO

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola emitendera egy'enjawulo gy'okuzaaza ebibala eby'omwoyo.
- Okukozesa ekyefaanaanyiriza n'okuzaaza kw'ekibala ky'omwoyo gye kikuzibwamu mu bulamu bw'omukkiriza.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Buli ttabi eriri ku Nze eritabala bibala aliggyako. Naye buli ttabi eribala ebibala, alirongoosa lyeyongerenga okubala. (Yokaana 15:2)**

Olunyiriri olukulu olw'essuula eno lukakasa nti kwagala kwa Katonda ekibala eky'omwoyo kirabikire mu bulamu bwo. Essuula eno ewa okulungamya ku kulaakulanya ekibala eky'omwoyo.

**EMITENDERA GY'OKUZAAZA EKIBALA:**

Waliyo emitendera egy'enjawulo egyayolekera mu kubala ebibala mu bakkiriza. Yokaana 15 alaga emitendera gy'okuzaaza ekibala:

- Ekibala — Yokaana 15:2a
- Ebibala ebirala — Yokaana 15:2b
- Ebibala ebingi — Yokaana 15:5, 8
- Ekibala eky'olubeerera — Yokaana 15:16

Okwagala kwa Katonda kuli nti obale ekibala eky'omwoyo eky'olubeerera. Ayagala obeere ng'ozaalira ne mu kibala eky'okungulu eky'okubuulira enjiri n'ekibala ky'omunda eky'embala ya Kristo.

**AMAZIMA G'OMUBIRI N'AGOMWOYO**

Baibuli erimu ennono ez'omugaso z'olina okuzuula okusobola okutegeera ekyo Katonda ky'agamba okuyita mu kigambo kye. Emu ku nnono zino eri nti eby'omubiri ebyefaananyiriza eby'omwoyo. Ekigambo "ekyefaanaanyiriza" kitegeeza ekintu ky'ekimu oba ekifaanagana. Eky'omubiri "ekyefaanaanyiriza amazima ag'omwoyo," Katonda akozesa eby'okulabirako eby'omubiri okunnyonnyola amazima ag'omwoyo.

Engero za Yesu byali byakulabirako eby'omubiri ku mazima ag'omwoyo. Okugeza, mu lugero olumu yakozesa eky'okulabirako eky'omubiri eky'omukazi eyanoonya ekinusu. Yakozesa kino okulaga bwe tulina okufaayo mu kunoonya abantu abaabulira mu kibi. Kino kyakulabirako kimu ku bingi ebiragibwa mu ngero za Yesu ze yakozesa nga eby'okulabirako by'omubiri okulaga amazima g'omwoyo.

Ennono eno mu by’omubiri n’ebyomwoyo ebifaanagana binnyonnyolwa mu 1 Abakolinso:

> **Guziikibwa nga mubiri bubiri, naye guzuukizibwa nga mubiri gwa mwoyo. Kale obanga waliwo omubiri obubiri, era waliwo omubiri ogw’omwoyo.**
>
> **Kyekyava kiwandiikibwa nti, “Adamu, omuntu eyasooka, yatondebwa ng’alina obulamu.” Kyokka Adamu ow’oluvannyuma ye Mwoyo aleeta obulamu.**
>
> **Naye eky’omwoyo si kye kyasooka, wabula eky’omubiri obubiri kye kyasooka, n’oluvannyuma eky’omwoyo ne kijja. (1 Abakolinso 15:44-45)**

Mu nnyiriri zino omutume Paulo yalaga ekimu ku by’okulabirako eby’amaanyi eby’omubiri ebifaanagana n’amazima ag’omwoyo. Omuntu eyasooka okutondebwa Katonda yali wa mubiri, Adamu. Yesu, eyali ayitibwa Adamu ew’oluvannyuma yali wa mwoyo. Adamu yali ekyo eky’omubiri ekifaanagana n’amazima g’omwoyo Katonda g’alaga mu Yesu Kristo. Mu muntu ow’omubiri, ekibi n’okufa byajja. Okuyita mu muntu ow’omwoyo wajjawo obulokozi n’obulamu.

Ekintu eky’omubiri ky’ekyo ky’oba osobola okulaba oba okuwulira; osobola okukiraba, okukiwulira oba okukikwatako. Ekyo eky’omwoyo kisobola okubeera nga kirabibwa n’obusimu obw’omwoyo mwokka. Ekyokulabirako eky’omubiri ky’ekyo obusimu obw’omubiri. Ebyokulabirako eby’omwoyo byo bisobola okumanyibwa n’okubikkulirwa okwa Mwoyo Mutukuvu. Okutegeera ennono eno ey’ebyomubiri ebifaanagana n’amazima ag’omwoyo kiviirako okumanya okupya okuli mu kusoma ekigambo kya Katonda.

## OKUKUZA EKIBALA EKY’OMWOYO

Yesu yakozesa ekigambo “ekibala” eky’omwoyo ng’ekyokulabirako eky’omubiri ku mazima ag’omwoyo. Waliwo embeera ezeetaagisa okubala ebibala mu nsi ey’omubiri. Bino by’ebyokulabirako eby’omwoyo ebyetaagisa okubala ebibala eby’omwoyo. Mu nsi ey’omubiri ne mu y’omwoyo, waliyo embeera ezireetawo okukula obulungi. Era muno mulimu:

### OBULAMU:

Ekyetaago ekisooka kukula kw’ekibala eky’omwoyo bwe bulamu. Ng’obulamu mu nsi ey’omubiri bwe buva mu nsigo, obulamu mu nsi ey’omwoyo buva mu nsigo eya Yesu Kristo.

Mu kisuubizo ekisooka eky’omulokozi w’ensi  Yesu yali ayitibwa nsigo:

> **Nteeka obulabe wakati wo n’omukazi, ne wakati w’ezzadde lyo n’ezzadde ly’omukazi; ezzadde lye linaakubetentanga omutwe, naawe onoolibojjanga ekisinziiro. (Oluberyeberye 3:15)**
>
> **Mu ye mwe mwali obulamu; era obulamu buno ne buba ekitangaala eri abantu. (Yokaana 1:4)**
>
> **Kubanga nga Kitaawe w’Omwana bw’alina obulamu mu ye, bw’atyo bwe yawa Omwana okuba n’obulamu mu ye. (Yokaana 5:26)**

**Omubbi ky'ajjirira kwe kubba n'okutta n'okuzikiriza. Nze najja, zibe n'obulamu, era zibe nabwo mu bujjuvu. (Yokaana 10:10)**

Ensigo y'obulamu, nga ye Yesu Kristo, eteekwa okubeera ennamu mu ggwe. Tosobola kuzaala kibala kya mwoyo bw'oba tolina nkolagana naye kubanga…

**...era n'ebibala byo biva mu nze. (Koseya 14:8)**

**AMAZZI:**

Amazzi geetaagisa okusobola okubala ekibala mu nsi ey'omubiri. Amazzi ke kamu ku bubonero obwa Mwoyo Mutukuvu. Amazzi aga Mwoyo Mutukuvu geetaagisa okuzaaza ekibala mu nsi y'omwoyo. Gamalawo ennyonta ey'omwoyo ne galeeta n'okukula mu mwoyo:

**Ng'Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti buli akkiriza Nze emigga egy'amazzi amalamu girikulukuta nga gifuluma mu mutima gwe!"**

**Yesu yali ayogera ku Mwoyo Mutukuvu, abamukkiriza gwe baali bagenda okufuna, kubanga Mwoyo oyo yali tannagabibwa, kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa. (Yokaana 7:38-39)**

**Kubanga ndifuka amazzi ku ttaka eririna ennyonta n'enzizi ku ttaka ekkalu. Ndifuka Omwoyo wange ku zadde lyo, era n'omukisa gwange ku bazzukulu bo. (Isaaya 44:3)**

**EKITANGAALA**

Ekitangaala kiyambako mu kukula kw'ekibala mu nsi ey'omubiri. Naawe engeri gye weeteeka ku kitangaala ky'ekigambo kya Katonda ky'ekireeta ekibala eky'omwoyo:

**Naye ani ayinza okuwangula ensi okuggyako oyo akkiriza nti Yesu Mwana wa Katonda? Yesu Kristo oyo yennyini ye yajja n'amazzi n'omusaayi, si na mazzi, naye n'amazzi n'omusaayi.**

**Era ne Mwoyo ekyo akikakasa kubanga Mwoyo ye mazima.**

**Waliwo okukakasa kwa mirundi esatu. (1 Yokaana 1:5-7)**

**EMPEWO:**

Omukka omubi ebimera bigusika okuva mu mpewo eba ebyetoolodde. Eno eyambako ekimera okubala ekibala. Mu kigambo kya Katonda, Omwoyo Omutukuvu ageraageranyizibwa ku mpewo oba kibuyaga:

**Empewo ekuntira gy'eyagala, n'owulira okuwuuma kwayo, naye tomanya gy'eva newaakubadde gyegenda; bw'atyo bw'abeera omuntu yenna azaalibwa Omwoyo. (Yokaana 3:8)**

Embuyaga eya Mwoyo Mutukuvu ekunta mu bulamu bwo eringa omuyaga gw'ensi ey'omubiri. Efuumuula ensigo z'ekigambo kya Katonda, eyawula ebisusunku mu ŋŋano ey'obulamu bwo

obw'omwoyo, era awujja n'amanda agaagala okuzikira mu kwagala okutumbula omuliro mu mwoyo gwo ku lwa Katonda.

**EBBANGA:**

Mu Matayo 13 mu lugero lw'omusizi, waaliwo okuvvuganya ku lw'ebbanga n'ebimera n'ebyenjigiriza. Omukkiriza alina ekibala eky'omwoyo ajja kwesanga nga ateekwa okweyawula okusinga okubeera ng'avuganyiza mu nsi:

> **N'ensigo eyagwa mu maggwa efaanana ng'omuntu awulira ekigambo naye okweraliikirira kw'ebintu by'ensi n'obugagga obutaliimu ne bibuutikira ekigambo ne kitabala bibala. (Matayo 13:22)**

Tolina kutwalibwa nkola za nsi. Olina okukyusibwa mu ngeri za Katonda:

> **So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe... (Abaruumi 12:2a)**

Katonda alongoosa ebbanga erikwetoolodde (okwawula ku nsi) akusobozesa okukula mu mwoyo:

> **Ndifaanana ng'omusulo eri Isirayiri: alimulisa ng'eddanga, era alisimba emirandira ng'emivule gy'e Lebanooni.**
>
> **Amatabi ge amato galikula; n'obulungi bwe buliba ng'omuzeyituuni, n'akaloosa ke kaliba ng'akaloosa k'omuvule gw'e Lebanooni.**
>
> **Abantu balibeera nate wansi w'ekisiikirize kye, era alibala ng'emmere ey'empeke. Alimulisa ng'omuzabbibu, era alyatiikirira nga wayini ow'e Lebanooni.**
>
> **Ggwe Efulayimu mugabo ki gwe nnina mu bakatonda bo? Ndimwanukula ne mulabirira. Nninga omuberosi omugimu, era n'ebibala byo biva mu nze. (Koseya 14:5-8)**

**EMIRANDIRA:**

Emirandira gyetaagisa okusobozesa ekimera okusika ebirungo mu ttaka. Zabuli 1 eyongera ku ngeri y'okusimba emirandira mu bulamu bwo obw'omwoyo:

> **Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kw'ababi, era atayimirira mu kibiina ky'ababi, newaakubadde okutuula n'abo abanyooma ebya Katonda.**
>
> **Naye asanyukira okugondera amateeka ga Mukama, era mu mateeka ago mw'alowooleza emisana n'ekiro.**
>
> **Afaanana ng'omuti ogwasimbibwa ku mabbali g'omugga, ogubala ebibala byagwo mu ntuuko zaabyo, n'ebikoola byagwo tebiwotoka. Na buli ky'akola kivaamu birungi byereere. (Zabuli 1:1-3)**

**OKUWUMMULA:**

Okuwumula kubeerawo mu biro by'okukula kw'ekimera. Kino ky'ekiseera ng'ekimera kirabika ng'ekifudde nga tekikula. Kiba kiseera kya kuwummula mu kimera. Okwesiba kuno kutera okubaawo mu kiseera ng'ekimera tekinnatandika kukula nnyo. Mu nsi ey'omubiri, Katonda yalagira wabeewo ebiro by'okuwummuza ettaka: Ebyabaleevi 25:5

Ogumu ku migaso gy'okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu kwe kuleetawo okuwummula n'okuzza obuggya. Okuzza obuggya kuno okw'omwoyo kuva ku kukula okw'amangu okw'ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu:

> **Noolwekyo ng'ekisuubizo eky'okuyingira mu kiwummulo kye, bwe kikyaliwo, twerinde, omuntu yenna ku mmwe aleme kulabika nga takituuseemu. Naye Katonda atusuubizza olunaku olwa Ssabbiiti lwe tuliwummula, newaakubadde nga terunnatuuka. (Abaebbulaniya 4:1,9)**
>
> **Weewaawo, Katonda alyogera eri abantu abo n'emimwa emigenyi mu lulimi olugwira.**
>
> **Abo be yagamba nti, Kino kye kifo eky'okuwummuliramu eri oyo akooye, era kye kifo eky'okuwerera naye ne bagaana okuwuliriza. (Isaaya 28:11-12)**

**ETTAKA:**

Mu nsi ey'omubiri n'eyomwoyo okusobozesa okubala ebibala, ettaka lirina okutegekebwa obulungi. Mu lugero lw'omusizi, yali mbeera ya ttaka y'eyaleetera ensigo okukula mu ngeri ezo. Omutima gwo gulinga ettaka mu nsi ey'omubiri. Omutima gwo gubeera omugumu nga gujjuziddwa n'ebintu ebiyinza okufumita ekigambo kya Katonda, tojja kubala kibala kya mwoyo.

Buvunaanyizibwa bwo okutegeera ettaka lyo ery'omutima gwo gusobole okuwulira ekigambo kya Katonda:

> **Musige ensigo ez'obutuukirivu, mukungule ebibala eby'okwagala okutaggwaawo; mukabale ettaka lyammwe eritali ddime, kubanga ekiseera kituuse okunoonya Mukama, okutuusa lw'alidda n'abafukako obutuukirivu. (Koseya 10:12)**

**OKUFA:**

Buli lw'osimba ensigo y'ekimera tebalirawo, esooka kufa n'eryoka efuna obulamu nate:

> **Ddala ddala mbagamba nti empeke y'eŋŋaano bw'egwa mu ttaka efa, bwe tefa ebeera yokka, naye bw'efa ebala ebibala bingi. (Yokaana 12:24)**
>
> **Musirusiru ggwe! Ensigo gy'osiga temeruka nga tennafa. (1 Abakolinso 15:36)**

Obulamu bw'omwoyo businziira ku bintu by'ensi. Bwetaaga okufa eri ekibi, okwegomba eby'ensi, n'ebisanyusa. Bw'ofa eri ensi, kikuza ekibala eky'obwa Kristo mu bulamu bwo.

**OKWEKWATA KU KIKOLO:**

Okusobola okubala ebibala mu nsi ey'omubiri, ettabi lirina okwekwata ku kikolo ky'ekimera ekyo. Ettabi bwe limenyeka ku muti ogugaba obulamu, terijja kubala bibala. Yesu ky'ekikolo era ffe matabi. Okusobola okubala ebibala, tulina okuywerera mu nkolagana naye:

> **Nze muzabbibu ogw'amazima, ate Kitange ye mulimi.**
>
> **Buli ttabi eriri ku Nze eritabala bibala aliggyako. Naye buli ttabi eribala ebibala, alirongoosa lyeyongerenga okubala.**
>
> **Mmwe kaakano muli balongoofu olw'ekigambo kye mbagambye.**
>
> **Mubeere mu Nze era nange mbeere mu mmwe. Ng'ettabi bwe litayinza kubala bibala ku bwalyo nga teriri ku muzabbibu, bwe mutyo nammwe temuyinza kubala bibala bwe mutabeera mu Nze. (Yokaana 15:1-5)**

**OKUSALIRA:**

Okusalira kikulu nnyo era kyetaagisa mu nsi ey'omubiri ekimera bwe kiba kya kusigala nga kibala ebibala. Omulimi bw'asalira ekimera n'asalako obutabi obutabala osobole okuleetera ekimera okubala obulungi. Aggyawo buli kintu ekiyinza okuziyiza okukula kw'ekimera.

Okusalira era kwetaagisa ne mu nsi ey'omwoyo. Okusalira okw'omwoyo kwe kugololebwa Katonda. Baibuli era ekuyita okutereeza. Katonda "bw'asalira" akuggyako ebintu byonna mu bulamu bwo ebiyinza okukulemesa okukula mu mwoyo. Enkola eno yeetaagisa bw'oba wa kubala bibala:

> **Buli ttabi eriri ku Nze eritabala bibala aliggyako. Naye buli ttabi eribala ebibala, alirongoosa lyeyongerenga okubala. (Yokaana 15:2)**

Ebiseera ebimu tokungula ku bye wasalira kubanga onenya Sitaani nga naye Katonda y'aleseewo embeera ezo mu bulamu bwo okukutereeza (akusalidde). Obukulu bw'okutonda kwa Katonda bulagibwa mu Koseya:

> **Mujje, tudde eri Mukama. Atutaaguddetaagudde, naye alituwonya; atuleeseeko ebiwundu, naye ebiwundu alibinyiga. (Koseya 6:1)**

Okutereezebwa okw'okusalira kuviirako okudda eri Katonda. Okuleka ng'ozeeyo gy'ali lw'oyinza okubala ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu.

**EMBEERA Y'OBUDDE:**

Eno nayo nkulu nnyo mu kukula kw'ekibala. Mu nsi ey'omubiri, ebika by'ebibala bingi bikula mu bitundu eby'enjawulo. Bikulira mu bizimbe singa biba nga byetaaga ebbugumu essaamusaamu. Biba bikuumibwa okuva ku mbeera ebeera ebyetoolodde ey'ensi. Bw'oggya ekimera ky'omu kiyumba n'okiteeka wabweru, kijja kumala kife kubanga kiba kyamanyiira buli obulamu. Kiba tekisobola kugumira mbeera ey'ensi.

Nga twogera ku by’omwoyo, tetwetaaga nnyumba eyo, Abakristaayo abalabika obulungi mu mbeera ennungi yokka bajja kuwotoka singa babeerako mu mbeera y’ensi eya ddala. Ekibala ky’omwoyo kirina okweyolekera mu bulamu bwonna obw’ensi nga tekikugirwa mbeera ey’emikwano emikristaayo oba ekkanisa.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandikka olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Emitendera gy'okubala ebibala egyogerwako mu Yokaana 15 gye giri wa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Leeta ebintu ekkumi n'ebibiri ebyetaagisa mu nsi ekibala kisobole okuzaala: Jjukira, bino byakulabirako eby'omubiri ebirina amazima ag'omwoyo kubanga nabyo byetaagisa ku lw'okuzaaza ebibala eby'omwoyo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma Oluyimba 4:12-16. Mu kitundu kino tuweebwa okutangazibwa ku nnimiro ya Katonda. Ayita abantu be, ekkanisa (abakkiriza) ennimiro ye. Obulamu bwo bwa mwoyo "ettaka" erinaabala ebibala eby'omwoyo, omuddo gw'omwoyo, oba lisigale nga teririna kye lizadde. Kiki ekikulira mu ttaka ly'obulamu bwo ery'omwoyo? Mulimu muddo oba maggwa aga:

- Ebizibu, okunyiiga, okweraliikirira oba ebyo ensi by'eyagala?
- Obulimba bw'obugagga?
- Okwagala ebintu by'ensi?

Kiki ekirya ekitundu ky'obulamu bwo ekisinga obunene? Kiki ekitwala obudde bwo obusinga? Kiki ekikusingira? Ennimiro y'omutima gwo ya mayinja oba ya ttaka? Olina omutima omugumu? Ebitundu ebyo mwe wagaanira ddala okugondera ebiragiro bya Kristo by'e bigumba, olwazi lw'ettaka ery'omwoyo.

2. Essomo lino limaliriza okuyiga kwo ku "Buweereza bwa Mwoyo Mutukuvu." Okweyongera okusoma tugamba wandifunye ekitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Enkola z'omwoyo." Kikwata ku mugaso gwa Mwoyo Mutukuvu mu lutalo olw'omwoyo era kinnyonnyola n'obuweereza bw'abantu abalala abakola obusatu; Katonda kitaffe ne Yesu Kristo omwana we.
3. Maliriza okwekenneenya kw'ekibala eky'omwoyo ekiddako. By'oddamu bijja kukuyamba okwekenneenya omutendera kw'oli mu kukula kw'ekibala ky'omwoyo eky'obulamu bwo.

**OKWEKENNEENYA EKIBALA EKYOMWOYO**

Soma buli kikuweereddwa oddemu ng'okozesa ennamba eraga ekyo ky'oli mu kiseera kino. Ddamu buli kibuuzo ng'owandiika, 3, 2, 1 oba 0

3 – Etegeeza nti, "Kino kituufu nnyo mu bulamu bwange."

2 – Etegeeza nti, "Kino kitera okuba ekituufu mu bulamu bwange."

1 – Etegeeza nti, "Kino olw'olumu kituufu."

0 – Etegeeza nti, "Kino tekibangako kituufu mu bulamu bwange."

**Eky'okulabirako:**__2__ Nneekakasa nti Katonda y'afuga amagenda gonna.

(Omuntu eyakola okwekenneenya kuno yawandiika "2" mu bbanga eryalekebwawo kubanga ekyogerwa kyali kitera okubeera ekituufu mu bulamu bwabwe)

__________ 1. Nneekakasa nga Katonda y'afuga amagenda gonna.

__________2. Nkakasa nti Yesu yayagala okukola okwagala kwa Katonda.

___________ 3. Nzikiriziganya nakino nti okukkiriza kwange kuba n'amaanyi okuleka nga Katonda ye mwesigwa.

___________ 4. Nnindirira bisuubizo bya Katonda okuba nga bituukirira

___________ 5. Oluusi ndowooza nti Katonda munyiivu.

___________ 6. Nkimanyi nti okusaasira kwa Katonda, okulagibwa mu kutuma Yesu, kwantaasa ku kibonerezo ekyali kiŋŋwaanira.

___________ 7. Ndi musanyufu nti Katonda bwe yayagala ensi n'awaayo omwana we, Yesu Kristo.

___________ 8. Nkimanyi nti okubeerawo kwa Mukama ly'essanyu lyange.

___________ 9. Ŋŋaana ekyo kyonna Katonda kye yagaana era "Ye" eri ebiragiro bye.

___________ 10. Nzikiriza ekisuubizo kya Yesu eky'emirembe.

___________ 11. Neewaayo n'okwagala eri obuyinza bw'obulamu bwange.

___________ 12. Nzikiriza nti Yesu Kristo y'omu leero n'emirembe gyonna.

___________ 13. Nzikiriza okutuukirizibwa kw'abalala, nga mmanyi nti Katonda akyakola mu bulamu bwabwe.

__________ 14. Nnumirizibwa okwanguwa okukola obulungi bwa Katonda.

__________ 15. Nsonyiwa abalala nga Kristo bwe yansonyiwa.

__________ 16. Nkimanyi Katonda anjagala ne bwemba nga saagala balala.

__________ 17. Obukakafu bw'okufuna obulokozi nga nfunye Yesu nga Mukama wange.

__________ 18. Njiga okugamba "nedda" eri obuntu obutono nsobole okutuuka ku bintu ebinene olwa Katonda.

__________ 19. Nnina obukakafu bw'okusonyiyibwa ebibi

__________ 20. Ndi mwetegefu okugondera ekigambo kya Katonda ne Mwoyo Mutukuvu.

__________ 21. Nneesigika mu kutuukiriza ebisuubizo.

__________22. Nnina obugumiikiriza nga mmaliddwamu amaanyi, mu kutulugunyizibwa mu bwetaavu obw'ekitalo.

__________23. Emirimu gyange egya buli lunaku njikola mu ngeri eya Baibuli.

__________ 24. Ngumya, nzizaamu amaanyi era mpabula abalala.

__________ 25. Nsisinkana ebyetaago by'abooluganda n'abemikwano awatali kakwakulizo.

__________ 26. Nkula era nneeyongerayo nga Katonda bw'ayagala.

__________ 27. Nnina okukakasibwa n'obuvumu obuva eri Katonda (obutuukirivu)

__________ 28. Nnina obulamu bw'okwewaayo obwa buli kiseera.

__________ 29. Njolesa enkolagana, okuyigirizibwa n'obukkakkamu.

__________ 30. Nnindirira Katonda okunnyambako okubeera ekyo ky'ayagala mbeere.

__________ 31. Nnindirira okukola obuvunaanyizibwa obuba bumpeereddwa.

__________ 32. Ndi mwesigwa mu kubuulira amazima, obwesigwa n'okukuuma ebisuubizo.

__________33. Njogera ebigambo ebirungi ebizimba abalala.

__________ 34. Nkakasa embala z'abantu ennungi abo "abannyamba."

__________ 35. Nfuna okumatizibwa buli lwe nkola okwagala kwa Katonda.

__________ 36. Nneekwasa abantu oba omuntu mu kunkuumira mu bizibu ebiri mu bulamu bwange.

__________ 37. Nnina emirembe bwe nzikiriza Omwoyo Mutukuvu okufuga obulamu bwange obwomunda.

__________ 38. Nzikiriza amagezi g'abalala bwemba mu bwetaavu bw'okulongoosa.

__________ 39. Ndi bulungi n'ebyo bye mmanyi bye nnyinza okukola.

__________ 40. Nneereseza ebyamasanyu ga leero ku lw'okukola ebindeetera okukula mu mwoyo.

__________ 41. Ntuukiridde Abakristaayo abalala mu ngeri y'okufaayo ng'enneeyisa yaabwe tetuukaana na mutindo gwa Katonda.

__________ 42. Mpuliriza okusobola okutegeera omuntu omulala.

__________ 43. Mpeereza n'abalala abatayinza oba atali mpeerezaako.

___________44. Nsanyukirannyo eby'omwoyo bye ntuukako.

___________ 45. Nkozesa amagezi gange okumalawo ebizibu ebikwatagana n'essente, okulya ennyo, olugambo n'obukaba.

___________ 46. Nzikakkana bwe nfuna enjawulo eri wakati wange n'abalala.

___________47. Ndi muwombeefu nga nnyumya.

___________ 48. Nkwata bulungi obudde, essente nange nga bwe kiri eri Katonda.

___________ 49. Nneeyongera okusuubirira mu Katonda, ne bwe mba nga mbonaabona.

___________ 50. Nganya “ekitangaala kyange okwakira abalala basobole okulaba emirimu emirungi…”

___________ 51. Ndabawo obwetaavu era ne mbusisinkana n’okulumirirwa.

___________ 52. Nsonyiye abo abankoze obubi ennyo.

___________ 53. Nfuna essanyu ku ebyo Katonda by’akola mu bulamu bw’abakkiriza abalala.

___________ 54. Nnina omutima omuteefu ne wakati mu bizibu by’ensi.

___________ 55. Nziyiza okunyiiza abalala ne bwe bankola obubi.

___________ 56. Mbalibwa mu baliwo ne mu biro ebizibu.

___________ 57. Nzikiriza abalala abakulira mu ngeri yaabwe.

___________ 58. Sikkiriziganya na bikolwa bitali bya bwenkanya.

___________ 59. Nzikiriziganya n’abalala bwe wabaawo agambibwa okuba n’ekibi eky’amaanyi.

___________ 60. Nsabira balabe bange n’abo abalabika okuba nga tebalina kwagala.

___________ 61. Nsanyukira mu kumaliriza byenkola mu buweereza.

___________ 62. Nneewala embeera mwe nnyinza okukemebwa oba okwenyigira nga mbi.

**OBUBONERO BW’OKWEKENNEENYA:**

1. **By’ozzeemu biggyeeyo obiteeke mu lukangaga olukuweereddwa okugeza, bw’oba ekyokuddamu kyo eky’ekibuuzo 1 kiri “3,” kati wandiika “3” awali akabookisi ka 1**
2. **Bw’omaliriza okujjuza buli kabookisi awo genda mu maaso ogate obubonero bwonna.**

| ⇨ | ⇨ | ⇨ | ⇨ | ⇨ | ⇨ | ⇨ | Omugatte | Ekibala |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| 1 | 10 | 19 | 28 | 37 | 46 | 55 | | Emirembe |
| 2 | 11 | 20 | 29 | 38 | 47 | 56 | | Obuwombeefu |
| 3 | 12 | 21 | 30 | 39 | 48 | 57 | | Okukkiriza |
| 4 | 13 | 22 | 31 | 40 | 49 | 58 | | Obugumiikiriza |
| 5 | 14 | 23 | 32 | 41 | 50 | 59 | | obulungi |
| 6 | 15 | 24 | 33 | 42 | 51 | 60 | | Obwesigwa |
| 7 | 16 | 25 | 34 | 43 | 52 | 61 | | Okwagala |
| 8 | 17 | 26 | 35 | 44 | 53 | 62 | | Essanyu |
| 9 | 18 | 27 | 36 | 45 | 54 | 63 | | Okwefuga |

**OKUTEEKA MU NKOLA**

Okusinziira ku biva mu kwekenneenya kw’ekibala eky’omwoyo, maliriza enjogera zino wammanga:

1. Tunuulira obubonero bwo obusinga obutono omalirize enjogera eno:
   Okwekenneenya kulaga nti nneetaaga okwongera okukuza ekibala eky’omwoyo ekya:______________________________________________________________________
2. Nnondawo ekibala kimu kyemba ntunuulira era nnyongere okukisabira mu mwezi ogujja. Ekibala kyeɧɧenda okufaako ky’ekya:___________________________________________________________
3. Okwongereza ku ssaala, nja kukola bino okwongera okukuza ekibala kino: Labako ekimu omalirize enjogera eno:
   ________ Njakutandika okukola ekintu ekipya. Kiki ky’onookola?
   ________ Njakulekeraawo okukola ekintu ky’enkola kati.
   Kiki ky’ojja okulekeraawo okukola?_____________________________________________________
   ________ Njakubaako kye nkyusa mu bulamu bwange.
   Kiki ddala ky’ojja okukyusa?___________________________________________________________

## OKUJULIZA

Ebitundu ku birabo eby'omwoyo eyongereza ku kutegeeza kw'ebirabo eby'enjawulo:

**Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi, n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala okuba abayigiriza.**

**Ekyo yakikola olw'okutendeka abantu ba Katonda olw'omulimu ogw'obuweereza, okuzimba omubiri gwa Kristo.**

**Ekyo kijja kutwongera okugenda mu maaso, okutuusa ffenna lwe tulibeera n'okukkiriza kumu, n'okumanyira ddala Omwana wa Katonda nga tukulidde ddala mu mwoyo okutuuka ku kigera eky'okubeera nga Kristo bw'ali.**

**Tuteekwa okulekeraawo okweyisa ng'abaana abato, nga tuyuuguumizibwa amayengo nga tutwalibwa buli muyaga ogw'okuyigiriza okw'abantu abakuusa, mu nkwe olw'okugoberera enteekateeka ey'obulimba.**

**Tube ba mazima mu kwagala, tulyoke tukulire mu Kristo mu byonna, nga tweyongera okuba nga ye, Omutwe gw'Ekkanisa.**

**Mu ye omubiri gwonna mwe gugattirwa obulungi awamu, ne guyungibwa mu buli nnyingo, nga gukola ng'ekigera kya buli kitundu bwe kuli, nga gukula era nga gwezimba mu kwagala. Ng'omugoberezi wa Mukama waffe, mbalagira okulekeraawo okutambula ng'abatamanyi Katonda bwe batambulira mu birowoozo byabwe eby'obusirusiru. (Abaefeeso 4:11-17)**

**Musembezeganenga awatali kwemulugunya.**

**Buli omu asaanidde okukozesa n'obwesigwa buli kirabo Katonda kye yamuwa olw'okugasa banne nabo balyoke bafune emikisa gya Katonda emingi gy'agaba.**

**Ayogera, ayogerenga ng'atumiddwa Katonda; ayamba, akikolenga n'amaanyi gonna Katonda g'amuwadde; mu byonna Katonda alyoke agulumizibwenga mu Yesu Kristo, alina ekitiibwa n'obuyinza emirembe n'emirembe. Amiina. (1 Peetero 4:9-11)**

**Kubanga nga bwe tulina ebitundu ebingi mu mubiri ogumu, ebitundu ebyo byonna bikola emirimu gya njawulo.**

**Noolwekyo nga bwe tuli omubiri ogumu mu Kristo, buli muntu kitundu ku mubiri ogumu ogwo.**

**Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri.**

**Oba buweereza, mu buweereza, oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza.**

**Oba omulala okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n'obunyiikivu, n'omulala okulaga ekisa nga musanyufu. (Abaruumi 12:4-8)**

**Abooluganda, ssaagala mmwe obutategeera ebikwata ku birabo ebya Mwoyo.**

**Waliwo ebirabo bya ngeri nnyingi, naye Mwoyo abigaba y'omu.**

**Waliwo engeri nnyingi ez'okuweererezaamu, naye Mukama aweerezebwa y'omu.**

**Waliwo okukola kwa ngeri nnyingi kyokka Katonda asobozesa bonna mu byonna bye bakola y'omu.**

**Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna.**

**Omu Omwoyo amuwa okwogera ekigambo eky'amagezi, omulala Omwoyo oyo omu n'amuwa okuyiga n'ategeera.**

**Omulala Omwoyo y'omu n'amuwa okukkiriza, n'omulala n'amuwa obuyinza okuwonyanga abalwadde.**

**Omu, Omwoyo amuwa okukolanga ebyamagero, n'omulala n'amuwa okwogera eby'obunnabbi, ate omulala n'amuwa okwawulanga emyoyo emirungi n'emibi. Omulala amuwa okwogera ennimi ezitali zimu, n'omulala n'amuwa okuzivvuunula.**

**Naye Omwoyo akola ebyo byonna y'omu, y'agabira buli muntu ng'Omwoyo oyo bw'ayagala. (1 Abakolinso 12..)**

# EBIDDIBWAMU KU BIBUUZO BY'OKWEGEZAAMU

**ESSUULA ESOOKA:**

1. Awo amangwago Yesu nga yakamala okubatizibwa nga yaakava mu mazzi, eggulu ne libikkuka n'alaba Omwoyo wa Katonda ng'amukkako mu kifaananyi ky'ejjiba. Eddoboozi ne liva mu ggulu ne ligamba nti, "Ono ye Mwana wange omwagalwa gwe nsanyukira ennyo. (Matayo 3:16-17)
2. Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu.
3. Omwoyo Omutukuvu:
- Alina endowooza.
- Anoonyereza ku ndowooza y'omuntu.
- Alina okwagala kwe.
- Ayogera.
- Ayagala.
- Yeegayirira.
4. Kino kitegeeza alina empulira ezisobola okukosebwa ebikolwa by'omuntu.
5. Okulimba Omwoyo.
- Okugaana Omwoyo.
- Okukkusa Omwoyo.
- Okulumya Omwoyo.
- Okumanyiira Omwoyo.
- Okuvvoola Omwoyo.
- Okunyiiza Omwoyo.
6. 5, 3, 2, 1, 4

**ESSUULA EYOOKUBIRI:**

1. Temumanyi nti mmwe muli yeekaalu ya Katonda era nga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe? (1 Abakolinso 3:16)
2. Akabonero kakiikirira ekintu. Kaba kabonero akalina amakulu agetongodde.
3. 5, 4, 3, 1, 2
4. Okubeerawo kwa Mukama.
- Okukakasibwa.
- Obukuumi/Okuluŋŋamya
- Okutukuza.
- Ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu.
- Okulamulwa.
5. Omwoyo wa Katonda.
- Omwoyo wa Kristo.
- Omwoyo ataggwaawo
- Omwoyo w'amazima
- Omwoyo w'ekisa
- Omwoyo w'obulamu

- Omwoyo w'ekitiibwa.
- Omwoyo w'amagezi n'okubikkulirwa
- Omubeezi.
- Omwoyo w'ekisuubizo
- Omwoyo w'obutukuvu
- Omwoyo w'okubikkulirwa
- Omwoyo eyabafuula abaana.

**ESSUULA EYOOKUSATU:**

1. Naye Omubeezi, Mwoyo Mutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, bw'alijja alibayigiriza ebintu byonna era alibajjukiza byonna bye nabagamba. (Yokaana 14:26)
2. Yakka ku bakulembeze ba Isirayiri.
- Yakka nga mu bifo byabwe eby'okusinza.
- Yabaluŋŋamya nga bagenda mu nsi ensuubize.
- Yali wa kukka ku Isirayiri mu biro by'okubonyaabonyezebwa.
- Yali wa kukka ku Isirayiri mu biro eby'ekyasa.
3. Kituufu.
4. 2, 1, 3
5. Yokaana 16:7-11
6. Omwoyo Omutukuvu ge maanyi agakugira amaanyi ga Sitaani.
7. Yesu yali:
- Yafunibwa Mwoyo.
- Yafukibwako amafuta na Mwoyo.
- Yateekebwako envumbo na Mwoyo.
- Yakulemberwanga Mwoyo.
- Mwoyo y'eyamuwanga amaanyi.
- Yajjuzibwa Omwoyo.
- Yeeraliikirira lwa Mwoyo.
- Yajaguliza mu mwoyo.
- Yaweebwayo mu Mwoyo.
- Yazuukizibwa Mwoyo mu bafu.
- Yalagira abayigirizwa be okuyita mu Mwoyo
8. Omwoyo Omutukuvu:
- Yagikola
- Yalungamya okusinza kwayo.
- Alungamya emirimu gyayo egy'obuminsani.
- Alonda abaweereza baayo.
- Afuka amafuta ku babuulizi baayo.
- Alungamya okusalawo kwayo.
- Agibatiza n'amaanyi.
9. Omwoyo Omutukuvu:

- Alumiriza
- Atukuza.
- Abeera mu nda.
- Agatta.
- Aluɧɧamya.
- Yeefaanaanyiriza n'e kifaananyi kya Kristo.
- Awa obukakafu bw'okulokolebwa.
- Awa eddembe.
- Awa amaanyi g'okubuulira.
- Ayolesa amaanyi ga Katonda.
- Azzaawo.
- Abatiza.
- Agumya.
- Yeegayirira.
- Ayolesa okwagala.
- Abikkula amazima.
- Asomesa.
- Amwogereramu.
- Amubudaabuda.
- Ayanguya.

10. Bafuuka abajulirwa b'enjiri ab'amaanyi: Ebikolwa 1:8

**ESSUULA EYOOKUNA**

1. Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)
2. Weenenye obatizibwe
   - Kkiriza nti kikyo
   - Kiyaayanire
   - Kkiriza nti kirabo.
   - Weeweeyo eri Katonda.
   - Saba abakkiriza abalala bakusabireko.
3. Okwogera olulimi olutamanyikiddwa mwogezi.
4. Okufuula omukristaayo omujulirwa w'enjiri ow'amaanyi: Ebikolwa 1:8
5. Buli Mukristaayo afuna Omwoyo Omutukuvu bw'akyusibwa.
   - Baibuli egamba si bonna nti bayogerera mu nnimi
   - Okutya.
   - Mbeera ejja lwa mpulira.
6. Nedda
7. Okunyikkira ddala oba okututubika ekintu.
8. Ebikolwa 2:2-4

Ebikolwa 10:44-46
Ebikolwa 19:6

**ESSUULA EYOOKUTAANO:**

1. Abooluganda, ssaagala mmwe obutategeera ebikwata ku birabo ebya Mwoyo. (1 Abakolinso 12:1)
2. Ttalanta bwe busobozi obw'omubiri obusikirwa mu kuzaalibwa oba obukula olw'okutendekebwa. Ekirabo eky'omwoyo bwe busobozi obutali bwa bulijjo bw'otosobola kusikira oba kutendekebwamu. Buba busobozi obukuweebwa Omwoyo Omutukuvu okutuukiriza ebiruubirirwa mu ngeri ya bulijjo.
3. Okutuukiriza abatukuvu.

- Okutumbula omulimu gw'obuweereza.
- Okutereeza kwa Kristo eri ekkanisa.

4. Tujja:

- Kubeera bumu mu kukkiriza.
- Okukuza okumanya kwaffe okwa Kristo.
- Okukula mu butuukirivu nga Kristo ky'ekyokulabirako kyaffe.
- Okunywera nga tetulimbibwa njigiriza nkyamu.
- Okukula mu mwoyo mu Kristo.

5. Ye, 1 Peetero 4:10 ne 1 Abakolinso 12:7 ne 11.
6. Obutakozesa kirabo kikuweereddwa

- Okugezaako okukozesa ekirabo ekitaakuweebwa.
- Obutakozesa bulungi birabo.
- Okugulumiza ekirabo kyo.

7. Omwoyo Mutukuvu
8. Okwagala: 1 Abalinso 13.
9. Ebirabo eby'ekikyupuli tebituukiriza biruubirirwa bya Mwoyo ku lw'ebirabo ebiweebwa mu Abafeeso 4:12-15. Tebikkiriziganya n'ekyo Baibuli ky'esomesa ku Yesu. Abo abakyupula bajja kubeera n'embala ng'eragibwa mu 2 Peetero 2 ne Yuda.
10. Ebirabo by'omwoyo bwe busobozi obutali bwa bulijjo obuweebwa Omwoyo Omutukuvu eri abakkiriza okubayamba okuweereza obulungi.
11. Ebirabo eby'omwoyo byonna bya leero kubanga ekiruubirirwa ekyabiweesa tekinnatuukirira. Ebirabo by'omoyo bijja kukola okutuusa "ng'ekyo ekituukiridde" kizze. Kino kitegeeza okusimbibwa kw'obwakabaka bwa Kristo ku nsi.
12. Ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu yaweebwa ku lunaku lwa Pentekooti. Ebirabo by'omwoyo bwe busobozi obw'omwoyo obutali bwa bulijjo obuli mu bakkiriza.
13. a. T b. F c. F d. F e. F f. T g. T h. T i. T

**ESSUULA EYOOMUKAAGA:**

1. Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi, n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala okuba abayigiriza. (Abaefeeso 4:11)
2. Abatume

- Bannabbi.
- Ababuulizi
- Abasumba.
- Abasomesa.

3. Kubanga buli kimu kifo kya bukulembeze eky'etongodde mu kkanisa.
4. a. Kituufu b. Kituufu c. Kituufu
5. 2, 1, 4, 3, 5
6. Ebirabo eby'enjawulo

- Ebirabo eby'okwogera
- Ebirabo by'obuweereza
- Ebirabo eby'obubonero

**ESSUULA EYOOMUSANVU:**

1. Naye kaakano Katonda yakola ebitundu bingi eby'enjawulo n'alyoka abifuula omubiri gwaffe nga bwe yayagala. (1 Abakolinso 12:18)
2. Obunnabbi

- Okusomesa
- Okulabula
- Ekigambo ky'amagezi
- Ekigambo ky'okumanya.

3. 2, 1, 4, 3, 5
4. C
5. Kikyamu

**ESSUULA EYOOMUNAANA:**

1. Ne buli ayagala okuba omwami mu mmwe, asaana abeere muddu wa banne bonna. (Makko 10:44)
2. Okwawula emyoyo.

- Obukulembeze
- Obufuzi
- Okukkiriza
- Okuwaayo.
- Obuyambi
- Obuweereza
- Okusaasira.
- Okusembeza.

3. Kubanga baweereza okuteekawo enkola, entegeka n'okuyambako mu bintu by'omwoyo n'emirimu emirala.
4. Omuntu alina ekirabo ky'okufuga alina obusobozi bw'okuluŋŋamya, okutegeka, n'okukola okusalawo ku lw'omulala. Ekirabo ky'obukulembeze kisikiriza era kireetera abalala okutuukiriza ebiruubirirwa byabwe ku lw'ekitiibwa kya Katonda.
5. Okuweereza kyawukana n'obuyambi mu ngeri nti kiwewula ku mirimu egimu. Oyo aweereza atwala obuvunaanyizibwa ku mulimu ogumu okusobozesa omulala okwetaaya ng'akozesa ekirabo kye eky'omwoyo. Omuntu alina ekirabo ky'okuyamba akwatizaako oyo ali mu buweereza bwe aleme kumenyeka na buvunaanyizibwa.
6. 9, 6, 2, 3, 5, 7, 11, 4, 8
7. Kikyamu
8. Ekinnyonnyola okukkiriza kiweebwa mu Abaebbulaniya 11:1
9. Ekirabo ky'amaanyi: Ekibala mbala
10. Ng'owulira ekigambo kya Katonda. Abaruumi 10:17

**ESSUULA EYOOMWENDA:**

1. Ffe tuliwona tutya bwe tuliragajjalira obulokozi obukulu obwenkana awo? Obulokozi obwo bwasooka okwogerwa Mukama waffe, ne bulyoka bukakasibwa abo abaabuwulira. Katonda yakikakasiza mu bubonero ne mu by'ekitalo ne mu byamagero abitali bimu, era ne mu birabo ebya Mwoyo Mutukuvu bye yagaba nga bwe yayagala. (Abaebbulaniya 2:3-4)
2. Ebyamagero
- Okuwonya.
- Ennimi
- Okutaputa ennimi
3. Musobole okukkiriza Yesu nti ye Kristo mu kukkiriza kwammwe mufune obulamu okuyita mu linnya lye: Yokaana 20:30-31
4. 2, 3, 4, 1
5. a. F b. T c. F d. F e. T f. F g. F h. F

**ESSUULA EY'EKKUMI:**

1. Kyenva nkujjukiza okuseesanga ekirabo kya Katonda ekiri mu ggwe kye yakuwa, bwe nakussaako emikono gyange. (2 Timoseewo 1:6)
2. Okutuukiriza ebiruubirirwa n'ebigendererwa
- Okulwana olutalo olw'omwoyo.
- Okwewala okuvvoola.
- Okwewala okumalibwamu amaanyi.
- Okutwala obuvunaanyizibwa.
3. Omutendera ogusooka: Okulokoka.
   Omutendera ogwokubiri: Okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu.
   Omutendera ogwokusatu: Okumanya ebirabo by'omwoyo.
   Omutendera ogwokuna: Okuzuula eby'okulabirako ku birabo.

| | |
|---|---|
| Omutendera ogwokutaano: | Okunoonya ekirabo ky'omwoyo |
| Omutendera ogwomukaaga: | Okussaako emikono. |
| Omutendera ogwomusanvu: | Okwekenneenya by'oyagala mu mwoyo gwo. |
| Omutendera ogwomunaana: | Okwekenneenya kw'omukulembeze omukristaayo. |
| Omutendera ogwomwenda: | Okwekenneenya obuweereza bwo obwayita. |
| Omutendera ogw'ekkumi: | Okumaliriza ebibuuzo ku birabo by'omwoyo. |
| Omutendera ogw'ekkumi n'emu: | Okuzuula ebirabo by'omwoyo by'olina. |
| Omutendera ogw'ekkumi n'ebbiri: | Okuzuula ebyetaago by'omwoyo. |
| Omutendera ogw'ekkumi n'essatu: | Sisinkana ekyetaago ky'omwoyo. |
| Omutendera ogw'ekkumi n'ennya: | Okwekebera mu buweereza bwo. |

**ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU:**

1. Okubuulira enjiri, okubeera omujulirwa ow'amaanyi ow'obwakabaka bw'enjiri.
2. Ekibala eky'omunda eky'embala za Kristo ez'omwoyo
3. Abaggalatiya 5:22-23

- Okwagala
- Emirembe
- Obukkakkamu
- Okukkiriza
- Essanyu
- Obugumiikiriza
- Obulungi
- Obuwombeefu
- Obuteefu

4. Yokaana 15:16
5. Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa, obuwombeefu, okwefuga; awali ebyo tewali tteeka libiwakanya. (Abaggalatiya 5:22-23)
6. 9, 7, 8, 5, 6, 2, 4, 1
7. Ekibala eky'omwoyo kya mugaso nnyo kubanga tekimala kubeera ng'olabika okubeera ow'omwoyo. Tulina okubala ekibala ky'omwoyo kuba ku kyo kwe batumanyira nti tuli ba Katonda. Ekibala kibeera n'ensigo ez'okuzaazaamu mu nsi ey'omwoyo.
8. Emirembe ne Katonda gifunibwa mu kutuukirizibwa n'okusonyiyibwa kw'ekibi. Emirembe gya Katonda gifunibwa oluvannyuma lw'ebyo. Giba mirembe Katonda gy'awa olw'okubeera mu bulamu obwa bulijjo: Laba Abaruumi 5:1 ne Abafiripi 4:7

**ESSUULA EY'EKKUMI N'EBBIRI:**

1. Ebikolwa by'omubiri bya lwatu, bye bino: obwenzi, obukaba, obugwenyufu, Okusinza bakatonda abalala, obufumu, obulabe, okuyomba, obuggya, obusungu, okwekuluntaza, okweyawula,

okwesalamu,  ettima, obutamiivu, ebinyumu, n'ebirala ebiri ng'ebyo. Ka mbategeeze nate nga bwe nasooka okubabuulira nti buli akola ebyo talina mugabo mu bwakabaka bwa Katonda. (Abaggalatiya 5:19-21)

2. Ebikolwa eby'omubiri
3. Abaggalatiya 5:16
4. 17, 14, 15, 16, 4, 1, 2, 3, 4, 5, 6, 7, 8, 13, 9, 11, 10, 12

**ESSUULA EY'EKKUMI N'ESSATU:**

1. Buli ttabi eriri ku Nze eritabala bibala aliggyako. Naye buli ttabi eribala ebibala, alirongoosa lyeyongerenga okubala. (Yokaana 15:2)
2. Ekibala, ebibala ebirala, ebibala ebingi, n'ekibala eky'olubeerera.
3. Obulamu, amazzi, ekitangaala, empewo, ebbanga, emirandira, okuwummula, ettaka, okwekwata ku kikolo, okusalira, embeera y'obudde.